ENJIRI NGA BWEYAWANDIKIBWA

# MATHAYO OMUT.

THE CAMBRIDGE BIBLE FOR SCHOOLS


GENERAL EDITOR

J. J. S. PEROWNE, D.D.

EYALI OMULABIRIZI OWE WORCESTER

EKYAWANDIKIBWA

REV. A. CARR, M.A.

FORMERLY FELLOW OF ORIEL COLLEGE, OXFORD
LATE ASSISTANT MASTER AT WELLINGTON COLLEGE

EKYAKYUSIBWA MU LUGANDA

REV. G. K. BASKERVILLE, M.A., C.M.S.



[THE USE OF THE TEXT OF THE GOSPEL HAS BEEN ALLOWED BY THE BRITISH AND FOREIGN BIBLE SOCIETY. THE COMMENTARY HAS BEEN TRANSLATED WITH THE PERMISSION OF THE CAMBRIDGE UNIVERSITY PRESS.]



SOCIETY FOR PROMOTING CHRISTIAN KNOWLEDGE

LONDON: NORTHUMBERLAND AVENUE, W.C.


1908

[LUGANDA: Gospel of St. Matthew, with Commentary.]



Digitized by Google

Original from
HARVARD UNIVERSITY




**Enyanja enene esinga Enyanja eno obugulumivu futi 682.**
**Enyanja eno ejude nebyenyanja era ama'zi gayo gatangalija era ge malungi ago-kunywa.**

[*Laba lupapula* 45.

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

# EBYOMU KITABO

I. EBISOKERWAKO.

SURA | LUPAPULA

I. EBYOMU BULAMU BWA MATHAYO OMUTUKUVU . 7

II. ENJIRI ENO NGA BWERI. EYAGIWANDIKA NGA BWALI. ENSIBUKA YAYO NGA BWERI. ENGERI YAYO NGA BWERI . . . . . . . 9

III. OKWAWULAMU ENJIRI EBITUNDU BYAYO . . 13

IV. EBYAFA MUNSI ENDALA KRISTO BWEYABANGA MUNSI YA KANANI OKUVA KU KUZALIBWAKWE NOKUTUSA KU KUFAKWE . . . . . 18

II. EBITEGEZA.

EKIFANANYI EKYENSI ENTUKUVU: OKWOLEKERA 22

EKIFANANYI EKYENYANJA EYEGALILAYA: OKWOLEKERA . . . . . . . . . 24

Digitized by Google

Original from
HARVARD UNIVERSITY

## EBISOKERWAKO.

### Sura 1.

EBYOMU BULAMU BWA MATHAYO OMUTUKUVU.

Levi, omwana wa Alfayo, yali muwoza owempoza e Kapernaumu. Emirimugye giri nga gyabanga gya kuwoza abavubi abo ku Nyanja eye Galilaya era mpo'zi nabatunz abavanga e Damasko.

Awo olwatuka Mukamawafe yali ngava ku Nyanja naita kumpi negwolezo Levi gyeyali atude namugamba nti Ita nange, nagolokoka naita naye. (Su. 9. 9.)

Obanga Mukamawafe yali nga yayogerako da ne Levi, tetutegezebwa ekyo, naye tuinza okutebereza nga Levi yalinga alindiride okuitibwa era nga yali amaze okufuka omuigirizwa wa Krísto era ate nga yali yetesetese, okuleka byona kululwe Kristo bwanamuita.

Kino kyoka, Levi teyandiremye kuwulira ebya Rabi omukulu nebyokuigirizakwe era nokwejuba okukiriza ebyobwakabaka bwa Katonda Yesu byeyaigiriza.

Awo Levi bweyasenga Yesu yegyako erinyalye neyetuma Mathayo, amakulu galyo nti Ekirabo kya Katonda era nga lye limu nerinya eryo Luyonani Theodora. Bangi bakolanga bwebatyo mu biro ebyo kyetuva tutegera nga tulabira ku Saulo ne ku Simoni abatumibwa amanya amagya bwebaingira mu bulamu obugya.

Kale ku lunaku olwo lweyaitirwako Mathayo yafumba embaga, mbu ngayagala okusibula mikwanogye egyeda naita ne Yesu nabaigirizwabe.

Kale nafe tuinza okulowoza embaga eyo bweyali eye sanyu eri Mathayo kubanga yasokerawo okulaba Yesu namasoge nokuwulira ebigambobye nokubyerabira teyabyerabira wabula yabiwandika kitabo, Omwoyo Omutukuvu ngamubera, biryoke biigirizenga Ekanisa mu mirembe gyona.

Kale oluvanyuma lwebyo tetusoma birala ku Mathayo mu Njiri, wabula okusoma erinyalye mu muwendo ogwe Kumi na babiri: mu Njiri endala alabika nga wa musanvu, naye mu Njiriye nga wa munana ngakomerera mu kitundu ekyokubiri, era ate mu Njiriye yeita nti Mathayo Omuwoza, nga yeyongera okwetowaza.

Eyamulirana okumpi mu manya ago ye Thomasi eyaitibwa Omulongo, abamu kyebava balowoza nti bali baluganda abalongo era abalala abali mu kitundu ekyo Filipo ne Batholomayo.

Ebyo byoka bye bigambo Enjiri byezitutegeza ku Mathayo. Naye newakubade nga bitono bitubera okutegera Matayo bweyafanana era bweyaigiriza.

Ekibuga Kapernaumu kyali mu saza lya Herode Antipa kyetuva tulowoza nga Levi yali atwalibwa mulangira oyo so si Barumi ngaabalala abangi bwebagamba. Ekigambo ekyo kye kikulu nga

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

tulowoza ku kuitibwa ne ku kukyuka kwa Mathayo. Omuebraniya eyakiriza dala okufuga kwa Barumi teyandiinzi'za kukola bwatyo awatali kulekera dala byona egwangalye byeryasubiranga. Yesu yeka yainza okutabaganya Abayudaya byebasubira nokufuga kwa Barumi, naye okukiriza okufuga okwa Baherode tekwali kumu nokufukamirira Rumi.

Herode teyali mugenyi era omunagwanga okwenkana nga Barumi bwebali. Ensi Idumayo yalinga yegase ne Israeli. Kyetuva tuinza okulowoza nga Omuyudaya eyali alindiride okufuga okwa Kristo yandiinzi'za okutunulira ekika kya Baherode nti Mpo'zi mukyo mulivamu omulangira alikomyawo obwakabaka eri Israeli newakubade nga Antipa teyafanana bwatyo newakubade Filipo eyamusingako obulungi. Era yandigambye nti Anti Katonda ainza olwobuinzabwe okugatira awamu enda ya Herode ne nda ya Daudi, bwaliba ngayagade bwatyo. Abayudaya abamu okulowoza bwebatyo mpo'zi kwe kwamunyuweza Antipa mu kufugakwe newakubade nga yabajoganga abantu.

Buli asoma Enjiri ya Mathayo O. ategera mangu bweyali Omuebraniya wamu so si Muheleniseti era bweyaigirizibwa enyo mu bigambo byona ebyegwangalye ebyeda era ne mu bigambo ebya Banabi era bweyali ngabirindiride okutukirizibwa mukika kya Herode.

Ensonga ezamulowozesa bwatyo zifanana okubera bweziti—Okusoka yalinga afugibwa okwegomba okwebintu nga bona abegwangalye bwebali okuva eda; kubanga singa tekyali bwekityo teyandiinzi'za kulonda emirimu egyanyomebwanga bona. Ekyokubiri tulaba nga yasinga okwagala obutetabula mu bantu ngalowoza bulowoza nobutegata na Bagalilaya bane bwebabanga bekobana Mathayo yalinga nga bwatyo.

Naye bweyamala okutegera obulungi Yesu byeyaigiriza nalyoka alaba amangwago nga kwe kutukirizibwa okwebigambo egwangalye byeryasubizibwa neyewayo mu mikono egyomwana wa Daudi naleka okusubira okufuna ekitibwa mu bwakabaka obwa Herode era nemirimugye egyamuleteranga amagoba era nemikwanogye gyeyali afunye.

Si kugamba nti Mathayo yali mugaga nyo ngabagaga bwebabalibwa naye yali mugaga mu kibuga ekyo ekitono ekye Galilaya. Byeyalina bwali bugaga gyali. Singa yawandika byeyalowoza nga Paulo O. bweyakola yandiinzi'za okutugamba nti Bwenabala byona ebyali amagoba gyendi nabiraba nga kwavuwaza ngabigera ku bulungi obungi obwokutegera Kristo Yesu. (Baf. 3. 7–8.)

Kubanga Enjiri tezitutegeza bigambo bingi ku Mathayo kyetuva tulowoza nga teyalina kitibwa mu baigirizwa ba'ne. Teyali mu basatu abo abalonde. Tewali kigambo kyetusoma ku ye nga ebyo byetusoma ku Andreya ne ku Simoni, ku Filipo, Thomasi ne Batholomayo, ku Yuda (muganda) wa Yakobo oba ku bana ba Zebedayo. Tetusomanga kigambo ne kimu kyeyagamba Kristo naye era Kristo bweyamuita yagolokoka nagenda naye ngasirise busirisi.

Tuinza okulowoza ku Mathayo okuba omuntu omusirise naye eyalowozanga nyo, " Eyayanguwanga okuwulira naye eyalwangawo

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

okwogera," ngamanyi nga ebyawandikibwanga ku gwangalye era ngabiraba nga bitukirira mu masoge era ngalowoza nga kimugwanide okubiwandika nokubibategeza abantube.

Tewali kyetusoma ku Mathayo O. mu Bikolwa ebya Batume newakubade mu Baruwa naye mu bitabo ebirala ebyawandikibwa Abakristayo abeda tutegezebwako katono ebyamubako.

Tutegezebwa nga yalwayo mu Palestina (Kanani) okusinga Abatume abalala era nga yaigiriza abegwangalye ebigambo nebikolwa bya Yesu.

Tunayongera mu maso okubategeza Okuigirizwakwe bwekwafanana era ne ngeri yakwo bweri; naye katubategeze ekigambo ki kino ekikulu kyetusoma mu Eusebio. Eusebio atutegeza bwati nti Mathayo O. bweyali nganatera okugenda munsi ezewala okubulira abalala yalekera abaigirizwabe mu Palestina ebigambo ebye Ndagano Empya nga Biwandikibwa mu lulimi olwewabwe, Oluaramaiki oba Oluebrania lwebayogeranga, biberenga ekijukizo gyebali. Enjiri empandike zasibuka mu kirabo kino Omuwandisi wenjiri kyeyaleka ngasibula.

Abawandika oluvanyuma bayogera ku Ethiopiya, Pathiya, Misiri ne Makedoniya nti bye bifo byeyakoleramu emirimu egyokubulira naye tebakakasa gyeyaberera dala. Klementi owe Aleksandriya agamba nti Mathayo yabanga nempisa ezokwebonereza era ngatalya nyama.

Abeda enyo bagamba nti Mathayo yafa lumbe, era nekanisa eye Buyonani nebifananyi byayo bitutegeza nga yafa mirembe. Naye Ekanisa eye bugwanjuba yamubalira ku mwendo ogwa bajulirwa era mu bifananyi ebya Baitaliya tumulaba ngabamu'ta nekitala.

Mathayo tayogerwako nyo mu Kanisa ne mu mawanga aga Bakristayo, omubaka ngabula mubyobubakabwe, era tawebwa kitibwa okwenkana nabatukuvu abalala abatawereza nyo Ekanisa nga ye bweyagiwereza. Ebyo bitabagana bulungi nebyo byetulabye ku ye okubera omusirise era atayogerwako nyo bweyali munsi. Tewali Kanisa enkulu etumibwa erinyalye, newakubade ekibina ekya Bakristayo era tewali gwanga eryali limulonze okuitibwa omukulu walyo. Mathayo O. okuva eda yeyawula mu maso ga bantu.

## Sura 2.

ENJIRI ENO NGA BWERI. EYAGIWANDIKA NGA BWALI. ENSIBUKA YAYO NGA BWERI. ENGERI YAYO NGA BWERI.

1. Okuveda bona bagamba nti Eyawandika Enjiri eyoluberyeberye ye Mathayo Omutume.

2. Omwaka gwe nyini tegutegerekeka bulungi. Naye Irenayo agamba nti Mathayo O. yawandika Enjiriye Petero ne Paulo Abatume bwebali ngabatandika Ekanisa e Rumi: era ate tewali agana ekigambo kino nti ye yasoka Enjiri zona okuwandikibwa. Kyetuva tutegera nga yawandikibwa nga wakaisewo ebanga tono okuva ku Lwokugenda-mugulu.

3. Okusoka Mathayo yabawandikira Abayudaya abakiriza

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Kristo mu Palestina Enjiri eno. Ekigambo kino kirabika mu Njiri yona. Tewali Muwandisi wenjiri omulala atutegeza egwanga nga bweyalokokera mu Kristo, era nebigambo ebya Banabi byona bwebyalaga ku Ye, era negwanga byeryasubira bwebyatukirira mu Ye. Tewali mulala atutegeze'za obulungi nga Mathayo ekigambo kino ku Kristo nti Ebyeda era nebyomumaso byasisinkana mu Ye. Mu Mathayo tulaba Yesu nga ye Kabaka, Kabaka oyo Banabi bona gwebayogerako era naye tutegezebwa bwagenda okufuga byona okutusa emirembe gyona. Awo netulyoka tulaba Enjiri eno ku lui nga ya Bayudaya ngetutegeza ebyeda bwebyatukirizibwa era naye ku lui ya bantu bona ngetutegeza ebiribawo mu maso.

Mathayo O. newakubade nga Muebraniya wawu atutegeza ebya Bamawanga okukira Luka O.

Mathayo O. olwokwagala okungi enyo kweyalina eri egwangalye kyeyava ajaguza enyo ngalowoza ku Kristo bwagenda okufuga ensi zona. Kigwana obwakabaka obwa Katonda obutakoma ku matwale agegwanga edonde lyoka. Kyetuva tulema okwewunya bwetulaba nga Mathayo yeka, eyabawandikira Abaebraniya, atutegeza ebigambo bya "Balaguzi okuja" era "Nokudukira e Misiri" era ate nga ye, so si Luka, aleta ebigambo ebyo "Mukazi Omukananaya."

Ebigambo bino bikakasa byetulabye nti engiri eno yawandikibwa eri Abayudaya.

(1) Okujulira enyo Ebitabo ebya Banabi.

(2) Okututegeza ebyeda nga bwebyatukirizibwa mu Kristo.

(3) Mathayo tatera kututegeza amakulu agebigambo ebyo Luebrania newakubade empisa za Bayudaya.

(4) Okubabogolera enyo Abayudaya era nabo ababafuga.

(5) Okuingiza Kristo byeyaigiriza ku Mateka ngabulira ku lusozi.

(6) Okulaga Kristo nga bweyasibuka mu Ibrahimu ne mu Daudi.

(7) Okuleka ebigambo ebyokutumibwa okwa baigiriza ensanvu.

(8) Obutaingiza nyo bigambo ebyo Lulatini.

(9) Ekigambo, Abayudaya kyebalowoza nyo nti Walibawo obwakabaka obwo mu gulu, kirabika nyo, (*a*) mu Njiri yona, (*b*) mungero, (*c*) mu bigambo byetutegezebwa ku Kubonyabonyezebwa okwa Kristo.

4. Enfanana eyenjiri eno tetegerekeka bulungi awatali kukebera mweyo eyasoka okuwandikibwa mu Luebraniya, naye Enjiri ya Mathayo teyenkana ne Ma'ko okututegeza ebigambo ebitonotono naye akira Luka okugoberera obulungi ensonga emu, Luka naye, kubanga ebyo mu Njiriye yabigya mu bantu, ngagoberera ensonga nyingi.

Mathayo O. newakubade nga yalaba namasoge ebigambo byeyawandika naye bangi bagamba nti Teyenkana Ma'ko O. eyawulira obuwulizi mu balala okututegeza obulungi ebigambo ebitonotono. Naye tewali nsonga okwewunya kubanga si ye wuyo eyaliwo ngalaba asinga okutegeza obulungi ebigambo byona ebitonotono wabula oyo eyawulira oluvanyuma. Si oyo eyaliwo ngalaba asinga okulowozako nokujukira ebigambo ebitonotono wabula oyo awandika oluvanyuma agezako okukung'anya obugambo bwona.

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

Naye newakubadc nga Ma'ko O. yasinga okukun'ganya nokututegeza obugambo obutonotono, Mathayo O. yasinga nyo Abasunoptiki abalala okugikumira Ekanisa ebigambo nokubulira kwa Kristo; okusinga ebigambo ebyo ebitumulaga okubera Nabi omukulu, abogolera ebibi ebyegwangalye era ngabategeza ebiribako ku gwanga ne ku Kanisa era nga Banabi bwebakola. Olwensonga eno kyava awandika ebigambo byona byona Kristo byeyabulira ku lusozi (sura 5. 6. 7) obutakendezako, era bwatyo atutegeza byona Abatume byebalagirirwa (sura 10) era ate kyava aingiza engero ezobunabi ezo zona mu sura 13 ezirabika mu Njiri eno mwoka; era nebyokubogolera Abawandisi na Bafarisayo mu sura 23, era nengero eziri mu sura 25. Kristo zeyayogera ebiro ebyokubonyabonyazebwakwe nga bisembede, era nebyokutegeza okuzikirizibwa okwa Yerusalemi, nebyokuja kwa Kristo omulundi ogwokubiri (sura 24. 25).

5. Abakēnēnyi abasinga amagezi bona balowoza wamu mu kino, nti Mathayo Omutukuvu teyaliranya bigambo nga bwebyakolebwa. Naye bwetunalowoza mu maso ku *Kwawulamu* okwe Njiri eno tunalaba ngayagenda ngakung'anya awamu ebigambo ebitutegeza engeri ezitali zimu ezokuigiriza kwa Mukamawafe.

6. Ekigambo kyetwagala okutegera ekikulu kye ki kino nti Enjiri eno ya Mathayo yasoka okuwandikirwa mu lulimi ki? Enjiri eno gyetulina mu Luyonani (1) ye yasoka? nandiki (2) yakyusibwa mu Luyonani okuva mundala eyawandikibwa mu Luebrania oba Luaramaiki eyasoka? era ate obanga yakyusibwa, ani eyagikyusa oba (a) Mathayo ye nyini, oba (b) muntu mulala?

Fena twandirowoze'za nti Nga Endagano Eyeda bweyawandikibwa mu Luebrania era Nenjiri etegeza ebyendagano empya yandisose okuwandikibwa mu Luebrania era ate kubanga waliwo Abayudaya bangi abasanyuka olwokumanya olulimi Oluebrania era olwokukuma empisa ezeda abandisinze enyo okuwulira amangu Enjiri nga ebulirwa mu lulimi lwa bajaja babwe. Era bangi ku Bakristayo abawandika mu biro ebyasoka bagamba nti Waliwo Enjiri ewandikibwa mu Luaramaiki.

(1) Papiasi (A.D. 200) yawandika nti "Mathayo yakung'anya ebigambo bya Kristo mu lulimi Oluebrania."

(2) Irenayo yagamba nti "Mathayo, wa mu Baebrania, yawandika Enjiri mu lulimi lwewabwe."

(3) Pantaino, nga bwetutegezebwa mu Eusebio, yayogerwako nti Yagenda okubulira Abahindi nabasanga ngabalina ekitabo ekyenjiri mu Luebraniya nga bweyawandikibwa Mathayo O. Omutume, Batholomayo gyeyalekayo.

(4) Ate noluvanyuma olwabo tusoma ebitutegeza nga Enjiri ewandikibwa mu Luebraniya yaliyo mu bitabo bya Origeni, Eusebio, Jeromu nabalala bangi.

Naye abamu bagana nti tewabangawo Njiri mu Luebraniya nebasinzira ku nsonga zino (1) Enjiri mu Luebrania yabulira dala: (2) Ekanisa okuva eda ejulira eyo mu Luyonani: (3) Ebitundu bingi biwandikibwa mungeri emu nebyomunjiri endala: (4) Tefananga nga ekitabo ekikyusibwa bukyusibwa.

(1) Enjiri mu Luebrania obutabawo kakano si kizibu. Ekibuga

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

kya Yerusalemi bwekyazikirizibwa, Abakristayo abayogeranga Oluebrania abasinga obungi bandisasanyizibwa wona wona mu bwakabaka bwa Barumi. Tebandiremye kuiga olulimi Oluyonani. Abayudaya banabwe bebasanga munsi ezo tebandimanyi lulimi olulala. Bona tebandiremye kukiriza dala Enjiri eyo mu Luyonani era neyo eyo mu Luebrania yandigisegulide mangu. Tulowoza mbu nga mpo'zi abaigiriza abakyama bajulula ebyomu Njiri ebimu nga bamanyiride, era Enjiri eye Kiebrania etayononeka kyeyava erema okusangibwa neryoka ediba, neryoka ebulira dala.

Ebisokerwako mu Njiri ya Luka O. bitulowozesa nga waliwo Enjiri nyingi, endala nga zitusa bulungi ebigambo, endala nga tezitusa, ezitakyalabika. Era nabakenčnyi bona balowoza wamu nga Ebaruwa za Paulo O. zetulina si ze zona zeyawandikira Ekanisa.

Ebyomunsonga eyokubiri (2) neyokusatu (3) tunabirowozako mu maso. (4) Enjiri eno mu Luyonani temalira dala yoka empaka zino obanga ye yasoka obanga yakyusibwa okuva mu Luebraniya. Tuinza okutebereza bwetuti—Kitegerekese nga Mathayo O. yawandikira Abayudaya abomu Palestina Enjiri, naye oluvanyuma egwanga erya Bayudaya bweryasasanyizibwa bangi bandiyanguye okwerabira Oluaramaiki era bandiyetaze Enjiri mu Luyonani. Bandifunye batya? Oba Mathayo ye nyini, oba omuwandisi omwesigwa omulala yandigiwandise mu Luyonani ngalaba kweyo mu Luebraniya.

## EKITEGEZA 1.

*Ebyo mu Njiri eno ebitali mu Njiri endala.*

(A) Ebyamagero. (B) Engero. (C) Ebyokubulira.
(D) Ebyakolebwa.

(A) EBYAMAGERO.

| | | | |
|---|---|---|---|
| (1) | Okuwonya abazibe bamaso ababiri | 9. | 27–31. |
| (2) | Estateri mu kamwa kekyenyanja | 17. | 24–27. |

(B) ENGERO.

| | | | |
|---|---|---|---|
| (1) | Eng'ano eyomunsiko | 13. | 24–30. |
| (2) | Ekyobugaga ekyakisibwa | 13. | 44. |
| (3) | Erulu eyomuwendo omungi | 13. | 45, 46. |
| (4) | Ekiragala | 13. | 47–50. |
| (5) | Omudu atalina kusasira | 18. | 23–35. |
| (6) | Abalimi abo mu lusuku olwemizabibu | 20. | 1–16. |
| (7) | Abana babiri | 21. | 28–32. |
| (8) | Obugole obwomwana wa kabaka | 22. | 1–14. |
| (9) | Abawala ekumi | 25. | 1–13. |
| (10) | Etalanta | 25. | 14–30. |

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

(C) Ebyokubulira.
(1) Ebigambo bingi mwebyo ebyabulirwa ku lusozi ... ... ... ... ... ... 5. 7.
(2) Okusembeza abakoye era abazitoweredwa ... 11. 28–30.
(3) Ekigambo ekitalimu ... ... ... ... 12. 36, 37.
(4) Okumuwa Petro omukisa ... ... ... ... 16. 17–19.
(5) Ekitundu ekisinga obunene ku bigambo ebyokwetowaza nokusonyiwa ... ... ... 18.
(6) Abayudaya okugyibwako obwakabaka bwa Katonda ... ... ... ... ... ... 21. 43.
(7) Ebigambo ebyokubogolera Abawandisi na Bafarisayo nga bikung'anyizibwa awamu ... 23.
(8) Omusango bwegulibawo ... ... ... ... 25. 3–146.
(9) Abakristayo okutumibwa era nekyo kyebasubizibwa ... ... ... ... ... ... 28. 18–20.

(D) Ebyakolebwa.
(1) Esura eyokubiri yona.
(*a*) Abalaguzi okuja ngabalagirirwa emunyenye.
(*b*) Abana oku'tibwa.
(*c*) Okudukira e Misiri.
(*d*) Okukomawo e Nazareti.
(2) Abafarisayo na Basadukayo okuja eri Yohana okubatizibwa ... ... ... ... 3. 7.
(3) Petro okugezako okutambula ku Nyanja ... 14. 28–31.
(4) Okuwayo omusolo ogwe yekalu ... ... ... 17. 24–27.
(5) Ebyomukisera Ekyokubonyabonyezebwa.
(*a*) Yuda okulagana awebwe ebitundu byafeza amakumi asatu; okwejusakwe; okufakwe ... ... 26. 14–16; 28. 3–10.
(*b*) Ekiroto ekyomukyala wa Pirato ... ... 27. 19.
(*c*) Abatukuvu okulabika mu Yerusalemi 27. 52.
(6) Ebyomukisera Ekyokuzukira.
(*a*) Abakumi abatekebwa kuntana ... ... 27. 62–66.
(*b*) Abaserikale okuwebwa efeza balyoke babunye ebyobulimba ... ... ... 28. 11–15.
(*c*) Ekikankano kyensi ... ... ... ... 28. 2.

## Sura 3.

### OKWAWULAMU ENJIRI EBITUNDU BYAYO.

### Ekitundu 1.

Okuzalibwa kwa kabaka era ne mu byo butobwe ... ... ... ... ... ... 1.—2. 23.
(1) Yesu Kristo mweyasibuka ... ... ... 1. 1–17.
(2) Okuzalibwakwe ... ... ... ... ... 1. 18–25.
(3) Abalaguzi okuja ... ... ... ... ... 2. 1–12.
(4) Okudukira e Misiri nokukomawo ... ... 2. 13–23.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

Munjiri ya Mathayo O. tulaba Yesu Kristo nga (*a*) ye Kabaka; (*b*) yasibuka mu Daudi; (*c*) yatukiriza ebyobunabi; (*d*) okufugakwe nga kukirizibwa Abakristayo; (*e*) ye Muyudaya wawu atukiriza ebigambo ebyawandikibwa ku gwangalye.

### Ekitundu 2.

Obwakabaka webwasokera ... ... ... 3.—4. 11.
(1) Omukulembeze Owobwakabaka ... ... 3. 1–12.
(2) Yesu okubatizibwa ... ... ... ... 3. 13–17.
(3) Yesu okukemebwa ... ... ... ... 4. 1–11.

Ekitundu kino kigendera wamu nekitundu ekisokera Munjiri ya Ma'ko O. kyanjula Kabaka era kitegeza bweyawangula era bweyaingira mu kufugakwe; era tulaba obwakabaka obwa Katonda obwa mazima bwebutafanana ngabantu bwebali babalowoza.

### Ekitundu 3.

Ebikolwa nobubonero ebyobwakabaka obwa katonda ... ... ... ... ... 4. 12—16. 12.
(1) e Kapernaumu ... ... ... ... 4.—8. 17.
(*a*) Okubulira okwenenya ... ... ... 4. 17.
(*b*) Abaigirizwa abana abasoka okuitibwa 4. 18–22.
(*c*) Okuwonya abali balwade endwade ezitali zimu ... ... ... ... 4. 23–25.
(*d*) Ebyabulirwa ku lusozi ... ... 5. 6. 7.
(*e*) Okulongosa omugenge ... ... 8. 1–4.
(*f*) Okuwonya omudu womutongole ... 8. 5–13.
(*g*) Okuwonya nyina mukazi wa Petro ... 8. 14–17.

Okwetekateka okuingira mu Bwakabaka kwe kulongosa empisa ngosose okuwebwa omwoyo omugya. Obwakabaka bwe bwakabaka obwokwagala okulabika mu bikolwa ebyekisa. Amateka agobwakabaka gatukiriza dala Amateka ageda.

(2) Yesu okuwunguka Enyanja ... ... ... 8. 18–34.
(*a*) Ebibagwanide abaigirizwa ... ... 8. 18–22.
(*b*) Empewo nenyanja okumuwulira ... 8. 23–27.
(*c*) Abaliko basetani munsi ya Bagadareni 8. 28–34.

Yesu aigiriza nti Abadube kibagwanide okweganyisa ayolesa obuinzabwe ku bitonde ne ku basetani.

(3) Okudayo eKapernaumu ... ... ... 9.—13. 52.
(*a*) Okuwonya omulwade akozimbye ... 9. 1–8.
(*b*) Levi okuitibwa ... ... ... ... 9. 9.
(*c*) Embaga mu nyumba ya Levi. Yesu ye mukwano gwababi ... ... ... 9. 10–13.
(*d*) Okusība ... ... ... ... ... 9. 14–17.
(*e*) Omuwala wa Yairo. Omukazie yalwala ekikulukuto ... ... ... ... 9. 18–26.
(*f*) Okuwonya abazibe bamaso ababiri ... 9. 27–31.
(*g*) Kasiru eyaliko setani ... ... ... 9. 32–34.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

(*h*) Ebikolwa ebirungi ebya Kristo ... ... 9. 35.
(*i*) Abakunguzi be batono ... ... ... 9. 36–38.
(*j*) Okulonda nokutuma Ekumi nababiri ... 10.
(*k*) Yohana Omubatizi byeyamutumira Yesu —ekitibwakye nga Nabi ... ... 11. 1–19.
(*l*) Ebibuga ebitenenya. Ekikoligo kya Kristo ... ... ... ... ... 11. 20–30.
(*m*) Okwekuma Sabiti ... ... ... ... 12. 1–13.
(*n*) Okwekobana okwa Bafarisayo. Yesu okuvayo ... ... ... ... ... 12. 14–21.
(*o*) Okuwonya omuntu ngazibye amaso nomumwa. Abafarisayo okuvola ... 12. 22–37.
(*p*) Okubabogolera abo abasaba akabonero... 12. 38–45.
(*r*) Eng'anda za Yesu ... ... ... ... 12. 46–50.
(*s*) Okuigiriza mungero ... ... ... 13. 1–52.

Musura ezo tweyongera okulaba okuigiriz aokwobwakabaka—

(1) Ku Yohana eyasinga obukulu mu Banabi abasoka obwakabaka;

(2) Ku dini ya Bafarisayo. Kristo atandika Ekanisa ngalonda abaigirizwa. Ebigenda okugibako bitegezebwa mu bigambo Ekumi nababiri byebalagirirwa era ne mungero mu sura 13.

(4) Enazareti
Abewabwe obutamukiriza ... ... ... ... 13. 53–58.

(5) Mubifo ebitalibimu nebirala ebye Galilaya ... 14.—16. 12.
(*a*) Herode, ngamaze oku'ta Yohana, okubuza ebya Kristo ... ... ... 14. 1–12.
(*b*) Yesu okugenda mu lukola ... ... 14. 13–14.
(*c*) Okulisa abantu enkumi etano ... ... 14. 15–21.
(*d*) Okuita munyanja okugenda e Genesareti Yesu okutambula ku Nyanja ... 14. 22–36.
(*e*) Obulombolombo obwalagirwa abakade—Obunanfusi ... ... ... ... 15. 1–20.
(*f*) Omukazi Omukanani ... ... ... 15. 21–28.
(*g*) Okuwonya abalwade abangi ... ... 15. 29–31.
(*h*) Okulisa abantu enkumi enya ... ... 15. 32–38.
(*i*) Okugana okubawa akabonero ... ... 16. 4.
(*j*) Ekizimbulukusa ekya Bafarisayo ... 16. 5–12.

Mu kitundu kino Mathayo O. atutegeza Obwakabaka obwa Katonda bwebutafananangа Bwakabaka bwa Herode, era bwebuli ewala nobutukirivu obuva mu Mateka. Yesu atutegeza Ekanisaye bwegenda okutuka ne mu Bamawanga. Ayolesa bwainza okutonda.

### Ekitundu 4.

Yesu ategeza bwagenda okubonyabonyezebwa ... ... ... ... ... 16. 13—20. 34.

Akatundu (1) Okumpi ne Kaisariya ekya Filipo. 16. 13–28.
(*a*) Petero okwatula Omwana wa Katonda. Okutegeza omulundi ogwoluberyeberye 16. 13–20.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

(*b*) Petro nga bweyanenyezebwa—
Abadu ba Kabaka abamazima ... ... 16. 21–28.

**Okwatula okwa Petero Omutukuvu kye kigambo ekisinga obukulu mu kuigirizibwa okwabaigirizwa. Kyekiberede ekikulu tulaba ngatusoma mu 16. 21. "Yesu nasokera awo" Ngabamaze okutegera ekigambo kino bainza okuigirizibwa Omwana womuntu bwagenda okubonyabonyezebwa. Buli ntegeza eigiriza kino nti Ekitibwa nokwetowaza bigendera wamu.**

Akatundu (2) Okutegeza omulundi ogwokubiri 17. 1—18. 35.
(*a*) Yesu okufusibwa ... ... ... 17. 1–13.
(*b*) Okuwonya omulenzi eyaliko setani 17. 14–21.
(*c*) Okutegeza kwe nyini ... ... ... 17. 22–23.
(*d*) Omusolo ogweyekalu ... ... ... 17. 24–27.
(*e*) "Ani omukulu mu Bwakabaka" ... 18. 1–6.
(*f*) Ebisitaza nokusonyibwa ... ... 18. 7–35.

**Okugerageranya ekitibwa Ekyobwakabaka obwa Katonda nenaku eziri munsi. Byona ebidirira Okutegeza kino bitulaga abaigirizwa bwebali nga tebanainza kutegera obulungi Obwakabaka bwebufanana.**

Akatundu (3) Okutegeza omulundi ogwokusatu
Ebyokubonyabonyezebwa ... ... ... 19.—20. 34.
(*a*) Okutambula mu Periya ... ... ... 19. 1–2.
(*b*) Ebyokugoba abakazi ... ... ... 19. 3–12.
(*c*) Abana okuletebwa eri Kristo ... ... 19. 13–15.
(*d*) Omulenzi omugaga okuja Gyali ... 19. 16–22.
(*e*) Ku byobugaga. Empera yabwe abagoberera Kristo ... ... ... 19. 23–30.
(*f*) Olugero olwabalimi abo mu lusuku olwemizabibu ... ... ... ... 20. 1–16.
(*g*) Okutegeza kwe nyini ... ... ... 20. 17–19.
(*h*) Salome kyeyabasabira abanabe ... 20. 20–28.
(*i*) Okuwonya abazibe bamaso ababiri ... 20. 29–34.

**Mu kutegeza okwo abategereza dala bulungi okusinga emirundi emirala gyombi. Abafugibwa Kabaka kibagwanide okugobereranga amateka ago Bwakabaka mu byona mu kufumbiriganwa ne mu mirimu gyebakoza obugaga bwabwe. Abagoberera Kristo nobwesigwa basubizibwa empera enene.**

## Ekitundu 5.

### KABAKA OKUWANGULA, 21.—25.

Sabiti ne Monday mu Nisani 9 ne 10.
(*a*) Kabaka okuingira mu Kibuga Ekitukuvu nekitibwa ... ... ... ... 21. 1–11.
(*b*) Okulongosa Yekalu ... ... ... 21. 12–14.
(*c*) Etendo eryabana ... ... ... ... 21. 15–16.
(*d*) E Bethaniya. Okukolimira omutini ... 21. 17–22.
(*e*) Kabaka okuwangula.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

(1) ngasinga abo mu Sanhedrini- Engero- abana ababiri- olusuku olwemizabibu-embaga eyobugole ... ... ... ... ... ... 21. 23—22. 14.
(2) ngasinga Abafarisayo- Omusolo ... ... 22. 15–22.
(3) ngasinga Abasadukayo- Okuzukira ... 22. 23–33.
(4) ngasinga Owamateka- Eteka ekulu ... 22. 34–40.
(5) ngababuza bo ekigambo- Omwana wa Daudi 22. 41–46.
(6) Okubabogolera Abafarisayo ... ... 23.
(*f*) Ebitegeza okuzikirizibwa okwa Yerusalemi nenkomerero eyensi ... 24.
(*g*) Engero ezitegeza Ebyokuja... ... 25. 1–30.
(*h*) Amawanga okusalibwa omusango ... 25. 31–46.

Wano tumulaba Yesu (1) nga ye Kabaka awangula (2) ngasinga abalala bona (3) nga Nabi aja okuzikirizibwa e Yerusalemi.

## Ekitundu 6.

### OKUBONYABONYEZEBWA.

Wednesday, Nisani 12—Friday, Nisani 14 ... ... 26.—27.
(*a*) Okutegeza Ebyokubonyabonyezebwa omulundi ogwokuna ... ... ... 26. 1–2.
(*b*) Sanhedrini okukung'ana ... ... ... 26. 3–5.
(*c*) Embaga mu nyumba ya Simoni-Yuda alagana okulyamu Yesu olukwe ... 26. 6–16.
(*d*) " Emere eya Mukamawafe " ... ... 26. 17–30.
(*e*) Bona bwebanesitala ... ... ... 26. 31–35.
(*f*) Okutegana mu lusuku olwe Gethsemane ... ... ... ... ... 26. 36–46.
(*g*) Yesu okukwatibwa ... ... ... ... 26. 47–56.
(*h*) Okubuzibwa mu maso ga Kayafa ... 26. 57–68.
(*i*) Petro okumwegana ... ... ... 26. 69–71.
(*j*) Okuwoza kwe nyini mu maso ga Sanhedrini ... ... ... ... ... 27. 1.
(*k*) Yuda okwejusa.—Mumaso ga Pilato ... 27. 2–26.
(*l*) Baserikale Abarumi okumudulira ... 27. 27–30.
(*m*) Okukomererwa nokufa kwa Yesu ... 27. 31–56.
(*n*) Okuzikibwa kwa Yesu ... ... ... 27. 57–66.

Okwetowaza kudirira okuwangula okwa Kabaka era nga Yesu bweyasoka okutegeza. " Neyetowaza okutusa okufa . . . . . . okwokumusalaba " (Baf. 2. 8).

## Ekitundu 7.

Okuzukira ... ... ... ... ... ... 28.
(*a*) Entana esangibwa nga enjerere ... 28. 1–8.
(*b*) Mukamawafe okulabikira abakazi ... 28. 9–10.
(*c*) Baserikale okuwebwa efeza ezokubasirisa ... ... ... ... ... 28. 11–15.
(*d*) Yesu mu Galilaya ... ... ... ... 28. 16–17.
(*e*) Emirimu Yesu gyeyakwasa Abakristayo ... ... ... ... ... 28. 18–20.



Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Enjiri Eyobwakabaka ekoma nga bwekisana ku kuwangula okufa; Mukamawafe Yesu Kristo ngategeza bwalina obuinza bwona era ngakwasa abaigirizwabe emirimu egyokuigiriza amawanga gona.

## SURA 4.

### EBYAFA MUNSI ENDALA KRISTO BWEYABANGA MUNSI YA KANANI OKUVA KU KUZALIBWAKWE NOKUTUSA KU KUFAKWE.

### 1. OKUBIRIRANYA.

B.C. (laba ku sura 2. 1). Oktaviano Augusto yali nga afuga yeka Obwakabaka Oburumi okuva ku mwaka B.C. 30.

Mu banga eryo esabo lya Yano lyagalwawo emirundi ebiri okutegeza nga tewali ntalo munsi zona.

B.C. 1. Okufa kwa Herode. Abayudaya bamujemera Owesaza Sabino. Varo yabajemulula; Abayudaya 2,000 bakomererwa.

A.D. 6. Yuda Omugoloniti nabamu ku Bagalilaya abamugoberera bali balwana olwokubalibwa Kurenio.

7. Arkelao yagobebwa.

1–12. Entalo eza Barumi ngabalwanyisa Abadaki, na Bapanoni, na Badalamati Tiberio ne Germaniko nga be bagabe. Varo bamugoba nyo ngalwana e Budaki. Abagabe Abarumi bawangulira dala oluvanyuma.

14. Augusto yafa Tiberio nalyoka alya obwakabaka.

15–17. Germaniko yayongera okutabala e Budaki nabawangula.

19. Okufa kwa Germaniko.
Abayudaya bagobebwa okuva mu Italiya.

20–31. Tiberio yafuga najoganga nyo abantu. Sejano nafuka omukulu. Okufeba kwa Sejano A.D. 30.

26. Pontio Pilato yawebwa okuba owesaza owe Buyudaya nga ye wo mukaga okulya.

### 2. OKUFUGA OKWA BAKAISARI.

Ebyo binatutegeza nga tewali bigambo bingi bya kitalo ebyasasamaza ensi mu kisera kiri Mukamawafe ngakyali muto ngakulira mu Galilaya. Naye ebyaliwo byali bikulu nyo eri obwakabaka obwensi era neri Obwakabaka obwa Katonda. Abarumi bali bamaze okuwangulira dala nga tewasigadewo gwanga edala eryamanyi eryalwana nabo. Naye mu kisera kiri Abarumi ngabamaze okufuga ensi zona amangwago nebewayo okufugibwa omuntu omu Kaisari Oktaviano, eyatumibwa oluvanyuma Augusto, eyada mu kifo kya Yulio Kaisari Omukulu yeyasoka okugatira awamu obuinza buno bwona nebufuka obwomuntu omu; era ye yalekera Ensi amanya agaliwo ne kakano agategeza okufuga okusinga amanyi—Imperatori, Kaisari, Tzar. Naye Oktaviano bweyali ngakyaliwo, okufuga okwo nga bwekuli, tekwalabikanga bulungi kubanga balinga bakyalonda abafuzi mu bantu ngabwebakolanga eda era

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

naye ye nyini yalondebwa era nebadamu okumulonda olusi no lusi. Era kubanga yafuga nekisa ngasala bulungi emisango, obubi obwokufuga okutaliko kikuziza bwakisibwa. Era kubanga abawandisi abasingira dala amagezi nekitibwa okuva eda mu Barumi baliwo Augusto ngafuga erinyalye kyeriva lijukirwa olwemirimu gyabwe so si lwakufuga okulimu engeri ezokujoga.

Naye Yesu bweyali ngakuze ekisa nokuigirizibwa ebyakisa okujoga kwa Augusto byabulira dala abantu ngabafugibwa dala bubi Tiberio eyali omukambwe enyo. Emirembe gye gyali gyakujogera dala nokukola bubi nga tewali kusasira. Abantu babanga basiba mu kutya nga tewali kuterera bulungi era abasinga obulongofu nobulungi ba'tibwanga mu kyama.

Kyetuva tulema okwewunya bwetulaba Omuyudaya, eyayagala ensiye ngategede okufuga kuno bwekuli obubi enyo era ngajukira Banabi byebawandika ku Kristo nokuwangulakwe, ngasubira nti Obwakabaka obwa Katonda bulirabisibwa ngabumalawo obubi buno obunene nebulyoka bufuka obwakabaka obusingira dala obwa Barumi amanyi nobutagobebwa.

Era ne Setani yakema bwatyo Mukamawafe omulundi ogwokusatu (su. 4. 8, 9) afuke kabaka owengeri eyo.

### 3. Okwawula obwakabaka mu masaza nga bwekwabanga.

Bwetubanga tulowoza ku mpisa eno eya Barumi okusawo abafuzi mu masaza gona agobwakabaka bwabwe era okusinga bwetulowoza ku Palestina bweyafugibwa tutegera Kristo bweyaja mu "Kutukirira obwebiro."

Abarumi nga bamaze okufuna Bakabaka bafugibwa bulungi okusinga eda. Okulyazamanya okwabamasaza kwazizibwanga Kabaka, ngabalabirirwa ye. Era ate amawanga agawangulibwa gafugibwanga nekisa kingi; obutadibya mpisa zago era olusi abalangira abasangibwa nga bagafuga babalekamu era nga babanyuweza mu kufuga kwabwe, kyoka naye nga basose okukiriza okuletanga omusolo e Rumi.

Bwebatyo Abarumi bakiriza ekika kya Herode okufuga mu Palestina. Okujululajulula okwaliwo mu kufuga kwa Baherode kwaingirira mu bulamu bwa Kristo. Yesu bweyazalibwa Herode yaliwo ngafuga; mwekyo mwebyava ebigambo ebyadusisa Kristo eMisiri. Bweyakomawo ne Maryamu ne Yusufu basanga obwakabaka nga buyawudwamu ebitundu; kyebava bainza okuduka okujuga kwa Arkelao nokugenda okubera e Nazareti mu matwale ga Antipa eyamusinganga ekisa. Arkelao bweyagobebwa oluvanyuma nga waisewo emyaka si mingi Abarumi nebalyoka basawo Abafuzi mu Buyudaya naye babalekera Abayudaya olukiko lwabwe oluitibwa Sanhedrini okutesanga ebigambo byabwe naye nga bakendezako ku buinza bwalwo.

Ebigambo ebikulu enyo byava mu kutesa okwo. Egwanga lya Bayudaya lyali nga likyalina obuinza. Abaisraeli so si Barumi be bamusalira omusango ogwoku'tibwa Mukama Owobulamu. Naye Abarumi be babatukiriza okutesa kwa Bayudaya. Yesu yafa ngamateka ga Rumi bwegali ku musalaba, okufa okwakolimidwa era

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nga kutukiriza nebya Banabi era nebyokutesa kwa Katonda. Ebigambo byensi singa tebyali bwebityo dala okufa kwa Kristo tekwandiinzi'za okubera okwengeri eyo okutukiririza dala ebigambo Ebyawandikibwa byebyayogera ku Ye.

### 4. Ekisera ekyemirembe.

Era tulaba ensi zona okubera nga ziwumude mu ntalo mu kisera ekyokuja kwa Kristo kyali kigambo kikulu. Mu mugigi ogwabantu ogwasoka era ne mu mugigi ogwadirira obulamu bwa Kristo kunsi, Palestina, era nobwakabaka bwona, yatabulwatabulwa nyo nyini. Mu mugigi ogwasoka Kristo Antoni ne Augusto bali ngabawakana nti Ani alifuga ensi, era ne mu Palestina waliwo abawakana nti Ani analya obwakabaka bwamu. Mu mugigi ogwadirira Kristo olutalo olwa Bayudaya lwaliwo nga lusinga mu Galilaya era nga lukoma ku kuzikirizibwa okwa Yerusalemi. Kyetuva tulaba nga ebyomukuwereza okwa Kristo tebyandiinzi'za kutukirizibwa mu bisera ebyo byombi.

### 5. Amawanga agali mu Palestina agatali gamu.

Ekigambo ekirala ekikulu Yesu bweyali kunsi kye kino nti abamawanga amangi bali mu Palestina mu kisera ekyo.

Omufuzi Omurumi yasangibwa mu kitundu ekya southi era naye bakabona ngabakyalina olukiko lwabwe, Bakabaka abava mu Idumayo bali mu northi ne mu buvanjuba, ebika ebitafugibwa ebyava munsozi ne munkola byali birwanalwana kunsalo ku lui, ku lui olulala Abafoiniki abayagalanga emirembe kwebabanga—amawanga amangi gali gakung'anide mu Palestina mu kisera ekyo. Abantu abangi ngatebalowoza bumu era nempisa zabwe nga ziri wala yensonga emu eyafula Enjiri nga einza okuigiriza buli mugigi era nabuli ngeri eyabantu.

### 6. Edini eyobwakabaka obwa Barumi ngabweyali.

Ekigambo ekisingira dala obukulu ekyedini ezaliwo munsi mu kisera ekyo tetuinza kukimaliriza wano nga tukirowozako. Mu Bayonani ne mu Rumi bye bifo abantu gyebasingiranga amagezi nokuigirizibwa, edini yabwe yakiriza, naye obanga teyakiriza dala, teyalina buinza okuzīza empisa ngezo Paulo O. zeyawandikako obutakisa mu sura esoka mu baluwaye gyeyawandikira Abarumi, Empisa ezobwenzi zaingira ne mu kulagirira okwo kusinza kwabwe; edini teyaweranga bantu oku'tibwa nga balwanagana mu maso ga bantu nga bakung'anye mu theatero, newakubade okuzīza oku'tibwa okwabana abawere, newakubade obudu, newakubade okwe'ta newakubade okuziza amatambiro. Abakiririza dala balubale abasaja nabakazi bali basigadewo batono naye abamu ku bakopi balinga bakyakiriza ebyokusinza ebyeda, era nemandwa zalinga zikyakola emirimugyazo ngaziigiriza nga zitya okufirwa amagoba nekitibwa kyazo era olwensonga eyo zakumanga namasabo obutayononeka. Era naye newakubade nga balinga bakyekuma kungulu

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

empisa ezekyama eze Misiri ne buvanjuba, okusinza Isisi ne Mithrasi nga kukyaliwo eRumi newakubade nga amateka gatekebwa okukuzīza, byona byalinga bikolebwa kungulu kwoka, okubikiriza dala nga tekukyaliwo era abantu nga tebakyalina kyebanyuwererako. Obufilosofo tebwamala kwetaga kwa bantu. Obustoiki bye bigambo Omurumi byeyasinga okusima, newakubade nga bwasinga okufanana no Bukristayo, bwali wala nyo nabwo nga baigiriza abantu okuba namalala nokwenyumiriza, nokweyawula nebanabwe era nga bagulumiza abantu nga tebuigiriza ebyokwagalana era nga basima okwe'ta. Obuepikuriyo bwali bwononese, obwali buwonya ku bantu naye bwali nga busindikiriza abantu mu kwegomba kwona okwomubiri.

Wakati wensi eyali evundide dala okutusa ku mutima gwayo abantu nebalyoka bawulira Ebyedini enungi dala etawulirwangako ngetekoma ku gwanga limu newakubade ku lulimi lumu, naye awatali kusosola nga ewalula abantu bona gyeri, ngebulira abalumwa ebibi era ngeinza okwemalira byona abantu byebetaga mu myoyo.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

## EKITEGEZA II.

Ekitegeza okuzalibwa kwa Baherode, okusinga kwabo abasangibwa mu Njiri ya Mathayo O.

HERODE KABAKA (Su. 2. 1, 16, 19)
Yawasa abakazi kumi, mwabo mwalimu

1. Maliamne, omu'zukulu wa Hirkano owa mu kika ekya Bamakabayo
   - Aristobulo
     - *Herodiya* Su. 14. 3-11

2. Maliamne, omwana wa Simoni eyali kabona omukulu
   - *Herode Filipo I.* Su. 14. 3 = Herodiya Su. 14. 3-11
     - *Salome* Su. 14. 6-11

3. Malthake, Omusamaliya
   - *Arkelao* Su. 2. 22
   - Antipa =
     1. omwana wa Areta
     2. *Herodiya*, Su. 14. 3

4. Kleopatra, owe Yerusalemi
   - Herode *Firipo II.* Su. 16. 13. Luka 3. 1. = Salome Su. 14. 6-11

### Ekitegeza 3.

*Endagano Empya* (su. 26. 28) kubanga kwe kulagana okugya nga Katonda bweyalagana ne Israeli, kakano alagana ne Kanisa. Nga Kristo bweyagamba, Katonda yadamu omulundi ogwokubiri okulagana nga bweyasoka okulagana ne Bajaja.

Enjiri (bigambo birungi). Kye kigambo kyo Luyonani amakulu gakyo:—(1) empera eyawebwa alese ebigambo ebirungi, (2) ebigambo ebirungi bye nyini. Amawanga aga Bazungu baingizi'za ekigambo kino munimi zabwe nga bakifula kyabwe: Évangile (Bafransa), evangelium (Badaki), evangelo (Ba-Itali). Abaingreza bali balina ekigambo ekyenkana nekyo Luyonani amakulu "Gospel." Era nekigambo ekirala ekyo Luyonani ekyakyusibwa mu Luganda "Pasaka" era nekyo kyaingizibwa munimi nyingi (lab ku. 26. 2).

"*Nga bweyawandikibwa.*" Enjiri eitibwa bweti nti "nga bweyawandikibwa" so si Njiri ya Mathayo O. Ye Njiri ya Yesu Kristo naye abagiwandika bagireta mungeri endala nendala nga okwetaga kwabwe bwekwali abali bagenda okugisoma.

*Sunoptiki:* Enjiri esatu ezisoka zitumibwa ku linya lino, kubanga zirabira awamu nga zitegeza ebya Yesu Kristo nga zitegeza ebigambo bimu. Enjiri eyokuna etegeza Kristo byeyakola mu Bayudaya okusinga ebyokutambulakwe mu Galilaya nobulamubwe e Kapernaumu. Ebyokubulira ebikulu ebya Kristo mu Njiri eyo biyongera okututegeza ebigambo Abasunoptiki byebaleta.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

## ENSI ENTUKUVU.

*Palestina* (Filistiya) oba Ensi Entukuvu yawera mailo nga 140 obuwanvu. Obugazi buwera mailo nga 40.

Amasaza gatonyezebwa ku kifananyi nga wegali Kristo nga bweyali munsi. Bweyazalibwa amasaza gona agali ku kifananyi kino gali mu bwakabaka bwa Herode Omukulu. Herode bweyafa, Arkelao nalyoka afuga Samariya ne Buyudaya. Arkelao bweyagobebwa, Abarumi basawo Omufuzi okutwala amasaza ago gombi.

*Olusozi Hermoni*, oluitibwa era Sirioni (oyo amasamasa), Sheniri (Ma. 3. 9), era Sayuni (Ma. 4. 48), su. 17. 1.

*Kaisariya ekya Filipo*, su. 16. 13.

*Suro-Foiniki* oba *Kanani*, su. 15. 22; ne Ma'ko 7. 28. Nazareti, su. 2. 23.

*Olusozi Tabori*, Kristo gyeyafusibwa mbu, naye mu kisera kiri kyaliko ekigo kuntiko yalwo, su. 17. 3.

*Gerasa*, tekyogerwako Munjiri eno; laba su. 8. 28, ne Ma'ko 5. 1; gyetusomera ku "Bagerasene" abava mu Gerasa ekirala oba Geresa.

*Efraimu*, kyebalowoza okubera Efraimu kyetusomako mu Yoh. 11. v. Yesu gyeyagenda nga tanalya Pasaka ye eyenkomero.

*Rama*, su. 2. 18.

*Arimathaya*, su. 27. 57.

*Yeriko*, su. 20. 29.

*Bethfage*, su. 21. 1.

*Bethaniya*, su. 21. 17; 26. 6.

*Bethlehemu*, su. 2. 1.

*Makeru*, Yohana Omubatizi gyeyatekebwa mu komera era gyeyafira, su. 4. 12, ne 14. 10.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ENJIRI NGA BWEYAWANDIKIBWA

# MATHAYO O.

EKITABO ekyokuzālibwa kwa Yesu Kristo omwāna wa Daudi, 1
omwāna wa Ibrahimu.
Ibrahimu yazāla Isaka ; Isaka nāzāla Yakobo ; Yakobo nāzāla 2
Yuda ne bagandabe ; Yuda nāzāla Faresi ne Zara mu Tamari ; 3

---

SURA 1. 1–17. KABAKA MWEYASIBUKA. GENEALOGI (OLULYO) LUKA 3. 23–38.

1. *Ekitabo ekyokuzalibwa*] i.e. amanya gabomukika nga gagyibwa mu bitabo ebyokuzalibwa ebyakumibwa enyo nga biteresebwa Sanhedrini. Ebigambo bino bya kutujukiza mbu ebyo Lub. 5. 1. " Ekitabo ekyo kuzalibwa kwa Adamu."

(1) Genealogi eno era neyo mu Njiri ya Luka O. zombi zitegeza ekigambo Omuyudaya yena kyeyandibuzi'za ku muntu yena eyeita Kristo, nti Ali wa mu nyumba ya Daudi? kubanga tewali linya Kristo lyeyasinga okutumibwa Abayudaya era nabagenyi, era ne mu Talmud, okusinga eryo Mwana wa Daudi.

(2) Genealogi eno era neyo Munjiri ya Luka O. zitegeza okuzalibwa kwa Yusufu. Naye laba mu lu. 16 wansi.

(3) Mathayo O. ategeza Yesu bwali Omwana wa Daudi era owa Ibrahimu, Luka O. bweyagenda ngagoba ensonga eye Njiriye, yatusa amanya kwoyo kitabwe bombi Omuyudaya era no Munagwanga.

(4) Mathayo O. atulaga Kristo bwali owo mu zade lya basekabaka naye Luka O. agoberera amanya ga kika kyetuva tulabanga amanya tegagendera wamu mu Genealogi zombi.

(5) Mu Genealogi eno amanya gava ku kitawe negatuka ku mwana era kyeva efanana okusinga okugoberera nga ekitabo ekyasoka bwekyaleta naye eyo mu Luka O. eda mabega ngeva ku mwana ngegenda ku kitawe.

3. *Tamari*] Era Mathayo O. tagenda wamu ne Luka O. olwokusamu abakazi mu Genealogi. Ku bo'na abayogerwako babiri Rahabu ne Ruthi be bamawanga, era basatu, Tamari, Rahabu ne Bathsheba, bebakola obubi. Ensonga eyo omubulizi wenjiri okuingiza amanya gabwe mbu kwe kulaga nti Ye yaja okulokola " ekyabula " teyanyoma lulyo ngolwo.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

Faresi nāzāla Hesromu ; Hesromu nāzāla Aramu ; Aramu nāzāla
4 A'minadabu ; A'minadabu nāzāla Naasoni ; Naasoni nāzāla
5 Salmoni ; Salmoni nāzāla Boazi mu Rakabu ; Boazi nāzāla
6 Obedi mu Ruthi ; Obedi nāzāla Yese ; Yese nāzāla Daudi
kabaka.

Daudi nāzāla Sulemani mu (muka) Uriya ; Sulemani nāzāla
7 Rehoboamu ; Rehoboamu nāzāla Abiya ; Abiya nāzāla Asa ; Asa
8 nāzāla Yehosafati ; Yehosafati nāzāla Yoramu ; Yoramu nāzāla
9 U'ziya ; U'ziya nāzāla Yothamu ; Yothamu nāzāla Ahazi ;
10 Ahazi nāzāla Hezekiya ; Hezekiya nāzāla Manase ; Manase
11 nāzāla Amoni ; Amoni nāzāla Yosiya ; Yosiya nāzāla Yekoniya
ne bagandabe, mu biro ebyokutwālibwa e Babuloni.
12 Oluvanyuma olwokutwālibwa e Babuloni, Yekoniya nāzāla
13 Salathieli ; Salathieli nāzāla Zeru'baberi ; Zeru'baberi nazāla
14 Abiudi ; Abiudi nāzāla Eliakimu ; Eliakimu nāzāla Azori ;
Azori nāzāla Sadoki ; Sadoki nāzāla Akimu : Akimu nāzāla
15 Eliudi ; Eliudi nāzāla Eleazari ; Eleazari nāzāla Ma'thani ;
16 Ma'thani nāzāla Yakobo ; Yakobo nāzāla Yusufu, eyali 'ba
Maryamu, eyazāla Yesu, aitibwa Kristo.

---

5. *Salomi-Yese*] Emyaka egirowozebwa okubera wakati wa Salmoni ne Yese giwera emyaka 400. Mu banga eryo tulaba nga bamenya wano emigigi ena gyoka. Kyetuva tutegera nti oba emyaka giri 400 gisukiride oba amanya agamenyebwa wano tegawera muwendo nga emigigi bwegyali ; naye tusinga okulowoza nti ebanga eryo teryaweza myaka 400 era bwetulowoza bwetutyo tulabanga ebigambo ebya Bayudaya bitabagana nebya Bamisiri era nebya Bamisiri era nebyo byetumanyi ku Bayudaya be nyini.

6. *Daudi kabaka*] Kino kiraga ku Kristo, Daudi yali kifananyikye. Wano Genealogi eyo mu Luka O. eyawukana neya Mathayo O. Ngokuzala okwo mubiri bwekwali Yusufu yali mu'zukulu wa Nathani, so si wa Sulemani. Genealogi ate zisisinkana mu manya ga Zeru'babeli ne Salathieli. Laba wansi lu. 12.

8. *Yoramu yazala U'ziya*] Amanya ga Ahaziya, Yoashi ne Amaziya gabukibwako wano ; lab. ekitegeza, lu. 17.

11. *Yosiya nazala Yekoniya*] (Yehoyakimu) naye mu lu. oludirira Yekoniya = Yehoyakini.

*Yekoniya ne bagandabe*] Yekoyakini teyalina bagandabe, naye Yehoyakimu yalina basatu. Kye kitegeza era Yekoniya owo mu lunyiriri luno = Yehoyakimu.

12. *Yekoniya nazala Salathieli*] Yehoyakini teyalina bana ba mubiri gwe ye. "Muwandike omusaja ono obutaba nabana" (Yer. 22. 30). Salathieli yali mwana wa Neri (Luka) naye omusika wa Yehoyakini.

13. *Zeru'babeli nazala Abiudi*] Wano wabulawo erinya limu, Abiudi-ye Hodaya mu 1 Byom. 3. 24—ye mu'zukulu wa Zeru'babeli. Rhesa aitibwa omwana wa Zeru'babeli (Luka 3. 27), lye linya lyo mu bukulu : mu Luka twandisomye "eyali (mwana) wa Zeru'babeli Rhesa." Yuda owo mu Luka yomu ne Abiudi.

16. *Yakobo nazala Yusufu*] "Yusufu (mwana) wa Heli" (Luka)

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Bwegityo, emirembe gyona, okuva ku Ibrahimu okutūka ku 17
Daudi, emirembe kumi nena ; nate, okuva ku Daudi, okutūka
ku kutwālibwa e Babuloni, emirembe kumi nena ; nate, okuva
ku kutwālibwa e Babuloni okutūka ku Kristo, emirembe kumi
nena.
Nokuzālibwa kwa Yesu Kristo kwali bwekutyo. Maryamu 18
nyina bweyali ngakyayogerezebwa Yusufu, bāli nga tebanaba

---

lab. ku lu 13. Yusufu yalinga mwana wa Heli era omusika wa Yakobo. Bangi batebereza awatali kubusabusa kungi nti Yakobo yali kitawe wa Maryamu. Kyetuva tulaba nga newakubade nga genealogi zombi zireta lunyiriri lwa Yusufu zitegeza era nolwa Malyamu.

Ma'tani oba Ma'thati

(Nga bwekyawandikibwa Mathayo) — Yakobo — Maryamu (?)

Heli — Yusufu — (nga bwekyawandikibwa Luka)

17. Okwawula mu bitundu ebisatu, buli kitundu nga kirimu emigigi kumi nena, yempisa emanyibwa enyo abo abasoma ebigambo ebyeda ebya Bayudaya. Olwempisa eno kyebava babukawo emigigi emirala : lab. ebitegeza nyi. 8 ne 13.

18–25 OKUZALIBWA KWA YESU KRISTO. LUKA 1. 26-56. NE 2. 4–7.

Ma'ko O. ne Yohana O. tebatutegeza ku kuzalibwa kwa Yesu; Luka O. aleta ebigambo ebirala ebitali mu Mathayo, (1) Okulamusa kwa Maryamu, (2) Maryamu okugenda okulamusa Elizabethi mu kibuga kye Buyudaya, (3) Olugendo okuva e Galilaya okutuka e Bethlehemu lab. mu. lu 21.

18. *Kristo*] (eyafukibwako amafuta). Yesu kyeyava atumibwa bwatyo kubanga ye Nabi, era ne Kabona era ne Kabaka ; kubanga mu Bayudaya, Banabi, Bakabona, ne Bakabaka basigibwangako amafuta bwebaingiranga mu bukulu bwabwe.

*Kristo*] Mu Luebraniya *Mashiach*, kye kirabika nga kyogera ku Mulokozi omulundi gumu gwoka mu Nd. Enk. (Dan. 9. 25–26) Mu Nda. Empya tukisanga emirundi ebiri (Yoh. 1. 41 ne 4. 25) era nga kitegezebwa nti " Eyafukibwako amafuta."

Laba kino nti Yesu asinga kuitibwa ku linya limu lyoka mu Nda. Empya songa atumibwa mangi mu Nda. Enkade. " Etabi," " Oyo aja " (Ha'ba), " Na'bi."

Okutumibwa ku linya lya Kristo lyoka kivamu kitundu kiri kya mu Danieli era kubanga erinya eryo lyamusanira bulungi.

*Maryamu*] mu Lueb. Miriamu, Oluyonani = Mariya.

*Ngakyayogerezebwa*] Mu Bayudaya okulagana okufumbirwa kwabangawo ngawakyasigade omwaka okutuka ku bugole bwe nyini, era mu banga eryo omuwala ayogerezebwa yaberanga wa bakadebe. Naye okuva ku lunaku olwokulagana nga balowozibwa nga abafumbiriganwa.

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

kufumbiriganwa, nālabika ngali lubuto olwo Mwoyo Omutu-
19 kuvu. Awo Yusufu 'bawe kubanga yali muntu mutūkirivu,
nātayagala kumukwasa nsonyi, yali alowōza okumulekayo
20 kyāma. Laba, bweyali alowōza bwatyo, malaika wa Mukama
na'ja gyali mu kirōto, nāmugamba nti Yusufu, omwāna wa
Daudi, totya kutwāla Maryamu mukaziwo, kubanga olubutolwe
21 lwa Mwoyo Mutukuvu. Naye alizāla omwāna wa bulenzi;
nāwe olimutūma erinyalye Yesu; kubanga ye yalirokola aba-
22 ntube mu bibi byābwe. Ebyo byona byakolebwa, bitūkirire
Mukama byeyayogerera mu na'bi ngagamba nti
23 Laba, omuwala emberera aliba olubuto, era alizāla omwāna
wa bulenzi,
Balimutūma erinyalye E'manueli;

---

19. *Yali muntu mutukirivu*] i.e. omuntu eyekuma mu mateka era kyeyava alowoza nga kimugwanide okugoba Maryamu. Naye ngainza okulonda mu bibiri. Oba kumutwala muukiko okusalirwa omusango nokubonerezebwa, oba kumugoba ngamuwandikira ebaluwa mu maso ga bajulirwa, naye obutawandika nsonga. Eno yensonga ye kigambo nti "okumulekayo ekyama," era kubanga ekyo kya kusasira Yusufu kyeyava alowoza okukikola.

21. *Yesu*]=Omulokozi. Yesu mu Luyonani, naye Yoshuwa mu Luebraniya kye kigambo kimu. Era ekigambo ekyo Luebraniya nti Hosana kisibuka ku kikolo kimu: lab ekitegeza, su. xxi. 9. Yoshuwa, eyakulembera Abaisraeli nabaingiza Munsi Eyasubizibwa, era ne Yoshuwa oba Yeshuwa eyali kabona asinga obukulu mu kisera ekyokukomawo okuva mu bunyage mu Babuloni bombi bye bifananyi bya Yesu olwe mirimu gyabwe era nolwa manya gabwe.

*Yalirokola abantube mu bibi byabwe.*] Biranga Obwakabaka Obwo mwoyo. Si nga Abayudaya abangi bwebalowoza nti Yesu aja okulokola mu kufuga kwa Barumi oba kwa Baherode wabula okulokolebwa mu bibi.

22. *byakolebwa*] oba bitukiride. Omuwandisi we Njiri ayogera kubanga yaliyo.

*bitukirire*] Nekigambo kino Omuwandisi we Njiri atutegeza ekyaliwo bwekyatukiriza bunabi. Si kya musango obanga tutegezebwa wano okutesa kwa Nabi oba okwa Katonda ngaima mu Nabi obanga okulowoza okwo Muwandisi we Njiri ngageragerauya ebyabawo nebigambo ebyo bunabi nalyoka alaba nga bunabi bwatukirizibwa kubanga mu kukola kwa Katonda okutesa era nokubawo bwe bumu, kubanga situinza kulowoza ku kigambo kyona ekikolebwa obutatesebwa Katonda.

23. *Omuwala emberera aliba olubuto*] Bwetugoberera dala Oluyonani era no Luebraniya olweda tukyusa nti, " Omuwala *oli* emberera aliba olubuto, era alizala omwana wobulenzi era bo (Lueb. = ye) balimutuma erinyalye Imanueli; lab. Is. 7. 14. Byali bwebiti. Ahazi eyali atide ngawulide Peka ne Rezini okuja okumutabala be bakabaka be Samariya ne Damasko nga begase wamu. Isaya agumye Ahazi, eyali aganyi mu bukusa okusaba

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

eritegēzebwa nti Katonda (ali) na'fe. Yusufu bweyazukuka mu 24
tulo, nākola nga malaika wa Mukama bweyamulagira, nātwāla 25
mukaziwe 'sō teyamumanya okutūsa lweyamala okuzāla omwā-
na: nāmūtūma erinyalye Yesu.
Awo, Yesu bweyazālibwa mu Bethlehemu ekye Buyudaya, ku 2

---

akabonero. Era naye yawebwa akabonero. Oyo, abade tanafumbirwa alizala omwana mpo'zi mwana wa mu kika kya Daudi kabaka; aliitibwa nti Emanueli, naye ngatanakula kutegera okulokolebwa kulituka, newakubade nga obubi obusinga obunene buli kumpi nokutuka.

Bunabi buno buli ku Kristo, naye akabonero mu Isaya tekayogera kungeri eyokuzalibwa okwomwana wabula ku linya lye ne ku kulokolebwa okulibawo mu butobwe. Kyebuva businga okulaga ku linya lino erya Emanueli ne ku Mwana wa Daudi owa mazima okuzalibwa kwoyo ke kali akabonero kokulokolebwa okwa Bantube.

25. *teyamumanya okutusa*] Ebigambo bino tebiinza kusala ekigambo ekibuzibwa oba Maryamu yalina oba teyalina bana wabula Mukamawafe eyebazibwa.

SURA 2. 1–12. ABALAGUZI OKUJA:
Birabika mu Njiri ya Mathayo O. mwoka.

1. *Yesu bweyazalibwa*] Omwaka B.C. 3 gukakase nga gwe mwaka ogwokuzalibwa kwa Mukamawafe. Omwaka guno ogwo 1907 kyegwandiberede ogwo 1910. Ebigambo ebitulowozesa kino bi bino: (1) okufuga okwa Kurino okwoluberyeberye (Luk. 2. 2), (2) Tiberio okulya obwakabaka A.D. 14, (3) omwezi nga gwegabogabo ogwa Pasaka ogwaliwo mu kisera ekyo kukomererwa A.D. 33 mbu, (4) Okufuga kwa Herode okwasoka mu B.C. 36 era okwakoma mu B.C. 1.

*Mu Bethlehemu*] Mathayo O. yabuka ebigambo byona ebitutegeza ensonga ezaleta Maryamu e Bethlehemu.

Bethlehemu ("Enyumba eyemigati," lab. Yoh. 6. 51), ekibuga kya Daudi mweyazalirwa, ekyali ku kasozi ke noni okumpi ne Yerusalemi ku lui olwe Southi. Erinya eryeda erya Bethlehemu lyali Efrasi oba Efrata; kakano kiitibwa Beit-lahm. Twewunya nyo obutasoma ku Yesu newakubade abaigirizwabe okukyalako mu Bethlehemu ekifo mweyazalirwa era ekika kye mwekyasibuka.

*Herode*] Eyaitibwa oluvanyuma, so si ngakyali mulamu, nti Herode Omukulu; yali Muidumayo (Omwedomu) eyafuka kabaka wo Buyudaya, olwo kuba abomukwano ne M. Antoni. Emyaka egyokufugakwe gitegezebwa wangulu. Ye okuitibwa Kabaka kimwawula mu Baherode abalala abayogerwako mu Njiri. Antipa, eyatengejera enyo obwerere okufuna ekitibwa ekyo ekya kabaka, yamala, gaitibwa kabaka olwobukulu bwe, Ma'ko 6. 14.

Herode teyali mufuzi mu linya lye kububwe naye yali mu mukono ogwa Barumi, nga abamu ku balangira aba Bahindi bwebali mu mukono gwa Baingreza era nga ensi ya Servia bweyali mu mukono gwa Baturki.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

2 mirembe gya Herode kabaka, laba, abalaguzi abāva ebuvanjuba
neba'ja e Yerusalemi, nga bagamba nti Aliru'dawa oyo eyazā-
libwa kabaka wa Bayudaya? kubanga twalaba emunyenyeye
3 ebuvanjuba, netu'ja okumusinza. Herode kabaka bweyawulira

---

*Abalaguzi*] be Bamāgi, lyali linya lya kika kya Bamedi ekyalina obuinza, nga bwetutegezebwa mu Herodotus, okutegeza amakulu agebiroto. Edini yabwe kwabanga kusinza ebyomugulu era nomuliro, nama'zi, nebirala bwebityo. Mu kisera kiri edini yatumibwa ku linya lino erya Bamāgi be babo abagoberera okuigiriza okwa Zoroasta, abalaguliranga ku munyenye e Buvanjuba. Ebyokukiriza kwabwe byali bibunye nyo; era kubanga tusoma nti "e Buvanjuba" kye kizibu okukakasa ensi gyebali bavudemu. Abamu, nga bwekinategezebwa wansi, babagata na Bemisiri era bagamba nti babalanga emyaka nga Abemisiri bwebabalanga. Okulowoza okwa bangi nti Bali basatu kye kigambo ekyagunjibwa obugunjibwa naye abakubi be bifananyi bakikakasa mu bifananyi byabwe. Kyava ku lu. 11 mbu. Era ekirala ekyagunjibwa obugunjibwa kibaita bakabaka era kibatumya namanya. Buli asoma mu bitabo ebya Barumi nebya Bayonani amanyi obulungi abawandisi babyo bwebalina empisa okutola ekigambo ekyateberezebwa obuteberezebwa nebakifula nga ekyaliwo dala.

2. *Kabaka wa Bayudaya*] Erinya eritamanyibwa mu biro ebya Baisraeli ebyeda era teryaitibwa muntu yena wabula Kristo yeka. Lirabika ate mu bigambo ebyatekebwa ku musalaba (su. 27. 37).

*Emunyenyeye ebuvanjuba*] Ekyokulowoza ekisinga obwangu ku bigambo bino kye kino nti Emunyenye (oba Ekyaka) yalabikanga mu banga okubalung'amya Abamāgi mu kubo lyabwe nga bagenda okusoka e Yerusalemi, noluvanyuma e Bethlehemu. Era naye ne kino kiinzika nti Abamāgi baberwa Katonda okugata awamu ekitalo ekyali kirindirirwa nokuzalibwa kwa "Kabaka wa Bayudaya." Mu kutebereza okungi waliwo kino. Tutegezebwa mbu nga "emunyenye eyembwa" eitibwa Sirius yavangawo awamu nenjuba ku lunaku olwasoka mu mwezi ogwa Bemisiri oguitibwa Mesori, okumala emyaka ena, gye myaka B.C. 5, 4, 3, 2. Emunyenye eyekitibwa enyo okuvangawo ku lunaku olwasoka mu mwezi ogwo (Mesori = Okuzalibwa okwomulangira) kyandibade kigambo kya kitalo era Abamāgi bandiinzi'za mangu okugata awamu ekigambo kino era nekigambo ekya banabi ekye "munyenye eya Yakobo," nekiryoka kibatambuza okugenda e Yerusalemi. Bwetubanga tukiriza okutebereza okwo tutegera mangu ensonga eyamulagiza Herode, lu. 16, abana "abakamala emyaka ebiri nabatanaba kutusa egyo," okuzikirizibwa kubanga Abamāgi obanga Kristo yazalibwa mu B.C. 3 nga bwetulowoze'za wangulu, batuka e Yerusalemi emunyenye nga kasoka erabika emyaka ebiri.

Okuzalibwa kwa Kristo okugatibwa nokulabika okwomunyenye kulabika mu linya Barchochab ("Omwana wemunyenye") Kristo owobulimba eyaimuka mu mwaka A.D. 120 lyeyetuma.

3. *nabe Yerusalemi bona*] Ngabatya bwagenda ate okukola ebyokujoga.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

neyeralikirira, era nabe Yerusalemi bona. Nākung'anya baka- 4
bona abakulu bona, nabawandisi ababantu, nābabūza nti Kristo
alizālibwa wa? Nabo nebamugamba nti Mu Bethlehemu ekye 5
Buyudaya: kubanga bwekyawandikibwa na'bi bwekityo nti

Nāwe Bethlehemu, ensi ya Yuda, 6
Toli mutono mu balāngira ba Yuda:
Kubanga afuga aliva mu'gwe,
Alirūnda abantu bānge Israeli.

Awo Herode nāita abalaguzi kyāma, nābabūliriza nyo ebiro 7
emunyenye byeyakamala okulabika. Nābasindika eBethlehemu, 8
nābagamba nti Mugende, munonye nyo, mulabe omwāna bwa-
fanana; naye bwemumulabānga, nemu'ja mumbūlira, nānge
ndyoke nji'je 'musinze. Bwebāwulira kabaka, nebagenda; laba, 9
emunyenye eyo, gyebālabira ebuvanjuba, nebakulembera, ne'ja
neīmirira wa'gulu omwāna wali. Bwebālaba emunyenye, neba- 10

---

4. *Nakung'anya bakabona abakulu bona, nabawandisi ababantu,* i.e. yakung'anya Sanhedrini; olukiko olwo luitibwa bwerutyo emirundi emingi. Naye abamu bagamba nti Sirwali lukiko dala wabula okukung'anya bakabona bona abakulu era nabantu abamagezi.

Bakabona abakulu bebabo abali bakoze emirimu egya kabona eyasinga obukulu era nabakulu abemiruka bakabona gyebaya-wulibwamu.

Abawandisi be babo abawandikanga ebyamateka era nebabii-girizanga. Baitibwanga baigiriza bamateka mu Njiri ya Luka.

*Kristo alizalibwa wa?*] mu Luyonani "Kristo oli azalibwa wa?" Nti ebyawandikibwa byamwe ebitukuvu bitegeza bitya ekifo ekyokuzalibwakwe nga bwekiri?

*Bethlehemu ekye Buyudaya*] Kwe kwawula Bethlehemu kino ne Bethlehemu ekyali mu kika kya Zebuloni (Yos. 19. 15).

6. *Nawe Bethlehemu, neh*] Mika 5. 2. Ebigambo bino bige-ndera kumpi nyo nebiri mu Luebraniya ebireta bwebiti: nti Naye gwe Bethlehemu Efrata, newakubade ngoinze obutono okuba muukumi eza Yuda, naye mugwe mulivamu gyendi oyo aliba omu-fuzi mu Israeli.

LXX. eri wala nyo mu bigambo era ne mu kusimba. Kyetuva tutegeza Enjiri eno nga bweyasoka okuwandikibwa mu Luebra-niya; kubanga ebikyusibwa wano mu Luyonani tebigoberera LXX.

7. *Nababuliriza nyo*] Kitegeza bweyamaliriza ensonga zona ngababuza. Ensonga eyamukoza bwatyo erabika mu lu. 16.

*ebiro emunyenye byeyakamala okulabika*] Mu Luyonani "Ebiro ebyokulabika okwemunyenye webyenkana." Kwekubuza ekisera kyeyasoka okulabikiramu era kyegenda kumala ngekyalabika.

8. *nabasindika e Bethlehemu*] Tetusoma nga emunyenye yaku-lembera. Abamāgi okuva munsi yewabwe; bagenda eBethlehemu kubanga Herode yabalagira, ngagoberera ebigambo Sanhedrini byebamutegeza; bali ngabagenda emunyenye neryoka erabikira ate e Buvanjuba.

Digitized by Google    Original from HARVARD UNIVERSITY

11 sanyuka esanyu lingi nyo. Nebaingira mu nyumba, nebalaba
omwāna ne Maryamu nyina; nebavūnama, nebasinza omwāna;
nebasumulula ensawo zābwe, nebamutonera ebirabo (bya) zābu,
12 nobubāne, nomugavu. (Katonda) bweyabalabulira mu kirōto
baleme oku'dayo eri Herode, neba'dayo ewābwe mu 'kubo
'dala.
13 Laba, bwebāmala okugenda, malaika wa Mukama nālabikira
Yusufu mu kirōto, ngamugamba nti Golokoka, otwāle omwāna
ne nyina, o'dukire e Misiri, obēreyo okutūsa 'nze lwendikugamba,
14 kubanga Herode a'ja okunonya omwāna okumu'ta. Naye
15 nāzukuka, nātwāla omwāna ne nyina ekiro, nāgenda

---

11. *nyumba*] Mathayo O. tagamba nti Enyumba eno yali nyumba ya bagenyi so tagamba nti omwana yali agalamizibwa mu kyesero. Mpo'zi tukyamizibwa ate ebifananyi ebikulu: naye Abamāgi bwebaja, walinga waisewo ebanga oluvanyuma olwebigambo byetusoma mu Luka 2. 1–38.

*ensawo zabwe*] Oba sanduku oba materekero omwatekebwanga amakula. Okutonera bakabaka bwekutyo yali mpisa ya Buvanjuba. Seneka agamba nti "Tewali ainz okulamusa kabaka wa Bapathi ngatalese kirabo"; era lab. Zab. 68. 29, 72. 10.

*nobubane nomugavu*] byava mu Buwarabu, era, nga bwetutegezebwa Herodotus, munsi eyo yoka. Byombi babikozanga emirimu egyobusawo negyokusiga ku mirambo: lab. Yoh. 19. 39.

13–15. OKUDUKIRA E MISIRI.

13. *omwana*] Kyava asoka omwana kubanga ye yasinga omuwendo era kubanga yakusinze okulaba akabi.

*e Misiri*] Mu biro byona kye kifo Abaisraeli kyebadukirangamu oba kuwona enjala oba okujogebwa. Abayudaya bangi bekwekenga omwo nga baduka okujoga okwa bakabaka ba Basuri. Ebibina bingi ebya Bayudaya kyebyavanga bisangibwa mu bibuga ebirala ebye Misiri nebye Afrika. Mu Aleksandriya ekitundu ekyokutano ekyabantu abalimu bali Bayudaya. Kyetuva tutegera nti mu kifo mwebamutuza Omulokozi mu Misiri bweyali ngakyali omuto yali wakati wa bagandabe abomubiri. Mu kisera ekyo Misiri lyali saza lya Barumi. Kristo okutuzibwa mu Misiri abo mu Kanisa ya Afrika, ekanisa ya Cypriano Origeni ne Augustino, balinga bakirowoza nga kya kitibwa.

15. *okutusa Herode bweyafa*] Tulaba, nga bwetumaze okutesa wangulu, ebanga lyandiise obutaweza myaka ebiri.

*kitukirire*] lab. ekitegeza mu su. 2. 22.

*Naita mwana wange okuva mu Misiri*] Ebyababako Abaisraeli bibalibwa nga ekifananyi ekyobulamu obwa Kristo. Ye yeka yabisako amakulu. Lwe lulyo lwa Ibrahimu eryamazima. Mu Ye ekyasubizibwa Ibrahimu kisinga okutukirizibwa. Era nebigambo ebitonotono mu Njiri biriko byebifanana mu Ndagano Enkade. Ne Mathayo O. wano, kubanga olwengeri eye Njiriye asinga Abawandisi be Njiri abalala okulowoza ku bino, alaba nga ekigambo kino kifananangа ngokuitibwa okwa Baisraeli okuva mu Misiri.

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

e Misiri ; nābēra eyo, okutūsa Herode bweyafa ; ekigambo kitū-
kirire Mukama kyeyayogerera mu na'bi, ngagamba nti Naita
mwāna wānge okuva mu Misiri. Awo Herode, bweyalaba 16
ngabalaguzi bāmudūlira, nāsunguwala nyo, nātuma oku'ta abāna
abobulenzi bona abāli e Bethlehemu ne ku nsalo zakyo zona,
abakamala emyāka ebiri nabatanaba kutūsa egyo, ngebiro bye-
yabūlirizamu enyo abalaguzi bwebyali. Awo ekigambo na'bi 17
Yeremiya kyeyayogera nekiryoka kitūkirira, bweyagamba nti,
E'dobozi lyawulirwa mu Rama, 18
Okukāba nokukuba ebiwōbe ebingi,
Rakeri ngakābira abānabe ;
'Sō teyayagala kukubagizibwa, kubanga tewakyali.
Naye Herode bweyamala okufa, laba, malaika wa Mukama 19
nālabikira Yusufu mu kirōto e Misiri, ngagamba nti Golokoka, 20

---

Ate newano ebigambo ebijulirwa bigoberera Oluebzaniya olwa Hos. 11. 2 era nebyomu LXX. biri wala. Lab. Kuv. 4. 22, 23. "Israeli ye mwana wange, omuberyeberye wange: nange nkugambye nti Leka omwana wange ampereze."

16–18. ABANA OKU'TIBWA E BETHLEHEMU.

16. *natuma oku'ta*] i.e. yatuma abantu bamu'te.

*abakamala emyaka ebiri nabatanaba kutusa egyo*] Bwetubanga tukiri'za okutebereza ku munyenye kwetuyogede wangulu, tutegera mangu ensonga eyamukoza Herode bwatyo, eyandibade enzibu okutegera awatali okutebereza okwo. Era naye okutebereza okwo obanga si kwa mazima naye emyaka egyo ebiri gyetusomako tegirema kugendera wamu nekyo ekyalabika mu gulu Abamāgi kyebayogerako, Herode bweyababuliriza enyo. Ebitabo ebirala ebitali bya Katonda tebyogera ku kigambo kino ekyo bujozi. Naye ebigambo byona ebyomujozi eyayatikirira nga Herode tebyandigyide mu kitabo kya Josefu. Era ate byakolebwa mu kyama era nomwendo ogwabana aba'tibwa tegwandibade munene kubanga Bethlehemu kabuga katono; era newakubade nga kalinga kajude abantu mu kisera ekyo (Luka 2. 7) abagenyi abaliwo tebandirese bana bato bangi.

18. Yer. 31. 15 (mu LXX. 38. 15), Mu bigambo ebyagala kutukabya amaziga, Rakeli, ye nyina wekika ekya Benyamini (amalaloge gali kumpi ne Bethlehemu: Lub. 35. 19), alowozebwako ngakabira abanabe abasibibwa e Rama; abamu ku bo bali nga bagenda oku'tibwa; lab. Yer. 40. 1.

Omuwandisi we Njiri alowoza ku Rakeli mu kifananyi okweyongera okukaba olwabana aba'tibwa e Bethlehemu.

E Rama Yeremiya kyeyayogerako kirowozebwa okubera kimu nekibuga ekya kakano ekiitibwa "Er-Rama, ekiri ku lui olwe Yerusalemi olwe Northi olugendo lwo mailo 5, ekiri mu kika kya Benyamini. Tetuinza kukakasa nti waliwo ekirala kumpi ne Bethlehemu.

19–21. OKUKOMAWO OKUVA MU MISIRI.

C

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

otwāle omwāna ne nyina, ogende munsi ya Israeli: kubanga
21 abāli banonya omwāna okumu'ta bafu'de. Nāgolokoka, nā-
22 twāla omwāna ne nyina, na'ja munsi ya Israeli. Naye bweyawu-
lira nti Arkelao ye kabaka we Buyudaya ngasiki'de kitāwe
Herode, nātya oku'dayo. Naye (Katonda) bweyamulabulira
23 mu kirōto, neyekolobya, nāita ku lui lwe Galilaya, na'ja nābēra
mu kyālo, erinya lyakyo Nazareti: ekigambo bana'bi kyebā-
yogera kitūkirire, nti Aliitibwa Munazarayo.
3 MU naku ezo, Yohana Omubatizi na'ja ngabūlirira mu

---

20. *abali*] naye kyogera ku Herode yeka.

22. *Arkelao*] Mutabani wa Herode Omukulu. Nyina yaitibwa Malthake, Omusamariya. Bweyalinga yakamala okufuga emyaka munana ngajoga era nga waliwo nokulwanalwana yagobebwa nasindikirizibwa e Vie'na munsi ya Gaul. Yaitibwanga Wasaza. Amatwalege, Samariya, Buyudaya ne Idumayo, negalyoka gafugibwa Abarumi be nyini. Lab. ekitegeza su. xiv. 1, era ne Bisokerwako, lupapula 25.

22–23. OKUTULA MU NAZARETI.

22. *Galilaya*] Mu kisera ekyo kyafugibwa Herode Antipa muganda wa Arkelao nyabwe nga yomu. Kebera ku kifananyi kyensi okutegera amatwalege gyegākoma.

23. *kyalo erinya lyakyo Nazareti*] Mathayo O. tatutegeza Maryamu ne Yusufu bwebali oluberyeberye.

Amakulu gakyo mbu "Omukumi" (omukazi) (Lueb. *natsar*) kabuga akatono akali mu Galilaya wakati, ku mabali golusenyi olwa Esdraelon, kakubibwa bulungi ku lusozi oluwanvu olwali mu kiwonvu ekyetololwa nensozi.

*Aliitibwa Munazarayo*] Amakulu agebigambo bino abaliwo Mathayo O. ngawandika bandigategede mangu okwenkana ebya Banabi ebirala byeyajulira nyi. 15. 17; naye gyetuli tebitegerekeka mangu. Ekyoluberyeberye—Omunazarayo si kye kimu ne Munazaraiti (Omuwonge) so ne Kristo teyandiinzi'za kuitibwa Munazaraiti na katono. Ekyokubiri ebijulirwa tebifanana kuvamu ebyobunabi ebyabula. Ekigambo ekyo nti Munazarayo amakulu gakyo ye muntu owo mu Nazareti naye ekigambo ekyo, oba

(1) kitujukiza ekigambo Ekyoluebraniya *netser*, etabi, erinya Kristo lyatumibwa mu Is. 11. 1. Oba

(2) ekigambo ekyo Luebraniya *natsar*, okulokola oba okukuma (lab. wangulu) nekyogera bwekityo ku linya ne ku mulimu gwa Yesu. Oba

(3) kye kitegeza "oli anyomebwa" kubanga Nazareti kyali kifo kinyomebwa. Oluvanyuma Abakristayo abasoka baitibwa nga Abanazarayo, olwokubasekerera. Lab. Bikolwa xxiv. 5. Gyebali kyandibade nsonga eyokujaguliza abalabe babwe okubavuma bwebatyo nga batuma erinya Mukamawabwe lyeyatumibwa mu bitabo bya Bana'bi.

SURA 3. 1–12. YOHANA OMUBATIZI OKUJA NGABULIRA MU DUNGU LYE BUYUDAYA.

MA'KO 1. 2–8; LUKA 3. 1–18; YOHANA 1. 15–34.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

'dūngu erye Buyudaya, ngagamba nti Mwenenye; kubanga obwa- 2
kabaka obwomu'gulu bunātera okutūka. Kubanga oyo na'bi 3
Isaya gweyayogera, ngagamba nti

E'dobozi lyoyo ayogerera wa'gulu mu 'dūngu nti
Mulongōse olugūdo lwa Mukama,
Mulung'amye amakuboge.

---

Luka O. tayogera ku Bafarisayo na Basadukayo naye ategeza Yohana bweyabulirira abantu abamujira. Munjiri eyokuna tusinga kutegezebwa bya Yohana okwegana nti Si nze Kristo era byeyaigiriza ku Kristo.

1. *Mu naku ezo*] Lab. Luk. 3. 1. wetutegezebwa ne kisera ebigambo bino bwebyali.

*Yohana Omubatizi*] Abasunoptiki era ne Josefo bamuitanga bwebatyo; naye munjiri eyokuna aitibwanga Yohana wamu. Josefo atutegeza Yohana bweyali omukulu enyo mu kuigirizakwe era ebibina ebinene bwebyamujira. Agamba nti Yohana yaigirizanga abantu nti Kibagwanide okukola ebyobutukirivu eri banabwe era nokwegenderezanga eri Katonda.

*ngabulirira*] ekigambo mu Luyonani kyogera ku mirimu egyomubaka—wano kyakulanga Kabaka omugya.

*dungu erye Buyudaya*] yensi eterimibwanga ekomerera ku lui lwa Buyudaya olwebuvanjuba nga litukira dala ku Nyanja Enfu. Mu kitundu kino omutali miti mingi mwalimu ebibuga bitono si bingi, era ne kakano mukyalimu obutundutundu obugimu.

2. *Mwenenye*] Mu Luyonani ekigambo kino amakulu gakyo kwe kukyukira dala so si kunakuwala bunakuwazi olwebibi wabula okubirekera dala obutabidamu.

*Obwakabaka obwomugulu*] Mu Ndagano empya tusinga kusoma "obwakabaka obwa Katonda," Mathayo O. yeka yawandika "obwakabaka obwomugulu," era naye ye olusi nga awandika obwa Katonda. Ekigambo kino si kigya mu Bayudaya kwekufugibwa dala Katonda Ye nyini—obwakabaka obwomunsi nga kye kisikirize kyakwo. Era kitegeza nokufuga okwa Kristo (lab. Dan. vii. 14) Era Abazeloti bakikwata nga bagamba nti Tewali Kabaka wazira Katonda. Yesu naye yabuliranga ekigambo kino ngakisako amakulu agomunda agomumwoyo. Mundagano Empya tulaba amakulu ge bigambo bino—

(1) Kristo okubawo kunsi.
(2) Kristo okuja omulundi ogwokubiri
(3) Kristo okufuga mu mitima gya bantu.
(4) Obukristayo, (*a*) ye Kanisa. (*b*) kwe kukiriza.
(5) Obulamu obutagwawo nga bwebuli.

3. *nabi Isaya gweyayogera*] (lab. mu 2. 5) Ebigambo bino mu Is. xl. 3. byogera ku kukomawo okuva e Babuloni. Omubaka alibulira ebigambo bino ebyesanyu kunsozi era ne mu lukola lwebagenda okuitamu nga bakomawo. Wano Mathayo Omutukuvu afananya ebigambo ebyo ku kulokolebwa mu budu okusingira dala ekitibwa era ne ku kuja okwa Kabaka owamazima.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

4 Naye Yohana oyo yayambalānga engoye ezebyōya byeng'amira,
nga yesiba olukoba·olwediba mu kiwato ; ne' mereye yali nzige
5 na mubisi gwenjuki ezomunsiko. Awo e Yerusalemi no Buyuda-
6 ya bwona, nensi yona erirānye Yordani, nebavayo neba'ja gyali ;
7 nābabatiza mu mu'ga Yordani, nga bātula ebibi byābwe. Naye
bweyalaba Abafarisayo abangi na Basadukayo abangi nga ba'jiri-

---

*Edobozi*] Ebyobubaka bisinga omubaka obukulu era ne nabi abulidwa mu dobozi eryobuuabi.

*Mulung'amye amakubowe*] Abomunsi ezebuvanjuba ngabamanyi nyo empisa eno Kabaka omukulu ngayagala okutambula ngatuma okusenda ensozi nokutinda enkonko eziri mu kubo lyayagala okuitamu.

4. *engoye ezebyoya byeng'amira*] Ekizibawo (oba ekanzu) ekirukibwa nebyoya byeng'amira. Kigasa nyo okwambala nga kizīza olubugumu era nempewo era nga tekiitamu nkuba.

*nemereye yali nzige na mubisi gwenjuki ezomunsiko*] Thomson atutegeza nga bino tebirībwa wabula abakopi enyo, naye Babedowini bakyalya enzige. E Medina na walala mu Buwarabu enzige zitundibwa mu maduka. Basoka okuzanika enzige mu musana nezikala nebalyoka bazirya nomuzigo nomubisi gwenjuki olusi basamu omunyo nebalyoka basika oba bafumba. Thomson era agamba nti Omubisi ogwenjuki gulabikayo mu miti ne mu mainja agomubiwonvu.

6. *nababatiza*] Yohana teyaingiza mpisa empya kubanga ebyokunaza oba okubatiza kyaliwo mu dini zona ezeda. Mu Bayudaya abakyufu babatizibwanga nga bakirizibwa okuingira mundagano ya Musa. Okubatiza kwa Yohana kali kabonero akokungulu akokubatizibwa okwomunda era "nakokukyuka okuleta obulamu" era kwaliko okusubiza okwokusonyibwa ebibi. Era ne Kristo yanyweza empisa eno eyeda ngagisako amakulu amagya era ngagiwa amānyi amagya.

7. *Abafarisayo*] amakulu gerinya lino=Abeyawula; ekibina kino kyasoka okubawo mu mirembe gya Bamakabayo Bagonderera dala buli nukuta yamateka agawandikibwa era nempisa zebawanulirwa bajaja. Abafarisayo abasoka banyikira nyo okujukiza abantu ebyamateka nga bali babyerabide naye oluvanyuma ababadirira bakwatanga ebyokungulu byoka. Obunanfusi obwa Bafarisayo obwabazīza mu kwenenya nokuwulira edobozi eryomunda erirabula abantu kye kibi ekyomubiro ebyo Kristo kyeyasinga okubogolera.

Munsi Abafarisayo kyali kibina ekyasimibwanga abangi olwokweyawula nga tebatabagana na Barumi newakubade nabagenyi abalala. Abazelote era babalirwa ku Bafarisayo.

*Abasadukayo*] kyali kibina kyabakungu era kyekyabakabora. Bakiriza okufugibwa abagenyi era nempisa eza bagenyi. Tebanywerera nyo kumpisa obuisa wabula bakwatanga nyo amateka Musa geyawandika. Ebyokuzukira nebyamalaika ne mizimu babiganira dala (Bik. 12. 8.)

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ra okubatizakwe nābagamba nti 'Mwe abāna bemisota, āni eya-
balabula oku'duka obusūngu obugenda oku'ja? Mubale ebibala 8
ebisāni'de okwenenya: temulowōza kwogera mu mitima nti 9
Tulina Ibrahimu ye jaja'fe: kubanga mbagamba nti Katonda
aīnza mu mainja gano okugafūliramu Ibrahimu abāna. Naye 10
kakano emba'zi eteke'dwa ku kikolo kyemiti: buli muti oguta-
bala bibala birūngi gunātemebwa, gunāsūlibwa mu muliro. 'Nze 11
mbabatiza na ma'zi olwokwenenya: naye oyo a'ja enyuma
wānge yansinga amānyi, sisānira na kukwata ngatoze: oyo
alibabatiza no Mwoyo Omutukuvu nomuliro. Olugalirwe luli mu 12

---

Erinya lyabwe balinga baligya ku Zadoki eyali Kabona mu mirembe gya Daudi.

*obusungu obugenda okuja*] Obusungu, amakulu gakyo
(1) Katonda byalowoza ku bibi; era
(2) Omusaugo ogusalibwa ku bibi (Bar. 2. 5)

"Okuduka obusungu obugenda okuja" kwe kulowoza ku kibi nga Katonda bwalowoza era kwe "kwenenya" oba kwe kufusibwa obugya mu mutima.

9. *temulowoza kwogera*] i.e. temwegulumiza nga mwogera, nga mu Baf. 3. 4. "omuntu omulala yena bwalowoza okwesiga omubiri."

*Tulina Ibrahimu ye jajafe*] Aba-Rabi baigirizanga nti tewali mukomole aliingira mu Gehena.

10. *ogutabala*] oba "bwegutabala"

*bibala*] Owe Buvanjuba alowoza ku bibala byoka, omuti ogutabala alowoza obutaba gwa muwendo. Ateka emba'zi ku kikolo kye nyini nagutema.

11. *olwokwenenya*] ke kabonero akobulamu obufusibwa obugya.

*sisanira na kukwata ngatoze*] gwe mulimu ogwa badu obudu. Yohana newakubade nya yali nabi mukulu, ngainza nokukankanya Herode olwobwakabakabwe, tasanide kubera mudu Woyo asinga amanyi—Omwana wa Katonda.

*no Mwoyo Omutukuvu*] Luyonani = mu Mwoyo Omutukuvu. Mu Luyonani, okusinga mu Luyonani olwa Baherenisti, bogera bwebatyo ku kyokoza—okubatiza *no* Mwoyo Omutukuvu era no muliro, bo bagamba nti "okubatiza *mu*—" Naye kitegeza era ekigambo mwekikolerwa— nama'zi = mu ma'zi; no Mwoyo Omutukuvu = okwetololwa oba okufugibwa Omoyo Omutukuvu.

Naye Yohana teyandiinzi'za kutegerera dala ebyo Mwoyo Omutukuvu nga bwebyategerwa Abakristayo oluvanyuma. Abamu kubaigirizwabe mu Efeso bagamba Paulo nti "Naye nokuwulira tetuwuliranga nti waliwo Omwoyo Omutukuvu." Bik. 19. 2.

*muliro*] Ekifananyi kino kyogera ku (1) kutukuzibwa, (2) bugya obwaka ngomuliro, (3) kumulisibwa; byona bye birabo ebyo Mwoyo Omutukuvu.

12. *olugalirwe*] kye kintu ekyaitangamu mpewo okulongosa mung'ano ngemaze okuwūlibwa, ebisusunku biryoke bigivemu.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

mukonogwe, naye alirongōsa nyo egūlirolye; alikung'anyiza
eng'āno mu gwanika, naye ebisusūnku alibyokya nomuliro
ogutazikira.
13 Awo Yesu nāva e Galiraya, nātūka ku Yordani eri Yohana,
14 amubatize. Naye Yohana yali ayagala okumugāna, ngagamba
nti 'Nze netāga 'gwe okumbatiza, nāwe o'ja gyendi? Naye
15 Yesu na'damu, nāmugamba nti 'Kiriza kakano: kubanga kitu-
gwānira bwetutyo okutūkiriza obutūkirivu bwona. Nālyoka
16 amu'kiriza. Awo Yesu, bweyamala okubatizibwa, amangwāgo
nāva mu ma'zi: laba, e'gulu nerimubi'kukira, nālaba Omwoyo
17 gwa Katonda nga'ka ngejiba, nga'ja kuye; laba, e'dobozi nerii-

---

*egūliro*] Okulongosa eguliro kwe kulongosa eng'ano nebisusunku ebiri mu gūliro.

Mathayo O. atutegeza Yohana bweyaigirizanga mungero. Enyiriri zino zijude ngero ezo; Ayogera ku misota era namainja, era nemiti, era nomu'do, era negūliro, alyoke abategeze amakulu gokuigirizakwe. Luka O. atutegeza omuigiriza ono omukulu bweyainza okwawulamu abantu nokutegera engeri zabwe. Yohana atuterese'za Yohana byeyaigiriza ku ngeri nomulimu ebyo Mwana wa Katonda.

13–17. YESU OKUJA OKUBATIZIBWA YOHANA.
MA'KO 1. 9–11; LUKA 3. 21–22; YOHANA 1. 32–34.

Luka ayongerako ebigambo ebibiri ye bino; agamba nti Omwoyo Omutukuvu yaka ku Yesu (1) "mu kifananyi ekyomubibi," era (2) "bweyasaba."

Munjiri eyokuna mwetusoma ebigambo bya Yohana ye nyini tetutegezebwa bweyabatiza Yesu, kwetutegerera obuwombefu bwa Yohana.

13. *Awo Yesu . . . natuka eri Yohana amubatize*] Yesu, kye kifananyi ekyo Bulamu obugya yetowaza okubatizibwa, ke kabonero ako Bulamu obugya. Oyo alina obuinza okusonyiwa ebibi yefula okufanananga omuntu anonya okusonyibwa ebibi mu kubatizibwa. Naye Yesu ngayetowaza okubatizibwa atulaga Esakramento eyo bwerina obuinza. Oyo omuntu dala atuigiriza omuntu bwainza okufuka olwo kubatizibwa—okwambazibwa Omwoyo Omutukuvu, nokukomwako nomuliro ogwokujula obugya nogwokufula obulongofu.

*ku Yordani*] Mpo'zi mu Enoni kumpi ne Salimu (Yoh. iii. 23), olugendo lwa lunaku lumu okuva e Nazareti, "okumpi nomusomo gwa Yordani ogwalirana ne Su'kothi, wala nyo nogwo ogwalirana ne Yeriko."

15. *obutukirivu*] amateka byegalagira.

16. (*Yesu*) *nalaba*] Okusoma wano woka twandirowoze'za nti Yesu yeka yalaba naye Omubatizi era yalaba nga bwetusoma mu Yohana. 1. 32. "Yohana yategeza ngagamba nti Nalaba Omwoyo ngava mu gulu ngejiba; nabera kuye." Ako kali kabonero eri Yohana Kristo kwanategererwa.

17. *edobozi neriima mu gulu*] Mu kuwereza kwa Mukamawafe

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ma mu 'gulu, nga ligamba nti Oyo ye Mwāna wange, gwenjagala, gwensanyukira enyo.
Awo Yesu nātwālibwa Omwoyo mu 'dūngu okukemebwa 4

---

**tusoma emirundi esatu nga edobozi lyamujira. Lyawulirwa era ku Kufusibwa era ne ku Sabiti eya Pasaka (Okuitako) (Yoh. 12. 28).**

**SURA 4. 1-11.** YESU OKUKEMEBWA.

MA'KO 1. 12–13; LUKA 4. 1–13.

**Ma'ko O. awandika ebigambo bitono nyo; tatumenyera bikemo nga bwebyali; naye aleta ekigambo kino nti "naba wamu nensolo." Luka O. ateka ekikemo ekyo Bwakabaka obwensi mu maso ge kikemo ekye Kitikiro ekye Yekalu.**

**Ebigambo bino tebyandiinzi'za kutegezebwa omulala wabula Kristo yeka. Ebigambo ebyomuwandisi wenjiri byogera ku bigambo ebyabawo dala so si bya kiroto buloto. Setani yamujira Yesu dala, naye ekifananyi kyeyajiramu tekitegezebwa. Mukamawafe yakemebwanga enaku ezo zona amakumi ana nalyoka akemebwa nebikemo bino bisatu ebyasinga obuzibu. Era Kristo yakemebwa ne mu bisera ebirala nga bwetusoma mu Luka 22. 28, "Mwe mumuno abagumikirizanga awamu nange mu kukemebwa kwange." Naye bino bye bikemo ebiigiriza engeri zona ezokukemebwa bwezenkana eziinza okulumba abantu. Kubanga ebikemo bino ebisatu bigendera wamu no "kwegomba kwomubiri, nokwegomba kwamaso, nokwegulumiza okwobulamu okutalimu." (1 Yoh. 2. 16) byetusomako nga Yohana O. agatira awamu obubi bwensi. Bwetulowoza ku kukemebwa kuno okwajira Yesu Kristo tumulaba ngakemebwa (1) Ngomwana wo Muntu—eyali kulwabantu bona—mwoyo obuntu obutukiride buwangula ekibi. Kye kigambo ekikulu mu kutabagana. (2) Nga Adamu owokubiri akomyawo eri abantu Adamu owoluberyeberye kyeyabuza. (3) Nga omwana wa Ibrahimu yakemebwa mu lukola nga Abaebraniya bwebakemebwa. Ekyo tukitegera nga tulaba Kristo byeyadangamu. (4) Nga Kristo owa mazima ngagana obukulu obutali bwa mazima Aba-Kristo abo bulimba bwebagoberera.**

**Byetuigirizibwa mu bikemo bino byona era mu buli kimu kwe kumwesigira dala Katonda era nokugonderera dala Katonda byayagala era byebibyo ebiva mu kwenenya.**

**1.** *natwalibwa Omwoyo*] **Abasunoptiki bonsatule batutegeza Yesu bweyatwalibwa Omwoyo owa Katonda. Ma'ko O. agamba nti "Omwoyo namugobera mu duugu." Luka O. agamba nti "Omwoyo namutwala," mu Luyonani "Yatwalibwa mu Mwoyo," kwe kugamba nti Yagenda nga yetolodwa Omwoyo eyamukako mu kubatizibwakwe.**

*dungu*] **Laba ku su. 3. 1. naye ekifo kye nyini kyeyakemerwamu tekimanyidwa.**

**Dungu awatali bantu lyalowozebwanga okubera ekifo ekyabasetani. Kyetuva tulaba Yesu ngasisinkana ne Setani mu matwa'e ge, Oyo asinga amānyi nga asanga owa mānyi akuma olugyalwe (Luka 11. 21, 22) Kristo okweyawula mu bantu nganatera oku-**

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

2 Setani. Bweyamala okusība enaku amakumi ana, emisana
3 nekiro, enjala neryoka emulūma. Omukemi na'ja nāmugamba
nti Oboli Mwāna wa Katonda, gamba amainja gano gafūke
4 e'mere. Naye na'damu nāgamba nti Kyawandikibwa nti
Omuntu tabānga mulamu na 'mere yo'ka, wabula na buli
5 kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda. Awo Setani nāmu-
twāla ku kibuga ekitukuvu ; nāmuteka ku kiti'kiro kyeyekalu,
6 nāmugamba nti Oboli Mwāna wa Katonda, būka ogwe wansi :
kubanga kyawandikibwa nti

---

ingira mu mulimu gwe omukulu kulinga okweyawula kwa Eriya nokwa Paulo. Mpo'zi ne bona abagoberera enyo Mukamawabwe babo abasose okutwalibwa mu dungu erye myoyo gyabwe, nebalyoka basisinkanirawo ne bawanguliraawo ebikemo biri ebyalumba Kristo.

*Setani*] ekigambo kino kya Luebraniya—oyo aziiza oba omuwakanyi. Mu Luyonani "diabolos" kiriko namakulu gagano (1) okulimba, (2) okuwairiza, (3) okuwāba.

2. *enjala neryoka emuluma*] tutegera ku bigambo bino nti ebikemo bino byabawo enaku ezo amakumi ana nga ziwedeko.

3. *amainja gano gafuke emere*] Ekikemo kino kyamulumba mu mubiri gwe nti Koza obuinza bwo obwa Katonda oku'kusa okwegomba okwomubiri.

4. Yesu nadamu ngajulira mu Ma. 8. 3. Mu sura eyo tulaba Abaisraeli byebaigirizibwa mu lukola. Emyaka egyo amakumi ana eri Abayudaya gyali nga enaku ezo amakumi ana bwegyali eri Yesu. Mukama Katonda yakema Israeli "okumanya ebyali mu mutimagwo, obanga ogenda okwekumanga ebiragirobye oba siwewawo. Nakutowaza nakulumya enjala, nakulisa emanu . . . . akutegeze ngomuntu taba mulamu na mere yoka, naye olwa buli ekiva mu kamwa ka Mukama omuntu kyava abera omulamu."

Kristo aigiriza nga omwana amanyibwa olwo kuwulira nokumwesigira dala Katonda agaba yeka buli kirabo ekirungi. Naye Setani alowoza ku kufuna ebyo mubiri nokuwebwa ebyensi nebirala bwebityo.

5. *namutwala ku kibuga*] Yerusalemi kyakubibwa kunsozi empanvu enyo okusinga mpo'zi ebibuga byona ebyeda.

*kibuga ekitukuvu*] Tusoma bwetutyo ku Yerusalemi mu njiri ya Mathayo O. yoka.

*kitikiro*] ekitikiro ekyamanyibwa—ekitikiro kino kyalinga kyali ku kisasi ekimu ekye Yekalu ekyalengeranga mu kiwonvu ekiwanvu ku lui lwa Kedroni oba ku lui olwe Hi'nomu. Josefu ngayogera ku "kisasi kya Kabaka" agamba nti "omuntu bwabanga aimiride wagulu ku kasolya kakyo nalyoka atunulira wansi kantolozi amukwata, so namasoge tegainza kutuka okulengera wansi dala."

6. *kyawandikibwa*] Zab. 91. 11, 12. Ebigambo "mu makubogo gona" ebirabika mu Zaburi Setani abibukako, ngakyamya bwatyo amakulu agebigambo byeyajulira ebigamba nti Katonda alikuma abatukirivu mu kutambula kwabwe, naye tebikiriza bantu kukema

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

Alikulagiririza bamalaikabe :
Mu mikono gyābwe balikuwanirira,
Oleme okwesitala ekigerekyo ku 'jinja.
Yesu nāmugamba nti Kyawandikibwa nate nti Tokemānga 7
Mukama Katondawo. Ate Setani nāmutwāla ku lusozi oluwā- 8
nvu enyo, nāmulaga ensi za bakabaka bona abali munsi, neki-
tībwa kyazo ; nāmugamba nti Ebyo byona nākuwa bwonovūnama 9
okunsinza. Awo Yesu nāmugamba nti Vawo genda, Setani : 10
kubanga kyawandikibwa nti Osinzānga Mukama Katondawo,
omuwerezānga ye'ka. Awo Setani nāmuleka ; laba, bamalaika 11
neba'ja, nebamuwereza.
Awo bweyawulira nga Yohana bamuwa'deyo, na'dayo e Gali- 12
laya ; nāleka e Nazareti, na'ja, nābēra e Kapernaumu, ekiri ku 13

---

Katonda ngabeingiza mu kabi. Eyawandika Zaburi eyo yalinga ajulira mu Ngero 3. 23. "Awo (ngowulira—laba munyiriri ezi-soka) lwolitambulira mu kubolyo mirembe, so nekigerekyo tekiryesitala."

7. *Tokemanga Mukama Katondawo*] Mat. 6. 16. Olunyiriri lukoma ne bigambo bino nti " nga bwemwamukemera e Masa." Bwetulowoza ku bigambo ebyafa e Masa (Kubal. 20. 7-12) tutegera bulungi amakulu gebigambo bino wano. Musa ne Aroni balaga obutesiga Katonda bwebagezako okweretako ekitibwa olwekyamagero ekyakolebwa, " nebatatukuza Mukama." Wano Yesu yagana okwegulumiza mu maso ga Bayudaya olwokukola ekyamagero. Ngomwana wo Muntu kyamugwanira okugulumiza erinya lya Kitawe olwokuwulira. Lab. Yohana 12. 28.

8. *lusozi oluwanvu enyo*] Tekigasa kubuza olusozi luno newakubade okubuza nga Yesu yalaba atya obwakabaka bwona obwensi. Kitumala okutegera nga Isa yakemebwa yegombe okufuga okwomunsi era ne kitibwa.

9. *Ebyo byona nakuwa*] Setani, "omukulu wensi eno" (Yoh. 12. 31) yekwasa obuinza obwokugaba entebe zobwakabaka obwensi. Kino kisinga okulabika mu Luka O. (su. 4. 6) " Nakuwa gwe obuinza buno bwona, nekitibwa kyamu ; kubanga nawebwa nze ; era ngabira buli gwenjagala." Okwegulumiza, era nobukodo era nobujozi ebya bafuzi abaliwo mu biro ebyo byandiinzi'za okubiwa amānyi ebigambo nga ebyo. Kyandiinzika okulowoza ku bantu nga Tiberio ne Herode Antipa nga bwebali, nti basinza Setani.

10. *Vawo genda, Setani*] Tulaba nga ne Petro yagambibwa ebigambo bino bweyeteka mu kifo ekyomukemi (su. 16. 23) laba ekitegeza ku kitundu ekyo.

*omuwerezanga yeka*] Mat. 6. 10-13. Okusinza ebitali Katonda, okutawana nokumwerabira Katonda gye mitego egiva mu kulaba ebirungi ne mu kwegomba. Laba mu Mateka-olwokubiri ebigambo ebirirana nebyo ebijulirirwa.

12-16. YESU OKUKOMAWO EGALILAYA.

Ma'ko 1. 14; Luka 4. 14, abatategeza nsonga ; Yohana 4. 1-3.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

14 nyanja, mu nsalo za Zebuluni ne Naftali : ekigambo kitūkirire
na'bi Isaya kyeyayogera, ngagamba nti
15 Ensi ya Zebuluni nensi ya Naftali,
E'kubo lyenyanja, emitala wa Yordani,

---

Yohana O. atutegeza ensonga endala nti bweyategera nga Abafar'sayo bawulide nti Yesu aigiriza era nti abatiza bangi okukira Yohana, nava mu Buyudaya, neb.

12. *Bweyawulira*] era ate kubanga yawulira. Kyamugwanira okwekuma bwatyo mu lukwe lwa Herode Filipo.

*Yohana bamuwadeyo*] E Makiro. Ensonga eyasibya Yohana etegezebwa mu su. 14. 3, 4 (labawo ekitegeza) era ne mu Luka 3. 19, 20.

Bweyawulira nga Yohana afude Yesu nagenda mu lukola Lab su. 14. 13.

*nadayo e Galilaya*] ngakwata ekubo eryo kumpi eryaitanga mu Samariya. Yohana 4. 4. Mu lugendo luno Yesu yasanga nayogera nomukazi Omusamariya. Bye byaliwo ngamaze okukolera emirimu mu Buyudaya emyezi munana, ebigambo ebyomu bitegezebwa mu Yoh. su. 2, ne 3.

*E Galilaya*] Oluberyeberye bye bibuga 20 Sulemani byeyawa Hiramu, 1 Basek. 9. 11. Lab. Yos. 20. 7. Oluvanyuma ensi yona eyalirana nebibuga ebyo neryoka etumibwa erinya eryo, era nga erinya lya "Asia" oluberyeberye eryali eryekitundu ekitono ku muga Mianda oluvanyuma bweryafuka erinya lye saza lya Barumi neriryoka lifuka erinya lye Kontinenti enamba ekitundu ekyokuna ekyensi zona. Ku lui awo Abayudaya bali batono naye nga waliwo Abafoiniki na Bawarabu na Bayonani bangi nyo.

13. *naleka e Nazareti*] okusoka olwobutakiriza bwa Banarazeti, ate nga bwetuinza okutebereza, abere mu kibuga ekyali kunsalo alyoke ainze okuva mangu mu matwale aga Antipa.

*Kapernaumu*] ekibuga ekyali ku nyanja eye Galilaya ku lui olwebugwanjuba era naye ngulu ku mukono ogwakono. Ekibuga kyakyo kye nyini kiriko empaka nyingi. Mpo'zi kyali e Khan Minyeh (laba mukifananyi:) si ku nyanja ye nyini naye mu lusenyi lwe Genesareti okuleka enyanja ebanga si dene—kyali kifo kya maguzi mangi era mwabangamu Abamawanga bangi.

Abalala bagamba nti Kapernaumu kye kibuga kye naku zino ekiitibwa Tell Hûm ekiri engulu wenyanja ku lusenyi lwa Yordani. Erinya lya Tell Hûm liri kumpi ne "Kefr na Hûm," abamu lyebalowoza okubera erinya lya Kapernaumu eryeda. Ekigambo ekisinga okukakasa okutebereza kuno kye kino nti mu mazimba ageda agali e Tell Hûm walabikawo amazimba age Sunagogi, omwakolerwa mpo'zi ebimu ku byamagero byo Mulokozi. Laba mukifananyi. Naye kino kitegerekese nti Yesu bweyava e Nazareti okugenda e Kapernaumu yaleka ewabwe awali ensozi awatali bantu bangi naingira awali abantu abangi enyo.

14. *Isaya*] Soma obunabi bwona (su. 8. 11—9. 6) enyiriri zigenda bwezityo wamu so si nga bwezawulibwa mu Baibuli yafe.

15. *e Galilaya eyamawanga*] laba wangulu mu lu. 12.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Galilaya eyamawānga,
Abantu abāli batūla mu kizikiza, 16
Bālaba omusana mungi,
Nabo abāli batūla munsi yokufa ne mu kisīkirize kyakwo,
Omusana gwabākira.
Yesu nāsokera awo okubūlira nokugamba nti Mwenenye; 17
kubanga obwakabaka obwomu'gulu bunātera okutūka.
Bweyali ngatambula ku 'tale lyenyanja ye Galilaya, nālaba 18
aboluganda babiri, Simoni gwebaita Petro, ne Andreya muga-
ndawe, nga basūla omugōnjo mu nyanja, kubanga bāli bavubi.
Nābagamba nti Mu'je, muite nānge, nānge ndibafūla abavubi 19
babantu. Amangwāgo nebaleka emigōnjo, nebaita naye. Nā- 20
tambulako mu maso nālaba aboluganda babiri abalala. Yakobo 21
(omwāna) wa Zebedayo, ne Yohana mugandawe, (nga bali) mu
lyāto wamu ne kitābwe Zebedayo, nga bayunga emigōnjo
gyābwe; nābaita. Amangwāgo nebalekawo eryāto ne kitābwe, 22
nebaita naye.

---

16. *Abantu abali batula mu kizikiza*] Tiglathi Pileza Ahazi gweyaita okumubera okulwanyisa Rezini ne Peka, bweyalumba ensi ebika ebyali ku lui olwengulu byalaba enaku nyingi (2 Basek. 15. 29). Era naye nebyo byasubizibwa okulokolebwa ("tewaliba kizikiza eri oyo eyali abonyabonyezebwa," Is. 9. 1), oluberyeberye Senakeribu ngazikirizibwa, mu naku zebali balabye; naye oluvanyuma mu kizikiza ekyomumwoyo mu kuja kwa Kristo.

17–22. PETRO NE ANDREYA NABANA BA ZEBEDAYO OKUITIBWA. Laba Ma'ko 1. 16–20.

Mu Luka tusanga Simoni nga tetusose kusoma ebyokuitibwakwe (su. 4. 38). Ebyomu Luka 5. 3–11 byali mu kisera kirala naye lu ll lugendera wamu no lu 22 mu sura eno. Luka O. atutegeza abana ba Zebedayo bwebali basiza kimu ne Simoni. Mu Yoh. 1. 35–42 tusoma ebyokuitibwa kwabwe okulala okwasoka ebigambo ebyomu sura eno netutegezebwawo Andreya bweyali omuigirizwa wa Yohana Omubatizi era Bethsaida bwekyali ekibuga kya Andreya ne Petro.

17. Ku "kwenenya" no "Bwakabaka" okuigiriza kwa Kristo byekwasinzirako laba mu su. 3. 2.

18. *omugonjo*] Mu Luyonani ekigambo kino kirabika wano ne mu Ma'ko 1. 16, ebifo bibiri byoka.

*abavubi*] kakano tewakyali bavubi ku Nyanja eye Galilaya. Ababedawini batya nyo Enyanja era tebatera kugitambulirako. Olwensonga ezo amato agalabika ku Nyanja si mangi era nenyanja tekyavamu kintu.

*abavubi babantu*] Ebigambo ebyo bya lugero era nga bwetweyongera okutegezebwa mu su. 13. 47–50.

22. *ne kitabwe*] Ma'ko O. (1. 20) ayongera ne bino "nabino abakolera empera." Ebyo bitutegeza nga Zebedayo nabatabanibe, nabo abasakemu nabo tebali bavu dala.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

23 Yesu nābunya e Galilaya yona, ngabaigiririza mu makung'a-
niro gābwe, era ngabūlira enjiri eyobwakabaka, era ngawonya
24 endwa'de zona nobunafu bwona mu bantu. Ebigambobye

---

23–25. YESU NGA BWEYABULIRA ENJIRI ERA BWEYAWONYA ABALWADE MU GALILAYA.

Ebigambo ebyabalwade abamu birabika mu Ma'ko 1. 23 neb.; era mu Luka 4. 31. neb.

23 *makung'aniro gabwe*] Amasunagogi (makung'aniro) gazimbibwanga kuntiko zensozi oba awasinga obugulumivu mu bibuga, nebalyoka basimbawo empagi (munara) empanvu eringanga ebitikiro ebyoku kanisa eza kakano. Galabikiranga wala. Olusi naye Amasunagogi gazimbibwanga kumpi nomuga. Era nolusi gazimbibwanga nga tekuli busolya.

1. Bakung'auanga mu Sunagogi ku Sabiti ne ku lunaku olwokubiri ne ku lwokutano.

2. Basomanga mu Tawuleti (Amateka) ne mu Banabi, abasoma nga balondebwa "Malaika owe Kanisa"; era omuwereza yasabanga esara kulwa bantu; abantu nga badangamu nti "Amina," era nga fe bwetuisa mpisa.

3. Naye Amasunagogi tegalinga Kanisa zoka. Nga Emizigiti egya Baturki bwegiri era nago zali enkiko awasalirwanga emisango era emisango mwegyagweranga,—"mulikubibwa ne mu Makung'aniro." Era ate abalenzi baigirizibwanga mu Masunagogi era nabo abagala okuingira mu mirimu egyobuwandisi.

4. Ebigambo ebyomusunagogi byali mu mikono gyabantu kumi, kwabo abasatu, abaitibwanga "Abakulu be Sunagogi" basalanga emisango era baingizanga abakyufu era nebakola emirimu emirala emikulu. Omulala owokuna yaitibwanga nti "Malaika owe Kanisa" oba omulabirizi owekung'aniro; abalala abasatu bali badikoni oba abakumi abe bintu ebyakung'anyizibwanga era nga babigabira abetaga. Omulala owomunana yali "mutegeza" eyakyusanga ebyo Luebraniya mu Njogera ya bulijo; owomwenda yali musomesa wabo abagala okuingira mu buwandisi, owekumi nga ye mutegeza woyo; laba ku su. 10. 27. Ebyomu kanisa eza Bakristayo byasibuka mwebyo ebyakolerwa mu Masunagogi.

*ngabulira enjiri eyobwakabaka*] yajanga ngalanga ngomubaka laba mu su. 4. 3. era ne Isa. ya 40. Ekigambo ekikyusibwa "Enjiri" wano tekirabika mu Luka O. newakubade mu Yohana O. naye kisangibwa emirundi mingi mu bitabo bya Paulo O naye awalala mu Ndagano Empya kirabika emirundi ebiri gyoka,—mu 1 Petro 4. 17, era mu Kub. 14. 6.

24. *nebibonyobonyo*] Mu Luyonani ekigambo kino bye bibonyobonyo abantu byebasalirwa mu nkiko ezemisango. Wano zendwade ezisisiwaza omubiri nga ebibonyobonyo ebyo bwebyakola. Abagalilaya bangi basalibwa emisango okubonyabonyezebwa.

*nabo ababasetani*] Omwoyo ogwomuntu okuingirwa basetani kyawulibwa mundwade obulwade wano era ne mu Luka O. (eyali omusawo era kyeyava amanya obulungi ebigambo byendwade zona). Enjawulo eyokufugibwa kuno tuinza okugiita nti omuntu alina

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nebibuna Obusūri bwona: nebamuletera bona abāli balwa'de, abāli bakwati'dwa endwa'de ezitali zimu, nebibonyobonyo, nabo ababasetani, nabensīmbu, nabāli bakōzimbye; nābawonya.
Ebibīna bingi, nga bava e Galilaya ne Dekapoli ne Yerusalemi 25
ne Buyudaya nemitala wa Yordani nebaita naye.

---

okutegera kwa engeri biri. Amānyi agasetani agatalabika gafuka ngomuntu owokubiri ngagafuga era ngagemala obuntu obusinga obulungi. Mu Luyonani kireta "abafugibwa *dimoni*" Mu Luugereza "*devil*" Luyonani "*diabolo.*"

*nabensimbu*] mu Luyonani "bali omwezi begulwaza" bali balowoza nga obulwade obwabalalu bujira wamu nokulabika kwomwezi. Wano bandisinze okukyusa "abalalu" so si "abensimbu" kubanga newakubade nga ensimbu zikwata abalalu abamu, tezikwata bona. Tulaba wano obulalu bwebuyawulibwa mu kufugibwa basetani.

Tusoma ku mulalu okuwonyezebwa mu su. 17. 14–21.

Edalu mu bangi liva mu kuisa empisa ezobwenzi.

Ekanisa eya Bakristayo egoberede Mukamawayo mu kujanjaba abalwade. Okuzimba enyumba ezabalwade nokukuma abalwade bitegeza Obukristayo era bye bibala byabwo. Abantu kyebavude beyongera okubala obulamu nga bwa muwendo.

Abamu balowoza nga "enyumba eyawulibwa" mu 2 Byom. 26. 21, yali kisituliro kya balwade. Mpo'zi yali bwetyo naye Abayudaya tebanyikira mu kujanjaba okwenkana nga Abakristayo. Naye kakano mu biro bino Abayudaya bagala okusinga bona mu mirimu egyomukisa ne mu kujanjaba abalwade.

25. *ne Dekapoli*] Luy. "ebibuga kumi" Abawandisi abe bitabo bona tebamenyera wamu ebibuga bino. Byali ku lui olwebuvanjuba ne ku lui olwe southi olwe nyanja eye Galilaya; abamu bamenyeramu Damasko.

---

ENYANJA EYE GALILAYA.

Eitibwa Enyanja eye Genesareti (Luka 5. 1.) Enyanja eye Tiberiya (Yoh. 6. 1. ne 21. 1).

*Bethsaida ekya Juliya*] kyazimbibwa Herode Filipo, owesaza, nakituma ekya Juliya, Juliya nga ye muwala wa Augusto. Laba mu su. 14. 19.

*Keraze*] kye kibuga kya Korazini Su. 11. 21.

*Awagulumivu oba Olusozi*] gyetutebereza nti kye kifo awabulirwa Okubulira okwo ku lusozi era Kristo kweyalabikira, su. 28. 16.

*Tell Hûm*] awali Kapernaumu ngabamu bwebalowoza.

*Et Tabgah*] abamu balowoza nga we wali Bethsaida ("Enyumba eyebyenyanja") kyetutegezebwa okuba ekyalo kya Petro, Andreya ne Filipo (Yoh. 1. 44) laba su. 8. 14 ne 11. 21. Okumpi ne Et Tabgah waliwo olu'zi olwensulo olunene olufanana okuba "olu'zi olwa Kafanaumu" Josefo lwayogerako, mwebagya ama'zi okugaisa mu lusalosalo olwasimibwa nebalutusa mu lusenyi olwe Genesareti. Ne kakano awaita olusalosalo olwo era awaberanga ama'zi wakyalabika.

*Khan Minia*] awali Kapernaumu ngabamu bwebalowoza.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

5 Bweyalaba ebibīna, nālinya ku lusozi: nātūla wansi, abai-
2 girizwabe neba'ja gyali: nāyasamya akamwāke, nābaigiriza
ngagamba nti

---

*El Ghuweir*] oba *Ensi eye Genesareti*, olusenyi olugimu obuwanvu bwalwo mairo 2½, era obugazi nga mairo emu; su. 14. 34.

*Mejdel*] ye Magadani; su. 14. 39.

*Tiberiya*] Tekyogerwako munjiri eno. Naye Herode Antipa yalinga aliyeyo Yohana Omubatizi bweya'tibwa e Makiro; su. 14. 6. neb. Kyazimbibwa Herode Antipa era yakituma Tiberiya okumuwa Tiberiya Kabaka ekitibwa. Laba ku su. 14. 13-21, era lab. Yoh. 6. 1. 23.

*K'hersa*] kye kimu ne *Gergesa* Gerasa (si Gerasa ekirirana nomuga Ya'boki) kye kifo kimu. Lab. su. 8. 23.

*Gadara*] kyekibuga ekyensi ya Bagadareni, omwaingira Gergesa. A ne B, oba kimu oba kirala kye kifo awalisibwa 5000; su. 14. 13–21.

---

Sura 5. 5–7. ebyabulirwa ku lusozi.

Tusanga Okubulira okwo ku Lusozi nga kugoberera okumpi ne mirimu egyokusasira egyandigulide emyoyo gyabantu giryoke gikiriza ebigambo ebyo Mulokozi. Kwe kubulira okutegeza ebyobulamu obukyusibwa (oba okwenenya) nga kuigiriza engeri zabwo; era ebyo Bwakabaka, nga kutegeza engeri yabwo, nokufuga kwabwo, era nebifunibwamu.

Byetutegezebwa wano ku Bwakabaka tuinza okugerageranya nebyo Setani byeyayogera mu kukema. Yesu tasubiza wano nga aja okuwangula ensi, newakubade okwolesa amanyi nekitibwa, newakubade oku'kusa okwetaga okwomubiri nga adibya obwavu. Mukamawafe yaigiriza mu kubulira kuno amateka Abayudaya gebawebwa bwegatukirizibwa. Mu kifo ekyokukolima tulaba wano ebyomukisa, mu kifo ekyemisango tulaba empera. Tubuzibwa ebigambo ebibiri ku kubulira okwokulusozi. (1) Oba Mukamawafe yaigiriza ebigambo bino byona mu kisera kimu nandiki bye bigambo byeyaigiriza mu bisera ebingi nga bikung'anyizibwa wano awamu? (2) Oba kubulira kuno kwe kumu nokwo mu Luka 6. 17–49? Tulowoza nga ebigambo bino byombi bya mazima.

1. (*a*) Twandirowoze'za bwetutyo nga tulaba ku bigambo ebyo Muwandisi we njiri era ne ku bigambo ebisoka mu kubulira. (*b*) Bwetubanga tuyawulayamulamu tulaba nga Okulowoza era nokusimba okwokubulira kuno kugendera wamu nokwo mu Luka. (*c*) Okusanga ebigambo bimu mu Luka ebiri wano mu kubulira okwo mu Mathayo nga biriranyizibwa walala si kwansonga kubanga Mukamawafe, yali ngomusomesa yena, teyandiremye kudamu bigambobye ebimu emirundi emingi.

2. (*a*) Ebisokerwamu era nebikomereramu bye bimu dala mu mbulira zombi era nebingi kwebyo ebiri wakati. (*b*) Ebitalabika mu Luka, bye bigambo ebigerageranya awamu amateka ageda nokuigiriza okugya, tebyandituse bulungi kwabo Luka beyawa-

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Balina omukisa abāvu mu mwoyo : kubanga abo obwakabaka 3
obwomu'gulu bwe bwābwe.
Balina omukisa abali mu naku : kubanga abo balisanyusibwa. 4
Balina omukisa abatēfu : kubanga abo balisikira Ensi. 5
Balina omukisa abalūmwa enjala nenyōnta olwobutūkirivu : 6
kubanga abo bali'kusibwa.

---

ndikira okwenkana nabo Mathayo beyawandikira. (*c*) "Olusozi" era "awaterevu" tewali nsonga okugamba nti bye bifo ebibiri. "Awaterevu" kyalinga nga kyali kifo ekiterevu ekyali ku lusozi wagulu. (*d*) Okubulira tekuliranyizibwa mu Luka nga bwekwaliranyizibwa mu Mathayo naye Mathayo Omutukuvu tatera kuliranya ebigambo nga bwebyakolebwa.

Kyoka wano twandiyagade okukakasa bulungi ekisera tulyoke tutegere obanga Ekumi nababiri bali bamaze okulondebwa era obanga Mathayo O. ye nyini yaliyo ngawulira ebigambo bino namatuge. Mu Luka tusoma nga Kristo yali amaze okulonda Ekumi nababiri nalyoka abulira naye mu Mathayo ebyokulonda tubisoma luvanyuma.

1. *natula wansi*] Omuigiriza Omuyudaya yasinganga kutula butuzi ngaigiriza. Mu Talmud "okutula" amakulu gakyo kwe kuigiriza.

Abaigirizwabe nebaja wali, kwekutandika okwe kanisa eya Kristo.

A. Abomu Bwakabaka nga bwebali, 5. 3–16.

(1) Bwebafanana era byebafuna, 5. 3–12.

3. *Balina omukisa abavu mu mwoyo*] Laba Omukristayo bwakula. Okusoka, obwavu mu mwoyo, atalinabwo tainza kwenenya era tainza kuingira mu Bwakabaka. Ekyokubiri, okunakuwalira ebibi. Ekyokusatu, bwe buwombefu kwe kugondera Katonda byayagala, ne Kristo ye nyini yagogera nti "ndi mutefu era muwombefu." Ekyokuna, enjala eyomumwoyo olwobutukirivu. Netulyoka tulaba ebigambo ebisatu ebyo Bukristayo ebifunyisa omuntu empera gyatagenderede—ekisa, obulongofu, okutabaganya. Ebyomu nyiriri 10 ne 11 bya kugumya abaigirizwa era nokubakema obanga ba mazima.

*Abavu mu mwoyo*] Abatagulumizibwa mu mwoyo, Luka O. tawandika "mu mwoyo," kwetutegerera nti Abavu mu bintu era be bayogerwako wano, Mathayo O. aingiza "mu mwoyo" kwetutegerera nti Si bavu mu bintu boka be bayogerwako.

4. *abali mu naku*] Babo abakabira ebibi era naye nabalala bona abalaba enaku. Abakabira ebibi tubasomako mu 2 Kor. 7. 10, "Okunakuwala eri Katonda kuleta okwenenya okwobulokozi okutejusibwa."

5. *abatefu*] Zab. 32. 11. "Abawombefu balisikira ensi" laba mu lu. 3. Obuwombefu busimibwa mu Bukristayo bwoka. Abeda tebabusima nyo nga babuita nga obunafu.

6. Okwegombanga okutukirivu kyekirabo Katonda kyagabira abatefu.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

7 Balina omukisa abekisa: kubanga abo balikwatirwa ekisa.
8 Balina omukisa abalina omutima omulongōfu; kubanga abo
baliraba Katonda.
9 Balina omukisa abatabaganya: kubanga abo baliitibwa bāna
ba Katonda.
10 Balina omukisa abai'ganyizibwa olwobutūkirivu: kubanga abo
11 obwakabaka obwomu'gulu bwe bwābwe. 'Mwe mulina omukisa
bwebanābavumānga, bwabanābai'ganyānga, bwebanābawairānga
12 buli kigambo kibi, okubavūnanya 'nze. Musanyuke, mujaguze
nyo: kubanga empēra ya'mwe nyingi mu 'gulu: kubanga
bwebatyo bwebāi'ganya bana'bi abāsoka 'mwe.
13 'Mwe muli munyo gwa Nsi; naye omunyo bwegu'gwāmu
ensa, balirungamu munyo nabaki? Tegukyasāna nate, wabula

---

7. *balikwatirwa ekisa*] Katonda okufuga bwati, abantu okukolerwa nga bwebabakolera abantu banabwe, tuigirizibwa mu lugero olwo Mudu atalina kusasira, su. 18., era ne mu kusaba okwa Mukamawafe, su. 6. 12. "Otusonyiwe amabanja gafe nga fe bwetwasonyiwa abatwewolako."

8. *abalina omutima omulongofu*] Obulongofu busingira dala okwolesebwa mu Bukristayo. Tebulabikanga na katono mu kuigiriza kwona okwa Basokrates ne Aristotle. Obulongofu *mu mwoyo*, obwo mumpisa tebumala.

*baliraba Katonda*] Okuigirizibwa okwa Bakristayo kwe kweyongerayongeranga okulaba Katonda, bona bamulabako olusi, eri abalongofu Alabikira dala. Lab. 1. Yoh. 3. 2, 3. Naye okulabira dala ku Katonda namaso si kwa kakano wabula kwa mu Bulamu obutagwawo oluvanyuma.

9. *abatabaganya*] naye si abo boka abakoma ku mpaka. Emirembe gino gye mirembe egisingira dala obulungi gye "Mirembe gya Katonda," Baf. 4. 7; Bak. 3. 15.

*bana ba Katonda*] kubanga babo abasinga okufanana Katonda, abatukirivu nga Kitabwe ali mu gulu bwali omutukirivu, lu. 48, lab. 1. Yoh. 3. 1.

10, 11. *olwobutukirivu . . . okubavunanya nze*] Okuiganyizibwa olwensonga zino kwe kwo mukisa. Abazelote abe Galilaya bangi ababonyabonyezebwa, abavumibwa, bwebajemera Herode oba Abarumi tebasa kimu na katono mu mukisa guno.

12. *bwebatyo bwebaiganya banabi*] Okuiganyizibwa kwe kukema era ke kabonero akobuigirizwa obwa mazima. Kristo bweyabonyabonyezebwa nafa ebigambo ebyo nebiroyka bifuka bya manyi. Lab. 1 Pet. 4. 13, 14.

(2) Ebigwanira Abakristayo okukola 5. 13–16.

13. *Mwe muli munyo gwa Nsi*] wano ngagamba abaigirizwa era okusinga Abatume. Abo abeingiza mu buigirizwa balina ebibagwanide.

*bwegugwamu ensa*] Buli kiramu kyetaga omunyo era nomunyo gwegusinga okuziiza okuvunda. Naye bwegubanga gugwedemu amanyi gano nga tegukyaliko kyegugasa. Tegukyainza kusulibwa ku nimiro wabula okusulibwa mungudo abantu bagulinyeko.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

okusūlibwa obwēru, abantu okugulinyirira. 'Mwe muli musana 14
gwa Nsi. Ekibuga bwekikubibwa ku lusozi, tekiīnzika kuki-
sibwa. 'Sō tebakolēza tabāza okugivunikira mu ki'bo ; wabula 15
okugiteka wa'gulu ku kikōndo kyayo ; nayo ebākira bona abali
munju. (Kale) omusana gwa'mwe gwākēnga bwegutyo mu 16
maso gabantu, balabēnga ebigambo ebirūngi byemukola, ba-
lyoke bagulumizēnga Kita'mwe ali mu 'gulu.
Temulowōzānga nti na'ja okudibya Amatēka oba (ebya) 17
Bana'bi : sa'ja kudibya, wabula okutūkiriza. Kubanga mba- 18
gamba mazima nti E'gulu nensi okutūsa lwebiri'gwāwo, enu-
kuta emu newakuba'de akatonyeze akamu ako mu Matēka teka-
li'gwāwo, okutūsa byona lwebirimala okutūkirira. Kale buli 19

---

Era nabatume bwebatyo abawebwa ebifo ebisinga obukulu mu bwakabaka obwa Katonda bwebataberanga ngomunyo eri ensi, bwebulamu bwayo, nga tebakyagasa na katono nga bagwa dala. Atalinga Petro afuka nga Yuda.

14. *musana gwa Nsi*] Laba Yoh. 8. 12, kale Kristo yeita nti "Nze musana gwensi," era laba Baf. 2. 15. "Gyemulabikiramu ngetebaza zomunsi."

*Ekibuga bwekikubibwa ku lusozi*] Abamu balowoza nga bali balengera ku lusozi oluitibwa "Safed," Kristo nalyoka akibalaga ngayogera bino.

15. *ki'bo*] kye kigero ekyalabikanga mu nyumba zona eza Bayudaya.

*tabaza . . . kikondo*] Munyumba eyo Muyudaya etabaza teyatekebwanga ku meza wabula ku kikondo ekiwanvu.

*bona abali munju*] be Bayudaya. Luka O. ngawandikira Abamawanga agamba nti "Abaingiramu," be Bamawanga "balabe bweyaka."

B. Obwakabaka obwomugulu butukiriza Amateka, 5. 17–48; Tutegezebwa bwetutyo, 5. 17–20.

18. *mazima*] Mu Luyonani wano tusangamu ekigambo ekyo Luebraniya nti "Amina" amakulu gakyo nti (*a*) okukakasa ekyogedwa. (*b*) okunyweza kyebagenda okwogera. Amakulu gano agokubiri gasinga okulabika mu Ndagano Empya kubanga ga Lusuri. Agoluberyeberye ge gasinga mu Ndagano Enkade.

*enukuta emu*] "yod" (ל) yenukuta esinga obutono munukuta eze Kiebraniya era tetera nakwatulwa wabula ngegatidwa kundala egirirana. Naye obutabawo buinza okukyusa amakulu agekigambo. Empaka eziri ku makulu agekigambo "Siro" mu Lub. 19. 10, zisinzira ku kanukuta kano. Era nenukuta eno yenjawulo mu Sarai ne Sara. Era yenukuta esoka mu Yehova (Yahuwa) ne mu Yoshua (Yesu).

*akatonyeze*] mu Luyonani "ejembe tono." Munukuta ezo Luebraniya enukuta ezimu zagala okwenkanankana naye waliwo akatonyeze akatono akamu nga kawula.

19. Ngabulira Abatume nga be baigiriza. Okukola nokuigiriza byagala okugendera awamu. Kyali kibi kya Bafarisayo okuigiriza-

anādibyānga li'nāgo amatēka gano amatono era anāigirizānga
abantu bwatyo, aliitibwa mutono mu bwakabaka obwomu'gulu:
naye buli anāgakwatānga era anāgaigirizānga, oyo aliitibwa
20 mukulu mu bwakabaka obwomu'gulu. Kubanga mbagamba
nti, obutūkirivu bwa'mwe bwebutasingenga (butūkirivu) bwa
bawandisi na Bafarisayo, temuliingira na katono mu bwakabaka
obwomu'gulu.
21 Mwawulira abe'da bwebāgambibwa nti To'tānga; naye omu-
22 ntu bwana'tānga, ana'zānga omusāngo: naye nānge mbagamba
nti buli muntu asunguwalira mugandawe, ali'za omusāngo;
naye anāgambānga mugandawe nti Raka, asāni'de (okutwā-
libwa) mu lukīko, naye anāgambānga nti Musirusiru, asāni'de

---

nga naye nga tebakola. Lab. su. 23. 2, 3, kino kitutegeza ensonga eingiza "kubanga" mu lu. 29.

20. *bawandisi*] Lab. ku su. 7. 29.

(*a*) Butukiriza Amateka nga tulaba ku Mateka Ekumi ge nyini, 5. 21-37.

(1) Obu'si, 5. 21-26.

21. *Mwawulira*] oba mu kusinza okwo mu Sunagogi oba mu kuigiriza okwa bawandisi.

22. *nange*] kwe kukakasa dala bwalina obuinza okuigiriza noku-teka amateka.

*omusango*] okutwalibwa mu lukiko olwo mu kyalo: laba naye ebidirira wano.

*Raka*] kye kigambo kya kuvuma, ekikolo kyakyo amakulu gakyo kwe kuwanda amalusu. Enjawulo mu "Raka" no "Musiru-siru" tetukyamanyi kubanga amakulu agebigambo ngebyo gasi-nzira ku mirembe mwebyayogererwanga. Ebitalina makulu mabi mu mirembe egimu biinza okusasamaza abantu mu mirembe emirala. Naye wano tulaba engeri ezo busungu era nengeri ezemisango bweziti.—(1) Waliwo okukwatibwa obusungu naye obutayogera, (2) Waliwo obusungu obulabika mu bigambo. (3) Waliwo obumwogeza omuntu ebyo kuvuma ebibi. Emisango egigwanide nga giringa nga (1) egyasalibwa mu lukiko olwo ku kyalo: (2) mu Sanhedrini, (3) okusulibwa mu Gehena.

*lukiko*] lwe lukiko lwa Sanhedrini, lab. ku su. 24. 3.

*Gehena*] eyomuliro. Gehena lwe Luyonani, lye rinya erye kifo ekiitibwa Ge-Hi'nomu mu Luebraniya. "Ekiwonvu kya Hi'nomu" ekiitibwa olusi "Ekiwonvu ekyomwana wa Hi'nomu," era Tofethi (Yer. 7. 31). Kyali kiwonvu ekiwanvu naye ekitali kigazi ku lui olwe bugwanjuba olwe Yerusalemi naye ngogenda ku lui olwe Southi, mwebasinzizanga Moleki; naye Yosiya bweyalongosa ensi "nayonona Tofethi ekiri mu kiwonvu ekyabana ba Hi'nomu, omuntu yena aleme okuisanga omwanawe owobulenzi newakubade owobuwala mu muliro eri Moleki" (2 Basek. 23. 10). Oluvanyuma lwebyo ebyempitambi byona era nemirambo egyabantu aba'tibwa-nga olwemisango byasulibwanga mu kiwonvu ekyo. Ekiwonvu ekye Gehena kigererwa ku kifo ababi kyebagenderamu nga bafude. Basako wano "eyo muliro" olwokusinza okwo okweda oba, nga

Digitized by Google	Original from HARVARD UNIVERSITY

(okusūlibwa) mu Gehena eyomuliro. Kale, bwobānga olēse 23
sadakayo ku kyōto, bwoima eyo nomala o'jukira nga muga-
ndawo akuliko ekigambo, lekawo sadakayo mu maso gekyōto, 24
o'deyo, osoke omale okutabagana ne mugandawo, olyoke oko-
mewo oweyo sadakayo. Yagalanānga māngu noyo akuwawā- 25
bira ngokyali naye mu 'kubo; akuwawābira alemēnga oku-
kutwāla eri kati'kiro, 'sō ne kati'kiro alemēnga okukuwa
omumbowa, era olemēnga okutekebwa mu komera. Mazima 26
nkugamba nti Tolivamu, okutūsa lwolimala okukome'kereza
ne pesa limu.
Mwawulira bwebāgambibwa nti Toyendānga: naye nānge 27
mbagamba nti buli muntu atunulira omukazi okumwegōmba, 28
ngamaze okumwendako mu mutimagwe. Obanga erisolyo 29
eryadyo likwesitaza, li'gyemu, lisūle wala: kubanga kye kisi-
nga obulūngi ekitūndukyo ekimu kizikirire, omubirigwo gwona

---

bwetutegezebwa Ba-Rabi, kubanga tewabulangawo muliro mu kiwonvu ekyo, oba era kubanga kye kifananyi kyomusango ogwemirembe nemirembe.

23. *bwobanga olese sadakayo ku kyoto*] oba ekiwebwayo nga omwana gwendiga oba amayiba abiri.

*ojukira nga mugandawo akuliko ekigambo*] obanga mugandawo alina ekigambo kugwe oba kyansonga oba ekitali kyansonga, soka omale empakazo naye.

24. *lekawo sadakayo*] Newakubade nga otandise okuwayo sadaka soka oleke, kubanga Katonda taja kugikiriza omutima nga gukyalimu obusungu, era nga tonafuna kwetegera okulungi. Kye kimu ne bigambo biri ebikulu nti "Njagala kisa, so si sadaka." Lab. era Zab. 26. 6. "Nanabanga mungalo zange mu butayonona; bwenetololanga ekyotokyo, ai Mukama."

25. *Yagalananga*] Yagalananga naye bulijo. Yesu ayongera okuigiriza ekigambo kyetusanze mu lu. 24. "Oyo akuwawabira," ye muntu yena atuliko ekigambo kyona ekiinza kutuziza obutaingira mu bwakabaka obwa Katonda. Bwobanga okyalina ebanga mu bulamu buno leka okuwalana kwona. Weraga okuba omwana wa Katonda nga ofuka omutabaganya, lu. 9. Tuigirizibwa wano nga tujukizibwa ebibawo munkiko awawulirirwa emisango. Kisinga nyo obulungi omuntu okumala okutesa noyo amubanja ebigambo nga tebinaletebwa eri omulamuzi.

(2) Obwenzi, 27–32.

28. *okumwegomba*] alyoke amwegombe.

mu mutimagwe. Naye laba lu. 8, "abalina omutima omulongofu."

29. *erisolyo eryadyo*] bino biva mu lu. 28. Eriso nomukono byombi birungi nyo era naye byetagibwa, naye biinza okufuka ngenkonge ezokutusula, era ate waliwo ebisanyusa era nebikolebwa ebitali bibi naye ebiinza okutuleta mu kukemebwa, tulyoke tukole ekibi. Kitugwanide okwerekereza bino newakubade nga kye kizibu nyo okubisula.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

30 guleme okusūlibwa mu Gehena. Era obanga omukonogwo
ogwadyo gukwesitaza, gutemeko, gusūle wala: kubanga kye
kisinga obulūngi ekitūndukyo ekimu kizikirire, omubirigwo
31 gwona guleme okugenda mu Gehena. Bāgambibwa nate nti
Omuntu bwagobānga mukaziwe, amuwānga ebaruwa eyokumu-
32 goba: naye nānge mbagamba nti buli muntu agobānga mu-
kaziwe, wabula ogwobwenzi, ngamwenze'za: naye awasānga
gwebāgoba, ngayenze.
33 Mwawulira ate abe'da bwebāgambibwa nti Tolāiranga bya
34 bulimba, naye otūkiririzānga Mukama byolāira: naye nānge
mbagamba nti Tolāirānga na katono, newakuba'de e'gulu,
35 kubanga ye ntebe ya Katonda; newakuba'de Ensi, kubanga
ye gyatekako ebigerebye; newakuba'de e Yerusalemi, kubanga
36 kye kibuga kya Kabaka omukulu. 'Sō tolāirānga mutwegwo,
kubanga toīnza kufūla luviri lumu oba lweru oba ludugavu.
37 Naye ebigambo bya'mwe bibērēnga nti Wewawo, wewawo;
siwewawo, siwewawo: naye ebisinga ebyo biva mu mubi.
38 Mwawulira bwebāgambibwa nti Eriso liga'twēnga eriso, neri-

---

31. *ebaruwa eyokumugoba*] Laba mu su. 1. 19. Okugobanga abakazi kwali kufuse ekibi ekinene nga bagobebwanga olwensonga zona era ezitali nene. Ekigambo kimu ekya Ba-Rabi kyayogera nti "Omuntu bwabanga akyaye mukaziwe kale amugobe." Ne kakano ebaruwa zabwe ezokugoba zikyalabika. Ne munsi ezifugibwa Abaislamu kakano abakazi bagobebwa olwa buli nsonga.

32. *gwebagoba*] ngamaze okugobebwa.

(3) Ebirairo, 33–37.

*Tolairanga bya bulimba*] Mukamawafe ngabajukiza ebyo mu teka eryokusatu. Era laba Lev. 19. 12. Mu bwakabaka obwa Katonda ebikolebwa nebirowozebwa bigendera wamu. Naye ebigambo ngebyo ebyo Mutume mu 2 Kor. 11. 31, biriziizanga Abakristayo mu kwekuma enukuta obunukuta eyebigambo bino ebyo Mulokozi wafe nga tebategera makulu gabyo agomunda.

34. *Tolairanga na katono*] Tuziizibwa wano okulaira kwona okwobusungu era nokwobusirusiru, so si kulaizibwa munkiko ezemisango okwogera ebyamazima.

*kubanga yentebe ya Katonda*] Abayudaya bali baitiride mu bunanfusi okutusa bwebalowoza nga bwebataingiza Linya lya Katonda mu birairo byabwe si kya musango obutabitukiriza. Mukamawafe atutegeza nga okulaira kwona kwona okwobulimba kwe kulairira obwerere erinya lya Katonda.

36. *mutwegwo*] Abeda bangi balairanga bwebatyo.

(*b*) Eteka eryokuwalana egwanga, 38–42.

38. *Eriso ligatwenga eriso*] Laba Kuv. 21. 24. Abawandisi batolanga enukuta ezeteka lino nebalyoka bagyamu amakulu agatali gamu. Eteka eryokuwalana ebigambo nga bitesebwa mu lukiko lyali lisana bulungi mu bantu abatanaigirizibwa enyo, naye kyoka nga ebigambo bisose okuwulirwa nomusango negulyoka

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

nyo liga'twēnga erinyo: naye nānge mbagamba nti Temuzii- 39
zānga mubi: naye omuntu bwakukubānga oluba olwadyo,
omukyūkizānga nolwa kono. Omuntu bwayagalānga okuwoza 40
nāwe okutwāla ekānzuyo, omulekerānga nekizibawokyo. Omu- 41
ntu bwakutwālānga namānyi ekisēra ekimu, ogendānga naye
nekyokubiri. Akusabānga omuwānga; omuntu bwayagalānga 42
okumuwola, tomukubānga mabega.
Mwawulira bwebāgambibwa nti Oyagalānga mu'no, okyāwā- 43
nga omulabewo: naye nānge mbagamba nti Mwagalēnga aba- 44
labe ba'mwe, musabirēnga ababai'ganya; mulyoke mubērēnga 45
abāna ba Kita'mwe ali mu 'gulu: kubanga enjubaye agyākiza

---

gusalibwa mu lukiko so si bantu nga bewalanira egwanga kubwabwe. Ekiragiro ekyeda ekyo tekyalagira bantu okukola bwebatyo awatali kuwoza.

39. *Temuziizanga mubi*] ngogezako okumukolera obubi mu kifo kyo bubi.

*omukyukizanga nolwa kono*] Naye era nga Mukamawafe bweyakola, Yoh. 18. 22, 23.

40. *ekanzuyo*] Naye kye kyambalo ekyomunda. Kyabako emikono era kyakomanga ku mavivi, era kyafananganga nga "esati" ya kakano. Ekizibawo, kye kyayambalirwanga kungulu nga kifanana "abba" ekya Bawarabu, kyakolebwanga nolugoye olwebiyoya. Abasinga obwavu bayambalanga "sati" yoka. Abagaga abamu bayambalanga "sati" biri era "nekizibawo." E Buvanjuba obugaga obwomuntu nga bulabikira kungoyeze zayambala okuba enyingi so si ku bulungi bwazo bwoka. Ebyo mu 1 Bakorinso, 6. 7, biigiriza era bwebityo "Naye era bwemutyo mumaze okubako akabi, . . . lwaki obutamala galyazamanyizibwanga."

41. *bwakutwalanga namanyi ekisera ekimu*] Mu Luyonani wano tusangamu ekigambo ekyo Lupersia amakulu gakyo kwe "kuwaliriza omuntu okukulembera eyatwalanga ebaruwa za Kabaka." Abayudaya bajogebwa bwebatyo Abarumi.

Josefo atutegeza ebya Demetrio eyasubiza obutakozanga nsolo za Bayudaya ezetikanga.

Tulaba empisa eno eyokuwaliriza mu su. 27. 32.

42. *bwayagalanga okumuwola*] Okuva eda abantu bajogebwanga bwebatyo nga bawalirizibwa okuwola. Kyasinga ku Bayudaya okubawalirizanga.

(*c*) Okwagalana, 43–48.

43. *Oyagalanga muno*] Lev. 19. 18, "onoyagalanga muliranwawo nga bweweyagala weka." Ekitundu ekyokubiri mu lu. luno tekirabika mu Lev. naye Ba-Rabi bakiyiya buyiya.

44. *abalabe*] Bona abatāli ba mu gwanga lya Bayudaya.

*ababaiganya*] Ekigambo kino amakulu gakyo kwe kujogera obwerere olwetima. Mu 1 Pet. 3. 16, kikyusibwa "abavuma empisa zamwe." Era tukiraba ne mu Luka 6. 28, "ababagirira ekyejo."

45. *mulyoke muberenga abana ba Kitamwe*] lab. mu lu. 9. Okukola bwekutyo kwe kukola nga Katonda bwakola, abawa omukisa

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ababi nabalūngi, abatonyeseza enkuba abatūkirivu nabatali
46 batūkirivu. Kubanga bwemunāyagalānga ababagala, mulina
47 mpēra ki? nabawōza tebakola bwebatyo? Bwemunālamusānga
baganda ba'mwe bo'ka, munābasinzāngawo ki? nabamawānga
48 tebakola bwebatyo? Kale 'mwe mubērēnga abatūkirivu, nga
Kita'mwe ali mu 'gulu bwali omutūkirivu.
6 Mwekūme obutakolerānga bigambo bya'mwe ebyobutūkirivu
mu maso gabantu, era babalabe: kubanga bwemunākolānga
bwemutyo temuwebwenga mpēra eri Kita'mwe ali mu 'gulu.
2 Kale, bwogabirānga abāvu, tofūwirānga ng'ombe mu masogo,
nga banānfusi bwebakola mu makung'aniro ne mu ngūdo, abantu
babawe ekitībwa. Mazima mbagamba nti Bamaze okuwebwa

---

abamukolimira era abefula abalabebe, ngabagabira omusana nenkuba. Katonda bwafanana bwatyo. Abantu obuntu basasula kwagala mu kifo kya kwagala newakubade nga si ba Dini.

46. *nabawoza*] "bapublikani"; tebasolozanga musolo ogwatesebwa Abafuzi naye be bantu abatesa nabakulu balyoke bawebwe emirimu egyokusolozanga ebya Governmenti. Naye abawoza betusomako mu Nda. Empya bali benyuma abalaganangа nabali abakulu era nga basoloza ebisukiride. Emirimu gino gyakolebwanga bali abatayagala gwanga lyabwe kubanga gyabakyaisa abantu. Era ne mu bwakabaka obwe Baturki kakano empisa eno ezalira abantu enaku nyingi nokujogebwa.

47. *Bwemunalamusanga baganda bamwe boka*] lab. lu. 43 Mu Luebraniya balamusanga nti "Shalom" (mirembe).

48. *mwe muberenga*] oba "mwe muliba." Oba (1) byogera ku byoluvanyuma "Bwemubanga mulina okwagala kuno okutukiride muliba abatukirivu oluvanyuma"; oba (2) byakulagira bulagizi era ekigambo ekyo "Abatukirivu" kyogera ku kutukirira mu kwagala, *i.e.* "mwagalanga abalabe bamwe so si baliranwa bamwe boka" kubanga ne Kitamwe nga ye mutukirivu olwokwagala bwakola bwatyo.

Sura 6. 1–4. OKUGABANGA BWEKULI.

(2) Obwakabaka obwo mu gulu nga bwebusinga obutukirivu obwa Bafarisayo mu (*a*) Kugaba, 1–4.

1. *ebyobutukirivu*] bye birabo ebigabirwa abavu. Kye kimu mu Bayudaya kubanga abavu tebalema kugabana ku bibala ebyetaka era kubanga nobutukirivu bulabikira ku kugaba.

2. *tofuiranga ng'ombe mu masogo*] Esanduko ezebirabo ezatekebwa mu lugya lwa Bakazi, omwali Egwanika lye Yekalu, zaitibwanga "ng'ombe" nga zikolebwa okufananangа eng'ombe. Ebigambo byogera mpo'zi ku nsonga eyo era naye biziiza abantu mu kwetenda nga bagaba.

*bananfusi*] be bantu abakwata edini eryokungulu etali ya mazima. Ngabo basoka okulimba abalala naye oluvanyuma berimba boka. Babo Mukamawafe basinga okubogolera.

*Mu makung'aniro*] okutusa kakano ebirabo biretebwa mu makung'aniro ga Bayudaya.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

empēra yābwe. Naye 'gwe, bwogabirānga abāvu, omukonogwo 3
ogwa kono gulemēnga okumanya ogwadyo bwegukola : okuga- 4
bakwo kubērēnga kwa kyamā : kale Kitāwo alaba mu kyāma
alikuwa empēra.
Era bwemusabānga, temubānga nga banānfusi : kubanga 5
bagala okusaba nga baīmiri'de mu makung'aniro ne ku ma'bali
gengūdo, era abantu babalabe. Mazima mbagamba nti Bamaze
okuwebwa empēra yābwe. Naye 'gwe bwosabānga, ingirānga mu 6
kisenge munda, omalānga ku'galawo lu'gi, nolyoka osaba Kitāwo
ali mu kyāma, kale Kitāwo alaba mu kyāma, alikuwa empēra.
Na'mwe bwemusabānga, temudang'anānga mu bigambo bwerēre, 7
ngabamawānga bwebakola : kubanga balowōza nga banāwulirwa
olwebigambo byābwe ebingi. Kale, temufanana ngābo : kuba- 8
nga Kita'mwe amanyi byemwetāga nga temunaba kumusaba.
Kale, musabēnga bwemuti, nti Kita'fe ali mu 'gulu, Erinyalyo 9

---

*Bamaze*] kwe kugamba nti Bafunye empera yabwe yona. Empera yabwe ya kakano era ya kunsi.

3. *bwogabiranga abavu*] Kristo ngayogera ku bantu kinomu mu nyiriri zino ezitegeza ebyokugaba nebyokusaba, kubanga bye bigwanira abantu bona kinomu. Era ne mu "Talmudi" abantu baigirizibwa okugabanga mu kyama bwebati nti Agaba mu kyama yasingira dala Musa obukulu. Naye bafugibwa bunanfusi ; Abafarisayo baigiriza naye tebakola.

4. *alikuwa*] Katonda, so si muntu, aligaba empera.

(*b*) Kusaba nga bwekuli, 5–15.

5. *nga baimiride*] Bona baimiriranga buimirizi nga basaba era nga bwebatulanga obutuzi nga baigiriza.

6. *kisenge munda*] Ekisenge ekyokusabirangamu. Ebisenge bino byaberanga mu nyumba wagulu mu kalinabiri.

*osabe Kitawo ali mu kyama*] Kristo ye yasoka okuigiriza obulungi bwekisanira okusabanga mu kyama era ngosirise. Empisa ya Bayudaya yali ya kusabanga mu lwatu era nga bogera ebigambo ebiwulikika. Ne kakano abakafiri na Baislamu bakyakola bwebatyo. Abarumi bamwekanyanga oyo eyasabanga mu kyama, kwabo waliwo eyagamba nti kyebatayagala bantu okutegera bategeza Katonda. (Seneka)

7. *temudang'ananga mu bigambo bwerere*] Ebigambo tebiziiza kulwawo mu kusaba newakubade okusabanga ebigambo ebimu emirundi emingi (nga bwetukola mu Litani) wabula okudang'ananga mu bigambo obugambo nga tolowoza ku makulu gabyo.

*ngabamawanga*] Era na Bayudaya bagambanga nti Buli asaba ebingi awulirwa.

8. *kubanga Kitamwe amanyi . . . nga temunaba kumusaba*] Kitafe newakubade nga amanyi okwetaga kwafe, naye kitugwanide okumutegeza. Lwaki ? Kubanga twolesa bwetutyo okukiriza kwafe era bwetumwesigira dala Katonda era awatali ebyo okusaba tekuwulirwa.

9–13. OKUSABA KWA MUKAMAWAFE.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

10 litukuzibwe. Obwakabakabwo bu'je. Byoyagala babikole
11 munsi, nga (bwebabikola) mu 'gulu. Otuwe lero e'mere ya'fe
12 eya lero. Otusonyiwe amabanja ga'fe, nga 'fe bwetwasonyiwa
13 abatwewolako. Totutwāla mu kukemebwa, naye otulokole eri
14 omubi. Kubanga bwemunāsonyiwānga abantu ebyōnōno byā-
15 bwe, Kita'mwe ali mu 'gulu anābasonyiwānga na'mwe. Naye
bwemutasonyiwenga bantu ebyōnōno byābwe, 'sō ne Kita'mwe
tasonyiwenga byōnōno bya'mwe.

---

**Ebyokusaba kuno tubisanga mu Luka 11. 2-4, Mukamawafe ngadamu abaigirizwabe bwebamugamba okubaigiriza okusaba " nga Yohana bweyaigirizanga abaigirizwabe."**

9. *Kitafe*] Abakristayo mu kusaba baluwoza ku Katonda okuba Kitabwe alina okwagala kwebajulira so si nga Katonda owo busungu. Okulowoza okwo kugyawo byona ebiinza okutukalubirira mu kusaba. Kitabwe owo kunsi owa magezi tabawa banabe buli kyebasaba wabula ebyo ebiinza okubagasa era byainza. Ate nomwana asaba obutatya era naye newakubade nga kitawe amugana olusi kyasabye talekerayo dala kumwesiga.

*litukuzibwe*] mu byokusaba bino kitugwanide okukolanga kubwafe buli kyetusaba Katonda okutukiriza.

10. *Obwakabakabwo buje*] lab. ku su. 3. 2. Abayudaya baigirizanga nti Okusaba okutayogera ku Bwakabaka bwa Katonda si kwe kusaba.

11. *lero*] mu Luka, " buli lunaku."

*emere yafe eya lero*] ekigambo mu Luyonani ekikyusibwa wano " eya lero " kisangibwa mu bifo bibiri byoka, wano ne mu Luka 11. 3, amakulu gakyo " mere ya lunaku luno oluja."

*emere*] ye mere eribwa olwobulamu obwo 'mubiri ; naye era ebigambo bino byogera ne ku mere eyomwoyo ye Kristo, emere eyo Bulamu—ye mere eyo Mukristayo eya buli lunaku.

12. *amabanja*] ebibi ge mabanja, okusobya mu mirimu Katonda gyatusalira.

*bwetwasonyiwa*] kituigiriza nga kitugwanide okumala okusonyiwa nga tetunaba kusaba okusonyibwa.

Lab. su. 5. 23, 24, era nolugero olwomudu eyagana okusonyiwa mune, su. 23 neb.

13. *Totutwala mu kukemebwa*] Ebyo mu Yok. 1. 2. tebiwakana nabino. Omukristayo atukuzibwa olwokukemebwa naye tewali ainza okulowozako ku kukemebwa natatya.

*otulokole*] oba "otuwalulire gyoli" okutuwonya eri omulabe. Lab. 1. Bath. 1. 10, "Yesu, atulokola mu busungu obugenda okuja."

*eri omubi*] ye Setani—oba " mu bibi." Si mu bubi obwebweru bwoka naye mu bubi obuli munda mu myoyo gyafe.

Mu MSS ebimu tusanga wano ebigambo bibino "Kubanga obwakabaka nobuinza nekitibwa, bibyo, emirembe nemirembe. Amina." Ebigambo bino tebiri mu MSS ebisinga okwesigwa naye Abakristayo babisabanga mu Lateraya yabwe era oluvanyuma abawandisi mbu nebalyoka babiingiza wano nga bwebiri.

(*c*). OKUSIBA, 16–18.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Nate bwemusībānga, temubērānga nga banānfusi, abalina 16
amaso agenaku : kubanga beyōnōna amaso gābwe, era abantu
babalabe nga basība. Mazima mbagamba nti Bamaze okuwebwa
empēra yābwe. Naye 'gwe bwosibānga, osābānga amafuta ku 17
mutwe, onābānga ne mu maso ; abantu balemēnga okulaba
ngosība, naye Kitāwo ali mu kyāma : kale Kitāwo alaba mu 18
kyāma : kale Kitāwo alaba mu kyāma alikuwa empēra.
Temweterekerānga bintu kunsi, kwebyōnōnekera nenyenje 19
nobutala'ge, naba'bi kwebasimira neba'ba : naye mweterekerēnga 20
ebintu mu 'gulu, mwebitayōnōnekera nenyenje newakuba'de
obutala'ge, 'sō naba'bi mwebatasimira, 'sō teba'ba ; kubanga 21
ebintubyo webibēra, omutimagwo nagwo gunābēra eyo. Etabā- 22
za yomubiri lye liso : erisolyo bweriraba awamu, omubirigwo
gwona gunābānga nokutangāla. Naye erisolyo bweriba ebi, 23
omubirigwo gwona gunābānga nekizikiza. Kale okutangāla oku-
li mundayo'wekubēra ekizikisa, ekizikiza ekyo kyenkana wa obu-
nene? Tewali muntu aīnza okuwereza abāmi ababiri: kuba obanga 24

---

16. Okusiba kuva mu naku nga fena abalabye enaku bwetumanyi naye kuinza okufuka ekigambo ekyo kungulu kwoka.

*beyonona*] oba (1) " okukisa amaso " oba (2) " okwebuzabuza " kwe " kwonona " ngatonabye mu maso. Lab. ne mu lu. 19.

(*d*) EBYENSI NOKWERALIKIRIRA OKWA BULIJO NGA BWEBIRI.

19. *bintu kunsi*] Okuva eda Abayudaya nga bagala okukung'anya ebyobugaga.

*nenyenje nobutalaga*] Obugaga obwomubuvanjuba bwasinganga kubera mu ngoye eze kitani ne byambalo ebiriko edalizi, nebirala bwebityo, abana byebasīkiranga.

*nobutalage*] Mu biro ebyo ebyentalo efeza yazikibwanga mu taka era kyeyavanga yetalaga. Tewabanga " banks " mu biro ebyo ngafe bwetulina.

*kwebasimira*] enyumba za'bwe nga zataka.

21. *ebintubyo webibera*] nga bisimirwa mu taka.

22. *Etabaza*] Eriso si gwe musana naye kye kifo omusana mwegubera era kyeriva liitibwa " etabaza " eryomubiri eritwala omusana. Eriso (oba etabaza) bweriraba awamu, liingiza omusana bulungi ; naye bweriba ebi oba nga lirimu obulwade, omubiri nga tegukyainza kufuna omusana. Ekitundu kino kyona kituigiriza bwekitugwanide okuwerezanga Katonda yeka. Ekyobugaga dala kye kimu, omusana gulina ensulo emu, omwami ali omu. Eriso liring'anga lye kubo omuita omusana ogwa mazima aga Katonda negutegerwa neguingizibwa mu mwoyo.

Mu Luka 11.34. era tusanga ebigambo bino nga tutegezebwa nti Okutegera okwa Bafarisayo kwononese baleme okumutegera Kristo.

23. *Okutangala okuli mundayo*] okusinga " omusana oguli mundayo." Omusana oguingizibwa mu mubiri mu liso bwegwononeka eriso nga lirwade, ekizikiza kiryenkana wa obunene?

24. Tuigirizibwa ate wano bwekimugwanide Omukristayo okuwerezanga Katonda yeka.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

anākyāwānga omu, anāyagalānga omulala ; obanga anānywēre-
rānga dala kwomu, anānyōmānga omulala. Temuīnza kuwereza
25 Katonda ne mamona. Kyenva mbagamba nti Temweralikirirā-
nga bulamu bwa'mwe, nga mulirya ki, mulinywa ki ; newaku-
ba'de omubiri gwa'mwe, nga mulyambala ki. Obulamu tebukira
26 'mere, nomubiri tegukira bya kwambala? Mulabe enyonyi ezomu-
'bānga, nga tezisiga, 'sō tezikūngula, tezikung'anyiza mu mawa-
nika ; era Kita'mwe ali mu 'gulu azirīsa ezo. 'Mwe temusinga
27 nyo ezo? Ani mu'mwe bweyeralikirira, aīnza okweyongerako
28 ku bukulubwe nakasēra akamu? Naye ekiberalikiriza ki ebyo-
kwambala? Mutunulire amalānga agomu'tale, bwegamera;
29 tegakola mulimu, 'sō tegalānga lugoye : naye mbagamba nga ne
Sulemani mu kitībwakye kyona, teyayambalānga ngerimu kugo.
30 Naye Katonda bwayambaza bwatyo omu'do ogwomu'tale, oguli-

---

"Okulaba wamu" okuli mu Kristo (2 Kor. 11. 3) nga kugerebwa ku mwami no muduwe.

*okuwereza abami ababiri*] okubera omudu owa bami ababiri. Kitugwanide okujukira omudu bwafugibwa dala. Abami ababiri tebalema kulagira bulala.

*mamona*] Kigambo kya Lusuri amakulu "bugaga." Abamu balowoza nga lye rinya lya Lubale naye tetuinza kukakasa bwetutyo. Wano kye kyona ekiyawula abantu ne Katonda: lab. Bak. 3. 5. "nokuyayana, kwe kusinza ebifananyi."

25–34. (Luka 12. 22–31) Mu Luka ebigambo bino bidirira olugero olwo "Mugaga omusirusiru."

25. *Kyenva.*] Kubanga okuwereza ababiri tekuinzika kyekivude kisanira obuteralikirira olwabalala.

*Temweralikiriranga*] Ekigambo kino tukisanga mu Baf. 4. 6. Lab. ne 1 Pet. 5. 7. Tuigirizibwa wano nga okweralikiriranga bwekutyo tekusana; Katonda eyatuwa obulamu nomubiri talituwa nebirabo ebitenkana mere nebyokwambala obukulu.

26. Wano tetulagibwa butatesa nobutakola: kubanga bwandibade bugayavu. Katonda atese'za abantu okugyamu byebetaga mu kukola emirimu. Enyonyi ze nyini zikola nga zenonyeza emere Katonda gyabatekedetekede.

27. *ainza okyeyongerako ku bukulubwe nakasera akamu*] Kwe kweyongerako ku kuwangalakwe. Lab. Zab. 39. 5. "Enaku zange wazikola ngenta."

Omuntu newakubade nga yeralikirira atya tainza kweyongerako ku nakuze newakubade okweyambaza nga ebimuli.

28. *ebyokwambala*] Enyonyi zituigirizanga Katonda bwagaba emere, ebimuli bituigirizanga bwagaba ebyokwambala.

29. *teyayambalanga*] Sulemani newakubade nga yeyambazanga yeka teyayambalanga okwenkana obulungi nebimuli ebyambazibwa Katonda.

30. *oguliwo lero*] oba "newakubade nga guliwo lero."

*bagusula mu kyoto*] so si kyoto wabula kintu ekyokufumbirangamu—ekya Bayudaya kyali kya bumba kigazi wansi naye nga

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

wo lero, ne jo bagusūla mu kyōto, talisinga nyo (okwambaza)
'mwe, abalina oku'kiriza okutono? Kale temweralikirirānga 31
nga mwogera nti Tulirya ki? oba tulinywa ki? oba tulyambala
ki? Kubanga ebyo byona amawānga byeganonya; kubanga 32
Kita'mwe ali mu 'gulu amanyi nga mwetāga ebyo byona. Naye 33
musoke munonye obwakabakabwe nobutūkirivubwe; era ebyo
byona mulibyongerwako. Kale temweralikirirānga (bya) jo: 34
kubanga olunaku olwajo lulyeralikirira ebyalwo. Olunaku olumu ekibi kyalwo kirumala.

TEMUSALĀNGA musāngo, muleme okusalirwa. Kubanga 7
omusāngo gwemusala gulibasalirwa na'mwe: era ekigera kyemu- 2
gereramu, ekyo kyemuligererwa na'mwe. Ekikutunuliza ki 3
akantu akali ku liso lya mugandawo, naye enjalīro eri ku lisolyo
'gwe togitunulira? Obanga olimugamba otya mugandawo nti 4
Leka nku'gyeko akantu akali ku lisolyo; naye, laba, enjalīro
ekyali ku lisolyo 'gwe? Munānfusi 'gwe, soka o'gyeko enjalīro 5

---

kikendevu ku mumwa gwakyo. Olusi batekanga enku munda emigati nga bagalamiza mumbirizi zakyo ebweru. Olusi nga bateka omuliro wansi oba okwetoloza. Naye enku nga tezitera kulabika munsi eze buvanjuba, kyebavanga bafumbisa esubi, nobuti, nebisasiro mu kifo kyenku.

31. *temweralikirirangа*] lab. lu. 5.

34. *olunaku olwajo lulyeralikirira ebyalwo*] Olunaku olwajo lunaba nebyeralikiriza ebyalwo; ekibi kyalwo era nenaku zalwo binalumala.

SURA 7. 1–27. C. OBWAKABAKA NGA BWEBUFANANA.

Ngamaze okugerageranya Amateka Amagya na Mateka aga Musa, era nebiragiro ebya Bafarisayo nempisa zabwe, Kristo nalyoka aigiriza abaigirizwabe ngabawa ebiragiro ebyokubalung'amya mu bulamu bwabwe obwo Bukristayo.

(*a*) Okusalira abalala omusango nga bwekuli, 1–6.

1. *Temusalanga musango*] Mu bwakabaka obwo mugulu eteka eryokuwalana bwerifanana bwerityo. Oyo asalira ba'ne naye asalirwa okusingibwa, ngatalina bukakamu nobuwombefu nga Kristo bweyalina. 2 Kor. 10. 1; era lab ne Bar. 14. 3 neb.

*muleme okusalirwa*] Kristo ku lunaku olwenkomerero.

3. *ekikutunuliza . . . togitunulira*] Mu Luy. ebigambo bino si bye bimu, waliwo okusala omusango ogwe kungulu, era waliwo okukebera mu mutima.

4. *enjaliro ekyali ku lisolyo gwe*] (1) Kale ali bwatyo nga tasanide kusalira omulala omusango ogwekibi ekitenkana nekikye obunene; era (2) ali bwatyo nga takyategera bulungi okusala omusango. Ekibi ekya Bafarisayo ekyo bunanfusi kyali kinene era nga kiziiza obulamu obwo mwoyo okusinga ebibi biri Abafarisayo byebanenya.

*akali ku lisolyo*] kungulu, Omufarisayo nga talaba munda.

5. *ku lisolyo*] kwe kugigya munda nga kyogera ku kibi ekyo-

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ku lisolyo 'gwe ; olyoke olabe bulūngi oku'gyako akantu ku liso
lya mugandawo.
6 Temuwānga mbwa ekintu ekitukuvu, 'sō temusūlānga lulu
za'mwe mu maso gembi'zi, zireme okuzirinyirira nebigere byazo,
nezikyūka okubalūma.
7 Musabe, muliwebwa; munonye, muliraba; mweyānjule,
8 muli'gulirwawo: kubanga buli muntu asaba awebwa; anonya
9 alaba; eyeyānjula ali'gulirwawo. Oba muntu ki mu'mwe,
10 omwānawe bwalimusaba e'mere, alimuwa e'jinja ; oba bwalisaba
11 ekyenyanja, alimuwa omusota? Kale 'mwe, bwemuli ababi,
bwemumanyi okuwa abāna ba'mwe ebintu ebirūngi, Kita'mwe

---

**munda wala Omufarisayo kyaliinza okulaba kyoka ngamaze okugyamu enjaliro eri mu lisolye ye.**

(*b*) **Okwagala kwa Kitafe eri abana abo Bwakabaka nga kulabika mu kuwulira okusaba, 6–11.**

6. Olunyiriri luno lwegata lutya nekitundu ekisose? **Bweruti—Newakubade nga kigwanide Abakristayo obutasalanga musango naye kibagwanide okuba namagezi mu mirimu gyebakola.**

*ekintu ekitukuvu*] bye bigambo ebitukuvu. Abamu balowoza nga byogera ku nyama entukuvu eyekiwebwayo (Hag. 2. 12).

*mbwa . . . . mbi'zi*] Ensolo ezitali nongofu: laba olugero mu 2 Pet. 2. 22: lab. era Baf. 3. 2; era laba mu Sura 15. 26.

*lulu*] Munjiri zona ge makula getusomako goka. Yesu azogerako emirundi ebiri, wano nga ayogera ku bigambo bya Katonda ebisingira dala obutukuvu ; era ne mu sura 13. 46, ngayogerako ku bwakabaka obwo mu gulu ngabugerera ku lulu "eyo muwendo omungi." Amakulu gebigambo bino gano nti Yawula namagezi wakati webitukuvu nebitali bitukuvu, era wakati wabantu abainza okutegera ebigambo bino ebitukuvu nabo abatainza. Abatali balungi baja kubinyoma nokukwasa ensonyi abo ababagabira. Bwetutaba namagezi bwetutyo tuinza okwonona emirimu gyafe.

7. *Musabe muliwebwa*] Abaigirizwa balinga babuza nti (1) "Tuinza tutya okwawula" era nti (2) "Bani abasanide okuigirizibwa ebigambo bino." Kristo kyeyava aigiriza nti, (1) Abo abasaba baliwebwa obuinza obwokwawula awamu nebirala "ebirungi"; (2) bali abasaba babo abasanide kubanga balaga bwebāgala okuigirizibwa ebigambo ngebyo.

8. Bino bye biingiza buli ekyetagibwa. Okusaba kuliwulirwa, ekyomuwendo kirirabika, olugi olwegulu luligulibwawo. Luka 13. 24, 25. Saba, nonya, weyanjula, ebigambo bino bigenda nga byeyongera amanyi era nokusaba kwagala kugenda bwekutyo.

9. *emere...ejinja...ekyenyanja...omusota*] Ebintu bino kinabibirye bifananange mu kulabika kwabyo naye ekimu kye kirungi naye kinakyo kye kigwagwa oba kibi.

11. *ebirungi*] Mu Luka 11. 13, tusoma wano "Omwoyo Omutukuvu" kwetutegerera nga Kristo ayogede wano ku byomwoyo okusinga ebyomubiri.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ali mu 'gulu talisinga nyo okubawa ebirūngi abamusaba? Kale 12
byona byemwagala abantu okubakolānga 'mwe, na'mwe muba-
kolēnga bo bwemutyo: kubanga ekyo ge Matēka ne Bana'bi.
Muingire mu mulyāngo omufunda: kubanga omulyāngo mu- 13
gazi, ne'kubo eri'da mu kuzikirira 'dene, nabo abaitamu bangi.
Kubanga omulyāngo mufunda, ne'kubo eri'da mu bulamu lya 14
kanyigo, nabo abaliraba batono.
Mwekūme bana'bi abobulimba, aba'jira mu byambalo byendiga 15
gyemuli, naye munda gye misege egisikula. Mulibategērera ku 16
bibala byābwe. Abantu banoga batya ezabibu ku busāna, oba
etini ku mwenyāngo? Bwekityo buli muti omulūngi gubala 17
ebibala birūngi; naye omuti omubi gubala ebibala biba. Omuti 18
omulūngi teguīnza kubala bibala bibi, 'sō nomuti omubi teguīnza
kubala bibala birūngi. Buli muti ogutabala kibala kirūngi 19
bagutema bagusūla mu muliro. Kale mulibategērera ku bibala 20
byābwe. Buli muntu ang'amba nti Mukama (wānge), Mukama 21
(wānge), siyaliingira mu bwakabaka obwomu'gulu, wabula akola
Kitānge ali mu 'gulu byayagala. Bangi abaling'amba ku lunaku 22
luli nti Mukama (wa'fe), Mukama (wa'fe), tetwalagulānga mu
linyalyo, tetwagobānga basetani mu linyalyo tetwakolānga bya

---

12. *Kale*] Ebiva mwebyo ebyogedwa ku kwawula ne ku kusaba, kwe kwagala. Bwetulowoza ku Katonda bwasala tuigirizibwa okugumikiriza, bwetulowoza ku bulungi bwa Katonda tuigirizibwa okuba ne kisa.

(*c*) Awaingirirwa mu Bwakabaka nga wafunda, 13, 14. Ekyokusaba kye kigata enyiriri zino neziri ezisose kubanga olwokusaba abantu basinga okuingira mu muzigo omufunda.

13. *Ekubo dene* era *ekubo erya kanyigo*, Luka 13. 24, 25. Kristo mpo'zi yayogera ku nyumba enene ngerina omulyango gumu omugazi awaita abangi era nomulyango omulala omufunda ogwamanyibwa abatono.

(*d*) Abasale eri omulyango omufunda abo bulimba era abamazima kwebagererwa, 15, 23.

15. *bana'bi abobulimba*] Abatainza kubabera okulaba ekubo lya kanyigo.

*mu byambalo byendiga*] tebyogera ku byambalo dala wabula bya lugero.

19. *Buli muti ogutabala kibala kirungi*] Nokutusa kakano e Buvanjuba emiti egibala emere gyoka gye giitibwa egyo muwendo.

22. *ku lunaku luli*] lwe lunaku olwomusango Kristo ngayogera ku biro ebyomumaso ewala. Abantu balyeita abaigirizwa ba Yesu anyomebwa kakano.

*tetwalagulanga*] kwe kugamba nti "Tetwabuliranga." Eyasinga obukulu mu babulizi yatyanga omusango guno, 1 Kor. 9. 27, "Mpo'zi nga 'maze okubulira abalala, nze nzeka neme okubera atasimibwa."

*basetani*] lab. ku Sura 4. 24.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

23 magero bingo mu linyalyo? Nendyoka mbātulira nti Sibama-
nyāngako 'mwe: muve wendi 'mwena abakola ebyobujēmu.
24 Buli muntu awulira ebigambo byānge ebyo, nāmala abikola,
kyaliva afananyizibwa nomusaja owamagezi eyazīmba enjuye
25 ku lwāzi: enkuba netonya, mukoka nākulukuta, kibuyaga nākū-
nta, nebikuba enju eyo; 'sō netegwa; kubanga yazīmbibwa ku
26 lwāzi. Na buli muntu awulira ebigambo byānge ebyo nātabi-
kola, alifananyizibwa nomusaja atalina magezi, eyazīmba enjuye
27 ku musenyu: enkuba netonya, mukoka nākulukuta, kibuyaga
nākūnta, nebikuba enju eyo; negwa: nokugwa kwayo kwali
kunene.
28 Awo olwātūka Yesu bweyamala ebigambo ebyo, ebibīna
29 nebyewunya okuigirizakwe: kubanga yabaigiriza nga nanyini
buīnza, 'sōnga si ngabawandisi bābwe.

---

23. *Sibamanyangako mwe*] "Sibabalanga okuba abaigirizwa ba-nge. Erinya lyange bweryali nga liri mu mimwa gwamwe emitima gyamwe gyandiko wala." Klementi owe Rumi, ngajulira ebigambo bino agamba nti "Kale tuleme okumuita obuisi Mukama, kubanga ekyo tekiritulokola."

(*e*) Abasaja abo Bwakabaka abamazima era nabobulimba nga bwebafanana. Abazimbi abamagezi nabatali ba magezi nga bwebali, 24–27.

Lab. mu Luka 6. 47–49 naye ebigambo tebigendera wamu dala. Matayo Omutukuvu eyali owo ku Nyanja era eyalabanga emijuzi egyamangu yasinga okutegeza bulungi nga bwegyali.

24. *Buli muntu awulira*] era lab. Luka 26. Ebibina byombi ebyabantu biwulira. Byenkana mwekyo. Era nenyumba zombi zifanana kungulu. Naye olunaku olukulu olwokukemebwa lulaga enjawulo. Ekifananyi kino kiva kunsi eyensozi omuva emiga eminene, nga wagazi nyo olusi ngakitundu kya mailo, naye mu kyeya nga temuli ma'zi, wakalu era waterevu nga mulimu muse-nyu namainja. Kale atali wa magezi tumulaba ngazimba wano awaterevu naye mune owamagezi ngazimba ku mabali ku tale awatainza kutuka ama'zi. Mu nkuba ama'zi gaja namanyi ngaga-twala buli kintu kyegasanga. Tulaba amakulu agebigambo bino agomwoyo mu 1 Kor. 3. 10 neb.

29. *abawandisi*] Soferim=oba (1) "abo ababala"; kubanga Abawandisi babalanga buli kigambo era ne buli nukuta eyo mu Byawandikibwa; oba (2) "abo abali mu mirimu egyebitabo." Abawandisi basibuka ku Ezra eyaitibwa Omuwandisi. Abawandisi bengeri eyo bakoma mu mwaka 300 B.C. Aboluvanyuma mu biro bya Mukamawafe baitibwanga Tanaimu (=abaigiriza Amateka). Baitibwa "abamateka" (Sura 22. 35; Luka 5. 17; Bik. 5. 34) era "abamagezi," era "Abakade," era ne "Ba-Rabi." Omuwandisi yasokanga okuigirizibwa ngamaze emyaka etano. Bweyaba ngatuse emyaka ekumi nesatu nafuka "Omwana wa mateka." Bweyasi-mibwa nalyoka afuka Omuigirizwa. Ngamaze emyaka 30 naingi-

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

BWEYAVA ku lusozi, ebibīna bingi nebimugoberera. Kale, 8
laba, omugēnge nāmusemberera nāmusinza, nāgamba nti Mu- 2
kama (wānge), bwoyagala, oīnza oku'nongōsa. Nāgolola omu- 3
kono, nāmukwatako, ngagamba nti Njagala; longōka. Ama-
ngwāgo ebigēngebye nebirongōka. Yesu nāmugamba nti Laba 4
tobūlirako muntu; naye 'dayo werage eri kabona, omutwālire
ekitone Musa kyeyalagira, kibēre omujulirwa gyebali.
Bweyaingira mu Kapernaumu, omwāmi wekitōngole (Omu- 5

---

zibwa mu buigiriza ngawebwa ebipande ne kisumuluzo. Lab. ku Sura 16. 19.

Emirimugye tegyali gimu; yawandikanga amateka (kimugwanide okutusa dala obutasobya); yategezanga amakulu agamateka naye nga gweyaigirizibwa abakulu; yasalanga emisango egyavanga mu bika, era nawandikanga ebigambo ebyokulagana oba byakufumbiriganwa oba bya kugoba abakazi. Abawandisi batabaganiranga dala na Bafarisayo mu kuigiriza kwabwe nga baigiriza nga Amateka gainza okutegezebwa kumpisa, naye Abasadukayo banyuwerera dala ku nukuta eza Amateka ze nyini.

SURA 8. 1–4. OKULONGOSA OMUGENGE.

Ma'ko O. 1. 40–44; Luka O. 5 12. atutegeza nga yawonyezebwa mu "kibuga kimu."

2. *omugenge*] Luka O. agamba nti "eyali ajude ebigenge," kwe kugamba nti yali mulwade nyo, so si kugamba nga omubirigwe gwona gubunye kubanga eyali afuse bwatyo yategezebwa okuba mulongofu, (Lev. 13. 12, 13, 16, 17). Obulwade obwe bigenge kye kīfananyi kyekibi; okusoka kwebigenge tekulabika bulungi era abantu tebasayo mwoyo, bukwata abalala ngabakomye ku mulwade (abamu bagana ekigambo kino), era engeri eyebigenge eyasinganga obubi teyawonyezekanga wabula Kristo bweyakomako; era bwayawulanga omuntu mu bane nga bumufula nga omufu.

4. *ekitone Musa kyeyalagira*] "enyonyi biri enongofu enamu, nomuti omwerezi nolugoye olumyufu, nezobu." Era ku lunaku olwomunana "abana bendiga abalume babiri abataliko kamogo, nebitundu bisatu ebyekumi ebyobuta obulungi okuba ekiwebwayo ekyobuta, obutabudwamu amafuta, nekibya kimu ekyamafuta." (Lev. 14. 4, 10).

*kibere omujulirwa gyebali*] Oba (1) eri bakabona, oba (2) eri abantu abali bagoberera Yesu; naye kwe kulaga Kristo bweyaja okutukiriza amateka. Kristo yakutira omugenge obutabulirako muntu, ngaigiriza bwatyo bwatayagala bantu okukyusibwa olwebyamagerobye. Kristo abulira emyoyo gya bantu so si maso gabwe newakubade amatu gabwe. Teyakiriza kubuka okuva ku kitikiro kyeyekalu alyoke akirizise abantu.

5–13. OKUWONYA OMUDU WO MUTONGOLE.

Mu Luka 7. 1–10. ebigambo bino bidirira okubulira okwo ku lusozi. Omutongole yatuma abamu ku bakade aba Bayudaya eri Yesu, abamutegeza omutongole bwasanide okuberwa era bwayagala egwanga lyabwe, "nekung'aniro ye yalituzimbira." Luka O.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

6 rumi) na'ja gyali, nāmwegairira, ngagamba nti Mukama (wānge),
mulenzi wānge agalami'de mu nyumba akōzimbye, abonabona
7 kitalo. Nāmugamba nti Na'ja ne'muwonya. Omwāmi weki-
8 tōngole (Omurumi) na'damu nāgamba nti Mukama (wānge),
sisānira 'gwe okuingira wansi wakasolya kānge: naye yogera
9 kigambo bugambo, mulenzi wānge anāwona. Kubanga nānge
ndi muntu mutwālibwa, nga nina baserikale bentwāla: bwe-
ng'amba oyo nti Genda, agenda: nomulala nti 'Jāngu, a'ja;
10 nomu'du wānge nti Kola oti, bwakola. Naye Yesu bweyawulira,
neyewunya, nāgamba abāita naye nti Dala mbagamba nti Sina-
laba ku'kiriza kunene nga kuno, newakuba'de mu Israeli.
11 Nānge mbagamba nti Bangi abaliva ebuvanjuba nebugwanjuba,
abalitula awamu ne Ibrahimu, ne Isaka ne Yakobo, mu bwaka-
12 baka obwomu'gulu: naye abāna bobwakabaka baligoberwa mu
13 kizikiza ekyebwēru: yeriba okukāba nokuluma obujigi. Yesu
nāgamba omwāmi wekitōngole (Omurumi) nti Kale genda; nga
bwo'kiri'za, kibēre gyoli (bwekityo). Omulenzi nāwonera mu
kisēra ekyo.

---

taingiza bigambo ebyokugeragerauya Abayudaya na Bamawanga era nebigambo Abamawanga byebasubizibwa.

5. *Omwami wekitongole*] eyafuganga ekitongole oba "senturi" kye kibina ekirimu abantu ekikumi, kye kitundu ekyenkaga ($\frac{1}{60}$) ekya legioni mu gye lya Barumi. Omutongole ono yalinga ali mu gye lya Herode Antipa, eryandifugibwa mu ngeri emu nerya Barumi.

6. *akozimbye*] obulwade buno olusi tebubako bulumi naye ebinywa bwebibanga biregebwa obulumi buba bungi nyo. Luka O. tatutegeza engeri eyobulwade.

8. *Omwami wekitongole*] kwekugeragerauya okufuga kwomutongole nobuinza bwa Yesu. "Obanga nze atwalibwa ndagira abalala, okusinga gwe atatwalibwa mulala yena oinza okulagira. Obanga nze nyinza okutuma baserikale bange oba mudu wange bakole byembalagira, okusinga gwe oinza okusindika emyoyo egikuwereza okukola byolagira." Omutongole yalinga ategera Abayudaya byebakiriza ku bamalaika, bwebafugibwa era bwebalina emirimu okuwerezanga Katonda.

9. *nomudu*] Laba omutongole bwafuga—Baserikale be baja era bagenda, batambula bwabagamba. *Omuduwe* amulagira okukola. Tusokera wano okusoma ku Kristo okusisinkana no budu. Omwami nomudu bwebabera bwebatyo, obudu bugwawo mangu. Tewali kiragiro kya Kristo ekyadibya obudu, wabula Omwoyo gwa Kristo omutongole ono gweyali afunye.

11. *abalitula*] kwe kugalamira ku mbaga. Esanyu eryomu bwakabaka obwo mu gulu lifananyizibwa emirundi mingi kumbaga. (Luka 14. 15; 22. 29, 30; Kub. 19. 9.)

12. *Kizikiza ekyebweru*] kye kizikiza ekiri ebweru we nyumba omuli embaga.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Yesu bweyaingira mu nyumba ya Petro, nālaba nyina muka- 14
ziwe ngagalami'de alwa'de omusu'ja. Nāmukwata ku mukono, 15
omusu'ja negumuwonako; nāgolokoka, nāmuwereza. Obu'de 16
bwali buwunge'de, nebamuletera bangi abakwati'dwa basetani:
nāgoba basetani nekigambo nāwonya bona abāli balwa'de: eki- 17
gambo kitūkirire ekyayogerwa na'bi Isaya, ngagamba nti Ye
ye nyini yatwāla obunafu bwa'fe, neyetika endwa'de za'fe.
Awo Yesu bweyalaba ebibīna bingi nga bimwetōlo'de, nālagira 18
nti Tuwunguke (tugende) emitala weri. Omuwandisi omu na'ja, 19
nāmugamba nti Omuigiriza, nāitānga nāwe buli gyonogendānga
yona. Yesu nāmugamba nti Ebibe birina obunya, nenyonyi 20
ezomu'bānga (zirina) ebisu; naye Omwāna womuntu talina wa'sā 21

---

14–17. OKUWONYA NYINA MUKAZI WA PETRO.

Ma'ko 1. 29–31; Luka 4. 38–39.

14. *nyumba ya Petro*] Mu Yok. 1. 44. tuige Bethsaida bwekyali ekyalo omwasulanga Andreya ne Simoni Petro. Kyetuva tutegera obanga (1) bali bajulukuse okuja e Kapernaumu obanga (2) Bethsaida gwali mwalo gwa Kapernaumu.

15. *omusuja negumuwonako*] Ye okuwonyezebwa bwatyo dala amangwago kyetuva tutegera bwekyali ekyamagero.

16. *nekigambo*] si ngabakwatako ngabweyakola ngawonya abebigenge oba abomusuja.

17. Isaya 53. 4.

18–22. EBIBAGWANIDE ABAIGIRIZWA.

Luka O. atutegeza ku bantu abasatu era ate agamba nti byabawo mu Samariya.

Tulaba Kristo bwagamba abantu abengeri ezitali zimu.

Omu eyawomerwa ebisubizibwa mu Njiri era ngalina nobunyikivu bungi Kristo yategeza obulamu obwo Bukristayo bwebulimu ebikalubirira; omulala eyaja nga tamaliride kweweraye dala yategezebwa bwekimugwanide okulekera dala byona.

19. Tetutegezebwa obanga omuwandisi ono, bweyategezebwa bwatyo bwaliraba enaku nokufirwa, yatisibwa nga omwami omuvubuka (sura 19. 16), obanga yanyikira nga abana ba Zebedayo (sura 20. 22).

20. *Omwana womuntu*] Tusoka okusanga erinya lino nga lyogera ku Kristo mu (Dan. 7. 13). "Nendaba mwebyo byenayolesebwa ekiro, era, laba, newaja omu eyafanana ngomwana womuntu nebire ebyomugulu, najira dala eri omukade eyakamala enaku nyingi, nebamusembeza mu masoge." Abayudaya kyebandivude bategera bweryogera ku Kristo—Kabaka ayogerwako era mu lunyiriri oludirira (Dan. 6. 14).

Erinya lino lifananänga na bino nti—"abana bomusana," "omwana wokubula," "omwana wemirembe," neb. Mwebyo byona ebigambo ebiyungibwako bitegeza "omwana" oba "abana" webafanana.

Abana bomusana abo abamulisibwa mu mwoyo,—abana bamagezi—abamagezi.



Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

mutwegwe. Omuigirizwawe omulala nāmugamba nti Mukama
22 (wānge), soka ondeke ng'ende nzīke kitānge. Naye Yesu nāmu-
gamba nti Ita nānge; leka abafu bazīke abafu bābwe.
23 Nāsābala, abaigirizwa nebagenda naye. Omuyaga mungi
24 negu'ja mu nyanja, amayengo negayika mu lyāto: naye yali
25 yebase. Neba'ja gyāli nebamuzukusa, nga bagamba nti Muka-
26 ma (wa'fe), lokola; tufa. Nābagamba nti Kiki ekibatīsa, aba-
lina oku'kiriza okutono? Nālyoka agolokoka, nākoma ku
27 mpewo nenyanja; netēka nyo. Abantu nebewunya, nga baga-
mba nti Muntu ki ono, empewo nenyanja okumuwulira?

---

Kale no Mwana womuntu ye wuyo eyali omuntu dala, eyetwalira obuntu bwafe era ali kulwabantu mu maso ga Katonda, ngalaga bwekiinzika obuntu bwafe bwebutukuzibwa okukirizibwa era bwekiinzika okutabagana ne Katonda.

Erinya lino "Omwana womuntu" newakubade nga Mukamawafe yalyetuma emirundi mingi tewali eyamuita bwatyo wabula Stefano (Bik. 7. 56). "Laba ntunulide egulu ngalibikuse no Mwana womuntu ngaimiride ku mukono ogwadyo ogwa Katonda." Tulisanga ate mu Kubikulirwa okwa Yohana O. nga lijulira ebigambo bya Danieli (Kub. 1. 13, 14. 14).

22. *leka abafu bazike abafu babwe*] Okusoka wano "abafu" babo abali ebweru wobwakabaka, abafu eri obulamu obwamazima. Mpo'zi muganda oba baganda bomuigirizwa oyo yali aganyi Kristo kale "baleke abo bazike kitabwe." Era ate tuinza okulowoza bwetuti nti—Abo abafa mu Kristo era abafa eri ensi bazike abafu babwe—kwe kwegomba kwabwe kwona nokuyayana kwabwe, byona byona ebibagata nebyeda. Luka O. oluvanyuma lwebigambo bino nti "leka abafu bazike abafu babwe" ayongera bwati nti "naye gwe genda obulire obwakabaka bwa Katonda." Wano mpo'zi tutegezebwa okusinga awalala wona bwekibagwanide abagoberera Kristo okwerekereza dala. Wano omuigirizwa akutirwa okuleka, kulwa Kristo, okukola ekyo ekisanira omwana okukolera kitawe okumuzika. Mu Luka 9. 62. era tutegezebwa bwekitugwanira okuwereza Kristo obutadirira, mu bigambo bino nti "Tewali muntu akwata ekyuma ekirima."

23–27. EMBUYAGA KU NYANJA.

Ma'ko 4. 35–41; Luka 8. 22–25.

Ma'ko O. atutegeza nabino nti "bwebwali buwungude—namato amalala gali naye—omuyaga mungi—amayengo negayika mu lyato—Ye ye nyini yali yebase mu kiwenda ku kigugu."

26. *okukiriza*] okwesiga.

27. *abantu*] abaigirizwa nabavubi abalala abali ku Nyanja, laba ebyo mu Ma'ko.

28–34. ABALIKO BASETANI MUNSI YA BAGADARENI.

Ma'ko 5. 1–20; Luko O. 8. 26–39.

Ma'ko O. ne Luka O. bogera ku muntu omu yeka. Ma'ko O. awandika ebigambo bingi nyo okusinga abalala. Mathayo O. taleta kigambo ekitegeza bwebalemwa okumusiba nenjegere era

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Naye bweyatūka emitala weri munsi ya Bagadareni, nebamusi- 28
sinkana abantu babiri abāliko basetani, nga bava mu ntāna,
bakāmbwe nyo, nga tewali na muntu aīnza okuita mu 'kubo 29
eryo. Laba, nebogerera wa'gulu nebagamba nti Tuvunāna ki
'fe nāwe, Omwāna wa Katonda? o'ze wano kutubonyabonya 30
ngentūko za'fe tezinaba (kutūka)? Wāliwo walako newebāli 31
ekisibo kyembi'zi nyingi nga zirya. Basetani nebamwegairira
nebagamba nti Bwonotugoba, tusindike mu kisibo kyembi'zi. 32
Nābagamba nti Mugende. Nebavako, nebagenda mu mbi'zi:
kale, laba, ekisibo kyona nekifubutuka nekiserengetera ku 33
'bānga mu nyanja, nezifira mu ma'zi. Nabāli bazirūnda neba-
'duka, nebagenda mu kibuga, nebababūlira byona, nebigambo 34
byababa'deko basetani. Laba, ekyālo kyona neki'ja okusisin-
kana ne Yesu: bwebāmulaba, nebamwegairira okuva mu nsalo
zābwe.

---

bweyali nga tayambala, era bweyakabanga emisana nekiro era ne linya bweryali Legioni, era basetani bwebasaba obutasindikibwa mu " bunya " (Luka), era omu kwabo abaliko basetani bweyamwegairira Yesu aberenga naye era ne Yesu bweyamukutira okubulira mikwanogye ebigambo bwebiri ebikulu Mukama byamukolede.

28. *ya Bagadareni*] Gerasa—Gadara—Gergesa.

Gerasa ne Gergesa lye ezinya limu. Gadara kyali walako ne nyanja ku lui lwa Southi. Naye kyali kibuga kikulu mu Perea nga kisinga kiri obukulu; Gerasa kyalinga kifugibwa kyo. Gerasa kakano kiitibwa " Khersa " okumpi nga " waliwo amainja ezirimu empuku zebandiinzi'za okufula entana;—era nga waliwo embizi gyezandiinzi'za okulira " era nga waliwo ebānga erikirira ku Nyanja era nga bwetusoma wano. (Laba ekifananyi kyensi.)

*ntana*] ezasimibwanga mu nsozi zafuka ebisulo bya bantu abaliko basetani.

29. *Tuvunana ki fe nawe*] Si kugamba nti Tusa kimu mu bigambo ki fe nawe? wabula kugamba nti Waliwo ensonga ki eyokulwana fe nawe?

Tusanga ebigambo bino mu (2 Byom. 35. 21).

32. *'bānga*] ku Gerasa, awamanyibwa Mathayo nabasomi abe njiriye.

33. *Nabali bazirunda*] Tetutegezebwa obanga bali Bayudaya oba Bamawanga singa bali Bayudaya bandibade nga basobya ku Mateka gabwe.

(1) Mu bigambo bino tulaba omuntu bweyakyuka okuleka ebyeda nokufuka omugya.

(2) Era tulaba ekibi bwekigatibwa nobulwade. Obulwade obwe dalu businga okuzalibwa mu mpisa embi; omuntu bwaleka obubi nalyoka awona mu mubiri ne mu mwoyo.

(3) Embi'zi okuzikirizibwa si kigambo kizibu. Katonda oyo akiriza, mu kutesakwe okutalabika, abantu okufa abangi enkumi nenkumi mu ntalo oba mu kawumpuli, wano olwokuzikirizibwa okwembi'zi aigiriza ekigambo abensi kyebaterabira.

34. *okuva*] Bali batya ekisinga obubi kireme okubabako.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

9 NĀSĀBALA, nāwunguka, nātūka mu kibuga kyewābwe. Awo
2 nebamuletera omulwa'de akōzimbye, ngagalamizibwa ku ki-
tānda: naye Yesu bweyalaba oku'kiriza kwābwe, nāgamba
oyo akōzimbye nti Mwāna wānge, guma omwoyo, ebibibyo
3 biku'gyidwako. Kale, laba, abawandisi abalala nebogera
4 mu myoyo nti Ono avōla Katonda. Naye Yesu bweyamanya
ebirowōzo byābwe, nāgamba nti Kiki ekibalowōzesa obubi
5 mu mitima gya'mwe? Kubanga ekyāngu kiruwa okugamba
nti Ebibibyo biku'gyi'dwako, oba okugamba nti Golokoka
6 otambule? Naye mutegēre nga Omwāna womuntu alina obuī-
nza kunsi oku'gyako ebibi [nāgamba oyo akōzimbye nti] Imirira
7 ositule ekitāndakyo, o'deyo mu nyumbayo. Nāgolokoka, nā-
8 genda ewuwe. Naye ebibīna bwebyalaba nebitya, nebigulumiza
Katonda, eyawa abantu obuīnza obwenkani'de awo.
9 Yesu bweyavayo nālaba omuntu, aitibwa Mathayo, ngatu'de

---

SURA 9. 1–8. OMUNTU EYALWALA OKUKOZIMBA OKUWONYEZEBWA.
Ma'ko O. 2. 1–12; Luka 5. 18–26.

Ma'ko O. ne Luka O. bombi batutegeza abantu bwebaja abangi enyo okuwulira Yesu, era omulwade bweyatusibwa mu maso ga Yesu.

1. *kibuga kyewabwe*] Kapernaumu.

2. *akozimbye*] so si "abonabona kitalo," (lab. 8. 6) obulwadebwe nga tebwenkana bwoli.

*ngalamizibwa*] laba ku 8. 6.

*okukiriza kwabwe*] kwabo abamuleta era no kukwe. Lab. Ma'ko 9. 23, 24.

*ebibibyo bikugyidwako*] Kristo ategeza obulwade buno bwebwava mu kukola obubi. Obulwade bwo kukozimba businga okuva mu kuisa obubi.

2–6. Yesu bweyagamba nti Ebibibyo bikugyidwako, omuntu teyagolokoka mangwago (lab lu. 7). Abawandisi nebalowoza amangu nga bakina nti Omusaja ono avola, kwe kugamba nti yetekako obuinza bwa Katonda bwatalina. Bayogera mu mitima gyabwe nti Kyangu okugamba nti Ebibibyo bikugyidwako, kale ayogere nti Golokoka otambule, tulyoke tulabe obuvozibwe. Yesu nalyoka abadamu kyebalowoze'za. Agamba nti Kisinga kitya obwangu okwogera nti Ebibibyo bikugyidwako okusinga okwogera nti Golokoka otambule? Wewawo tekyasinga bwangu okwogera nti Ebibibyo bikugyidwako okubyogera nobuinza nga Kristo bweyabyogera, kubanga bwayogera bwatyo ayogede ebyokuwonya omwoyo era nomubiri; naye okutegeza Abawandisi bwalina obuinza, kyava ayongera okwogera nti Golokoka otambule; balyoke bategere nga okusonyibwa munda kuvude mu bigambo ebyasoka era nga okuwonyezebwa okwomubiri bwekwabawo omulwade bweyalagirwa okugolokoka nokutambula.

6. *ositule ekitandakyo*] gwe mukeka bukeka gwebayayaliranga wansi nebalyoka baguzinga enkya.

9. MATHAYO O. OKUITIBWA.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

mu gwōlezo: nāmugamba nti Ita nāngc. Nāgolokoka, nāita
naye.
Awo olwātūka bweyali ngatu'de munju ngalya, laba, newa'ja 10
abawōza bangi, nabantu ababi bangi, nebatūla wamu ne Yesu
nabaigirizwabe. Abafarisayo bwebālaba, nebagamba abaigiri- 11
zwabe nti Omuigiriza wa'mwe kiki ekimulīsa nabawōza nabantu
ababi? Naye bweyawulira, nāgamba nti Abalamu tebetāga 12
musawo, wabula abalwa'de. Naye mugende muige amakulu
gekigambo (kino) nti Njagala kisa, 'sō si sadaka: kubanga 13
sa'ja kuita abatūkirivu, wabula abantu ababi.
Newalyoka wa'ja wāli abaigirizwa ba Yohana nebagamba nti 14

---

Ma'ko 2. 14; Luka 5. 27, 28.

Ma'ko O. awandika nti "Levi omwana wa Alfayo," Luka O. nti "omuwoza erinyalye Levi." Mathayo ne Levi okubera omu kye kigambo ekitaliko kubusabusa. Ebyokuitibwa nga bwetutegezebwa Abasunoptiki bigendera dala awamu. No Muyudaya okuba namanya abiri kye kigambo ekisangibwa emirundi emingi. Erinya lya Mathayo, "Ekirabo kya Katonda" alinga yalyetuma ngamaze okugoberera Kristo.

*gwolezo*] Laba mu "Bisokerwako" okutegera ebyokuitibwa kwa Mathayo O.

10–13. EMBAGA MU NYUMBA EYO MUWANDISI WE NJIRI.

Ma'ko 2. 15–17; Luka 5. 29–32.

10. *munju*] Luka agamba nti "Levi namufumbira embaga nene mu nyumbaye" Kwetutegerera nti Embaga yali mu nyumba ya Levi.

11. *Abafarisayo*] bwebalaba Abafarisayo bano tebali bagenyi kumbaga naye bali baingide mu nju, nga mpisa bweri ne kakano e Buvanjuba. Waliwo Omutambuze eyawandika ngali e Damieta bwati nti Mu kisenge mwetwayanirizibwa mwalimu ekitanda kyetwatulako era ate entebe nyingi okwetolola ebisenge. Abantu bangi nebaingira nebatula kuntebe ezo ku bali nga tebaitibwa era naye nga tebakomwako. Bayogera nabo abatude ku meza ku mirimu gyabwe era nebanyumya nabo era noyo atuise nayogeranga nabo. Oluvanyuma twalaba mpisa eno ne mu Yerusalemi, abantu nga baingira kinomu kinomu nga batula ku bali era nga banyumya nabo ku meza.

12. *Abalamu tebetaga neb*] ebigambo bino bya kukina. "Abalamu" babo abeita abalamu. Era ne wano "abatukirivu" babo abāba abatukirivu mu maso gabwe bo.

13. *njagala kisa*] Njagala ekisa okukira sadaka (Hos. 6. 6). Nabi ngabogolera bananfusi. Bifanana ne Mukamawafe kyeyalagira mu su. 5. 23, 24. Sadaka awatali kisa si sadaka ekirizika. Okubagala ababi kutukiriza amateka okusinga okubewala. Laba era ku su. 7. 7, Mukamawafe ngajulira ate ebigambo bino.

14–17. EBYOKUSIBA.

Ma'ko 2. 18–22; Luka 5. 33–39.

Tetutegezebwa bulungi oba bino byayogerwa Kristo ngali ku mbaga eya Levi: naye bwetusoma mu Luka tulowoza bwetutyo.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Kiki ekitusībya 'fe na Bafarisayo emirūndi emingi, naye abai-
15 girizwabo tebasība? Yesu nābagamba nti Abāna abomumbaga
eyobugole bainza batya okunakuwala awasi'za omugole ngakyali
nabo? naye enaku zigenda oku'ja awasi'za omugole lwaliba'gyi-
16 bwako, nebalyoka basība. Tewali muntu atunga ekiwero ekigya
mu kyambalo ekika'de; kubanga ekyo ekitungibwamu kiyuza
17 ekyambalo, nekituli kyeyongera okugaziwa. 'Sō tebafuka mwe-
nge musu mu nsawo eza maliba enka'de; kubanga bwebako!a
bwebatyo, ensawo eza maliba ziyulika, nomwenge guyika,
nensawo eza maliba zifafāgana: naye bafuka omwenge omusu
mu nsawo eza maliba empya, byōmbi birama.

---

15. *Abana abomumbaga eyobugole*] Laba ku lu. 6 bali mikwano gyoyo awasa omugole abagenda okukima omugole mu nyumba ya kitawe (lab. ku su. 25. 1). Baita mu ngudo, ngabambade ebyo buyonjo, era nga bafuwa endere nebirala era nga bakuba emizira olwesanyu, era nga balina emimuli ne tabaza. Era nomugole naye yawerekerwanga bwatyo okutusa mu nyumba mwaja kubera era gyebagenda okulira embaga eyobugole.

— *awasi'za omugole*] Abayudaya baitanga ekanisa nti Omugole. Kristo wano yegeza kwoyo "awasa omugole" mu kanisa eya Bakristayo.

*lwalibagyibwako*] Kristo asokera wano okwogera ku kufa kwe.

*nebalyoka basība*] Tutegezebwa nti Abayudaya bangi bekumanga ebisībo bingi ebitalagirwa naye bwebabanga baitidwa ku mbaga eyobugole basonyibwanga okusība.

Yesu wano asoka okudamu ekigambo kino ekyokusiba nti Abaigirizwa bange baja okulaba enaku olwokunakuwala, okusība nekulyoka kubera kwansonga naye kakano nga bwendi nabo tebainza kunakuwala. Mulabe wano okunakuwala nokusība bwebibalirwa awamu. Bibera bwebityo eri abamazima dala boka. Nebigambo bya Kristo bituka ku Bakristayo. Tufuna ebiro ebyokuśanyuka netutegera Kristo bwali nafe nga tetuinza kusiba naye bwetubanga tugude mu naku Kristo afanana okusemberako wala netulyoka tulaba nga okusiba kufuka kwansonga.

16. *Tewali muntu*] Mu Luka (5. 36) tusoma bwetuti nti Era nabagerera olugero nti Tewali muntu neb.—ngayongera okubategeza ebigambo ebyengulu. Yesu yaigiriza abaigirizwa ba Yohana bwati nti Temunategera kuigiriza kwange nga bwekufanana. Bwenjiriza sigezako kulongosa bulongosa okuigiriza kwa Bayuduya oba okwa Bafarisayo. Njigiriza ebigambo bigya dala ebyobulamu nebigambo bino ebyokusība biri wala.

*ekigya*] ekyambalo ekikade ye dini ya Bayudaya. Obukristayo si bwa kutekebwako butekebwa ku Kiyudaya okukisa bwetatuka.

17. *mwenge musu mu nsawo eza maliba enkade*] Ensawo eza maliba agendiga oba agembuzi ge macupa age Buvanjuba. Amaliba amakade gandyabise negalyoka gatonya. Ebigambo bino byeyongera okutegeza ebyo mu lunyiriri 16 era ate omwenge omusu ge

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Bweyali ngakyabagamba ebigambo ebyo, newa'ja omwāmi 18
omu, nāmusinza, nāgamba nti Muwala wānge kakano afu'de:
naye 'jāngu omutekeko omukono, anālamuka. Yesu nāgolokoka 19
nāmugoberera, nabaigirizwabe. Awo omukazi eyali alwāli'de 20
ekikulukuto kyomusai emyāka kumi nebiri, na'ja enyumawe,
nākoma ku lukugiro lwekyambalokye: kubanga yayogera mu 21
mwoyogwe nti Bwenākoma obukomi ku kyambalokye nāwona.
Naye Yesu bweyakyūka nāmulaba, nāgamba nti Mwāna wānge, 22
guma omwoyo; oku'kirizakwo kukuwonye'za. Omukazi nāwona
okuva mu kisēra ekyo. Yesu bweyatūka munju yomwāmi oyo, 23

---

mateka amagya, edembe lya Bukristayo. Ensawo ezamaliba amagya babo abainza okusobola amateka amagya. Omwenge omukulu ye Kiyudaya era amaliba amakade babo abakulira mu Kiyudaya abatasobola mateka amagya ngabagamba nti Omukulu gwe mulungi (Luka 5. 39).

Kale Mukamawafe yadamu ngayogera kunsonga satu, (1) ku kusība, (2) Ku Bukristayo ne Kiyudaya bwebitatabagana, (3) ku bantu abakulira mu Kiyudaya.

(1) Ekisera kino kya sanyu, okusība nga tekusana kubanga kutegeza enaku.

(2) Obukristayo si kye kitundu kye Kiyudaya so tebusalirwa musango amateka age Kiyudaya.

(3) Buli muntu tainza kukiriza amateka amagya agomwoyo. Omwenge omusu ogwe Bukristayo gwetaga okufukibwa mu nsawo eza maliba amagya.

18–26. OMUWALA WA YAIRO, 18, 19 NE 23–26.

Ma'ko 5. 22–24 ne 32–43; Luka 8. 41, 42 ne 49–56.

Omukazi okuwonyezebwa ekikulukuto ekyomusai, 20–22. Ma'ko 5. 25–34; Luka 8. 43–48.

Mu Ma'ko O. ne mu Luka O. tutegezebwa bino nti—Yali amaze okuwayo ebibye byona eri abasawo—Yesu yategera nga amānyi gamuvudemu—Omukazi yategeza amazima gona mu maso gekibina.

18. *omwami omu*] Mu Ma'ko ne mu Luka tutegezebwa bweyali omukulu we sunagogi era erinyalye nga ye Yairo.

*Muwala wange*] "Omuwala wange omuto" (Ma'ko); "yalina muwalawe eyazalibwa omu nga yakamala emyaka kumi nebiri" (Luka).

*kakano afude*] "Ali kumpi nokufa" (Ma'ko); "yali ngagenda kufa" (Luka).

20. *lukugiro lwekyambalokye*] lab. su. 14. 36 ne 23, 5.

22. *okukirizakwo kukuwonye'za*] Okukirizakwo okwomunda so si kukona ku kyambalo kyange. Kristo yetesetese okuwonya okukiriza okwa mazima okwomunda nga wekuli newakubade nga obutamanya webuli.

23. Ma'ko O. ne Luka O. batutegeza abadu bwebatumira Yairo nga bakyali mu kubo, era nomuwalawe bweyali ngamaze okufa era batutegeza amanya aga baigirizwa abasatu Yesu beyakiriza okuingira mu nyumba awamu naye.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nālaba abafūwa endere, nekibīna nga bakuba ebiwōbe, nāgamba
24 nti Muvewo: kubanga omuwala tafu'de, yebase bwebasi.
25 Nebamusekerera nyo. Ekibīna bwekyamala okugobebwawo,
nāingira, nāmukwata ku mukono; omuwala nāgolokoka.
26 Ebigambo ebyo nebibuna munsi eri yona.
27 Naye Yesu bweyavayo, abazibe bamaso babiri nebamugo-
berera, nga bogerera wa'gulu nga bagamba nti Tusāsire, 'gwe
28 omwāna wa Daudi. Bweyatūka munju, abazibe bamaso neba'ja
gyali: Yesu nābagamba nti Mu'kiri'za nga nyīnza okukola
29 kino? nebamugamba nti Wewawo, Mukama (wa'fe). Nālyoka
akoma ku maso gābwe ngagamba nti Nga bwemu'kiri'za
30 kibēre gyemuli (bwekityo). Amaso gābwe negazibuka. Yesu
31 nābakūtira ngagamba nti Mulabe tewaba muntu amanya. Naye
nebafuluma, nebabunya ebigambobye munsi eri yona.
32 Awo bwebāli bafuluma nebamuletera kasiru, ngaliko setani.
33 Nāgoba setani, kasiru nāyogera; ebibīna nebyewunya, nebiga-
mba nti E'da ne'da tewalabikānga bwekiti mu Israeli. Naye
34 Abafarisayo nebagamba nti Agoba basetani kubwa mukulu wa
basetani.
35 Yesu nāitaita mu bibuga byona, nembuga zona, ngaigiriza
mu makung'aniro gābwe, ngabūlira enjiri eyobwakabaka, nga-

---

*abafuwa endere, nekibina nga bakuba ebiwobe*] Mathayo Omutukuvu yeka ayogera ku bafuwa endere wano. Lab. 2 Byom. 35. 25, " nabasaja bona abaimbi nabakazi abaimbi nebogera ku Yosiya mu kukungubaga kwabwe ne lero bwekuli." Era ne kakano abakazi bayo bakolanga bwebatyo.

24. *tafude, yebase bwebasi*] Abasunoptiki bonsatule baleta ebigambo bino; ebigambo bino mpo'zi bitutegeza dala bweyali nga tanafa wabula okwebaka otulo.

27–31. ABAZIBE BAMASO ABABIRI OKUWONYEZEBWA.

Birabika mu Mathayo O. yoka. Tutegezebwa nga abazibe ba maso bwebali abangi enyo e Buvanjuba okusinga e Bugwanjuba. Enfufu nomusenyu nga bitwalibwa embuyaga biingira mu maso nga birwaza era nokwebakanga ebweru amaso ngagatonyezebwako omusulo buli kiro yensonga endala erwaza.

27. *omwana wa Daudi*] lab. ku su. 1. 1. Balowoza ku bwakabaka obwomugulu nga basubira okufugibwa Omwana wa Daudi naye abangi ku Bayudaya bwebalaba ekitibwa ekya Bamakabayo era bwebalaba Baherode nga banywede mu kufuga balinga berabira okusubira okwo. Okunywerera ku kusubira okwo kwategeza okukiriza.

32–34. KASIRU OKUWONYEZEBWA.

Luka O. 11. 14, 15.

34. *Agoba basetani kulwomukulu wa basetani*] Ebyokudamu mu kigambo kino tubiraba mu su. 12. 25–30.

35–38. OKUBULIRA KWA YESU. EBYOKUKUNGULA.

35. Lab. su. 4. 23. Endwade zona eziwonyezeka era nezitawonyezeka

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

wonya endwa'de zona nobunafu bwona. Naye bweyalaba 36
ebibīna, nābisāsira, kubanga bāli bakōye nyo nga basāsānye,
ngendiga ezitalina musūmba. Nālyoka agamba abaigirizwabe 37
nti Ebyokukūngula bye bingi, naye abakozi be batono. Kale 38
musabe Omwāmi webyokukūngula, asindike abakozi mu byoku-
kūngulabye. Nāita abaigirizwabe ekumi nababiri, nābawa 10
obuīnza ku basetani ababi, okubagobānga, nokuwonyānga
endwa'de zona nobunafu bwona.
Naye abatume ekumi nababiri, amanya gābwe ge gano ; 2

---

37. *Ebyokukungulu bye bingi*] Tusanga ebigambo bino abo ensanvu bwebatumibwa mu Luka 10. 2, era era lab. Yohana 4. 35, "Muimuse amaso mulabe enimiro nga zimaze okutukula okukungulibwa."

SURA 10. EKUMI NABABIRI OKUTUMIBWA 1–4, ERA YESU BYEYABAKUTIRA, 5–42.

Ma'ko 3. 14–19, ne 6. 7–13. Luka 6. 12–16 ; 9. 1–6.

1. *abaigirizwabe ekumi nababiri*] ebitundu bino ebisoka mu Ma'ko O. ne mu Luka O. bitutegeza abo ekumi nababiri bwebalondebwa, esura eno ne Ma'ko 6. ne Luka 9. bitutegeza bwebatumibwa okubulira. Naye mpo'zi Yesu yabatumanga ne mirundi emirala.

*endwade-nobunafu*] lab. ku. 4. 23 ; ne 9. 35.

2. *abatume*] Tetusoma kigambo kino awalala mu Njiri zona. Mu Luyonani ekigambo—"abatumibwa," "ababaka," lye linya abo lyebatumibwa abatumibwanga abafuzi okuva mu kibuga okugenda okukola emirimu munsi endala, okusinga eryabo abatumibwanga okusoloza omusolo ogwe Yekalu. Ekumi nababiri baitibwa Abatume so si bo boka. Mathiya yalondebwa okubalibwa ku mwendo ogwe kumi nababiri, Paulo yaitibwa "okuba Omutume," Yakobo muganda wa Mukamawafe ne Barnaba era baitibwanga bwebatyo. Era laba mu Bar. 16. 7. Era ne Yesu Kristo aitibwa ku linya lino, Beb. 3. 1. "Omutume era Kabona Asinga Obukulu (owe) dini gwetwatula, Yesu." Eyaja okukola oyo eyamutuma Byeyayagala.

Tutegezebwa emirundi ena amanya ga Batume, mu Njiri zonsatule eza Basunoptiki era ne mu Bikolwa bya Batume. Naye bona tebaliranya mungeri emu. Kale mulabe wansi.

| Matt. 10. 3. | Ma'ko. 3. 16. | Luka 6. 14. | Bik. 1. 13. |
| --- | --- | --- | --- |
| 1. Simoni Petro | Simoni Petro | Simoni Petro | Petro |
| 2. Andreya | Yakobo omwana wa Zebedayo | Andreya | Yakobo |
| 3. Yakobo omwana wa Zebedayo | Yohana muganda wa Yakobo | Yakobo | Yohana |
| 4. Yohana mugandawe | Andreya | Yohana | Andreya |

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

eyasoka ye Simoni, aitibwa Petro, ne Andreya mugandawe;
Yakobo (omwāna) wa Zebedayo, ne Yohana mugandawe; Filipo,
3 ne Batholomayo; Thomasi, ne Mathayo omuwōza; Yakobo

---

| Matt. 10. 3. | Ma'ko. 3 16. | Luka 6. 14. | Bik. 1. 13. |
|---|---|---|---|
| 5. Filipo | Filipo | Filipo | Filipo |
| 6. Batholomayo | Batholomayo | Batholomayo | Thomasi |
| 7. Thomasi | Mathayo | Mathayo | Batholomayo |
| 8. Mathayo omuwoza | Thomasi | Thomasi | Mathayo |
| — | — | — | — |
| 9. Yakobo omwana wa Alfayo | Yakobo omwana wa Alfayo | Yakobo omwana wa Alfayo | Yakobo omwana wa Alfayo |
| 10. Thadayo | Thadayo | Simoni Zerote | Simoni Zerote |
| 11. Simoni Omukananayo | Simoni Omukananayo | Yuda muganda wa Yakobo | Yuda omwana wa Yakobo |
| 12. Yuda Iskaryoti | Yuda Iskaryoti | Yuda Iskaryoti | |

Bwetubanga tukebera embu zino tuja kulaba amanya bwegayawulibwa mu bitundu bisatu, buli kitundu nga kirimu amanya ana agatajulukuka mu bitundu byazo mu mbu zona. Naye mu bitundu amanya tegaliranyizibwa wamu. Naye Simoni Petro asoka mu zona era Yuda Iskaryoti akomererayo. Era ne Filipo asoka mu kitundu ekyokubiri mu mbu zona, ne Yakobo omwana wa Alfayo asokera mu kitundu ekyokusatu.

*Andreya*] lye linya lya Bayonani: lab. Yoh. 12. 21–22. Abayonani bwebaja mu Yekalu okugamba Filipo, "Filipo naja nabulira Andreya; Andreya naja, ne Filipo, nebabulira Yesu." Kwetutebererereza nga yalina eng'anda ze ezimu Abayonani, so si linya bunya.

3. *Filipo*] era lye linya lya Bayonani, bangi nga balyetuma kubanga bakabaka Abamakedoni basibukira mu Filipo kitawe wa Aleksanda Omukulu.

*Thadayo*] (mu MSS. ebirala tusoma "Lebayo aitibwa Thadayo"), ne.

4. *Yuda*] (omwana) wa Yakobo ge manya gomuntu omu. Ye mwana wa Yakobo oba Jemusi so si muganda we nga bwetusoma awalala.

Tuleme okutabula Yuda ono ne Yuda "muganda" wa Mukamawafe; era ne Yakobo omwana wa Alfayo tuleme okumutabula ne Yakobo muganda wa Mukamawafe. "Baganda ba Mukamawafe," tebamukiriza era kyebavude tebandiinzi'za kubera mu Batumebe. Yakobo ne Yuda ge manya bangi gebetumanga era namanya tebalina mangi mu kisera ekyo.

Kale tusanga abantu bana abaitibwa Yakobo:—(1) omwana wa Zebedayo, (2) omwana wa Alfayo, (3) kitawe wa Yuda, (4) "omuto" muganda wa Mukamawafe: era abaitibwa Yuda basatu. (1) muganda wa Mukamawafe, (2) omutume, omwana wa Yakobo,

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

(omwāna) wa Alfayo, ne Thadayo; Simoni Omukananayo ne 4
Yuda Iskalyoti, ye yamulyamu olukwe. Yesu nābatuma abo 5
ekumi nababiri nābabūlirira, ngagamba nti
Temugendānga mu makubo gabamawānga, 'sō temuingirānga

---

(3) Iskaryoti. Mathayo oba Levi era yali mwana womuntu eyaitibwa Alfayo, naye tewali kitutegeza obanga ye woluganda ne Yakobo omwana wa Alfayo. Batholomayo omwana wa Tolomayo alingi ye omu ne Nathanaeli—(1) Yohana O. ayogera ku Nathanaeli emirundi ebiri tayogera ku Batholomayo, (2) Abasunoptiki bonsatule bayogerako ku Batholomayo naye tebayogerako ku Nathanaeli, (3) Tusanga Filipo ne Nathanaeli awamu na baigirizwa abalala omukaga nga ye munabwe mbu era bona nga bali mu muwendo ogwe Kumi na babiri.

4. *Simoni Omukananayo*] oba Zelote, (kye kimu) Abazelote banywerera dala ku Torati ya Musa; nga tebakiriza kabaka omulala wazira Katonda yeka. Bajema mu kisera ekyokuwandikibwa, omukulu wabwe nga ye Yuda Omugoloni.

*Iskaryoti*] Omuntu we Karyoti, ekyo mu kika kya Yuda; kale ye yeka ku Batume teyali Mugalilaya.

Kristo okulonda abaigirizwa tulaba bweyawewa ngagyamu ng'ano mu bisusunku. Mu bantu bano obulamu obugya bwali bulabise. Okukiriza kwabwe kwali kunene ngakumala okubaisa mu naku zebalaba awamu ne Mukama wabwe.

5–42. KRISTO BYEYAKUTIRA ABATUME.

Embulira eno evamu ebitundu bibiri; kwebyo ekisoka (nyi. 5–15) kyogera ku bya kakano, ekyokubiri ku kanisa egenda okubawo. Mu kitundu ekyoluberyeberye tulabamu obutundu buno:—(1) Ekifo kyabwe ekyokukoleramu (5–6); (2) Ebigambo byabwe nebikolwa byabwe (7–8); (3) Okutekebwatekebwa kwabwe (9–10); (4) Ebyokukola nga basemberera ebibuga oba nyumba (11–15.)

5. *Temugendanga mu makubo gabamawanga*] kubigambo bino—"makubo ga bamawenga" laba "Ekubo lye nyanja" su. 4. 15.

Abo Ensanvu tebaziizibwa bwebatyo (Luka O. x. 1–16), bakutirwa okutwala Enjiri ku bibuga ne bifo Mukamawafe byeyali agenda okutukamu.

*Bibuga bya Basamariya*] Abasamariya bali bagenyi aba'zukulu babantu kabaka owe Bwasuli (Sagoni) beyaingiza mu kifo kya Baisraeli abatwalibwa obudu (2 Basek. 17. 24). Mu Luka 17. 18. Mukamawafe amuita Omusamariya nti Omugenyi ono, kwe kugamba omuntu owegwanga egenyi. Abayudaya na Basamariya tebatabaganira dala nokutusa kakano. Tutegezebwa obutayagalana buno gyebwava mu Ezra 4. 2–3. Bakwata edini eya Bayudaya naye nga tebagitusa bulungi. Kubanga bwebabonyabonyezebwa nempologoma Abasamariya baita kabona okuja abaigirize edini eya Bayudaya. Naye nebaleka mangu okusinza Katonda obulungi ngabaingiza empisa enkyamu mu kusinza kwabwe olwokukyawagana na Bayudaya. Yekalu yabwe gyebali bazimbye ku lusozi Gerizimu yazikirizibwa Yohana Hyrcanus mu mwaka, 129 B.C.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

6 mu bibuga bya Basamariya; naye wakiri mugende eri endiga eza-
7 bula ezomunyumba ya Israeli. Bwemubānga mutambula mu-
būlirēnga nga mugamba nti Obwakabaka obwomu'gulu bunātera
8 okutūka. Muwonyēnga abalwa'de, muzūkizēnga abafu, mu-
longōsēnga abagēnge, mugobēnga basetani: mwawebwa buwa,
9 na'mwe muwēnga buwa. Temubērānga na zābu, newakuba'de
10 efeza, newakuba'de ebikomo mu nkoba za'mwe; 'sō nensawo
etambula, newakuba'de ekānzu ebiri, newakuba'de engato,
newakuba'de omu'go: kubanga akola emirimu asānira oku-
11 webwa e'mereye. Naye buli kibuga kyemunāingirāngamu, oba
mbuga, munonyezēngamu bwali asāna; musulānga omwo okū-
12 tūsa lwemulivayo. Bwemunāingirānga munju, mugiramusēnga.
13 Enju bwesānānga, emirembe gya'mwe gi'jēnga kuyo: naye

---

Naye nga wakyasigadeyo emyaka nga 20 Mukamawafe okutandika okuigiriza, Abasamariya balinga beyongede okwekyaisa mu maso ga Bayudaya nga bayonona Yekalu. Mu mbaga ya Pasaka beingiza mu mpya ze Yekalu enzigi bwezagulwawo mu tumbi nebasasira munda amagumba ga bafu. Era noluvanyuma lwe Yerusalemi okuzingizibwa, newakubade nga Abayudaya na Basamariya bali nga tebakyakyawagana ngeda, Abasamariya naye baitibwa Abayudaya nti "Abakyufu abempologoma" olwe bigambo byetulabye engulu.

8. *Mulongosenga abagenge*] Ebigenge nga tebigatibwa nendwade endala. Omugenge nga kye kifananyi kyoyo aliko ebibi yayagalanga okulongosebwa oba okutukuzibwa.

9. *Temuberanga na zabu neb.*] Abaigirizwa baziizibwa okutwala wamu nabo ebintu ebitwalibwa abatambuze bona abe Buvanjuba.

*zabu-efeza-ebikomo*] Abayudaya balina bikomo byoka era ne Herode Omukulu bwatyo, naye zabu ne feza byaletebwa Barumi na Bayonani. Tusoma ku *dinari* ekitundu ekya feza ekya Barumi. (su. 18. 28, 20. 2.) *Pesa* mu lu. 29 ye *as* ya Barumi, mu *dinari* nga mulimu *as* 16; *edidrakima* ya Bayonani yayagalanga okwenkana ne dinari omuwendo era nga balina ne *stateri* (su. 18. 27).

*nkoba*] zenkoba ezirimu nsawo ezokusangamu efeza olusi nga bafunya ekanzu nebasamu feza.

10. *nensawo*] Ngefanana eya Daudi gyeyali ayambade bweyagenda okusisinkana ne Goliya. Yasibibwanga ku lukoba.

*ekanzu biri*] lab. su. 5. 40. No Mufilosofo Socrates bwatyo yayambalanga ekanzu emu yoka, natambula awatali ngato era ngalyanga ebyetagibwa byoka olwobulamu obwo mubiri.

12. *Bwemunaingiranga munju*] oba "Bwemubanga nga muingira munju" yenju yoyo alabise "ngasanide." Kyebava balagirwa obutaingiranga munyumba nyingi okubaziiza okugobereranga obugenyi oba mpo'zi emirimu gikolebwenga mu kyama. Ekyandyetagibwa oluvanyuma mu biro ebyokuiganyizibwa. Abo mu kanisa "abasanira" oluvanyuma, be Ludiya e Firipi ("obanga munsimye okuba omwesigwa eri Mukama (wafe), muingire mu nyumba yange, mubere (omwo)." Bik. 16. 15. Yasoni e Thesalonika, Gayo

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

bwetasānānga, emirembe gya'mwe gi'dēnga gyemuli. Era 14
omuntu bwatabasembezānga newakuba'de okuwulira ebigambo
bya'mwe, bwemuvānga munju eyo oba mu kibuga (ekyo),
mukunkumulānga enfūfu eyomubigere bya'mwe. Dala mba- 15
gamba nti Ensi ya Sodomu ne Gomora eriba nokubonyabonye-
zebwa okuligumīkirizika ku lunaku olwomusāngo, okukira
ekibuga ekyo.
Laba, 'nze mbatuma ngendiga wakati mu misege: kale 16
mubānga namagezi ngemisota, era (mubānga) ngamayiba obu-
taba na bukūsa. Naye mwekūmānga abantu: kubanga baliba- 17
wayo mu nkīko, ne mu makung'aniro gābwe balibakubiramu;
era mulitwālibwa eri abamasaza neri bakabaka okubalānga 'nze, 18
okuba obujulirwa eri bo nabamawānga. Naye bwebanāba- 19
wāngayo, temweralikirirānga nti (Tunāgamba) tutya? nti Tuna-

---

e Derbe mpo'zi, laba Bar. 16. 23. Okusembezanga abagenyi bona bona, ne kakano baisa bwebatyo. Ebuvanjuba era nga kwetagibwa.

*mugiramusenga*] nga mugamba nti "Emirembe gibe kumwe," nga bwebakolanga okulamusa mu naku ezo.

14. *mukunkumulanga enfufu eyo mu bigere byamwe*] nga Paulo bweyakola e Antiokiya mu Pisidiya. (Bik. 13. 51.) Ebibuga ebya Israeli ebinagana Enjiri biriba byakubalibwa nga ebyabakafiri. Enfufu yabyo nga ya muzizo okwenkana eyomunsi esinza balubale.

15. lab. su. 11. 24.

16–42. EKANISA EYOLUVANYUMA.

(1) Abatume ngabwebafanana, 16; (2) Okuiganyizibwa, 17–25; (3) Okukubagizibwa. Kitawe wayo ngagikuma, 32; (5) Omukristayo nga bwalonda, 33–40; (6) Egye erye Kanisa.

16. *ngendiga wakati mu misege*] Klementi owe Rumi bwajulira ebigambo bino nalyoka ayongera nti, "Awo Petro namudamu nagamba nti Naye emisege bwegiritagulatagula endiga? Naye Yesu namugamba Petro nti Endiga tezityenga emisege oluvanyuma olwokufa."

*namagezi ngemisota, era mubanga nga maiba obutaba na bukusa*] Omutambuze atalina byokulwanyisa ayagala okuba bwatyo. Amagezi nobuwombefu bye byokulwanyisa ebyabanafu. Okuba namagezi nga Paulo bweyakola e Filipi ngajukiza abakulu bweyali Omurumi. Omusota gusala amagezi obutalabika.

17. *mwekumenga abantu*] nga emisota namayiba ebiduka abantu: naye lab. su. 17. 22. "Omwana womuntu agenda okuwebwayo mu mikono gyabantu."

*nkiko*] zenkiko eza masunagogi ezo mu masaza. Lab. ku. su. 4. 23.

18. *abamasaza*] nga Feliksi ne Festo mu Kaisariya, era nga abalamuzi mu Filipo (Bik. 17. 6).

*bakabaka*] nga Herode Agripa oba Kabaka owe Rumi.

19. *Temweralikiriranga nti (Tunagamba) tutya? nti Tunayogera ki?*] Ebigambo bino si bya kugayaza abantu obutetekateka ebyokubulira wabulanga bitutegeza Katonda bweyetesetese okubera abantube okudamu obulungi nga bawoza mu nkiko.

Digitized by Google

Original from HARVARD UNIVERSITY

yogera ki? kubanga muliwebwa mu kisēra ekyo byemulyogera.
20 Kubanga si'mwe mwogera, wabula Omwoyo gwa Kita'mwe
21 yayogerera mu'mwe. Owoluganda anāwāngayo mugandawe
okufa, ne kitāwe omwāna: nabāna bānājemerānga abābazāla,
22 nokuba'sa. Munākyāyibwānga abantu bona okubalānga erinya
lyānge: naye alinyīkira okutūka ku nkomerero, yalirokoka.
23 Bwebabagobānga mu kibuga ekyo, mu'dukirānga mu kyokubiri:
kubanga dala mbagamba nti Temulibunya bibuga bya Isıaeli,
okutūsa Omwāna womuntu lwali'ja.
24 Omuigirizwa tasinga amuigiriza, 'sō nomu'du tasinga muka-
25 mawe. Kimumala omuigirizwa okuba ngamuigiriza, nomu'du
(okuba) nga mukamawe. Obanga baise nanyini nju Beelzebuli
26 tebalisinzawo abo abali mu njuye? Kale temubatyānga: ku-

---

20. *Omwoyo gwa Kitamwe*] Alwanirira edini talirekebwa yeka. Omwoyo amuigiriza ye wuyo aigiriza Ekanisa yona. Ne Paulo yaberwa bwatyo, "Mu kuwoza kwange okwoluberyeberye siwali eyambera. Naye Mukamawafe yaimirira kumpi nange, nampa amanyi." 2 Tim. 4. 16–17.

22. *alinyikira okutuka ku nkomerero, yalirokoka*] Mu Luka 21. 18. "Tusoma nti Mu kugumikiriza kwamwe mulifuna obulamu bwamwe," kwe kugamba nti mufune obulamu bwamwe obwamazima olwokugumikiriza okutusa kunkomerero. (Laba Bar. 5. 3.4). "Twenyumirizenga mu kubonabona kwafe nga tumanyi ngokubonabona kuleta okugumikiriza, nate okugumikiriza (kuleta) okukemebwa, nate okukemebwa (kuleta) okusubira."

23. *Bwebabagobanga*] Ebigambo nga bino bitutegeza nga ebyokulagirira bino tebyali bya Batume boka. Birabula mu maso era bigumya Abakristayo abemirembe gyona.

*okutusa Omwana womuntu lwalija*] Ebyomu Luka 21 ebigendera awamu ne bino mu bingi byogera ku Yerusalemi okuzikirizibwa, era ne buli muntu afumitiriza ebigambo bya Mukamawafe talirema kutegera okuzikirizibwa okwa Yerusalemi bwekwali Okujakwe dala. Ekigambo ekyo gwali musango ogwasalibwa Kristo ku gwanga eryagana okwenenya. Era bwekyabawo Enjiri yali tenaba kubulirwa mu bibuga byona ebya Baisraeli. Era naye ebigambo bino birengera ate mu maso wala. Abakristayo kakano bakola emirimu egyokubulira mu mawanga era nemirimu egyo girituka ku kuja kwa Kristo dala bwalija okusala omusango ogwenkomerero.

24. *Omuigirizwa tasinga amuigiriza*] abaigirizwa ba Yesu tebagenda kwagalibwa okusinga Mukamawabwe Kristo. Tulaba olugero luno naye nga lulina amakulu amalala mu Luka 6. 40. Kristo ngayogera ku Batume mu kuigirizakwabwe "nga bo bwebali era nabo bebaigiriza baliba bwebatyo."

25. *Beelzebubi*] oba Beelzebúbi—Mukama wensowera oba Oyo aziiza ensowera obutaja.

26. *kubanga tewali kigambo ekyabikibwa neb.*] Ensonga biri

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

banga tewali kigambo ekyabi'kibwa, ekitalibi'kulwa; newa-
kuba'de ekyakwekebwa, ekitalimanyibwa. Kyembagambira mu 27
kizikiza, mukyogererānga mu musana: kyemuwulira mu kutu,
mukibūlirirānga wa'gulu ku nyumba. 'Sō temubatyānga aba'ta 28
omubiri, naye nga tebaīnza ku'ta bulamu: naye mumutyēnga
aīnza okuzikiririza obulamu nomubiri mu Gehena. Enkazalu- 29
'gya ebiri tebazitūndamu pesa limu? era ne gi'nazo emu terigwa 30
wansi wabula Kita'mwe: naye era nenviri za'mwe ezokumutwe
zabalibwa zona. Kale temutyānga; 'mwe musinga enkazalu- 31
'gya enyingi. Kale buli muntu yena alinjātulira mu maso 32
gabantu, nānge ndimwātulira mu maso ga Kitānge ali mu 'gulu.
Naye yena alinegānira mu maso gabantu, nānge ndimwegānira 33
mu maso ga Kitānge ali mu 'gulu.

Temulowōza nti na'ja kuleta mirembe kunsi: sa'ja kuleta 34
mirembe, wabula ekitala. Kubanga na'ja kwāwukanya omwāna 35
ne kitāwe, omuwala ne nyina, omugole ne nyazālawe; abalabe 36
bomuntu (banābānga) ba mu nyumbaye. Ayagala kitāwe oba 37

---

obutatya—(1) Bwobanga otya, olunaku lulituka olulyolesa mu lwatu obutesigabwo; (2) Totyanga, kubanga olunaku lulituka oluliraga ebitutisa bwebitalimu.

27. *Kyemuwulira mu kutu*] Balina empisa (Lab. su. 4. 23) mu somero eyesunagogi eyaigirizanga okwogerera mu kutu kwomutegeza naye nalyoka ayatula nedobozi edene.

*wagulu ku nyumba*] Abatambuze batutegeza nti ne kakano balanga ebyokubulirira muusi ye Busuri nga baima kunyumba wagulu.

28. *ainza okuzikiririza*] Oba (1) Katonda alina obuinza nga tuvude mu bulamu buno. Klementi Omurumi agamba ngalowoza ku bigambo bino mbu nti "Kitugwanide obutatya muntu wabula Katonda." Oba (2) Setani, kubanga ababi bewayo mu buinzabwe.

*mu Gehena*] lab. ku. su. 5. 22.

29. *ginazo emu terigwa wansi wabula Kitamwe*] Kyetuva tuiga (1) Obulamu bwabantu bwe businga obwensolo omuwendo mu maso ga Katonda (lu: 31); (2) mu teka lya Katonda tulagidwa okukwatirwa ensolo ekisa.

*nenkazalugya*] ekigambo kyebakyusi'za bwebatyo kyogera ku nyonyi yona entono.

32. *alinjatulira*] alyatula ngasinzira ku nze mu kwatulakwe.

34. *sa'ja kuleta mirembe wabula ekitala*] "Okuwewa" kwa Kristo kweralikiriza omuntu mu kulowozakwe era kwawulamu abantu. Tulaba kino era mu lugali olwomulimi, mu muliro ogwoyo alongosa efeza era ne mu musumba okwawulamu ekisibokye. Tumanyi nga Edini esinga ebirala byona okwawulamu abantu.

37. Olunyiriri luno lutwala bwerutī nti—abomunyumba emu tebalirema kwawukanamu; abaigirizwa bange kibagwanide okwesimba ku lui lwange, abekika nga bafuse abalabe bange oba nga

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

38 nyina okubasinza 'nze tansānira. Naye atakwata musalabagwe
39 nāgoberera enyuma wānge, tansānira. Alaba obulamubwe ali-
bubuza; abuza obulamubwe kulwānge alibulaba.
40 A'kiriza 'mwe nga'kiri'za 'nze, a'kiriza 'nze nga'kiri'za eyan-
41 tuma. A'kiriza na'bi mu linya lya na'bi aliwebwa empēra ya
na'bi; naye a'kiriza omutūkirivu mu linya lyomutūkirivu ali-
42 webwa empēra yomutūkirivu. Era buli amuwa okunywa omu
kwabo abatono ekikōmpe kyama'zi āmanyogovu kyo'ka, mu
linya lyomuigirizwa, mazima mbagamba nti empēraye terimu-
bula na katono.
11 Awo olwātūka Yesu bweyamala okulagira abaigirizwabe ekumi
nababiri, nāvayo nāgenda okuigiriza nokubūlira mu bibuga
byābwe.

---

baganyi okunzikiriza. Obulamu obugya bukyusa ebyeda, kakano byona bisinzira ku Kristo abamugoberera nga baitibwa nyina oba mwanyina oba mugandawe.

38. *atakwata musalabagwe*] kwe kweyongera okwerekereza okusubirwa mwabo abagoberera Yesu. Ebigambo bino bya kitalo. Kristo asokera wano okwogera ku musalaba. Yadamu ate mu bigambo bino mu su. 16. 24 ngamaze okutegeza abaigirizwabe bwagenda okubonyabonyezebwa. Mumpisa ya Barumi abasalidwa omusango bawalirizibwanga okwetika omusalaba okutusa mu kifo kyebagenda okutirwamu. Abagalilaya banditegede bulungi amakulu agebigambo "okukwata omusalaba." Kwabo ebikumi bingi bali bamaze oku'tibwa bwebatyo bwebajemera ku Yuda Omugoloni era ne ku balala. [laba ebisokerwako, sura 4.]

40–42 OKUSEMBEZA ABATUME NABAWEREZA BA KRISTO.

40. *Akiriza*] Okukiriza okuba muigiriza era nokwaniriza okuba omugenyi (Laba. lu. 14). Buli asembeza Abatume nabawulira, awulira dobozi lya Yesu Kristo era nerya Katonda Kitafe ye nyini, era abo "banajanga gyali, banatulanga gyali" (Yoh. 14. 23).

41. *mu linya lya*] kubanga akola emirimu egya nabi.

*empera ya nabi*] Okwenkana nempera nabi oba omubulizi nga oyo bwalya.

*omutukirivu*] Atukiriza Amateka ago Bukristayo byegalagira (lab. su. 1. 19) abantu abe kanisa aba mazima—abatukuvu.

42. *omu kwabo abatono*] Mpo'zi byogera ku baigirizwa. Naye tulaba wano nga amadala, edala erikomerera wano nga be "bano abatono." Mpo'zi waliwo abana abali baimiride awo Kristo nalyoka abogerako oba mpo'zi abantu abali bakiri'za naye nga tebenkana Abatume obutegevu. Kale "abatono" babo abaitibwa abana mu Kristo abakaja bakirize. Abasinga obuto mu Kanisa—abatume—banabi—abatukirivu—abaigirizwa abakaja bakirize. Ekigambo ekyekisa ekisingira obutono nga kikolerwa omu ku bano abatono tekiribulwa mpera.

SURA 11. 1. YESU OKUBULIRA ENJIRI EKUMI NABABIRI NGA BALINGA TEBALI NAYE.

Digitized by Google

Original from
HARVARD UNIVERSITY

Naye Yohana bweyawulirira mu komera ebikolwa bya Kristo, 2
nātuma abaigirizwabe, okumugamba nti 'Gwe wuyo a'ja oba tuli- 3
ndirire mulala ? Yesu na'damu nābagamba nti Mu'deyo mute- 4
gēze Yohana byemuwulira nebyemulaba : abazibye amaso balaba,
nabalema batambula, nabagēnge balongōsebwa, nabaga'vu ba- 5
matu bawulira, nabafu bazūkizibwa, nabanaku babūlirwa
enjiri. Naye yena alina omukisa atalinesitalako. Nabo bwe- 6
bāgenda, Yesu nāsoka okwogera nebibīna ku Yohana nti Kiki 7
kyemwagenderera mu 'dūngu okutunulira ? olumuli olunyenye-
zebwa nempewo ? Naye kiki kyemwagenderera okulaba ? omu- 8
ntu ayamba'de ezinekaneka ? Laba, abambala ezinekaneka baba
mu nyumba za bakabaka. Naye kiki kyemwagenderera ? oku- 9

---

2–19. EBYO KU YOHANA OMUBATIZI.

Byeyamutumira Yesu 2–6. Ekifokye mu Banabi 7–14. Ngabweyali eri Yesu nabo mu mirembegye. 15–19.

Luka O. 7. 18–35.

2. *mu komera*] e Makeru. Laba ku su. 14. 3.

3. *gwe wuyo aja*] Kristo yaitibwanga bwatyo ; mu buli mirembe nabi yayogeranga nti " Aja."

Waliwo okubuzaganya kungi kn bigambo bino Yohana byeyabuza oba (1) yabuza ngalabye nga byebasubira birude okuja nga yeralikiride ; oba (2) yabuza okugumya okukiriza okwabaigirizwabe, oba (3) yabuza Yesu alyoke ayatule mu lwatu bwali Kristo. (1) Ensonga eyoluberyeberye esinga okufanana okuba eyamazima era ngeinza nokutuigiriza. Asingira dala amanyi mu kukiriza ainza okuwebukamu ekisera ngalabye enaku ezokulwawo enyo ngasibidwa mu komera. Si kwe kubusabusa wabula okuwebuka mu kukiriza: "Nzikiriza, mbera mu butakiriza bwange." (2) Abaleta ensonga eyokubiri babo abatayagala okulowoza ku Yohana ekigambo kino ekyobutanywera. (3) Ensonga eyo ku satu era yandituloweze'za ku Yohana nti Okukiriza kwe kudiride era ne Kristo bweyamunenya (lu. 6) teyandiremye kumugamba nga bweyagamba Maryamu nti " Ekisera kyange tekinaba kutuka."

5. *nabanaku babulirwa enjiri*] Mu bwakabaka obwensi ababaka batumibwa eri abagaga neri abakulu. Laba era nekigambo omuigirizwa kyeyalowoza " Kale ani ainza okulokoka ? " Obanga kye kizibu abagaga okuingira mu bwakabaka obwo mu gulu, kale abavu balikola batya ?

6. *alina omukisa*] Balina omukisa abo abategera nga ebikolwa byange bino bye bikolwa bya Kristo dala. Abamu bali balowoze'za ku Kristo okuba awalana oba awangula.

*omukisa*] okuba nomukisa kwe kubera nokutegera okwo mu mwoyo era nokukula mu bulamu obwa mazima.

7. *olumuli olunyenyezebwa nempewo*] Bwetubanga tukute ensonga eyoluberyeberye (lu. 3), ebigambo bino bye biginyuweza. Temwagenda kulaba omuntu atali munyuwevu—mukisera ekyo yatusa bulungi ebyo bubakabwe ngalina okukiriza okunene.



Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

10 laba na'bi? Wewawo, mbagamba, era asingira dala na'bi. Oyo
ye yawandikirwa nti

Laba, ntuma omubaka wānge mu masogo,
Alikukulembera alirongōsa e'kubolyo.

11 Dala mbagamba nti Tevānga mwabo abazālibwa abakazi
omuntu asinga Yohana Omubatizi: naye omuto mu bwakabaka
12 obwomu'gulu asinga ye. Okuva ku biro bya Yohana Omubatizi
okutūsa lero obwakabaka obwomu'gulu buwaguzibwa, nabawa-
13 guza babunyaga lwa mānyi. Kubanga bana'bi bona namatēka
14 bālagula okutūsa ku Yohana. Era oba mwagala oku'kiriza, oyo
15 ye Eliya agenda oku'ja. Alina amatu agokuwulira, awulire.
16 Naye nāfananya na ki emirembe gino? Gifanana nabāna abato
abatūla mu butale abaita ba'nābwe, nga bagamba nti Twabafuwira
17 emirere, 'sō na'mwe temwazina; twabakubira ebiwōbe, 'sō temwa-
18 kāba. Kubanga Yohana ya'ja nga talya 'sōnga tanywa, nebogera
19 nti Aliko setani. Omwāna womuntu ya'ja ngalya nganywa,

---

10. *asingira dala na'bi*] Bana'bi abalala balaba ku Kristo mu ku-kiriza, Omubatizi yamulaba namaso, nayanjula obwakabakabwe; yali muyanjuzi wa Kabaka. Era ne Yohana ye nyini yayoge-rwako mu Buna'bi.

*Laba ntuma neb.*] Mal. 3. 2.

11. *omuto mu bwakabaka obwo mu gulu*] oba "akira obuto" oba (1) okukira Yohana obuto oba (2) abalala. Abali mu bwakabaka, abasembezebwa okumpi ne Katonda okusinga abalala era abakira okutegera Katonda mu mwoyo, balina ebyemikisa eminene okusinga abo abasinga obukulu abaliwo Kristo ngatanaba kuja.

12. *okuva ku biro*] Kigambo kirala ekitegeza obukulu bwa Yo-hana era nokusoka okwobwakabaka; okuva ku kubulira kwa Yohana abantu batanula okunyikira okuingira mu bwakabaka, nabanyikivu baingira. Era kubanga Buna'bi bwona bwalaga ku kubulira kwa Yohana.

*buwaguzibwa*] baingira namanyi nga merikebu bweingira mu mwāla nga emenya ebitekebwayo okuziza.

Okubulira kwa Yohana kwanyikiza abantu okuingira mu bwa-kabaka okukwata mangu amateka amagya nobulamu obugya Yohana byeyayogerako era Kristo byeyaigiriza.

*nabawaguza babunyaga lwa manyi*] Abagoberera Kristo nobunyi-kivu banyaga obwakabaka—babufuna nga omunyago.

13. *kubanga*] Yensonga obwakabaka okukula enyo mu biro ebyo.

14. *oba mwagala okukiriza*] kubanga kizibu okukiriza Yohana okubanga ye musibe.

16. *Naye nafananya naki emirembe gino*] Abana abayomba ne banabwe be Bayudaya abatasanyukira dala Yesu newakubade Yohana. Abe mirembe gino tebagalira dala banabi bona bona. Bayombesa Yohana kubanga yainga okweyawula mu sanyu lyona eryensi, era bayombesa ne Yesu kubanga teyagoberera Bafarisayo mu kusība kwabwe ne mu mpisa zabwe zebalagira.

19. *Era amagezi gawebwa obutukirivu olwebikolwa byago*] Ama-

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nebogera nti Laba, omuluvu oyo, era omutamīvu, mukwāno
gwabawōza era ogwabalina ebibi! Era amagezi gawebwa obutū-
kirivu olwebikolwa byago.
Nāsokera awo okubūlirira ebibuga mweyakolera ebyamānyi- 20
bye ebingi, kubanga tebyenya. Zirikusānga 'gwe Korazini! 21
zirikusānga 'gwe Bethsaida! kubanga ebyamānyi ebyakolerwa
mu'mwe, singa byakolerwa mu Turo ne Sidoni, singa byenenya
'da, singa bāli mu bibukutu ne mu 'vu. Naye mbagamba nti 22
Ku lunaku olwomusāngo Turo ne Sidoni baliba nokubonyabo-
nyezebwa okuligumīkirizika okusinga 'mwe. Nāwe, Kaperna- 23
umu, oligulumizibwa okutūka ku 'gulu? oli'ka e magōmbe:
kubanga ebyamānyi ebyakolerwa mu'gwe singa byakolerwa mu
Sodomu, singa wekiri ne kakano. Naye mbagamba nti Ku 24
lunaku olwomusāngo ensi ye Sodomu eriba nokubonyabonyeze-
bwa okuligumīkirizika okusinga 'gwe.
Mu biro ebyo Yesu ya'damu nāgamba nti Nkwebaza, Kitānge, 25
Mukama we'gulu nensi, kubanga wakisa ebigambo bino abama-
gezi nabakabakaba nobibi'kulira abāna abato; wewawo, Kitānge, 26
kubanga bwekityo bwekyasīmibwa mu masogo. Ebintu byona 27

---

gezi—"amagezi ga Katonda"—Katonda alina amagezi amatufu. Gawebwa obutukirivu—"gabalibwa okuba amatukirivu" —"tegalangibwa busiru." Olwebikolwa byago, kwe kugamba nti Amagezi ga Katonda galabika mu kweyawula kwa Yohana era ate ne mu kisa kya Yesu eyetowaza okulya nabawoza nabalina ebibi.

20–24. EBIBUGA EBITENENYA.

Mu Luka 10. 13–15 ebiigambo bino biingira mu bigambo Yesu byeyakutira abaigirizwa ensanvu beyatuma. Mu Mathayo tulaba Kristo ngaganibwa Abayudaya nalyoka aganibwa ebibuga bino ebyawebwa nyo omukisa. Mu Luka tulaba Abatumibwa okuganibwa, ye Kristo okuganibwa kwenkana.

21. *Bethsaida*] (enyumba ya byenyanja) kyaitibwanga "kya Juliya" okujukira Juliya omuwala wa Augusto. Kyazimbibwa obugya era kyayonjebwa Herode Filipo eyafuga ku lui awo.

23. *Kapernaumu*] Laba ku Kifananyi (Mapu). Kapernaumu kyagulumizibwa okutusa egulu kubanga kyaitibwanga "kya Mukamawafe," naye wano Kristo ayogera ku kwegulumiza. Tujukizibwa ebyo mu Isaya 14. 13–15. Kapernaumu eyegulumiza nga Babuloni bweyegulumiza kirikakanyizibwa bwekityo. Kapernaumu kyali ku lusozi mbu e Tell Hûm oba e Khan Minyeh.

25–27. OKUBIKULIRWA "OKWABANA ABATO."

Mu Luka 10. 21, 22, tusanga ebigambo bino abo Ensanvu nga bamaze okukomawo.

25. *nabakabakaba*] oba abegendereza. Ebyama byobwakabaka tebibikulibwa abamagezi mu maso gabwe bo, wabula abo abafananangа abana abato nga balina obuwombefu era nga begomba okuigirizibwa. Abayudaya baita bwebatyo Abawandisi na Bafarisayo nti bo be "bamagezi nabakabakaba."

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

byankwasibwa Kitānge: 'sō tewali muntu amanyi Omwāna,
wabulu Kitāwe; 'sō tewali muntu amanyi Kitāwe wabula
Omwāna, na buli muntu Omwāna gwayagala okumubi'kulira.
28 Mu'je gyendi, 'mwe 'mwena abakōye era abazitowere'dwa, nānge
29 nābawu'muza. Mwetike ekikoligo kyānge, muigire ku'nze;
kubanga ndi mutēfu era omuwōmbefu mu mutima: na'mwe muli-
raba ekiwu'mulo ekyonumyoyo gya'mwe. Kubanga ekikoligo
30 kyānge si kizibu, nomugugu gwānge mwāngu.
12 Awo mu biro ebyo Yesu nāita mu nimiro yeng'āno ku sabiti;
abaigirizwabe nebalūmwa enjala, nebasoka okunoga ebirīmba
2 byeng'āno, nebalya. Naye Abafarisayo, bwebālaba, nebamu-
gamba nti Laba, abaigirizwabo bakola ekyomuzizo okukolera ku

---

28-30. ABAZITOWEREDWA BWEBAWUMUZIBWA.

Mathayo O. yeka awandika ebigambo bino bya Kristo. Abo bona abagala okuiga be baliigirizibwa era nabo bona baliwumuzibwa abazitoweredwa omugugu gwabwe. Abato babo abategede bwebali abasirusiru, abemigugu babo abazitoweredwa.

28. *Muje gyendi*] Yesu tawumuza abazitoweredwa bona wabula abo abalanga bwebali bwebatyo nga baja Gyali.

29. *Muigire kunze*] kwekugamba nti "Mufuke abaigirizwa bange"; kyetuigirizibwa ate mukigambo kino "ekikoligo," Abayudaya nga bogera ku "kikoligo ekyokuigirizibwa."

*kubanga ndi mutefu era muwombefu mu mutima*] Yesu ategeza yeka wano bweyafanana; laba mu 2 Kor. 10. 1, "obukakamu nobuwombefu bwa Kristo." Kubanga Yesu ali bwatyo kyava ainza okuwumuza obulamu obwo muntu, era nabantu kyekivude kibagwanira okufuka abaigirizwabe.

*ekiwumulo ekyomumyoyo gyamwe*] Laba Yer. 6. 16, "Bwatyo bwayogera Mukama nti Muimirire mu makubo mulabe, mubuze amakubo ageda, olugudo olulungi gyeruli, mutambulire omwo, kale mulirabira ememe zamwe ekiwumulo. Naye nebogera nti Tetutambulirire (omwo)."

*ekyomumyoyo gyamwe*] so si kuwumuzibwa okwo mubiri.

*nomugugu gwange mwangu*] Omugugu gwa Bafarisayo tegwali bwegutyo, laba su. 23. 4, "emigugu egizitowa, egitetikika."

SURA 12. 1-13. OKUKUMA SABITI.

1. Abaigirizwa banoga ebirimba byeng'ano ku Sabiti.
2. Omuntu eyalina omukono ogukaze yawonyezebwa ku Sabiti.

Ma'ko O. 2. 23-28; 3. 15.
Luka O. 7. 1—11.

1. *nebasoka okunoga ebirimba byeng'ano*] Abafarisayo balinga bagala okutēga Mukamawafe era kyebava bayombesa abaigirzwabe amangwago bwebalinga batanude okukola bo kyebaitanga ekyo muzizo.

2. *bakola ekyomuzizo okukolera ku Sabiti*] Ekiragiro kino kyali kya Bafarisayo tekirabikanga mu biragiro bya Musa. Abafarisayo baita ku Mateka nga bateka ebiragiro ku buli kigambo ekitonotono Musa kyatayogerangako baleme okuinza okusobya ku Mateka

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

sabiti. Naye nābagamba nti Temusomānga Daudi bweyakola, 3
bweyalūmwa enjala, ne beyalinabo ; bweyaingira mu nyumba 4
ya Katonda, nālya emigāti egyokulaga egyali egyomuzizo obuta-
girya ye, ñewakuba'de beyalinabo, wabula bakabona bo'ka?
Nantiki temusomānga mu matēka, bakabona mu yekalu ku 5
sabiti bwebasobya sabiti, 'sō teba'za musāngo? Naye mba- 6
gamba nti ali wano asinga yekalu obukulu. Naye singa mu- 7
manyi amakulu ga kino nti Njagala ekisa, 'sō si sadaka, temwa-
ndinenye'za abatazi'za musāngo. Kubanga Omwāna womuntu ye 8
mukama wa sabiti.
Nāvayo, na'ja mu kung'aniro lyābwe: era, laba, mwalimu 9
omuntu eyalina omukono ogukaze. Nebamubūza, nga baga- 10
mba nti Kirūngi okuwonyeza (omuntu) ku sabiti? era bamu-
wawābire. Nābagamba nti Ani mu'mwe, bwaliba nendigaye 11
emu, nemala egwa mu bunya ku sabiti, ataligikwata okugi-
'gyamu? Omuntu tasinga nyo ndiga? Kale kirūngi okukola 12
obulūngi ku sabiti. Nālyoka agamba omuntu oyo nti Golola
omukonogwo. Nāgugolola; neguwona, neguba ngogwokubiri. 13

---

agalagirwa. Okunoga ebirimba Abafarisayo bagamba nti Kwenkana kukungula era kyali kya muzizo okukungula ku Sabiti, abakola bwebatyo nga balagirwa oku'tibwa. Ebiragiro bino ebya Bafarisayo byaziiza amateka kubanga byadibya ensonga eyasawo Sabiti. Okukuma Sabiti· bwekunaziizanga abantu okwewonya munjala kale Sabiti nga efuse ekikolimo so si mukisa.

3. Ahimeleka, kabona e Nobi, yawa Daudi nabo abali naye emigati etano ku migati egyokulaga (1 Sam. 21. 1–7).

4. *emigati egyokulaga*] gye migati gyebalaganga mu yekalu. Era gyaitibwanga "egitavawo" kubanga gyaberangawo mu maso ga Mukama bulijo. Emigati ekumi nebiri gyatekebwanga emiteko ebiri ("mbu" nga bwetusoma mu Lev. 24. 6) ku "meza enongofu" buli Sabiti. Ku buli muteko kwatekebwangako ekikompe kyazabu ekyalimu obubane. Lab. Kuv. 25. 30; Lev. 24. 6–8.

5. *bakabona mu yekalu ku Sabiti bwebasobya Sabiti*] bwebakola emirimu egyokugyawo emigati egyo, era nokutekateka omuliro ogwe Sadaka era nemirimu gyona egya Lateraya yo mu yekalu. Si Byawandikibwa ebitukuvu byoka bye bitutegeza olusi nga kisana okukola emirimu ku Sabiti era naye na Mateka ge nyini galagira emirimu egigwanira okukolebwanga ku Sabiti.

7. *Njagala ekisa so si sadaka*] Kijulirwa wano omulundi ogwokubiri—lab. su. 9. 13. Waliwo ekisinga Amateka okufuga, yensonga eyalagiza Amateka. Amateka okutegerwa obulungi, ye Katonda ngayolesa okwagalakwe eri abantu. Okwagala okwo kwe kwasimisa Daudi bweyakola era kusimisa nemirimu egikolebwa bakabona. "Tekuliganya baigirizwa bange okwewonya munjala."

10. *omukono ogukaze*] Mu Luka O. tusoma omukono "ogwadyo."

12. *Omuntu tasinga nyo ndiga*] lab. era "mwe musinga enkazalugya enyingi" su. 10. 31.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

14 Naye Abafarisayo nebafuluma, nebamwekobāna bwebanāmuzi-
15 kiriza. Yesu bweyategēra nāvayo: abantu bangi nebagenda
16 naye; nāwonya bona, nābakomako baleme okumwātīkiriza:
17 kitūkirire ekyayogererwa mu Isaya na'bi nti
18 Laba mulenzi wānge gwenalōndamu;
Gwenjagala, ansanyusa ememe yānge:
Ndimutekako Omwoyo gwānge,
Alibūlira amawānga omusāngo.
19 Taliyōmba, 'sō talirekāna;
'Sō tewaliba muntu aliwulira e'doboziryc mu ngūdo.
20 Olumuli olwātifu talirumenya,
'Sō nenfūzi ezinyōka talizizikiza,
Okutūsa lwalisindika omusāngo okuwāngula,
21 Nerinyalye amawānga galirisūbira.
22 Awo nebamuletera omuntu aliko setani, ngazibye amaso no-
mumwa: nāmuwonya, oyo eyali azibye omumwa nāyogera
23 nālaba. Ebibīna nebisamālirira byona, nebyogera nti Ono ye
24 mwāna wa Daudi? Naye Abafarisayo bwebāwulira, nebogera
nti Oyo tagoba basetani wabula kubwa Beelzebuli omukulu wa

---

14–21. ABAFARISAYO BAMWEKOBANA YESU, NAYE NAVAYO.
Ma'ko 3. 6–12; Luka 6. 11, 12.
14. *nebamwekobana*] Ma'ko O. atutegeza wano nti Abaherodiani begata na Bafarisayo.
*bwebanamuzikiriza*] Nga bawakana naye, oba nga basala amagezi amalala, naye bwebaliremwa nebalyoka bamuzikiriza namanyi.
15. *navayo*] Lab. su. 10. 23. Yesu yakola nga bweyali alagide abaigirizwabe.
18. *mulenzi wange*] Egwanga lya Baisraeli litumibwa omudu (mulenzi) wa Yahuwa (Yehova) (Is. 16. 8). Ne Yesu wano ngali kubwabwe aitibwa bwatyo.
*amawanga*] Mukamawafe bweyeyawula bwatyo yalinga akola emirimu egyokuigiriza mu Bamawanga—Abayonani, Abafoiniki era nabalala, abatulanga okumpi ne Nyanja. "Abaliranaⁿga e Turo ne Sidoni, ekibina kinene."
*omusango*] Mu Lueb. ekigambo ekikyusibwa bwekityo kyogera ku "Dini nga bweyafuka eteka eryobulamu obwomuntu"; ne wano omusango amakulu gayo lye (1) "teka lya Kristo," ye "Njiri," oba (2) nga mu Luyonani "Katonda byasala oba byateka."
19, 20. Mu nyiriri zino tutegezebwa obuwombefu era nokugumikiriza kwa Kristo nga bwebyali. Tawana nga mulangira wa kunsi so tayogeza manyi. Olumuli olwatifu era nenfuzi ezinyoka babo abalina okukiriza okutono Kristo babera.
22, 23. OMUNTU NGAZIBYE AMASO NAMUMWA OKUWONYEZEBWA.
24–30. ENSONGA GYEBAMULANGA KRISTO NTI "AGOBA BASETANI KUBWA BEELZEBULI." YESU BYEYADAMU.
Ma'ko 3. 22–27; Luka 11. 17.
24. *Beelzebuli*] Lab. ku. su. 10. 25.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

basetani. Bweyamanya okulowōza kwābwe nābagamba nti 25
Buli bwakabaka bwebwāwukana bwo'ka na bwo'ka buzika ; na
buli kibuga oba nyumba bweyāwukana yo'ka na yo'ka terirwā-
wo : ne Setani bwagoba Setani ayāwukana ye'ka na ye'ka ; 26
nobwakabakabwe bulirwāwo butya ? Obanga 'nze ngoba base-
tani kubwa Beelzebuli, abāna ba'mwe babagoba kubwāni ? kale 27
abo be balibasalira omusāngo. Naye obanga 'nze ngoba basetani 28
kubwo Mwoyo gwa Katonda, kale obwakabaka bwa Katonda
buba'ji'de. Oba omuntu aīnza atya okuingira munju (yomuntu) 29
owamānyi, nānyaga ebintubye, wabula ngasose kusiba owa-
mānyi ? nālyoka anyaga enjuye. Omuntu atabēra nānge mula- 30
be wānge ; era omuntu atakung'anyiza wamu nānge asāsānya.
Kyenva mbagamba nti Abantu balisonyībwa buli kibi nekyoku- 31
vōla, naye okuvōla Omwoyo tekulisonyika. Buli muntu alivōla 32
Omwāna womuntu alisonyībwa ; naye buli muntu alivōla Omwo-
yo Omutukuvu talisonyībwa, newakuba'de mu mirembe egya

---

25. *Buli bwakabaka bwebwawukanamu bwoka na bwoka buzika*] Si kugamba nti enyombo zizikiriza egwanga naye abantu bwebwaukanamu nga balwana nabalabe tebalirema kuwangulibwa. Wano tulaba obwakabaka obwa Setani nga bulwana nobwa Katonda.

27. *abana bamwe babagoba kubwani*"] Abana be bana ba Bafarisayo abalina obuinza okugoba basetani oba abayogera nga balina. Naye kwebyo byombi nga tekuli kudamu.

28. *bubajide*] bubatuseko nga simutegede.

29. Tulaba wano nti Setani mulabe dala wa Kristo naye era omulabe eyawangulibwa.

30. *atabera nange mulabe wange*] era nolunyiriri luno lweyongera okututegeza olutalo oluliwo. Setani tayawukanyemu yeka na yeka era ne Kristo tainza kwawukanamu. Tekiinzika kubera wakati, atali wa Kristo ye mulabewe. Bwayogede ku kukung'anya ne ku kusasanya ngalowoza mpo'zi ku kukun'ganya ekisibo ekyendiga nokukisasanya oba ku kukun'ganya nokusasanya obugaga, feza neb.

31–37. OKUVOLA OMWOYO OMUTUKUVU.

31. *Kyenva*] Kyentegede kye ki kino nti Muli ku lui lwa Setani, era mumanyi bwemuli bwemutyo, mu lutalo luno, era kwe kuvola Omwoyo Omutukuvu, kye kibi ekitasonvika.

32. *buli muntu alivola Omwoyo Omutukuvu*] Okuvola Omwoyo Omutukuvu kwe kuvola edobozi eriwulikika eryo Mwoyo Omutukuvu nga lyogera mu mutima. Kwe kukola ekibi nga mutegede bwekiri ekibi. Yesu, eyategera omutima, yategera nga Abafarisayo tebalowoza dala bwebatyo bwebamulanga ensonga eyo. Bali babalirira Setani emirimu gyebamanya okuba egya Katonda. Byebasoka okulanga Omwana womuntu byali bya nsonga kubanga bandiinzi'za okulowoza ebirala ku Sabiti, kakano naye tebalina kya kuwoza.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

33 kakano, newakuba'de mu mirembe egigenda oku'ja. Oba mu-
fūle omuti omulungi, nebibala byagwo birūngi ; oba mufūle
omuti omubi, nebibala byagwo bibi : kubanga omuti gutegē-
34 rerwa ku bibala byagwo. 'Mwe abāna bemisota, muīnza mutya
okwogera ebigambo ebirūngi nga muli babi ? kubanga kwebyo
35 ebi'jula mu mutima, akamwa byekogera. Omuntu omulūngi
ebirūngi abi'gya mu terekerolye edūngi : nomuntu omubi ebibi
36 abi'gya mu terekerolye ebi. Era mbagamba nti Buli kigambo
ekitalimu abantu kyebogera, balikiwoleza ku lunaku olwomusā-
37 ngo. Kubanga ebigambobyo bye birikuwesa obutūkirivu, ne-
bigambobyo bye birikusinza omusāngo.
38 Awo abawandisi abalala na Bafarisayo nebamu'damu neba-
gamba nti Omuigiriza, twagala otulage akabonero tukalabe.
39 Naye na'damu nābagamba nti Abemirembe emibi era egyo-
bwenzi banonya akabonero : 'sō tebaliwebwa kabonero wabula
40 akabonero ka na'bi Yona : kuba nga Yona bweyamala enaku
esatu, emisana nekiro, mu lubuto lwa lukwata ; bwatyo no
Mwāna womuntu bwalimala enaku esatu, emisana nekiro, mu
41 mutima gwe'taka. Abantu abe Nineve baliīmirira mu mu-

---

33. *oba mufule omuti omulungi, neb.*] Kale mwemaliriremu omulundi gumu ; mufule omuti omulungi nebibala byagwo birungi, oba omuti mubi nebibala bibi, naye bwemubanga mulabye nga ebikolwa byange bye birungi nange era mumpite omulungi ategase ne Beelzebuli.

34. *abana bemisota*] Lab su. 3. 7.

*ebijula mu mutima*] ebigambo biva ku kujula kwa mutima—gujula negulyoka guyika—(Mu Ma'ko 8. 8).

35. *terekero*] oba gwanika (mu. su. 2. 11) kikyusibwa "nsawo."

36. *ekitalimu*] kye kitainza kugasa. Tekimala bigambo obutaba bibi, byagala okubera byakugasa. Era ku musango ogwenkomerero abantu balisalirwa si olwokukola obubi kwoka era naye nolwobutakola bulungi (Su. 25. 45).

37. *nebigambobyo*] ebigambobyo birifuka ensonga ekuwesa obutukirivu oba ekusinzisa omusango. Engeri eyomuntu erabika mu bigambobye. Twogera bulijo ku womukwano nti Tumanyi bulungi byanayogera ku kino oba ku kiri.

38–42. ABAFARISAYO BASABA AKABONERO.

38. *twagala otulage akabonero tukalabe*] ge magezi agokubiri Abafarisayo gèbasala nga bamaze okutesa okuzikiriza Yesu.

39. *egyobwenzi*] nga lyawulibwa ne Katonda ; kye kifananyi kyetusanga emirundi emingi mu bitabo bya Ba'nabi ngabategeza Abaisraeli bwebali bajemede Yehova (Yakuwa).

40. Yona ke kabonero (1) kubanga yalinga eyazukira mu bafu kwenkana, (2) kubanga yali mubulizi owobutukirivu eri emirembe egyali gyetaga okwenenya era nga abe mirembe gino bwebali.

*lubuto lwa lukwata*] Mu Nda. Enk. "lubuto olwe kyenyanja" (Yon. 2. 1) " ekyenyanja ekinene " (Yon. 1. 17).

41. *mu musango wamu*] okuimirira ku lunaku olwo musango

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

sāngo wamu nabantu abemirembe gino, era balibasinza omu-
sāngo: kubanga Yona bweyababūlira nebenenya; era, laba,
asinga Yona ali wano. Kabaka omukazi owomubukika obwa- 42
dyo aliīmirira mu musāngo wamu nabantu abemirembe
gino, era alibasinza omusāngo; kubanga yava ku nkomerero
yensi okuwulira amagezi ga Sulemani; era, laba, asinga
Sulemani ali wano. Naye setani omubi bwava mu muntu 43
atambula mu nsenyi enkalu, nga anonya awokuwu'mulira, naye
wabulwa. Kale agamba nti Na'dayo mu nyumba yānge mwe- 44
nava; bwatūkamu, bwagiraba nga njerēre, enyiri'de, ngerongō-
sebwa. Awo nagenda, aleterako basetani abalala musānvu 45
abamusinga obubi, nabo bwebaingira bebēra omwo: nebyoluva-
nyuma ebyomuntu oyo birisinga obubi ebyoluberyeberye.
Bwekiriba bwekityo eri abemirembe gino emibi.
Bweyali ngakyayogera nebibīna, laba, nyina ne bagandabe 46
bāli baīmiri'de bwēru, nga bagala kwogera naye. Omuntu 47
nāmugamba nti Laba, nyoko ne bagandabo baīmiri'de bwēru,

---

wamu—Abenineve bwebaliimirira ku lunaku olwo musango awamu nabantu abe mirembe gino okwenenya kwabwe kulibasalira Abayudaya abatenenya omusango.

42. *Kabaka omukazi owomubukika obwadyo*] Ye Kabaka owe Sheba ekitundu kye Buwarabu ekye manga (1 Basek. 10. 1).

43–45. EKIFANANYI EKITEGEZA ABE MIREMBE GIRI NGA BWEBALI BAITIRIDE MU BIBI. LUKA 9. 24–26.

Kristo yali ayogera ku "Migigi gino"; kakano agigerageranya nemigigi egyeda. Abayudaya abeda bali ngomuntu akwatidwa basetani abangi.

43. *nsenyi enkalu*] amalungu agatalimu ma'zi era omutali bantu Abayudaya bagalowozako okubera ekifo basetani webaberanga.

44. *njerere*] okugoba ekibi tekufula muntu okuba owa dembe eri ekibi, si kirungi omutima gwe okusigala nga mulimu ebanga.

45. *Bwekiriba bwekityo eri emirembe gino emibi*] Israeli balinga bamaze okugoba setani owokusinza ebifananyi, ekibi ekyabayononа eda, naye basetani abasinga obubi bali bamaze okuingiramu —bunanfusi era nobukakanyavu obwo mutima.

46–50. YESU ANONYEZEBWA NYINA NEBAGANDABE.

NYINA NABAGANDA BA YESU ABAMAZIMA NGA BWEBALI.

Ma'ko 3. 31–35; Luka 8. 19–21.

Mu Basunoptiki bonsatule ebigambo byagala okugendera wamu. Naye mu Ma'ko 3. 21, ne 30, 31, tutegezebwa ensonga eyabaleta— "Ababe bwebawulira nebafuluma okumukwata, kubanga bagamba nti Alaluse" (lu. 21). Era bwetulaba mu nyi. 30, 31, tulowoza nti Abafarisayo balinganga bategeza mikwano gye nti Aliko setani nebalyoka (lu. 31) baja okumukwata. Era ge magezi amalala gebasala okuzikiriza Yesu, lab. nyi. 14 ne 38.

47. *bagandabo*] Tetumanyi bulungi kukakasa obanga bano bali (1) bagandabe dala, bana ba Yusufu ne Maryamu, oba (2) bana ba

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

bagala kwogera nāwe. Naye na'damu nāgamba oyo amubūli'de
49 nti Ani mānge? bāni baganda bānge? Nāgolola omukono eri
abaigirizwabe, nāgamba nti Laba, mānge ne baganda bānge!
50 Kubanga buli akola Kitānge ali mu 'gulu byayagala, ye
muganda wānge, ye mwanyinaze, ye mānge.
13 Ku lunaku olwo Yesu nāfuluma munju, nātūla ku nyanja.
2 Ebibīna bingi nebimukung'anirako, nokusābala nāsābala mu
3 lyāto, nātūla; ekibīna kyona nekiīmirira ku 'tale. Nāyogera
nabo bingi mu ngero, ngagamba nti Laba, omusizi yafuluma oku-
4 siga; bweyali ngasiga, (ensigo) endala nezigwa ku ma'bali ge-
5 'kubo, enyonyi nezi'ja nezizirya: endala nezigwa awali enjāzi,
awatali 'taka lingi; amangwāgo nezimera, Kubanga tezā-
6 lina 'taka gwānvu: enjuba bweyavayo, neziwotōkerera; ku-
7 banga tezalina mizi, nezikala. Endala nezigwa ku ma'gwa;
ama'gwa negamera, negazizisa: endala nezigwa ku 'taka edūngi,

---

Yusufu nemukaziwe omulala gweyasoka okuwasa, oba (3) bakika buka, bana ba muganda wa Maryamu. Tusoma amanya gabwe mu su. 13. 55, mulabe ebitegezebwa awo.

49. *Laba mange ne baganda bange*] Obulamu obugya omuntu ngabafunye, bukyusa ebyeda. Omuntu azalibwa Omwoyo aingira mu kika ekigya.

50. *buli akola Kitange ali mu gulu byayagala*] "bano abawulira ekigambo kya Katonda nebakikola" (Luka 8. 21).

SURA 13. 1–9. YESU AIGIRIZA MU NGERO.

OLUGERO OLWO MUSIZI.

Ma'ko 4. 1–9; Luka 8. 4–9.

1. *natula*] nga abasomesa Abayudaya bwebakolanga nga baigiriza.

*ku nyanja*] Ku lui olwengulu olwe nyanja eye Genesareti waliwo emivo emitonotono eryato weryandiinzi'za okusiba mirembe okumpi netale era ebibina gyebandiinzi'za okutula ku lukalu ku lui ne lui ngabawuliriza awatali kukowa. Era ku mivo gino etale lijude namainja amanene amaterevu nga gafanana ngentebe ezitekebwawo okutuza abantu obulungi.

3. *mu ngero*] Okutusa kakano Yesu yali abulide ebyokwenenya ngategeza obwakabaka era namateka gabwo. Naye kakano abulira mu ngero bwebukirizibwa era bwebukula era bwebufanana, era ebiribubako mu maso. Ensonga eyamuigirizisa bwatyo tutegezebwa wansi, nyi. 10–15.

Olugero—"ekifananyi" oba "okugeragerayna." Engero nga zino byebifananyi ebye bigambo ebiinza okubawo, era okubawo bibawo bulijo, so tezifanana ngengero eziyiizibwa obuyiizibwa. Ziigiriza ebigambo ebyomwoyo ebyedini so si bigambo ebyempisa obuisa.

4. *ku mabali gekubo*] ge makubo agayawula mu nimiro.

5. *awali enjazi*] olwazi olwa wansi nga lubikidwako ne taka etonotono. Omusana bwegubanga gwase nyo ku taka nga eryo gubugumya olwazi wansi era gumerusa mangu eng'ano era naye oluvanyuma gugiwotosa mangu.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nezibala e'mere, endala kikumi, endala nkāga, endala makumi 8
asatu. Alina amatu, awulire. 9
Abaigirizwa neba'ja nebamugamba nti Kiki ekikwogeza nabo 10
mu ngero? Na'damu nābagamba nti 'Mwe muwere'dwa oku- 11
manya ebigambo ebyekyāma ebyobwakabaka obwomu'gulu,
naye bo tebawere'dwa. Kubanga buli alina, aliwebwa, era ali- 12
su'kirirawo: naye buli atalina, ali'gyibwako nekyalinakyo.
Kyenva njogera nabo mu ngero; kubanga bwebalaba tebalaba, 13
bwebawulira, tebawulira, 'sō tebategēra. Naye Isaya byeyala- 14
gula bibatūkiriri'de, ebyayogera nti.

Muliwulira buwulizi, naye temulitegēra;
Muliraba bulabi, naye temulyetegēreza:
Kuba omutima gwabantu bano gusavuwa'de, 15
Namatu gābwe gawulira bubi,
Namaso gābwe bagazibye;
Baleme okulaba namaso, nokuwulira namatu,
Nokutegēra nomutima,
Nokukyūka,
Nembawonya.

---

8. *endala kikumi*] Ensigo zona tezenkana kubala. Sayiri ekira eng'ano, era "kasoli omweru lusi abala bwatyo ekikumi."

10–17. ENSONGA YESU OKUIGIRIZA MU NGERO.

Ma'ko 4. 10–12; Luka 8. 10.

10. *ngero*] Olugero lugasa (1) abataigirizibwanga kubanga luwoma era ate kubanga lubikula ebyomwoyo nga bwebainza okubitegera; era lugasa (2) abalina okutegera okwomwoyo kubanga lulimu ekyama kyebainza okuvumbula olwamagezi gabwe ago mwoyo (3) kubanga amagezi gona agamazima bwegafanana. Oyo yeka anonya alaba. Mu byona, oba bya Katonda, oba bya bantu atanonya, alaba naye tategera. Byetulaba bulijo biinza okutuigiriza ebigambo ebisingira dala obukulu nga bifuka nga ngero gyetuli (4) Amagezi ga Katonda okuigiriza bwegatyo galabise dala. Engero ziingide mu kulowoza ne mu kwogera okwa bantu (so si Bakristayo boka) okusinga okuigiriza kwona okwengeri endala; kyetulaba nga tujukira ebigambo nga bino nti "talanta," "ekizimbulukusa," "etabaza etekebwa wansi wekisero," "okuzimba ku musenyu."

11. *ebigambo ebyekyama ebyobwakabaka obwomugulu*] bye bibyo abategezebwa boka byebategera—abaingide byebaigirizibwa. Paulo O. aita bino "ebyama"—Enjiri okubunyizibwa mu Mawanga, Bef. 3. 3, 4, 9; ate Okuigiriza okwokuzukira, 1 Kor. 15. 51; era Abayudaya okukyusibwa Bar. 11. 25.

12. Laba su. 25. 22.

14. Isaya 6. 9, 10. Biri ku bigambo ebyobubaka bwa Isaya.

15. *omutima gwa bantu bano gusavuwade*] Abeda balowozanga ku mutima okubera ekifo kya magezi. *Gusavuwade* era kyeguva gufuke ogwo busirusiru.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

16 Naye amaso ga'mwe galina omukisa, kubanga galaba ; namatu
17 ga'mwe, kubanga gawulirā. Kubanga mazima mbagamba nti
Bana'bi bāngi nabantu abatūkirivu abegōmbānga okulaba bye-
18 mutunulira, 'sō tebābiwulira. Kale 'mwe muwulire olugero lwo-
19 musizi. Buli awulira ekigambo ekyobwakabaka, nga takitege-
'de, omubi oyo a'ja, nākwa'kula ekisigi'dwa mu mutimagwe.
20 Oyo ye yasigibwa ku ma'bali ge'kubo. Noyo eyasigibwa awali
enjāzi, yoyo awulira ekigambo, amangwāgo nāki'kiriza nesa-
21 nyu ; naye talina mizi mundaye, naye alwāwo katono ; bwewa-
bawo enaku nokui'ganyizibwa olwekigambo, amangwāgo yesi-
22 tala. Noyo eyasigibwa mu ma'gwa, yoyo awulira ekigambo ;
nokweralikirira Kwensi, nobulimba bwobuga'ga, bizisa ekiga-
23 mbo, naye tabala. Noyo eyasigibwa ku 'taka edūngi, yoyo
awulira ekigambo, nākitegēra ; abala dala ebibala, omulala
aleta kikumi, omulala nkāga, omulala makumi asatu.
24 Awo nābaletera olugero olulala nāyogera nti Obwakabaka
obwomu'gulu bufananyizibwa nomuntu eyasiga ensigo enūngi
25 mu nimiroye : naye abantu bwebāli bebase omulabewe na'ja

---

16. *amaso gamwe galina omukisa*] Abaigirizwa balina amagezi okutegera okutegezebwa okwengero naye okutegeza ebibina ebitaigirizibwa kwandibade kwa bwerere.

18–23. OLUGERO OLWO MUSIZI LUTEGEZEBWA.

Ma'ko 4. 14–20 ; Luka 8. 11–15.

19. Abamu bawulira ekigambo kya Katonda kya bwerere, emitima gyabwe nga tegigasibwa.

21. *bwewabawo enaku nokuiganyizibwa*] Yesu wano ategeza Abakristayo bwebaliiganyizibwa era nti "okwagala kwabasinga obungi kuliwola," su. 24, 12.

*yesitala*] lab. ku su. 5, 29. Byona tebigenda bulungi nga bweyali asubira. Bweyalowozako ebyo ku musalaba Yuda yagwamu obunyikivu. Ne Ma'ko mpo'zi yalinga yesitala ekisera e Perga.

22. *nokweralikirira kwensi, nobulimba bwobugaga*] Ma'ko O. ayongera nekino "nokwegomba kwebirala byona," Luka O. "nesanyu eryomubulamu buno." Ebigambo ngebyo bye biziiza Omukristayo obutatambula bulungi. Era mulabe nebikolebwa ensi Kristo byeyayogerako, mu kisera ekyo Mujuzi, era Sodomu ne Gomora bwebyazikirizibwa, era ne ku kuja kwo Mwana womuntu (Luka 17. 26–30).

24–30. OLUGERO OLWENG'ANO EYO MUNSIKO.

Tulusanga munjiri ya Mathayo yoka.

25. *abantu bwebali bebase*] kwe kugamba nti ekiro. Ekigambo kino tekiingizibwa Mukamawafe ngategeza olugero luno.

*nasigamu eng'ano eyomunsiko*] Abatambuze bayogera nti nekakano bakola bwebatyo abetima e Buvanjuba era newalala.

*eng'ano eyomunsiko*] Eng'ano eno eyomunsiko efananamira dala neng'ano ngekyali nto, kizibu nyo okwawulamu. Era tulaba bwetutyo, nga mu lugero luno, abalungi nababi olusi befananira dala mu maso ga bantu. Olunaku lwomusango lulibayawulamu.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nāsigamu eng'āno eyomunsiko mu ng'āno, nāgenda. Naye 26
bweyameruka, bweyayanya, nerabika neng'āno eyomunsiko.
Aba'dube neba'ja nebagamba omwāmi nti Sebo, tewasiga nsigo 27
nūngi mu nimiroyo? kale yali etya okubamu eng'āno eyomu-
nsiko? Nābagamba nti Omulabe ye yakola atyo. Aba'du neba- 28
mugamba nti Kale oyagala tugende tugikōlemu? Naye nāga- 29
mba nti Ne'da; mpo'zi bwemunāba mukōlamu eng'āno eyomu-
nsiko, muna'gyiramu neng'āno. Muleke bikule byōmbi bitūse 30
amakūngula: mu biro ebyamakūngula ndigamba abakūnguzi
nti Musoke mukung'anye eng'āno eyomunsiko, mugisibe emi-
gānda eyōkebwe: naye eng'āno mugikung'anyize mu 'gwanika
lyānge.
Nābaletera olugero olulala, ngagamba nti Obwakabaka obwo- 31
mu'gulu bufanana nakaweke ka karadali, omuntu keya'dira,
nākasiga mu nimiroye: nako nga ke katono okusinga ensigo 32
zona; naye bwekakula, nekaba kanene okusinga omu'do gwona
nekaba omuti, nenyonyi ezomubānga nga zi'ja, nga zibēra ku
matabi gagwo.
Nābagamba olugero olulala nti Obwakabaka obwomu'gulu 33
bufanana nekizimbulukusa, omukazi kyeya'dira, nākikisa mu
bu'bo busatu obwobu'ta, nokuzimbulukuka nebuzimbulukuka
bwona.

---

Okuva eda abantu bagezangako okubawulamu naye era nga balemwa. Olugero olweng'ano eyomunsiko lugoberera olwo musizi bulungi. Olwo musizi luigiriza nga obwakabaka obwa Katonda tebuja kuingiza bona; bona tebainza kukiriza ekigambo. Wano tuigirizibwa nti Ekanisa eya mazima si yemu ne Kanisa erabika. Abamu abafanana okufugibwa Kabaka si be bafuge dala.

31–33. (1) OLUGERO OBWAKAWEKE KA KARIDALI.
(2) OLUGERO OLWEKIZIMBULUKUSA.

(1) Ma'ko 4. 30–32. (1) ne (2) Luka 13. 18–21.

Engero zino ziigiriza ebyokukula kwa Kanisa; olusoka nga luigiriza okukula kwayo okwokungulu, olwokubiri okukula okwomunda.

31. *omuntu keyadira, nakasiga*] Ma'ko—" ako, bwekasigibwa" ngatayogerako kwoyo asiga.

32. *katono okusinga ensigo zona*] ensigo ya karidali yali efuse ngolugero mu Bayudaya. Si ye ntono dala okusinga ensigo zona naye ngesinga bwogigerera ku muti oguvamu.

*zibera ku matabi gagwo enyonyi*] ezimu ziwomerwa ensigo za karidali kyeziva zitula ku matabi nga zirya. Mu Luyonani "zisisira" nga mu wema. Nga Abaisraeli bwebazimba ensisira ku mbaga eye bisisira namatabi agemiti. Karidali tefuka muti munene nyo naye tutegezebwa olusi nti guinza okwenkana obuwanvu nomuntu nga yebagade embalasi. Gwe muti onunene bwobanga ogugerede kuuva endala.

33. *nekizimbulukusa*] wabula mu lugero luno ekizimbulukusa kye kifananyi kye kibi; lab. "Ekizimbulukusa ekitono kizimbu-

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

34 Ebigambo ebyo byona Yesu yabigamba ebibīna mu ngero;
35 naye awatali lugero teyabagamba kigambo: kitūkirire ekyayo-
gererwa mu na'bi, ngagamba nti

Ndyasamya akamwa kānge mu ngero;
Ndireta ebigambo ebyakwekebwa okuva ku kutōndebwa
Kwensi.

36 Awo nāsībula ebibīna, nāingira munju: abaigirizwabe neba-
'ja wali, nebagamba nti Tutegēze olugero olweng'āno eyomu-
37 nsiko eyali mu nimiro. Na'damu nāgamba nti Asiga ensigo
38 enūngi ye Mwāna womuntu; enimiro ye Nsi; ensigo enūngi,
abo be bāna bobwakabaka; neng'āna eyomunsiko be bāna bo-
39 mubi; omulabe eyagisiga ye Setani: amakūngula ye nkomerero
40 yensi; nabakūnguzi be bamalaika. Kale ngeng'āno eyomunsiko
bwekung'anyizibwa bweyōkebwa mu muliro; bwekityo bwe-
41 kiriba ku nkomerero yensi. Omwāna womuntu alituma bama-
laikabe, nabo bali'gyamu mu bwakabakabwe ebintu byona
42 ebisitaza, nabo abakola obubi, balibasūla mu kikōmi ekyo-
muliro: mwe muliba okukāba amaziga nokuluma obujigi.
43 Kale abantu abatūkirivu balimasamasa ngenjuba mu bwaka-
baka bwa Kitābwe. Alina amatu, awulire.

---

lukusa ekitole kyona," Bag. 5. 9; 1 Kor. 5. 6; era "Mugyemu ekizimbulukusa ekyeda," 1 Kor. 5. 7. Era ne mu byawandikibwa ebya Ba-Rabi. Okulowoza bwekutyo kwalinga kwava mu kizimbulukusa okuganibwa ku mbaga ya Pasaka (Okuitako). Era naye ekizimbulukusa okukolanga mu kyama era nokubunanga wona wona kiigiriza bulungi okukula okwe Kanisa nga bwekuli, (1) kye kibina ekigenda nga kibunya wona empola empola era mu kyama, era bwekityo bwekyatībwa abafuzi Abarumi oluvanyuma; (2) era ge manyi agatategerwa oluberyeberye agakulira mu bulamu obwomuntu.

Era ne Sir Bartle Frere ngayogera ku mirimu nga bwebasomesa edini e Buhindi agamba nti "Edini empya zikirizibwa mpola mpola era mu kyama, oluberyeberye nga tezirabika mu lwatu naye oluvanyuma ogenda okulaba nga zikute abantu bangi."

*bi'bo busatu*] mu Luy. "seah." Ne mu Lub. 18. 6, Ibramu yalagira Sala nti "Tekateka mangu ebigero (seah) bisatu ebyobuta, obugoye, ofumbe emere."

35. Zab. 78. 2. Ebigambo bino tebigendera dala wamu nebyo mu LXX. Bigyibwa mu Luebraniya. Zaburi edirira ebigambo bino etujukiza ebigambo bya Baisraeli okuva mu Kuva mu Misiri okutusa ku kufuga kwa Daudi.

36–43. OKUTEGEZA OLUGERO OLWENG'ANO EYOMUNSIKO.

Mu Njiri ya Mathayo yoka.

39. *nkomerero yensi*] laba era nyi. 40, 49 ne su. 24. 3; 28. 20; ne Beb. 9. 26.

43. *abatukirivu balimasamasa ngenjuba*] lab. Dan. 12. 3. "Nabo abalina amagezi balyakayakana ngokumasamasa okwomu banga."

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Obwakabaka obwomu'gulu bufanana nekyobuga'ga ekyakisi- 44
bwa mu lusuku; omuntu nākiraba, nākikweka; nolwesanyulye
nāgenda nātūnda byalinabyo byona, nāgula olusuku olwo.
Nate, obwakabaka obwomu'gulu bufanana nomuntu omutūnzi 45
anonya erulu enūngi: bweyalaba erulu emu eyomuwendo omu- 46
ngi, nāgenda nātūnda byalinabyo byona, nāgigula.
Nate, obwakabaka obwomu'gulu bufanana nekiragala, kyeba- 47

---

44. OLUGERO OLWEKYOBUGAGA EKYAKISIBWA.

Mu Njiri eno yoka.

44. Mu biro ebyeda era munsi etanaba kuteka nga Palestina bweyali, era nga temwali "banki" bakisanga ebyobugaga nga basima mu taka. Nokutusa kakano Abawarabu bayo bamanyi bwekiinzika okuzūla obugaga obwakisibwa bwebutyo. Eyagula olu·uku okubera omubi kwenkana tekiingira wano wabula bino, okugukirira obugukirizi obugaga, era nokusanyuka era nokunyikira enyo okugula olusuku newakubade nga balamula omuwendo omunene gutya.

*omuntu nakiraba*] Tulaba wano obwakabaka obwomu gulu okulabika gyebutalowozebwako "Kristo alabidwa omu atanonyanga" (Isa. 65. 1).

Omukazi owe Samariya, omukumi owekomera e Filipi, omutongole awali omusalaba.

*natunda byalinabyo byona*] Bona abagala okuingira mu bwabakabaka kibagwanide okwerekereza bwebatyo su. 10. 38. Era Paulo bwatyo yaleka ekitibwa, Mathayo obugaga, Barnaba ebyalo.

*nagula olusuka olwo*] yeteka mu kifo mwainza okuima okutuka mu bwakabaka.

45–46. OLUGERO OLWERULU EYOMUWENDO OMUNGI.

Mu Mathayo O. yoka.

Wano tutegezebwa ebyomuntu afuna kyabade anyikiride okufuna. Omuyudaya oba Omuyonani "abanonya Katonda" ngabalina erulu nyingi naye nga tezibamala okubasanyusa, bali banonya endala ezasinga omuwendo nebalyoka bavumbula emu nebalyoka bavamu byabwe byona balyoke bagifune; omu ngaleka okwesiga okukumanga amateka, omulala obufilosofobwe.

45–50. OLUGERO OLWEKIRAGALA.

Mu Mathayo O. yoka.

47. *nekiragala*] Luy. "sagina"—kye kiragala ekinene ekyawalulwanga. Bakwata olui olumu olwekiragala ku tale, olui olulala nga baluwalula okuima mu lyato nebalyoka balu'za ku tale. Bakwasanga bwebatyo ebyenyanja bingi. Era na Bangreza bakyakola bwebatyo mu masaza ge Devon ne Cornwall.

Olugero luno luigiriza ebimu ebyenkana nebyo byetuigirizibwa mu lugero olweng'ano eyomunsiko. Mu zombi tulaba bulungi nobubi bwebutabudwa awamu mu Kanisa erabika era naye bwebiriyawulibwamu kunkomerero. Naye mu lugero luno tusinga okutegezebwa ebyabantu okuingira mu Kanisa. Abawereza ba Kristo

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

48 sūla mu nyanja, nekikung'anya (ebya) buli ngeri: bwekya'jula,
nebakiwalulira ku 'tale; nebatūla, nebakung'anyiza ebirūngi
49 mu nkānga, ebibi nebabisūla. Bwekityo bwekiriba ku nkome-
rero yensi: bamalaika bali'ja, balyāwulamu abantu ababi mu
50 batūkirivu, balibasūla mu kikōmi ekyomuliro: mwe muliba
okukāba amaziga nokuluma obujigi.
51 Mubitege'de ebigambo bino byona? Nebamugamba nti We-
52 wawo. Nābagamba nti Buli muwandisi eyaigirizibwa ebyobwa-
kabaka obwomu'gulu, kyava afanana nomuntu alina enyumba-
ye, a'gya mu terekerolye ebintu ebigya nebika'de.
53 Awo olwātūka Yesu bweyamala engero zino, nāvayo. Bwe-
54 yatūka munsi yewābwe nābaigiriza mu kung'aniro lyābwe,
nokuwunīkirira nebawunīkirira nebagamba nti Ono ya'gya wa
55 amagezi gano, nebyamānyi bino? Ono siye mwāna womuba'zi?

---

tebalirema kuingiza abantu abengeri zona, abalungi era nababi. Mu lugero olweng'ano eyomunsiko tuigirizibwa obutagobanga bantu mu Kanisa nga tusubira okumalamu obubi. Olwo luigiriza ebyekanisa eyakakata eda. Luno luigiriza ebye Kanisa ngekyazimbibwa. Tuigirizibwa wano nga tekiinzika kuziiza abatasana okuingira mu Kanisa.

51, 52. ABAWANDISI ABOBWAKABAKA OBWO MU GULU.

52. *eyaigirizibwa ebyobwakabaka obwomugulu*] Amateka amagya gagala abawandisi abagya abaliigirizibwa ebyobwakabaka obwomugulu—ebyama byabwo, amateka gagwo era nebigenda okububako—nga Abawandisi Abayudaya bwebaigirizibwanga ebyomumateka aga Musa.

*ebintu ebigya nebikade*] (1) Nga nanyini nyumba bwagya mu terekerolye oba mu gwanikalye ebintu ebikade ebyasikirwa okuva eda nebintu ebigya byakaja afune; nabaigirizwa bwebatyo balikola nga Mukamawabwe bweyakola, nga baigiriza okuigiriza okwamazima okwa Mateka ageda, era nga bayongerako nebigambo ebigya ebyo Bukristayo byebaigiriza. (2) Abalala bagamba nti Kristo yali ayogera kumpisa ezebiwebwayo ebya Bayudaya, olusi nga bawayo kung'ano eyakaja ekungulibwe era naye olusi nga batola kweyo eyakungulibwa mu mwaka oguise. Nanyini nyumba bwabanga alina amagezi yabanga nga yetesetese buli kisera. Era noyo aigiriza ebya Kristo anainzanga okuigiriza ekinagasanga buli kisera.

53–58. NA'BI MUNSI YEWABWE.

Ma'ko 6. 1–6.

Mu Ma'ko tusanga ebigambo bino wakati womuwala wa Yairo okuwonyezebwa ne Kumi nababiri okutumibwa. Mu Luka 4. 16–30, tusoma byona Kristo byeyabulira mu sunagogi. Naye bangi balowoza nti ebyo mu Luka byali mu kisera ekirala Kristo ngageuze e Nazareti olulala nga bino tebinabawo.

54. *munsi yewabwe*] Nazareti nensi eyaliranawo.

55. *mwana womuba'zi*] "Si ye wuno omuba'zi" (Ma'ko) Buli Muyudaya yaigirizibwanga okukola emirimu nomwana womuba'zi

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nyina si gwebaita Maryamu? ne bagandabe Yakobo, ne Yusufu,
ne Simoni, ne Yuda? Ne banyina bona tebali wa'fe? Kale 56
ono ya'gya wa ebigambo bino byona? Nebamunyīgira. Naye 57
Yesu nābagamba nti Na'bi tabulwa kitībwa, wabula munsi
yewābwe, ne mu nyumba yewābwe. 'Sō teyakolayo bya magero 58
bingi olwobuta'kiriza bwābwe.
MU biro biri Herode owesaza nāwulira etutumo lya Yesu, 14

---

yandiinzi'za okuigirizibwa egyobuwandisi, naye bona bamanya nga Yesu teyaigirizibwanga nga abawandisi bwebaigirizibwanga.

*bagandabe*] balinga be bana ba Yusufu ne Maryamu. Abantu tebandirowoze'za ebirala singa tewali abaigirizwanga ku Maryamu okubera omuwala emberera enakuze zona.

Olwokuigiriza kuno (1) abamu batebereza nti " Baganda ba Mukamawafe " bali ba kika buka nga be bana ba Kleopa (oba Alfayo) ne Maryamu, muganda wo Muwala Maryamu. (2) Abamu bagamba nti be bana ba Yusufu nomukazi omulala gweyasoka okuwasa. Naye abatebereza bwebatyo tebalina kyebasinzirako mu Byawandikibwa, songa ebigambo byamu ebirimu biwakana nokutebereza kwabwe. Okubateberezako okubera abana ba Yusufu nomukazi omulala kusinga okubateberezako okubera abe kika obuka okutabagana nebyo byetusanga mu Njiri.

SURA 14. 1–12. HERODE OWESAZA OKU'TA YOHANA OMUBATIZI.

Mu Ma'ko 6. 14–29, tusoma nga yatebereza nebirala ku Yesu, " ye Eliya " " Nabi, ng'omu ku banabi." Luka O. atutegeza ensonga eyamusibya, 3. 19, 20; era ebyateberezebwa ku Yesu 9. 7–9.

1. *Mu biro biri*] Ekumi nababiri bwebali nga batambude, lab. Ma'ko 6. 7–14.

*Herode*] Ye Herode Antipa, owesaza (tetrarch) owe Galilaya ne Periya. Yali mwana wa Herode Omukulu ne Malthake omukazi Omusamariya era eyazala ne Arkelao ne Olumpia. Yasibuka bwatyo mu Bamawanga era nokukula yakulira mu Bamawanga kubanga yakulira e Rumi awamu nomugandawe Arkelao. Yasoka okuwasa omuwala wa Areta, Kabaka we Buwarabu era oluvanyuma mukaziwe oyo ngakyali mulamu, yawasa Herodiya muka mugandawe Filipo, so si Filipo owesaza owe Ituriya naye mulala atalina bwami. Yali mukambwe era mubi, ngasalira abantu enkwe, era yasingira dala obubi abajozi bona. Yasala amagezi ngayagala okuitibwanga Kabaka so si owesaza, bye byamutwala ne Rumi "okulya obwakabaka alyoke akomewo." (Luka 19. 12). Naye yaziizibwa kubanga omujwawe Agri'pa yamusalira olukwe, nebamugobera e Lyons ngabamulanga okwegata ne Sejano mu byobujemu. Herodiya yafuka ngomulabe gyali kubanga ye yamuwa amagezi, okukola ebigambo ebyo byombi ebyamuzikiriza, okusoka okumu'ta Yohana Omubatizi okwamukyaisa mu Bayudaya ate okugezako okuwebwa obwakabaka, okwava okujezebwa kwe nokugobebwa. Naye tulaba Herodiya bweyali omulungirungi kubanga yagenda naye nga bamugoba nasakimu naye mu naku nga bweyali asiza kimu naye mu



Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

2 nāgamba aba'dube nti Oyo ye Yohana Omubatizi ; azūki'de mu
3 bafu ; era ebyamānyi bino kyebiva bikolera muye. Kubanga
Herode yali aku'te Yohana nāmusiba, nāmuteka mu komera
4 olwa Herodiya, mukazi wa Filipo mugandawe. Kubanga
5 Yohana yamugamba nti Kya muzizo 'gwe okubēra naye. Bwe-
yali ayagala okumu'ta, nātya abantu, kubanga bāmulowōza nga
6 ye na'bi. Bwerwatūka olunaku (olwoku'jukira) amazālibwa
ga Herode, omuwala wa Herodiya nāzina mu maso gābwe, nāsa-

---

bugaga. Byeyatesa ku Mukamawafe tulaba mu Luka 13. 31 ; era byeyakola mu naku ezokubonyabonyezebwa kwa Kristo tulaba mu Luka 23. 6–12.

*owesaza*] oba "tetrarch," ye wuyo eyafuganga ekitundu ekyokuna ekyensi ; oluvanyuma ne Kabaka omuto yaitibwanga bwatyo ngafuga esaza edamba. Nono Herode Antipa aitibwa Kabaka, lu. 9, ne mu Ma'ko 6. 14.

2. *azukide mu bafu*] kwetutegera nga Herode teyakiriza nga Abasadukayo nti tewali kuzukira.

*kyebiva*] kubanga azukide kyava alina obuinza buno. Nabino binyuweza byetusoma mu Yoh. 10. 41. nti Yohana teyakola kyamagero ngakyali mulamu.

3. *komera*] E Makiro mu Periya, emitala we buvanjuba we Nyanja Efu, okumpi nensalo eyemanga (southi) Antipa yalina enyumba era nekomera wamu mu kifo ekyo nga bwebaisa e buvanjuba. Laba Neh. 2. 25, "nekigo ekyazimbibwa ku nyumba eyengulu eya Kabaka eriranye olugya olwabambowa." Nekakano e Makiro amazimba gakyalabika, age komera mbu Yohana mweyasibirwa. Herode mu kisera kino yali asulawo ngalwana nemukodomiwe Areta gweyali azi'zako omusango. Herode yagoberwa dala era abantu bona bagamba nti gwe musango gweyasalirwa nga abonerezebwa olwebyo byeyakolera Yohana.

4. *Kya muzizo gwe okubera naye*] Era mu Luka 3. 19, tutegezebwa nti Herode yanyenenyezebwa "nolwe bigambo ebibi byona Herode byeyakolanga." Mu sara eyolunaku lwa Yohana Omubatizi tusaba bwetuti nti "tunenye ebibi nobugumu," nga Yohana bweyakolanga.

*okubera naye*] i.e. okumuwasa. Lab. 1 Kor. 1. 15.

5. *Bweyali ayagala okumu'ta*] Mu Ma'ko O. tutegezebwa nti Herodiya yali anyikide nyo okwagala Yohana oku'tibwa naye Herode, ngatya omusibewe era nga amusanyukiramu, yagana okumugyako obulamu. Mu Ma'ko tutegezebwa okubuzaganya okwaliwo mu lubiri era mpo'zi abamu ku bantu ba Herode bali bafuse abaigirizwa ba Yohana mu kyama.

*natya abantu*] Ekyaziiza omujozi ono era kye kyaziiza na Bafaayo. Su. 21 26.

6. *omuwala wa Herodiya*] Salome; oluvanyuma yafumbirwa Herode Filipo owesaza, era ye bweyafa nafumbirwa Aristobulo, omu'zukulu wa Herode Omukulu.

*nazina mu maso gabwe*] yalinga azina nga okuzina okwa Baganda

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nyusa Herode. Awo nālāira nāsūbiza okumuwa kyona kyona 7
kyanāsaba. Naye, bweyawererwa nyina, nāgamba nti Mpera 8
wano mu lutiba omutwe gwa Yohana Omubatizi. Kabaka 9
nālūmwa; naye olwebirāirobye, nolwabo abali batu'de nga
balya naye, nālagira okugumuwa; nātuma, nātemako Yohana 10
omutwe mu komera. Nebaleta omutwegwe mu lutiba, neba- 11
guwa omuwala: nāgutwālira nyina. Abaigirizwabe neba'ja, 12
nebasitula omulāmbo, nebamuzīka; nebagenda nebabūlira Yesu.
Awo, Yesu bweyawulira, nāvirayo mu lyāto (nāgenda) awali 13
e'dūngu kyāma: ebibīna bwebyawulira, nebiva mu bibuga nebi-
mugoberera (nga biita) ku lukalu. Nāvawo, nālaba ekibīna 14

---

bwekuli ne Horace yawandika nategeza egwanga bweryali nga liyononese nti nabawala ababakungu bali baize okuzina bwebatyo. Herode yandibalabye nga bazina bwebatyo e Rumi. Lab. ku lu. 3.

8. *lutiba*] Ekintu ekiterevu ekyomuti nga esowani kyebajuliarangako enyama.

11. *nagutwalira nyina*] okuwalana kwa Herodiya kutujukiza ebigambo bya Fulvia eyakomereza omutwe gwomulabe we Sisero (Cicero) nga bamu'se, ngafumita olulimi lwoyo eyamubogoleranga enyo. Abakazi bano bombi batutegeza omukazi bwafanana ngakwatidwa obusungu.

12. *Abaigirizwabe nebaja, nebasitula omulambo, nebamuzika*] Mu kino mpo'zi tulaba okwenenya kwa Herode kubanga teyaziiza baigirizwa ba Yohana okuzika mukamawabwe.

13–21. YESU OKUVAYO OKUGENDA MU DUNGU GYEYALISIZA ENKUMI ETANO.

Ma'ko 6. 31–44; Luka 9. 10–17; Yoh. 6. 5–14.

Kye kyamagero kyetusoma mu Njiri zona enya. Mu Yohana O. kikulembera ebigambo Kristo byeyaigiriza ku "mere eyobulamu." Era Yohana O. atutegeza ekyavako ebibina okwagala "okumukwata, bamufule kabaka." Ekifo ekyamagero gyekyakolerwa kibusibwabusibwako. Luka O. agamba (su 9. 10) nti Yesu "nagenda—kyama *mu kibuga ekiitibwa Bethsaida.*" Ma'ko O. atutegeza abaigirizwa bwebawunguka okugenda e Bethsaida oluvanyuma olwekyamagero (Ma'ko 6. 45). Kyetuva tutebereza nga waliwo ebifo bibiri ebiitibwa Bethsaida; Bethsaida ekya Juliya ekyali okumpi nensibuko gwa Yordani (ekyamagero gyekyalowozebwako abangi okukolebwa) era ne Bethsaida ekirala kyetusomako mu Ma'ko O. era mpo'zi ne mu Yoh. 1. 44. Naye mu MS. Sinaitiko ebigambo ebyo mu Luka " mu kibuga ekiitibwa Bethsaida " tebisangibwamu; era mu Yoh. 6. 23, tusoma "amato amalala bwegava e Tiberiya ekyali okumpi ne kifo gyebalira emigati." Kale obanga bye bibyo ekyamagero kyakolebwa kumpi ne Tiberiya; e Bethsaida ekyo mu Ma'ko ye Bethsaida Juliya abaigirizwa gyebagoba nga bawunguse enyanja, era ne Bethsaida ekyokubiri nekiryoka kivirawo dala obutabawo.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

15 kinene, nābasāsira, nāwonya abalwa'de bābwe. Bwebwawu-
ngēra, abaigirizwa neba'ja wali, nebagamba nti Wano 'dūngu,
obu'de buise nyo; sībula abantu, bagende mu mbuga, begulire
16 e'mere. Naye Yesu nābagamba nti Tewali kiba'zayo; 'mwe
17 mubawe ebyokulya. Nebamugamba nti Tetulina (kintu) wano
18 wabula emigāti etāno, nebyenyanja bibiri. Nāgamba nti Mubi-
19 ndetere wano. Nālagira ebibīna okutūla ku subi; nātwāla
emigāti etāno nebyenyanja bibiri, nātunula wa'gulu mu'gulu,
neyebaza, nāmenyamu emigāti nāgiwa abaigirizwa, abaigirizwa
20 (nebagabira) ebibīna. Nebalya bona, neba'kuta; nebakung'a-
nya obukunkumuka obwasigalawo, ebi'bo kumi na bibiri
21 ebya'jula. Nabo abālya bāli abasaja ngenkumi tāno, abakazi
nabāna obutaba'sāko.
22 Amangwāgo nāwaliriza abaigirizwa okusābala, bamukulembere
23 (okugenda) emitala weri, amale okusībula ebībina. Bweyamala
okusībula ebibīna, nālinya ku lusozi ye'ka okusaba: obu'de

---

15. *Bwebwawungera*] Abayudaya babala "egulo" emirundi ebiri. Egulo eryoluberyeberye ngalikoma mu sawa 9 era egulo eryokubiri ngaliingira mu sawa 11. Ekisera ekyali wakati we gulo zino zombi nga kiva ku sawa 9 okutusa ku sawa 11. Ne mu kisera ekyo balagirwa oku'ta Pasaka (Okuitako), Kuv. 12. 6 (mu Lueb. "wakati we gulo zombi"). Mu lunyiriri luno tusoma ku gulo eryoluberyeberye naye mu lunyiriri 23 tusoma ku gulo eryokubiri.

19. *okutula ku subi*] Mu Luka O. ne mu Ma'ko O. tusoma nti batula bibina, "ekikumi, namakumi atano" (Ma'ko) "ngaatano atano." Yohana O. atutegeza ekisera ekyomwaka; "Nokuitako, embaga ya Bayudaya, kwali kunatera okutuka."

20. *nebakung'anya obukunkumuka*] Ekigambo mu Luy. ekikyusibwa nti Obukunkumuka kye kimu nekyokumenya mu lu 19. Kale ebyakung'anyizibwa bye bitundu ebyafika kwebyo Kristo byeyamenyamenya.

*ebi'bo kumi na bibiri*] Ekigambo kino ekikyusibwa nti "bibo" tusanga mu Njiri zona mu bigambo ebyekyamagero kino era ne Mukamawafe naye akyogera ngajukiza abaigirizwabe ebyamagero bino mu su. 16. 9; naye bwetusoma ebyakyamagero ekyokubiri ekyokulisa ebibina enkumi nya tusanga ekigambo ekirala era ate Mukamawafe bwakyogerako mu su. 16. 10. Omuyiya Omurumi Juvenal atutegeza Abayudaya abatambuze bwebatambulanga ne ki'bo nga kino okusangamu emere era ne kinywa ekye subi ekalu. Kyebava bakola bwebatyo baleme okweyonona nga balya emere etali nongofu oba okusula awatali walongofu.

22–33. ABAIGIRIZWA OKUWUNGUKA OKUVA EKYAMAGERO GYEKYAKOLERWA OKUGENDA E BETHSAIDA.

Ma'ko 6. 45–52; Yohana 6. 15–21.

Mathayo O. yeka atutegeza Petro bweyagezako okutambula ku nyanja.

23. *obude bwebwawungera*] lab. engulu ku lu. 15.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

bwebwawungerā, yaliyo bwomu. Naye eryāto lyali limazo oku- 24
tūka mu buziba, nga lyesūnda namayengo, kubanga omuyaga
gwabafuluma mu maso. Awo ekiro mu kisisimuka ekyokuna 25
na'ja gyebāli, ngatambula ku nyanja. Abaigirizwa bwebāmu- 26
laba ngatambula ku nyanja, neberalikirira, nebagamba nti
Muzimu guno; nebekānga nga batya. Amangwāgo Yesu nāyo-
gera nabo, nāgamba nti Mu'demu omwoyo: 'nze 'nzuno; temu- 27
tya. Petro nāmu'damu nāgamba nti Mukama (wange), obanga 28
'gwe wuyo, ndagira nji'je gyoli ku ma'zi. Nāgamba nti 'Jāngu. 29
Petro nāva mu lyāto, nātambulira ku ma'zi, okugenda eri Yesu.
Naye, bweyalaba omuyaga, nātya: nātanula okusānawo, nākāba, 30
nāgamba nti Mukama (wānge) ndokola. Amangwāgo Yesu 31
nāgolola omukono, namukwata, namugamba nti 'Gwe alina
oku'kiriza okutono, kiki ekikubūsi'zabūsi'za? Bwebalinya mu 32
lyāto, omuyaga negu'gwāwo. Nabo abāli mu lyāto nebamu- 33
sinza, nga bagamba nti Mazima oli Mwāna wa Katonda.
Bwebāmala okuwunguka, nebatūka ku lukalu olwe Genesareti. 34
Abantu bāyo bwebāmumanya, nebatuma munsi eyo yona erirā- 35
nyewo, nebamuletera bona abalwa'de; nebamwegairira bako-
meko bukomi ku lukugiro lwekyambalokye; bona abākomako 36
nebawonyezebwa dala.

---

*yaliyo bwomu*] yasigala yeka okusa ekimu ne Kitawe mu kusaba.
24. *nga lyesunda namayengo*] mu Luy. "nga libonyabonyezebwa namayengo." Embuyaga zigwa mangu ku nyanja eye Genesareti.
25. *mu kisisimuka ekyokuna*] mu makya enyo. Mu kisera ekyo Abayudaya bali bakute empisa ya Bayonani na Barumi okwawulangamu ekiro ebisisimuka ebina. Naye eda bakyawulangamu bisatu byoka oba nga Lightfoot bwatutegeza nti Abarumi era na Bayudaya bakyawulāmu bina, kyoka Abayudaya ekyokuna bakibalira nkyamu so tekyagatibwanga ku biri ebisatu ebye "kiro ekikute." Ebisisimuka byona ebina tubisoma mu Ma'ko 13. 3-5. 1. Kawungezi; 2. tumbi; 3. ngenkoko ekokolima; 4. nkya. Tutegezebwa Yoh. O. nti bali bavuze estadyo oba 25 oba 30.
*naja gyebali*] Ma'ko "yali ngagenda okubaisa."
29. *Nagamba nti Jangu*] Eryato lyali kumpi nokuinza bainza okuwulira edobozi lya Yesu newakubade nga empewo yawuma era nabavuga balinga bali nga bakubirizigana. Omukono gwo Mulokozi gwali kumpi nyo nomuigirizwa ngasanawo.
33. *Mwana wa Katonda*] lab. ku su. 4. 6.
34-36. YESU OKUWONYA ABALWADE MUNSI EYE GENESARETI.
Mu Ma'ko 6. 53-56 tutegezebwa obunyikivu obwabantu abayo bwebali.
34. *lukalu olwe Genesareti*] lwe lusenyi lwe Genesareti obuwanvu bwalwo mailo 2½ era obugazi mailo emu. Abatambuze baluyogerako okuba olugimu enyo era nga lulimu emisomo egyenyanja emirungi enyo.
36. *lukugiro lwekyambalokye*] olukugiro olwekyambalo lwaitibwanga lutukuvu. Lwe lwayawulanga Omuyudaya: lab. Kubala

15 Awo neba'ja eri Yesu Abafarisayo na bawandisi abāva mu
2 Yerusalemi, nga bagamba nti Abaigirizwabo kiki ekibōnōnyesa
(obulōmbolōmbo) bwetwawebwa abaka'de? kubanga tebanāba
3 mu ngalo nga balya e'mere. Na'damu nābagamba nti Na'mwe
kiki ekibōnōnyesa etēka lya Katonda (olwobulōmbolōmbo) bwe-
4 mwawebwa? Kubanga Katonda yagamba nti O'sāngamu
ekitībwa kitāwo ne nyoko: nate nti Avumānga kitāwe oba
5 nyina bamu'tānga bu'si. Naye 'mwe mugamba nti Buli
aligamba kitāwe oba nyina nti Kyona kyenaudikuwa'de
6 okukugasa, nkiwa'de (Katonda), alireka oku'sāmu ekitībwa
kitāwe. Mwadibya ekigambo kya Katonda (olwobulōm-
7 bolōmbo) bwa'mwe bwemwawebwa. 'Mwe banānfusi, Isaya
yalagula bulūngi ku'mwe, ngagamba nti

---

15. 38-39, "bateke omugwa ogwakaniki ku matanvuwa agali ku buli lukugiro." Ku buli nsonda kwaliko akatanvuwa akalimu euzi eyakaniki ngetegeza Amateka bwegava mu gulu. Euzi zona endala zali njeru.

36. *bona abakomako nebawonyezebwa dala*] Laba nebigambo ebyomukazi eyalwala ekikulukuto ekyomusai, su. 9. 20-22.

SURA **15.** 1-20. EDINI EYAMAZIMA ERA NETALI YA MAZIMA. OKUBULIRA ABAFARISAYO, ABANTU, NABAIGIRIZWA.

Ma'ko 7. 1-23.

Enyiriri zino amakumi abiri zitutegeza empaka zali wakati we dini eyokungulu okwekumanga empisa ezokungulu era ne dini eyomu mutima, nga Paulo O. bwatutegeza mu Baf. 3. 9 "butukirivu—obuva mu mateka—obutukirivu obuliwo olwokukiriza Kristo obuva eri Katonda mu kukiriza."

1. *Abafarisayo na bawandisi, abava mu Yerusalemi*] Balinga batumibwa Sanhedrini ngabo abatumibwa okubuza Yohana Omubatizi bwebali (Lab. Yoh. 1. 19).

2. (*obulombolombo*) *bwetwawebwa abakade*] Abakade abaigiriza aba Bayudaya era na bawandisi nga Hillel ne Shammai bwebali. Obulombolombo zali mpisa nebiragiro byebakwasanga abaigirizwabe naye ebitawandikibwa mu mateka. Ebimu ebingi byali bya busirusiru era ebimu byakyamyanga Amateka ga Katonda: naye newakubade nga byali bwebityo balina ekigambo kyabwe nti "Ebigambo bya Mateka bye binene nebitono naye ebya bawandisi byona binene."

4. *Kubanga Katonda yagamba*] Kubanga Musa yayogera (Ma'ko).

5. *nkiwade* (*Katonda*)] ge makulu ga "Korbani" (Ma'ko 7. 11). Abawandisi baigiriza nga ebigambo bino newakubade nga byogerwa mu bugya oba mu busungu byasonyiwa omuntu obutasasira abamuzala era naye oluvanyuma tebyamuwaliriza okutola biri byeyali ayogedeko okubiwayo eri emirimu gya Katonda oba egya yekalu.

7. *Isaya yalagula bulungi*] Abayudaya bajuliranga mu banabi nga bogeranga ebigambo bwebityo.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Abantu bano banzi'sāmu ekitībwa kya ku mimwa ; 8
Naye omutima gwābwe gundi wala.
Naye bansinziza bwerēre, 9
Nga baigiriza amatēka gabantu nga bye byokukwata.
Nāita ekibīna, nābagamba nti Muwulire, mutegēre : ekiingira 10
mu kamwa sikye kyōnōna omuntu ; naye ekiva mu kamwa, 11
ekyo kye kyōnōna omuntu. Awo abaigirizwa neba'ja, nebamu- 12
gamba nti Omanyi Abafarisayo nga bānyīga, bwebāwulira
ekigambo ekyo ? Naye na'damu nāgamba nti Buli kisimbe 13
Kitānge owomu'gulu kyatasimba, kirisimbulibwa. Mubaleke : 14
be bāsale abatalaba. Naye omuzibe wamaso bwakulembera 15
muzibe mu'ne, bōmbi baligwa mu bunya. Petro na'damu
nāmugamba nti Tutegēze olugero. Naye nāgamba nti Era 16
na'mwe temunaba kuba na magezi ? Temutegēra nti buli 17
ekiingira mu kamwa kigenda mu lubuto, nekisūlibwa mu
kiigo ? Naye ebifuluma mu kamwa biva mu mutima ; nebyo 18
bye byōnōna omuntu. Kubanga mu mutima mwe muva 19

---

8, 9. Isaya 29. 13. Ebigambo tebigendera dala wamu ne LXX. newakubade no Luebraniya.

10. *Naita ekibina*] Kristo bwakyukira ekibina amangwago aigiriza mungero.

12. *Abafarisayo nga banyiga*] Bitutegeza Abafarisayo bwebalina obuinza mu nsi. Abaigirizwa bali balowoza nga Kristo talyagala kunyiza abo abasimibwa abantu bona.

13. *Buli kisimbe*] Si mudo budo wabula omuti ogulimibwa. Mu Luyonani ekigambo ekikyusibwa bwekityo tekirabika walala mu Nda. Empya: mu Nda. Enk. mu LXX. tukisanga nga kyogera ku muzabibu, gwe muti ogwalimibwanga nga bagukuma nyo (2 Basek. 19. 29; Ezekieri 17. 7 ; Mi. 1. 6) ; era mu Lub. 21. 33, nga kyogera ku mumyuliru. Wano ekisimbe ekirimibwa abantu—omuzabibu ogutali muzabibu ogwa mazima ogwa Israeli —kwe kuigiriza okwa Bafarisayo.

14. *basale abatalaba*] olugero olujulirwa wano tulusanga mu (Luka 6. 39), naye nga buli kunsonga endala (era. laba su. 23. 16).

15. *baligwa mu bunya*] Mu Palestina mwalimu emitego mingi bwegityo, enzizi ezitaliko nkomerera nobunya mwebasimira amainja ; era ate nabazibe ba maso bali bangi nyo (Laba ku. su. 9. 27).

16. *temunaba kuba na magezi*] Lab. "okutegera ebyo Mwoyo" (Bak. 1. 9); era "okumanya—mu kyama kya Kristo" (Bef. 3. 4).

19. *Kubanga mu mutima mwe muva*] Kristo amenya wano nga ebyo mu Mateka bwebigenda. Ebirowozo ebibi—okufumitiriza okwononya—ebyo bye biingiza ebirala byona era kubanga abantu basobya Amateka olwo kulowoza so si olwokukola kwoka. Mu kifo ekyo "kuvuma" Ma'ko O. aleta "okwegomba" ngatukiriza

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ebirowōzo ebibi, obu'si, obwenzi, obukaba, obu'bi, okuwāiriza,
20 okuvuma: ebyo bye byōnōna omuntu: naye okulya nga
tanābye mu ngalo tekwōnōna muntu.
21 Yesu nāvayo, nāgenda ku njui ye Turo ne Sidoni. Kale, laba,
22 omukazi Omukanani nāva ku mbibi eyo, nāyogerera wa'gulu
ngagamba nti Onsāsire, Mukama (wānge), omwāna wa Daudi;
23 muwala wānge alwa'de nyo setani. Naye nātamu'damu
kigambo. Abaigirizwabe neba'ja nebamwegairira, nga ba-
24 gamba nti Musibule; kubanga atulekānira emabega. Naye
na'damu nāgamba nti Satumibwa wabula eri endiga ezabula

---

ebyo mu Mateka ekumi byona era ate nayongera na bino nti—Obubi, obukusa, obuluvu, eriso ebi, amalala, obusiru.

21–28. OKUWONYA OMUWALA WOMUKAZI OMUKANANI.

Ma'ko 7. 24–30.

Wano tulaba omuntu eyalina okukiriza naye nga tamanyi ebya Mateka.

22. *Omukazi Omukanani*] Mu Ma'ko aitibwa Muyonani egwangalye Musurofoiniki. Naye amanya gombi gogera kimu kubanga oluberyeberye ensi ya Palestina yona yaitibwanga nti ensi ya Kanani" (nsenyi) naye oluvanyuma ensi ye Foiniki erirana ne nyanja yaitibwanga bwetyo. Mu Yos. 5. 12 "Ensi ya Kanani," mu LXX. eitibwa nti "ensi ya Bafoiniki." Naye ekigambo ekikulu kyekino nti yali mukafiri, ngasibuka mu bantu abasinzanga Baali. Alinga yali alabye ku Yesu eda. Lab. Ma'k. 3. 8. "Nabaliranye e Turo ne Sidoni—nebaja gyali."

*ku mbibi eyo*] Yesu ye nyini teyava munsalo eze Galilaya naye ekigambo kino ekye kisa ekyakolerwa Omunagwanga kiraga Enjiri bwegenda okubunya mu Bamawanga so si mu Bayudaya boka.

*Onsasire*] Ngayegata ne muwalawe. Era laba okusaba okwa Kitawe womwana eyaliko setani: "Tusasire, otubere" (Ma'ko 9. 22).

*Omwana wa Daudi*] Okumwita bwatyo kututegeza bwebali basubira Kristo okusibuka mu Daudi. Bwe buna'bi obwandisinze okutuka munsi ezebweru.

23. *natamudamu kigambo*] Yesu bwatyo akema okukiriza okwomukazi ono, alyoke akutukuze era kweyongere. Kyasaba anakifuna olwokufuba enyo mu kusaba aleme okulowoza ngafunye mangu nti Kyafunye si kikulu.

Kristo asoka okugana olwokusirika nalyoka agana mu bigambo.

*Musibule*] ngokola kyasabye, ngomuwulira nga omulamuzi omukambwe bweyakola olwokutairirwa.

24. *Satumibwa wabula eri endiga ezabula ezomunyumba ya Israeli*] Yesu yaja okulokola bona, naye okuwereza kwe kwe nyini kunsi kwakoma ku Bayudaya ne ku balala abatonotono.

Mu Ezek. 24 tutegezebwa ku Israeli okufanana ekisibo kyendiga ekibuze kunsozi. "Endiga zange zabulubutira kunsozi zona ne ku bulikasozi akawanvu—so tewali eyazinonya newakubade okuzibuliriza" lu. 6. Era soma ne sura yona.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

ezomunyumba ya Israeli. Naye na'ja, nāmusinza, ngagamba 25
nti Mukama (wānge), mbēra. Na'damu nāgamba nti Si kirūngi 26
oku'dira e'mere yabāna nokugisūlira obubwa. Naye nāgamba 27
nti Wewawo, Mukama (wānge): kubanga nobubwa bulya
obukunkumuka obugwa ku meza ye bakama babwo. Yesu 28
nālyoka a'damu nāmugamba nti 'Gwe omukazi, oku'kirizakwo
kunene: kibēre gyoli nga bwoyagala. Muwalawe nāwona
okuva mu kisēra ekyo.

Yesu nāvayo, na'ja ku 'tale lyenyanja ye Galilaya; nālinya 29
ku lusozi, nātūla okwo. Ebibina bingi nebi'ja gyali, nga 30
birina abawenyera, nabazibe bamaso, ne bakasiru, nabalema,
nabalala bangi, nebaba'sā awali ebigerebye; nābawonya:
ekibīna nokwewunya nebewunya, bwebālaba bakasiru nga
bogera, abalema nga balamu, abawenyera nga batambula,
nabazibe bamaso nga balaba: nebagulumiza Katonda wa 31
Israeli.

Yesu nāita abaigirizwabe, nāgamba nti Nsāsira abantu, 32
kubanga lero bākamala nānge enaku satu nga tebalina kya
kulya: nokubasībula nga balina enjala sagala, wo'zi banāziri-
'kira mu 'kubo. Abaigirizwa nebamugamba nti Tuna'gya wa 33
emigāti emingi bwegiti mu 'dungu, oku'kusa ekibīna ekinene
ekyenkana wano? Yesu nābagamba nti Mulina emigāti emeka? 34
Nebagamba nti Musānvu, nebyenyanja ebitono si bingi.
Nālagira ekibīna okutūla wansi; nātōla emigāti musānvu 35

---

26. *okudira emere ya bana nokugisulira obubwa*] "Abana" be Bayudaya—"obubwa" be Bamawanga. Abayudaya baitanga bona abatali be gwanga edonde erinya lino. Embwa nga kye kifananyi kyobutali bulongofu bwona. Paulo O. ngalowoza ku Kanisa ya Bakristayo okuba Israeli owa mazima aita abo abaigiriza Ekiyudaya nti "embwa" (Baf. 3. 2). Ebigambo bya Kristo nga bwebitegezebwa mu Ma'ko (7. 27) byandimuwade esubi. "Leka abana bamale okukuta."

27. *kubanga nobubwa bulya obukunkumuka*] omukazi akiriza Yesu byayogede era tanyigira okuitibwa "embwa" era asaba okugabana nga embwa bwezigabana.

*obukunkumuka*] Mpo'zi bitundu byemigati abagenyi byebasanguzanga engalo zabwe.

*bakama babwo*] ye Katonda, so si Bayudaya ngabamu bwebalowoza.

29–31. YESU OKUDAYO MUNSOZI ZE GALILAYA ERA NOKUWONYA ABANGI ABAZIBE BA MASO, BAKASIRU ERA NABALEMA.

Mu Ma'ko 7. 31–37, tutegezebwa nga wano era ayongera natutegèza okuwonyezebwa okwomuntu omu bwekwali.

29. *lusozi*] oba munsi eyensozi, okuva munsenyi weyali.

32–38. ABASAJA ENKUMI ENYA OBUTASAKO BAKAZI NABANA OKULISIBWA OLWEKYAMAGERO.

Ma'ko 8. 1–9.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

36 nebyenyanja ; neyebaza nāmenyamu nāwa abaigirizwa, abaigi-
37 rizwa (nebagabira) ebibīna. Nebalya bona, neba'kuta : neba-
kung'anya obukunkumuka obwasigalawo, ebisero musānvu
38 ebya'jula. Nabo abālya bāli abasaja enkumi nya, abakazi
39 nabāna obutaba'sāko. Nāsibula ebibīna, nāsābala mu lyāto,
na'ja mu mbibi ye Magadani.
16 ABAFARISAYO na Basadukayo neba'ja, nebamukema neba-
2 musaba okubalaga akabonero (akava) mu 'gulu. Naye na'damu
nābagamba nti Webuba akawungēzi, mugamba nti (Bunāba)
3 bulūngi : kubanga e'gulu limyūse. Nenkya nti (Wanāba)
muyaga lero : kubanga e'gulu limyūse libindabinda. Mumanyi
okwāwula e'gulu bwerifanana ; naye temuīnza (kwāwula)
4 bubonero bwa biro ? Abemirembe emibi era egyobwenzi banonya
akabonero ; so tabaliwebwa Kabonero, wabula akabonero ka
Yona. Nābaleka, nāgenda.

---

36. *nawa abaigirizwa*] okusinga "nawanga" kubanga si mulundi gumu gwoka.

37. *ebisero musanvu*] laba ku su. 14. 20, era ne (Bik. 9. 25) gyetusoma ku Paulo okusibwa mu "kisero," ekyalukibwanga nemigwa, mpo'zi ekisero ekyabavubi. Abaigirizwa okukun'ganya omulundi guno mu bisero era olulala mu bibo tetuinza kumanya ensonga.

*obukunkumuka obwasigalawo*] lab. su. (14. 20). Ku lui tuigirizibwa Katonda bwagaba. Atuwa okusinga byetusaba oba byetwetaga. Era naye tuigirizibwa obutasulanga mere yafe bwerere.

39. Su. 16. 4.

YESU NGALI MAGADANI OKUKEMEBWA NGA BAMUSABA AKABONERA.
Ma'ko 8. 10–12 ; Luka 12. 54–57.

39. *mbibi ya Magadani*] Mu MSS. ebimu tusoma nti "Magdala" mbu omwava Maryamu Magdalene.

SURA **16.** 1. *Abafarisayo na Basadukayo*] "Abafarisayo" (Ma'ko) Songa bano tebali ba mukwano kyetuva tutegera bona bwebali bakyaye Kristo mu kisera kino.

*akabonero akava mu gulu*] Bali balemedwa okutegera amakulu agokuigiriza okwa Kristo ago mu mwoyo, naye bali betesetese okugoberera ebiragiro ebya Rabi alifanana ne bana'bi abeda ngabawa akabonero akalabika oba okubwatuka oba njota oba ekirala bwekityo. Kristo abategeza nti obubonero obwe biro bwe bubonero bwa Katonda era bwe bubonero Kristo bwagaba.

3. *egulu bwerifanana*] Yesu nabo abamubuza balinga bali nga batunulide ensozi ze Gergesa nga zimyukiride nenjuba ngekirira. Mu Luka tusoma nti "Ekire nga kyekulumulula e buvanjuba" era nokukunta kwe "empewo ngefuluma obukika obwadyo."

*bubonero bwa biro*] obutegeza ebyobunabi bwebitukirizibwa era ate ne Kristo bwali mu bantu.

4. *egyobwenzi*] Lab. su. 12. 39.

*akabonero ka Yona*] Lab. su. 12. 39–41. Mu Ma'ko 8. 12. "tusoma nti Abemirembe gino tebaliwebwa kabonero," kwe kugamba nti Tebaliwebwa kabonero akafanana kebasabye.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Abaigirizwa neba'ja emitala weri, neberabira okutwāla 5
emigāti. Yesu nābagamba nti Mutunulire mwekūme ekizimbu- 6
lukusa ekya Bafarisayo na Basadukayo. Nebawakana bo'ka 7
na bo'ka, nga bagamba nti (Kubanga) tetulēse migāti. Yesu 8
nāmanya nāgamba nti 'Mwe abalina oku'kiriza okutono, kiki
ekibawakanya 'mwe'ka na 'mwe'ka kubanga temulina migāti?
Temunaba kutegēra, 'sō temu'jukira migāti etāno eri (abo) 9
enkumi etano, nebi'bo bwebyali byemwakung'anya? Era 10
emigāti omusānvu eri (abo) enkumi enya, nebisero bwebyali
byemwakung'anya? Ekibalobe'de ki okutegēra nti siba- 11
gambiri'de lwa migāti? Naye mwekūme ekizimbulukusa ekya
Bafalisayo na Basadukayo. Nebalyoka bategēra nti tagambye 12
kwekūma kizimbulukusa kya migāti, wabula okuigiriza kwa
Bafarisayo na Basadukayo.
Awo, Yesu bweya'ja ku njui ze Kaisariya ekya Filipo, nābūza 13

---

5–12. EKIZIMBULUKUSA EKYA BAFARISAYO NA BASADUKAYO.

Mu Ma'ko 8. 14–21, mwetusoma bingi Kristo byeyabogolera Abafarisayo okusinga wano.

Mu Luka 12. 1. webigendera nebirala.

7. *(kubanga) tetulese migati*] Ma'ko "so tebalinagyo mu lyato wabula omugati gumu." Okufananya okuigiriza ku kizimbulukusa kyali kigambo kigya. Era Abafarisayo balina amateka ku kizimbulukusa nti Engeri eno nungi nti eno mbi era olwekyo abaigirizwa kyebava balowoza nti ne Mukamawafe ayagala okubatekera eteka. Abaigirizwa bakyama mu ngeri biri (1) balowoza nti Kristo ayogede ku kizimbulukusa buzimbulukusa (2) balowoza nti Kristo ayogede okubanenya olwokwerabira kwabwe. Ekyoluberyeberye (1) kiraga bwebabulwa okutegera okwomwoyo, ekyokubiri (2) bwebabulwa okwesiga.

12. *Nebalyoka bategera*] Ekigambo kino mu Luyonani kitegeza okutegera okwomwoyo.

13–20. OKWATULA OKUNENE OKWA PETRO O. ERA BYEYASUBIZIBWA.

Ma'ko 8. 27–30. Babuzibwa "bwebatuka mu kubo"; ebigambo nti "Omwana wa Katonda omulamu" tebirabika so nomukisa Petro gweyawebwa. Luka 9. 18–20: Yesu yali nga asaba yeka; Petro byeyayatula tusoma nti Gwe Kristo wa Katonda; tetusoma mukisa Petro gweyawebwa.

13. *Kaisariya ekya Filipo*] Kristo gyeyakoma mu kutambulakwe ku bukika obwa kono (north). Ekibuga kyazimbibwa mulundi gwa kubiri Herode Filipo nalyoka akituma erinya lye okukyawula ne Kaisariya ekya Strato ekyalirana nenyanja enene Abarumi gyebasinziranga okufuga era Paulo mweyasibibwa. Abayonani baitanga ekibuga kino nti Paneasi ne kakano kiitibwa Baniasi. Kyazimbibwa walungi ku lusozi Hermoni okumpi ne Dani ekyali kunsalo eza Israeli eda. Kunsozi zino Kristo, gyeyasoka okwatulibwa, basinzanga Baali ne Pani.

*Omwana womuntu*] Lab. ku su. 8. 20. Yesu yabuza nti Abantu

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

abaigirizwabe, ngagamba nti Omwāna womuntu abantu bamuita
14 batya? Nebagamba nti Abalala bamuita Yohana Omubatizi;
abalala nti Eliya: abalala nti Yeremiya, obanga omu ku
15 bana'bi. Nābagamba nti Naye 'mwe mumpita mutya? Simoni
16 Petro na'damu nāgamba nti 'Gwe Kristo, Omwāna wa
17 Katonda omulamu. Yesu na'damu nāmugamba nti Olina
omukisa, Simoni Ba-Yona: kubanga omubiri nomusai tebyaku-
18 bi'kulira ekyo, wabula Kitānge ali mu 'gulu. Nānge nkugamba
nti 'Gwe Petro, nānge ndizīmba ekanisa yānge ku lwāzi luno:

---

bandowozako batya okuba Omwana womuntu? Nga Danieli bweyalowoza nantiki mungeri endala. Petro nadamu nti Omwana womuntu ye Mwana wa Katonda.

14. *Yeremiya*] Mu Mathayo yoka. Mu Bayudaya ekitabo kya Yeremiya kyasoka mu bitabo bya Bana'bi, nga kidirira ebitabo ebya Basekabaka. Lab. ku. 27. 9.

16. *Gwe Kristo, omwana wa Katonda omulamu*] Okwatula kuno kutegeza Yesu okubera Kristo eyasubizibwa era ate kubera Katonda. Asinga omu ku bana'bi abeda azukide mu bafu.

*Ba-Yona*] Omwana wa Yona. "Ba" kye kigambo kyo Luaramayo amakulu gakyo nti Mwana; laba Ba-aba, Ba-tholomayo, Ba-naba.

*kubanga omubiri nomusai neb*] Si muntu wabula Katonda.

18. *Gwe Petro, nange ndizimba ekanisa yange kulwazi luno*] Lab. Isaya 28. 16.

Ku bigambo bino, byona byona Abakatoliki abe Rumi byebaigiriza kwebisinga okusinzira. Kyetuvude kitugwanide okujukira nti Ebigambo bino byayogerwa eri Petro ngayakaja amale okwatula ekigambo kino ekikulu. Kristo okuba Katonda lye jinja erinyweza Ekanisa. Era kitugwanide okulowoza ku bigambo bino (*a*) nga tubigata nebirala ebivamu Byawandiikibwa, Ekanisa ezimbibwa ku musingi be batume ne banabi, Bef. 2. 20; ku Yesu Kristo ye nyini, 2 Kol. 3. 11.

(*b*) nga tulowoza ku (history) bigambo byetutezebwa; Petro teyali muntu atakyamanga nga yateresebwa ebya mazima. Paulo yamunenya ngayagala okusanyusa Abayudaya (Bag. 2. 11–14). Teyali mukulu mu Batume oluvanyuma. Yakobo so si Petro yali mukulu mu Konsilyo eyakung'anira e Yerusalemi (Bik. 15) (*c*) era nga tulowoza ku bino, singa Petro yawebwa kufuga Abatume abalala era singa yafuka Omulabirizi owe Rumi, ekigambo kyetutainza kukakasa, naye tetutegezebwanga nti yawebwa obuinza okulekera abamudirira basikire obuinza nobukulu obwo.

*ekanisa yange*] Ekigambo kino "ekliziya" (kanisa) kirabika mu Mathayo emirundi ebiri wano ne mu su. 18. 17, naye tekirabika mu Njiri endala. Mu. 18. 17, kyogera ku "ekliziya" eya Bayudaya.

Mu Bukristayo "ekliziya" amakulu gakyo kye kibina ekyabakiriza ekiva munsi zona ekigatibwa awamu mu Kristo gwe mutwe gwabwe. Kristo okutola ekigambo kino kitutegeza nti yali atandisa ekibina ekinywevu so si kuigiriza buigiriza era nti ekibina kino

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

'sō nemiryāngo egye Magōmbe tegirigiīnza. Ndikuwa 19
ebisumuluzo byobwakabaka obwomu'gulu: kyona kyona kyoli-
siba kunsi kirisibibwa mu 'gulu: kyona kyona kyolisumulula
kunsi kirisumululibwa mu 'gulu. Awo nākūtira abaigirizwa 20
baleme okubūlirako omuntu nti ye Kristo.
Yesu nāsokera awo okubūlira abaigirizwabe nti kimugwānira 21
okugenda e Yerusalemi, okubonyabonyezebwa enyo abaka'de ne
bakabona abakulu na bawandisi, noku'tibwa ne ku lunaku

---

kija kufanana nga "ekliziya" ya Bayudaya nga bweyali. Ekigambo kino kya Luyonani "ekliziya" kiingide mu nimi za mawanga Amalatini;

Lufransa—église.
Luitaliya—chiesa.
Luhispaniya—iglesia.
Kanisa kye kigambo kya Kiswahili.

18. *nemiryango egye magombe*] E Magombe kye kifo kyemyoyo egya bafu omuli ebitundu ebibiri Gehe'na ne Paradeisi (Lusuku lwa Katonda) *Emiryango egye Magombe.* Ebigambo bino bitegeza obuinza obufuga ensi etalabika, okusinga bwe buinza obwokufa; lab. Kub. 1. 18. "ebisumuluzo ebyokufa ne bye Magombe."

*tegirigiinza*] Emiryango egye Magombe girina obuinza ku byona ebyabantu obuntu naye Ekanisa terifa.

19. *ebisumuluzo byobwakabaka obwomugulu*] Ekigambo kino tekyali kigya dala, Omuyudaya yandirowoze'za ku kisumuluzo Omuwandisi kyeyawebwa okubera akabonero gyali bweyaingizibwa mu mirimugye nti kimugwanide okubasumululira abantu Ebyawandikibwa. Petro aja okubera omuwandisi bwobwakabaka obwomugulu. Amaze okuwebwa obuinza okuigiriza ebyamazima ebyobwakabaka.

*kyona kyona kyolisiba kunsi kirisibibwa mu gulu*] "okusiba" kwe kukwasa abantu ekiragiro (23. 4). "okusumulula" kwe kugamba nti Ekigambo ekyali kiragidwa si kya musango. Bayogeranga nga bino "Aba Shammai bakisiba, aba Hillel bakisumulula." Obuinza buno buli ku bintu so si ku bantu. Petro byanasalanga nga Omuwandisi owo Bwakabaka akirizibwa obwa Katonda, birinyuwezebwanga mu gulu.

20. *baleme okubuliralko omuntu nti ye Kristo*] Abagalilaya baleme okwagala okumufula Kabaka.

21–23. OKUTEGEZA OKUBONYABONYEZEBWA.

Ma'ko 8. 31–33; Luka 9. 22. Luka O. tatutegeza ebyokunenya Petro.

21. *nasokera awo*] Kakano abaigirizwa ngabamaze okwatula Yesu okuba Kristo ainza okubaigiriza Obwakabaka bwebufanana.

*Abakade ne bakabona abakulu na bawandisi*] Sanhedrini. Lab. su. 2. 4, ne 26. 3.

*noku'tibwa*] Tanaba kwogera ku kusalirwa Abarumi omusango

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

22 olwokusatu okuzūkizibwa. Petro nāmutwāla, nātanula okumunenya, ngagamba nti Ne'da, Mukama (wānge): ekyo tekiriku-
23 bāko na katono. Nākyūka, nāgamba Petro nti 'Da enyuma wānge, Setani, oli nkōnge gyendi: kubanga tolowōza bya
24 Katonda, wabula ebyabantu. Awo Yesu nāgamba abaigirizwabe nti Omuntu bwayagala oku'ja enyuma wānge, yegānyise ye'ka,
25 yetike omusalabagwe, angoberere. Kubanga buli ayagala okulokola obulamubwe alibubuza: na buli alibuza obulamubwe
26 kulwānge alibulaba. Kubanga omuntu kulimugasa kutya, okulya Ensi yona, naye ngafiri'dwa obulamubwe? oba omuntu
27 aliwayo ki okununula obulamubwe? Kubanga Omwāna

---

newakubade ku kufa ku musalaba; ebigambo ebyo abategeza mpolampola, lab. lu. 24.

22. *ku lunaku olwokusatu okuzukizibwa*] Kale Kristo bweyategeza abaigirizwabe bwatyo ekyabalobera okukiriza dala amangu bwagenda okuzukira ki? Kubanga (1) abo abatayagala kulaba be bakira abazibu ba maso bona obutalaba; era (2) kubanga yayogeranga nabo bulijo mungero. Bandiinzi'za okulowoza nti okufa kuno nokuzukira kuno Yesu byayogerako kye kifananyi ekitegeza bwagenda okulya obwakabaka obwekitibwa munsi oluvanyuma ngasose okulaba enaku nokutowazibwa.

23. *Da enyuma wange, Setani*] Petro yefula omukemi. Bwayogera nga omukemi kale aitibwa omukemi naye bwayogera ebyamazima aitibwa ejinja erinyweza Ekanisa.

*nkonge gyendi*] oba "nkonge yange;" ngoyagala okundowozesa ku malala agensi.

*tolowoza bya Katonda, wabula ebyabantu*] Okulowoza kwe kwesimba ku lui olumu. "Toli ku lui lwa Katonda wabula ku lui olwa bantu."

24–28. ABAGOBERERA KRISTO KIBAGWANIDE OKWEREKEREZANGA. EMPERA YABWE.

Ma'ko 8, 34; 9. 1; Luka 9. 23–27.

24. *yetike omusalabagwe*] Luka "buli lunaku." Mu su. 10. 38, tusoma nti "Atakwata musalabagwe." Kale labirawo ekitegeza.

25. *buli ayagala okulokola obulamubwe alibubuza*] Lab. ku su. 10. 39. Agoberera Kristo kale abulwe obulamu obwomubiri ku musalabagwe ngakomerera okwegomba kwe okwensi, naye alifuna obulamu obwomwoyo kakano era noluvanyuma.

*ayagala okulokola*] alitesa okulokola.

26. *obulamubwe*] bwe bulamu bwe obwomwoyo obusingira dala omuwendo.

27. *Kubanga*] Tutegezebwa ensonga obulamu okubera obwo muwendo omunene. (1) Asala omusango ali kumpi alisala okusinga abo abagoberera ebyomubiri okwesanyusa, naye abeganyisa alibagabira empera. (2) Era (lu. 28) omusango guno teguja kulwa, guli kumpi nyo. Era ne Paulo O. akubiriza abantu bwatyo, Baf. 4. 5; "Okuzibikiriza kwamwe kumanyibwenga abantu bona. Mukama (wafe) ali kumpi." Era lab 1 Kor. 16. 22.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

womuntu agenda ku'jira mu kitībwa kya Kitāwe ne bama-
laikabe; nālyoka asasula buli muntu nga bweyakola. Dala 28
mbagamba nti Waliwo ku bano abaīmiri'de wano, abatalirega
ku kufa na katono, okutūsa lwebaliraba Omwāna womuntu
nga'ja mu bwakabakabwe.
Enaku omukāga bwezaitawo Yesu nātwāla Petro ne Yakobo 17
ne Yohana mugandawe, nābalinyisa ku lusozi oluwānvu bo'ka:
nāfūsibwa mu maso gābwe: amasoge negamasamasa ngenjuba, 2
ebyambalobye nebitukula ngomusana. Laba, Musa ne Eliya 3

---

28. *abatalirega ku kufa*] Ma'ko O. "okutusa lwebaliraba obwakabaka bwa Katonda nga buja namanyi." Luka O. "okutusa lwebaliraba obwakabaka bwa Katonda." Abamu bagamba nti byogera ku (1) Okufusibwa—abalala (2) ku Lunaku lwa Pentekote, —abalala (3) ku Kuzikirizibwa kwa Yerusalemi. Mpo'zi ekyokusatu kye kisinga—okuja okusala emisango—okuja okulirabika era okulibawo abamu abaliyo nga bakyali balamu.

Sura 17. 1–13. okufusibwa.
Ma'ko 9. 2–13; Luka 9. 28–36.

1. *Enaku omukaga bwezaitawo*] Nga tewanaita Sabiti enamba kasoka Petro O. ayatula Yesu okuba Kristo. Luka O. agamba nti "nga waisewo enaku munana" ngabala nga Abayudaya bwebabalanga okubala nebitundu ebye naku okuba ngenaku enamba.

*Petro ne Yakobo ne Yohana*] Era be basatu abalondebwa okubera ne Mukamawabwe mu bisera ebirala ebibiri, (1) bweyazukiza omuwala wa Yairo; era (2) bweyategana mu lusuku olwe Gethsemane.

*lusozi oluwanvu*] Kale yagenda ku lusozi oluwanvu ngagenda okuwebwa ekitibwa era ne Setani yamulinyisa ku lusozi oluwanvu ngamukema. Tetuinza kukiriza bulungi ekigambo abeda kyebagamba nti Okufusibwa kuno kwali ku lusozi Tabori kubanga tumanyi nti mu biro biri kwaliko ekigo eri tewali kigambo mu Njiri ekiinza okutulowozesa bwetutyo. Bangi balowoza ku katwe kamu ku lusozi Hermoni era kubanga ne Kaisariya ekya Filipo kyali kumpi ne Hermoni era kye kifo Kristo kyeyavamu okulinya ku lusozi luno. Entiko ya Hermoni etukula nga eriko thelugi era ne Ma'ko mpo'zi kyeyava awandika nti Engoyeze nezakayakana nezitukula nyo "nga thelugi" (oba muzira), naye ebigambo ebyo nti "nga thelugi" birabika mu MSS si bingi ne mu Biblia yafe eyo Luganda kyebava balema okubiingiza.

2. *nafusibwa mu maso gabwe*] Luka O. agamba nti yafusibwa "bweyali ngasaba." Era ne mu Ma'ko 16. 12, tusoma nti "nalabikira banabwe babiri mu kifananyi ekirala."

*ngenjuba*] Okufusibwa kwalinga kwabawo kiro era ate kubanga tusoma mu Luka O. nti abatume abasatu "bali bakwatidwa otulo" netulyoka tusoma nti "olwatuka ku lunaku olwokubiri." Luka 9. 32 ne 37.

3. Musa ne Eliya Omukulu eyagaba Amateka era nomukulu wa banabi. Abatume balaba mu kisera kimu ebigambo byona ebyababako Abayudaya—Amateka—Banabi—Enjiri.

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

4 nebabalabikira nga bogera naye. Petro na'damu nāgamba Yesu
nti Mukama (wānge), kirūngi 'fe okubēra wano: bwoyagala,
nāzīmba wano ensīsira satu; emu yiyo, nendala ya Musa,
5 nendala ya Eliya. Bweyali ngakyayogera, laba, ekire ekima-
samasa nekibasīkiriza: laba, e'dobozi neriva mu kire, nga liga-
mba nti Ono ye Mwāna wānge gwenjagala, gwensanyukira
6 enyo; mumuwulire. Abaigirizwa bwebāliwulira, nebagwa nga
7 bevunise, nebatya nyo. Yesu na'ja nābakomako nāgamba nti
8 Muimuke, temutya. Nebaimusa amaso gābwe, nebatalaba
muntu, wabula Yesu ye'ka.
9 Bwebāli nga ba'ka ku lusozi, Yesu nābalagira ngagamba nti
Temubūlirako muntu byemwolesebwa, okutūsa Omwāna womu-
10 ntu lwalimala okuzūkira mu bafu. Abaigirizwabe nebamubūza,
nebagamba nti Kale kiki ekigambya abawandisi nti Eliya kimu-
11 gwāni'de okusoka oku'ja? Na'damu nāgamba nti Eliya a'ja
12 dala, alirongōsa byona: naye mbagamba nti Eliya amaze
oku'ja, nabo tebāmumanya, naye bāmukola bwebāyagala. Bwa-
13 tyo no Mwāna womuntu alibonyabonyezebwa bo. Awo abai-
girizwa nebategēra nti yayogera nabo ku Yohana Omubatizi.
14 Bwebātūka eri ekibīna, omuntu na'ja gyali, nāmufukamirira,

---

Luka O. atutegeza byebayogerako nti "nebogera ku kufakwe kwagenda okutukiriza mu Yerusalemi." (9. 31.)

4. *nazimbira wano ensisira satu*] ensisira za matabi agemiti.

5. *Ono ye Mwana wange gwenjagala*] Bigambo ebitujukiza okubatizibwa kwa Yesu; su. 3. 17.

8. *nebatalaba muntu, wabula Yesu yeka*] Kristo eyaja okutukiriza ebya Mateka ne Bana'bi yasigazibwawo yeka. Ekanisa eriwulirizanga edobozirye lyoka.

9. *byemwolesebwa*] Ma'ko, "byebalabye," Luka "byebalaba."

10. *kiki ekigambya abawandisi*] nti Eliya kimugwanide okusoka okuja Ekigambo ekyokuzukira kyali kigya eri abaigirizwa, lab. Ma'ko 9, 10. Bagamba nti Bwobanga gwe oli Kristo era nokuzukira bwolizukira mu bafu; kale abawandisi tebakyama ngabaigiriza nti Eliya alisoka Kristo okuja. Yesu abategeza nti Buna'bi bwa Malaki 4. 5, bwatukirizibwa ku Yohana Omubatizi. Naye abamu bagamba nti ago si ge makulu gebigambo bya Mukamawafe naye bagamba nti Newakubade nga bunabi bwa Malaki bwatukirizibwako ku Yohana Omubatizi bulitukirizibwa dala Kristo nga tanaja mulundi gwa kubiri.

11. *alirongosa byona*] okulongosa kwe kukomyawo byona nga bwebyali nalyoka aingiza ebiro ebirisingira dala obulungi nobulongofu; wano bwe bwakabaka obwa Katonda. Lab. Bik. 6 ne su. 19. 28.

12. *tebamumanya*] tebategera bwali Eliya Malaki gweyalagulako.

13. *nebategera*] Lab. ku su. 16. 12.

14–21. OMWANA EYALIKO SETANI OKUWONYEZEBWA.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ngagamba nti Mukama (wānge), musāsire omwāna wānge: ku- 15
banga agwa ensīmbu, zimubonyabonya nyo: kubanga emirūndi
mingi ngagwa mu muliro, era emirūndi mingi mu ma'zi. Ne'mu- 16
letera abaigirizwabo, nebataīnza kumuwonya. Yesu na'damu 17
nāgamba nti 'Mwe abemirembe egita'kiriza emikyāmu, nditūsa
wa okubēra na'mwe? nditūsa wa okubagumīkiriza? mumundetere
wano. Yesu nāmubogolera; setani namuvako: omulenzi nāwona 18
okuva mu kisēra ekyo. Awo abaigirizwa neba'ja eri Yesu kyāma, 19
nebagamba nti Kiki ekitulobe'de 'fe okuīnza okumugoba?
Nābagamba nti Olwoku'kiriza kwa'mwe okuba okutono: ku- 20
banga dala mbagamba nti Singa mulina oku'kiriza okwenkana
ngakaweke ka karadali bwemuligamba olusozi luno nti Vawo
wano gendo wali; kale luligenda; 'sō singa tewali kigambo
kyemutaīnza.

Bwebāli nga bakyatu'de e Galilaya, Yesu nābagamba nti 22
Omwāna womuntu agenda kuwebwayo mu mikono gyabantu;
balimu'ta ne ku lunaku olwokusatu alizūkizibwa. Nebanaku- 23
wala nyo.

---

Ma'ko 9. 14–20, mwetusinga okutegezebwa obulwade bwebwafanana era nebigambo ebyabawo.

Luka 9. 37–42.

14. *Bwebatuka eri ekibina*] Tuva wano ku lusozi okulaba ebyegulu byona nga bitefu, birungi, era nga waliwo emirembe netulyoka tutuka wansi mu bantu netusanga okulwala nokunakuwala nobutakiriza era nobubi.

15. *kubanga agwa ensimbu*] kale ne mu sura 4. 24, tusoma ku bensimbu okuwonyezebwa. Ekigambo kino amakulu gakyo mu Luyonani "babo abalwala ku masumi gomwezi." Era tulaba ngobulwade obwo bweyongera ku masumi gomwezi. Ma'ko O. ayogera ku mwana ono nti "abimba ejovu, aluma amanyo, akozimba." Luka O. agamba nti "nakaba." Kale nabensimbu bwebatyo kakano—Omwana yali mulwade wensimbu era ngaliko setani.

17. *Mwe abemirembe egitakiriza emikyamu*] ngabogolera abawandisi nekibina ekyali kyetolode era bwatyo naye ngabogolera egwanga lyona. Naye nabaigirizwa era babogolerwa.

20. *muligamba olusozi luno nti Vawo wano*] Abe Buvanjuba bogera bwebatyo. Okusigula ensozi kwe kumalawo ebizibu. Abayudaya bayogeranga ku musomesa omukulu nti Ye asigula nensozi.

22, 23. OKUBATEGEZA OMULUNDI OGWOKUBIRI KU KUBONYABONYEZEBWAKWE.

Ma'ko 9. 31; Luka 9, 44.

Ma'ko ne Luka A. bombi bayongera nti "bo nebatategera kigambo ekyo." Kyali kizibu okuleka okusubira obwakabaka obwokunsi era nokulowoza nti Yesu alinga ayogera mungero bwayogera ku kufa ne ku kuzukira. Lab. ku su. 16. 21.



Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

24 Bwebātūka e Kapernaumu, abantu abasolōza edidrakima neba-
'ja eri Petro, nebagamba nti Mukama wa'mwe tawa didrakima?
25 Nāgamba nti Awa. Bweyaingira munju, Yesu nāmusoka nga-
gamba nti Olowōza otya, Simoni? Bakabaka bensi bawōza oba
26 basolōza bantu ki? bana bābwe nantiki ba'na'gwānga? Nāga-
mba nti Ba'na'gwānga. Yesu nāmugamba nti Kale abāna ba
27 'dembe. Naye, tuleme okubasitaza, genda ku nyanja, osūle
e'dobo, onyule ekyenyanja ekināsoka okubulukuka; bwonoya-
samya akamwa kakyo, onolabamu estateri; otwāle eyo, ogibawe
kubwānge ne kububwo.
18 Mu kisēra ekyo abaigirizwa neba'ja eri Yesu, nebagamba nti
2 Kale āni omukulu mu bwakabaka obwomu'gulu? Nāita omwā
na omuto, nāmuīmiriza wakati wābwe, nāgamba nti Mazima
3 mbagamba nti Bwemutakyūka, okufūka ngabāna abato,

---

24–27. YESU OKUWAYO OMUSOLO OGWE YEKALU. BIRI MU MATHAYO O. YOKA.

24. *abasoloza*] oluvanyuma Yerusalemi nga kimaze okuzikirizibwa era ne Yekalu okwokebwa Abayudaya bawalirizibwa okuwayo edidrakima zombi mu nkuluze ya Barumi.

*edidrakima*] oba "edidrakima zombi." Si gwe musolo ogwasolozebwanga Kaisari newakubade Herode naye kye kitundu kya shekeli buli Muyudaya kyeyawangayo buli mwaka mu gwanika lye Yekalu (Kuv. 30. 13). Omusolo guno ogwa Katonda gwasolozebwanga buli mwaka mu Bayudaya munsi zona. Mu bitabo bya Yosefo tusangamu ebaruwa eza Ba-Balozi ba Barumi era neza Augusto ye nyini eri Kurene ne Efeso ne bibuga ebirala nga ziragira okukiriza Abayudaya okuwereza byebakung'anya eri Yekalu obutaziiizibwa.

25. *Yesu namusoka*] ngategede ebirowozobye nalyoka amudamu nga tanaba kubuza.

*bawoza oba basoloza*] gwe musolo ogusalibwa (1) ku bintu, (2) ku bantu.

*bana babwe nantiki banagwanga*] bana babwe be nyini nantiki abatali bekika kyabwe, abafuge.

26. *Kale abana ba dembe*] ba dembe eri omusolo. Abuza nti Kale Oyo gwemuise bulungi Omwana wa Katonda aliwayo omusolo mu Yekalu ya Kitawe? Abarumi baitanga abana babwe nti Ba dembe, abatali badu.

27. *estateri*] Kitundu kya feza kya Bayonani ekyenkana ne Shekeli ya Baebraniya omuwendo era omwava edidrakima nya za Bayonani.

SURA 18. 1–4. KRISTO OKUBAIGIRIZA BWEKIBAGWANIDE OKUBERA ABAWOMBEFU.

Ma'ko 9. 33–37; Luka 9. 46–48.

1. *Mu kisera ekyo*] Olwebigambo mu sura 17; era nolwebigambo Kristo byeyayogera abaigirizwa bali beyongede okusubira obwakabaka obwekitibwa kunsi.

2. *namuimiriza wakati*] Ma'ko ayongera nti Namwambatira.

3. *Bwemutakyuka*] Kwe kulekera dala ebibi, nga mu Bik. 7. 39 ne 42.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

temuliingira na katono mu bwakabaka obwomu'gulu. Kale 4
buli eyewōmbeka ngomwāna ono omuto, ye mukulu mu bwaka-
baka obwomu'gulu, Na buli alisembeza omwāna omuto omu 5
ngono mu linya lyānge ngasembeze'za 'nze: naye alyesitaza 6
kwabo abato bano abanzi'kiriza, wakiri asibibwe mu bulago
olubengo olunene, balyoke bamusūle mu buziba bwenyanja.
Zirisānga Ensi olwebigambo ebisitaza! Kubanga ebisitaza 7
tebirirema ku'ja; naye zirisānga omuntu oyo aleta ekisitaza!
Obanga omukonogwo oba kugulukwo nga kukwesitaza, kute- 8
meko, okusūle wala: kye kirūngi oingire mu bulamu ngobuzeko
omukono oba kugulu, okusinga okusūlibwa mu muliro ogwemire-
mbe nemirembe, ngolina emikono gyōmbi oba magulu gōmbi.
Era obanga erisolyo nga likwesitaza, li'gyemu, olisūle wala: 9
kye kirūngi oingire mu bulamu ngoli wa tulu, okusinga
okusūlibwa mu gehena eyomuliro, ngolina amaso gombi.
Mulabe temunyōmānga omu kwabo abato bano; kubanga 10
mbagamba nti mu 'gulu bamalaika bābwe batunulira enaku
zona amaso ga Kitānge ali mu 'gulu. Kubanga Omwāna womu- 11

---

*temuliingira*] era okusinga temulifuka bakulu bamu.

4. *buli eyewombeka*] Oyo alisinga okufanana nga Kristo mu buwombefu (Baf. 2. 7–9) ye wuyo alisinga okumufanana mu kuwebwa ekitibwa.

5–6. ABANA BA KRISTO ABATO.

Ma'ko 9. 37.

Kristo ava ku nyombo eza baigirizwa okulowoza ku bana be okukumibwa, babo abakyali abato mu kukiriza nga bafanana nga abana abato mu bunafu era naye ne mu buwombefu.

*buli alisembeza*] Okwaniriza nokukwatirwa ekisa.

*olubengo*] Mu Luy. lwe lubengo olunene olwakyusibwanga endogoi. Abayudaya tebalina mpisa oku'ta abantu bwekutyo naye Plutarch atutegeza nti bakolanga bwebatyo mu Buyonani era ne Rumi.

7–9. EBISITAZA.

Ma'ko 9. 43–48.

Kristo ava ku kusitaza abana nalyoka ayogera ku bisitaza ebirala buli ekiremisa omuntu okwegendereza.

8, 9. Lab. ku su. 5. 29, 30.

10–14. OKUTEGEZEBWA MU LUGERO KRISTO BWAJANJABA ABANABE ABATO.

Luka 15. 3–7. Kristo nalyoka ategeza ate okwagala kwalina eri abato be. Kale omuntu yena aleme okubanyoma. Balina mikwano gyabwe mu maso ga Kabaka ye nyini abatalabika wano. Eri tebanyomebwa. Era nokulokola ngabo kwe kwaleta Omwana womuntu munsi.

11. Olunyiriri luno terulabika mu MSS. ebimu naye luingira wano bulungi nga lugata bulungi enyiriri 10 ne 12. Ebyomulugero luno bitujukiza ebyomu Ezek. 34. era lab. su. 15. 24. Mu Luka Yesu yayogera olugero ku bawoza nabalina ebibi. Abafarisayo bebanyomanga, be "bana bato" abo mu nyiriri zino.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

12 ntu ya'ja okulokola ekyabula. Mulowōza mutya? Omuntu
bwaba nendigaze ekikumi, emu kuzo bwebula, taleka ziri
ekyenda mwomwenda, nāgenda ku nsozi, nānonya eyo ebu-
13 zeko? Era bwabānga agirabye, mazima mbagamba nti
agisanyukira eyo okusinġa ziri ekyenda mwomwenda ezitabuze.
14 Bwekityo tekyagalibwa mu maso ga Kita'mwe ali mu 'gulu,
omu kwabo abato bano okuzikirira.
15 Mugandawo bwakukola obubi, genda, omubūlirire 'gwe nāye
16 'mwe'ka: bwakuwulira, ngofunye mugandawo. Naye bwa-
tawulira, twāla omulala nāwe oba babiri, era mu kamwa
17 kabajulirwa ababiri oba basatu buli kigambo kikakate. Era
bwagāna okuwulira abo, būlira ekanisa: era bwagāna okuwulira
18 nekanisa, abēre gyoli nga mu'na'gwānga era omuwōza. Mazima
mbagamba nti Byona byemulisiba kunsi birisibibwa mu 'gulu:

---

12. Awo mu Luka wano newaingira engero ebiri, olwe Rupiya eyabula era nolwomwana eyagenda munsi yewala. Engero ezo zombi ziigiriza era ekigambo kimu ne luno olwendiga eyabula.

*taleka ziri ekyenda mwomwenda*] Luka Omutukuvu agamba nti "ku tale."

15–35. OKUSONYIBWA EBIBI.

Luka 17. 3. 4.

Katonda okusonyiwa ebibi kujukiza bwekibagwanide abantu okusonyiwagananga.

15. *genda omubulirire gwe naye mweka*] Lab. Lev. 19. 17, wetusoma nti "oleme okubako ekibi kululwe," ngomulese obatamunenya olwekibi kyakoze.

*Omubulirire*] omutegeza bwakoze ekibi.

*ngofunye*] nalyoka alowoza ebirungi—omukome'zawo eri Kristo. Laba era 1 Kor. 9. 19–22 ne 1 Pet. 3. 1.

17. *bulira ekanisa*] Ekigambo kino "ekanisa" (Luy. Eklisiya) kirabika emirundi ebiri gyoka mu Njiri, wano ne mu su. 16. 18. Mu su. 16. nga kyogera ku Kanisa eya Bakristayo. Naye wano kyogera oba (1) ku kibina ekyakung'ananga mu Sunagogi eya Bayudaya: oba mpo'zi okusinga, (2) kwabo abafuganga mu Sunagogi. Abawulira Kristo ngayogera bwatyo tebandiremye kulowoza kwabo abafuga mu Sunagogi. Naye Kristo byeyayogera ku Kanisa ya Bayudaya bituka era ku kanisa ya Bakristayo.

*munagwanga era omuwoza*] Wano Kristo eyali mukwano gwabawoza nabalina ebibi ayogera ngabantu abe mirembe egyo bwebayogeranga. Era ne Mathayo Omuwoza awandika nga Kristo bweyayogera.

18. *Byona byemulisiba kunsi birisibibwa mu gulu*] Byeyasoka okugamba Petro yeka kakano agamba abaigirizwa bona—kulwe Kanisa—"Mwe, Ekanisa byona byona byemulitesa okusiba oba butasiba birinywezebwa mu gulu." Kristo wano ngava ku kanisa ya Bayudaya nalyoka ategeza Ekanisa ya Bakristayo bwerifanana.

Digitized by Google

Original from HARVARD UNIVERSITY

era byona byemulisumulula kunsi birisumululibwa mu 'gulu.
Nate mbagamba nti Oba ba'na'mwe babiri bwebetabānga kunsi 19
buli kigambo kyona kyebalisaba, kiribakolerwa Kitānge ali mu
'gulu. Kubanga webaba ababiri oba basatu nga bakung'anye 20
mu linya lyānge, nānge ndi awo wakati wābwe.
Awo Petro na'ja, nāmugamba nti Mukama (wānge), muga- 21
nda wānge bwanyōnōnānga, nāmusonyiwānga emirūndi emeka ?
okutūsa emirundi musānvu ? Yesu nāmugamba nti Sikugamba 22
nti Okutūsa emirūndi musānvu ; naye nti Okutūsa emirūndi
ensānvu emirūndi omusānvu. Obwakabaka obwomu'gulu 23
kyebuva bufananyizibwa nomuntu (eyali) kabaka, eyayagala
okubala omuwendo naba'dube. Bweyasoka okubala, nebamule- 24
tera omu, gwabanja etalanta akakumi. Naye kubanga teyalina 25
kya kusasula, mukamawe nalagira okumutūnda, ne mukaziwe,
nabānabe, nebintu byona byalinabyo, ebanja ligwe. Awo 26
omu'du nāgwa wansi nāmusinza, ngagamba nti Mukama
(wānge), manja mpola, nānge ndikusasula byona. Mukama 27
womu'du oyo nāmusāsira, nāmuta, nāmusonyiwa ebanja.

---

19. Era si ebyo byemutesa byoka birinywezebwa naye era nebyo byemunasabanga obulungi.

20. *ababiri oba basatu*] Mu Kung'aniro ezisinga obutono Kristo alibamu.

21. *okutusa emirundi musanvu*] Ba-Rabi baigirizanga nti Tewali alisaba muliranwawe okumusonyiwa okusinga emirundi esatu. Kale Petro bweyabuza bwatyo yali alowoza nti ayongede nyo okuba nekisa era bwasanide enyo obwakabaka obwomugulu. Naye okubuzakwe kulaga bwali nga tanategerera dala omwoyo ogusanira Omukristayo.

22. *emirundi ensanvu emirundi omusanvu*] kwe kugamba nti obutakoma okusonyiwa.

23. Kristo ngalowoza ku Kabaka owe buvanjuba ; abamasaza nabakulu bona ngabaitibwanga mu masoge okutegeza bwebakoze mu kufuga kwabwe.

*eyayagala*] Bakabaka bali bakolanga byona nga bwebayagala.

*nabadube*] kubanga abawereza bona babalibwa nga "badu" munsi ezo.

24. *etalanta akakumi*] Newakubade nga kyogera ku talanta eza feza gwe muwendo omunene enyo. Nga Poundi obukade bubiri. Era byalinga bye bingi okusingira dala byona ebyavanga mu Palestina mu mwaka gumu mu kisera ekyo. Era nekakano e Bulaya waliwo ensi endala ezitaweza ngebyo mu mwaka. Omuwendo okubera omunene bwegutyo gututegeza ebanja bweritasasulakika.

25. *teyalina kya kusasula*] Ngamaze byona ebyava mu sazalye.

27. *namusonyiwa ebanja*] Okumusonyiwa dala so si kumulekako ebanja.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

28 Naye omu'du oyo nāfuluma, nāsānga mu'du mu'ne, gweyali
abanja edinari ekikumi: nāmukwata, nāmugwa mu bulago,
29 ngagamba nti Sasula ebanja lyānge. Awo mu'du mu'ne nāgwa
wansi nāmwegairira, ngagamba nti Manja mpola, nānge
30 ndikusasula. Nātayagala: naye nāgenda nāmuteka mu
31 komera, amale okusasula ebanja. Awo ba'du ba'ne bwebālaba
bwebiba'de, nebanakuwala nyo, nebagenda nebabūlira mukama
32 wābwe ebigambo byona ebiba'deyo. Awo mukamawe nāmuita
nāmugamba nti 'Gwe omu'du omubi, nakusonyiwa ebanja liri
33 lyona, kubanga wanegairira: nāwe tekikugwāni'de kusāsira
34 mu'du mu'no, nga 'nze bwenakusāsira 'gwe? Mukamawe
nāsunguwala, nāmuwa mu bambowa, amale okusasula ebanja
35 lyona. Bwatyo Kitānge ali mu'gulu bwalibakola, bwemutasonyiwa
mu mitima gya'mwe buli muntu mugandawe.
19 Awo olwātūka Yesu bweyamala ebigambo ebyo, nāva e Gali-
2 laya, na'ja ku mbibi ye Buyudaya emitala wa Yordani; ebibīna
ebinene nebimugoberera; nābawonyeza eyo.
3 Abafarisayo neba'ja gyali, nebamukema, nga bagamba nti

---

28. *mudu mune*] Omuntu omu ngabanja mune.
*edinari ekikumi*] Omupakasi yawebwanga dinari buli lunaku (su. 20. 2). Kale bye bintu omupakasi byainza okufuna mu myezi esatu, so si bingi ebitasasulikika: lab. ku su. 26. 7.
29. *namwegairira*] so si kusinza nga mu lu. 26, kubanga wano bombi benkana obukulu.
31. *badu bane bwebalaba bwebibade*] Kale ne bona oluvanyuma balisima Kristo byalisala ku bantu banabwe.
33. Kale laba ne mu Kusaba kwa Mukamawafe wetulaba nga Okusonyibwa Katonda kusinzira ku bantu okusoka okusonyiwanga banabwe.
34. Tuigirizibwa atasonyiwa bwatainza kusonyibwa. Era tuigirizibwa okusonyiwa okwa Katonda bwekufanana era nabantu kibagwanide okusonyiwagana bwebatyo.
35. *mu mitima gyamwe*] so si nga Abafarisayo abasonyiwa nga babala emirundi.
SURA 19. 1–2. YESU OKUVA E GALILAYA NOKUGENDA E BUYUDAYA. Ma'ko 10. 1.
1. *naja ku mbibi ye Buyudaya emitala wa Yordani*] Bwetukebera mu Ma'ko tulaba nga Mukamawafe yakwata ekubo eryemitala wa Yordani eryaita mu Periya ngaleka bwatyo okuita mu Samariya. Naye tewali kitundu kya Buyudaya emitala wa Yordani. Wano Mathayo Omutukuvu aleka ebigambo bingiko, ebirimu tubisoma mu Luka 9. 51; 17. 11; ebirala biri mu Yohana—okugenda e Yerusalemi emirundi ebiri (7. 8–10 ne 10. 22–39; okuzukiza Lazaro (11. 1–46); okweyawula ngagenda e Efraimu (11. 54).
3–12. KRISTO OKUBUZIBWA KU KUFUMBIRIGANWA NE KU KUGOBA ABAKAZI.
Ma'ko 10. 2–9. Nyi 10–12, zirabika mu Mathayo O. yoka. Ma'ko

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Omuntu aīnza okugoba mukaziwe okumulānga buli kigambo?
Na'damu nāgamba nti Temusoma nti oyo eyabakola oluberye- 4
berye nga yabakola omusaja nomukazi, nāgamba nti Omuntu 5
kyanāvānga aleka kitāwe ne nyina, yetabe ne mukaziwe; nabo
bōmbi banābānga omubiri gumu? obutaba babiri nate, naye 6
omubiri gumu. Kale Katonda kyeyaga'ta awamu, omuntu
tayāwulānga. Nebamugamba nti Kale, Musa ekyamulagiza ki 7
okumuwa ebaruwa eyokwāwukana, alyoke amugobe? Nāba- 8
gamba nti Olwobuka'kanyavu bwemitima gya'mwe Musa kye-
yava a'kiriza mugobēnga bakazi ba'mwe: naye okuva ku lu-
beryeberye tekyali bwekityo. Era mbagamba nti Buli anāgo- 9
bānga mukaziwe, wabula (okumulānga) ogwobwenzi, nāwasa
omulala, ngayenze: naye awasa eyagobebwa ngayenze. Abai- 10
girizwa nebamugamba nti Ebigambo ebyomusaja ne mukaziwe
bwebiba bwebityo, si kirūngi okuwasa. Nābagamba nti Abantu 11
bona tebaīnza ku'kiriza kigambo ekyo, wabula abakiwebwa.
Kubanga waliwo abalāwe abazālibwa bwebatyo okuva mu mbuto 12
za banyābwe; waliwo nabalāwe abalāyibwa abantu: waliwo
nabalāwe, aberāwa bo'ka olwobwakabaka obwomu'gulu. Aīnza
okuki'kiriza, aki'kirize.

---

O. agamba nti Ebigambo byetusoma mu lu. 9, byayogerwa "mu nyumba" (Ma'ko 10. 10–12).

3. *Omuntu ainza okugoba mukaziwe okumulanga buli kigambo?*] Ebigambo nti Okumulanga buli kigambo, tebirabika mu Ma'ko Naye wano bye bigambo ebikulu kubanga Abafarisayo babuza nti Omusaja obuinzabwe okugoba mukaziwe tebukoma? Aba Shammai bakiriza abakazi okugobebwa olwo bwenzi bwoka, Aba Hillel olwa buli nsonga entono.

4. *oluberyeberye*] Kristo aita enyuma wa Musa najulira nga Katonda bweyatesa oluberyeberye.

7. *ebaruwa eyokwawukana*] Lab. su. 10. 31, 32.

8. *Olwobukakanyavu bwemitima gyamwe*] Emitima gyabwe gyali mikakanyavu eri Katonda. Kale eteka lino erya Musa lyali dungi mu kisera mweyalitekera naye teryali dungi dala ngakutesa kwa Katonda bwekwali. Nekakano tulaba nga bona tebainza kutegera ebigambo ebyo Mwoyo ebisinga okuitirira.

9. Lab. su. 5. 32.

10. *Ebigambo ebyomusaja nomukaziwe bwebiba bwebityo*] Obanga obufumbo bufananaanga bwebutyo.

*Si kirungi okuwasa*] Tewali kisinga kino ekitegeza okulowoza okwa bantu bwekwali nga kutabudetabude olwokuigiriza kwa Kristo, abaigirizwa be nyini okulowoza nebalowoza nti Obufumbo bwebuba bwebutyo tebukyasobolekeka.

11. *kigambo ekyo*] nti si kirungi okuwasa.

12. *abalawe*] wano be batali bafumbo.

*olwobwakabaka obwomugulu*] eda abamu beziiza ku bufumbo balyoke bafumitirizenga ebya Mateka, oluvanyuma abamu bakola bwebatyo olwokubunya Obukristayo.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

13 Awo nebamuletera abāna abato, aba'sēko emikonogye, asabe:
14 abaigirizwa nebabajūnga. Naye Yesu nāgamba nti Mubaleke
abāna abato, temubagāna ku'ja gyendi: kubanga (abali) ngābo
15 obwakabaka obwomu'gulu bwe bwābwe. Nāba'sāko emikono,
nāvayo.
16 Laba, omuntu na'ja gyali nāgamba nti Mukama (wānge),
ndikola kigambo ki ekirūngi, mbēre nobulamu obuta'gwāwo?
17 Nāmugamba nti Kiki ekikumbūzisa ekyekigambo ekirūngi?
Omulūngi ali Omu: naye bwoyogala okuingira mu bulamu,
18 wulirānga amatēka. Nāmugamba nti Galuwa? Yesu nāgamba

---

13–15. ABANA ABATO OKULETEBWA ERI KRISTO.

Ma'ko 10. 13–16; Luka 18. 15–17.

Mu Luka ebigambo bino bidirira olugero olwo Mufarisayo no Muwoza; ngaigiriza abantu bwekibagwanide okubera abawombefu. Wano ne mu Ma'ko tulaba obufumbo obulongofu bwebuliranyizibwa nokwagala okuli eri abana abato.

13. *Awo nebamuletera abana abato*] Yali mpisa okutwala abana abato mu sunagogi Rabi alyoke abasabire omukisa.

14. *(abali) ngabo obwakabaka obwomugulu bwebwabwe*] Okwagala, okukirizaokutufu, obulongofu, era okusinga byona obuwombefu bye bigambo byetulaba mu bana abato era bye bibyo ebisanira abafugibwa obwakabaka obwo mu gulu.

15. *Nabasako emikono*] Kristo teyakola bwatyo awatali nsonga, kyetuva tulaba ngabana bainza okuwebwa omukisa newakubade nga tebanakula kutegera.

16–22. EBYOMULENZI OMUGAGA.

Ma'ko 10. 17–22; Luka 18. 18–23.

Luka O. atutegeza bweyali "omukulu" omwami. Mathayo yeka atutegeza bweyali ngakyali mulenzi.

Abasunoptiki bonsatule batutegeza bweyali omugaga enyo. Luka, "yali mugaga nyo," "yali alina ebintu bingi."

16. *Omuntu naja*] Ma'ko "omu naja gyali ngadukana." Luka, "Nomuntu omukulu omu"—omu ku bakulu ba Sunagogi nga Yairo bweyali. Abakulu ekumi (su. 4. 23), abafuga mu Sunagogi balondebwanga mu bantu abatalina mirimu mirala. Kyebava bainza okukola emirimu egyo mu sunagogi era nga balina ebanga okweigiriza; kwabo ekumi abasatu abasoka baitibwanga nti Abakulu ba Sunagogi.

*Ndikola kigambo ki ekirungi*] Nga Abafarisayo bwebaigirizanga, nono bwabuza bwatyo ngayagala okutegezebwa ku byokungulu byanainza okukola. Yesu ategeza omuntu yena bwatainza kusikira obulamu obutagwawo olwebikolwa byona byona wabula olwokubera ngomwana, so si olwokukwata ebiragiro byona ebya Bafarisayo.

17. *Kiki ekikumbuzisa ekyekigambo ekirungi? Omulungi ali omu*] Mu Ma'ko ne Luka "Ompitiraki omulungi?" "Oyogede ekigambo kino nti Ekirungi; kikugwanide okulowoza Oyo mulungi bwali."

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nti To'tānga, Toyendānga, To'bānga, Towāirizānga, O'sāngamu 19
ekitībwa kitāwo ne nyoko: era, Yagalānga mulirānwawo nga
bweweyagala we'ka. Omulenzi nāmugamba nti Ebyo byona 20
nabikwata ; ekimpēbuseko ki ate? Yesu nāmugamba nti Bwo- 21
yagala okuba eyatūkirira, genda otūnde ebibyo, ogabire abāvu,
oliba nobuga'ga mu 'gulu: olyoke o'je, ongoberere. Omulenzi 22
bweyawulira ekigambo ekyo, nāgenda nganakuwa'de: kubanga
yali alina obuga'ga bungi.
Yesu nāgamba abaigirizwabe nti Mazima mbagamba nti 23
Kizibu omuntu omuga'ga okuingira mu bwakabaka obwomu-
'gulu. Era nate mbagamba nti Kwāngu eng'amira okuita mu 24
nyindo yempiso, okukira omuga'ga okuingira mu bwakabaka
bwa Katonda. Abaigirizwa bwebāwulira nebewunya nyo, nga 25
bagamba nti Kale ani aīnza okulokolebwa? Yesu nābatunulira 26
nābagamba nti Mu bantu ekyo tekiīnzika; naye Katonda aīnza

---

Yesu aliranya Amateka wano nga mu su. 15. 19. Gava ku lya mukaga okutusa ku lyomwenda. Mu bifo byombi akoma ku teka eryo kwegomba lye teka eryalema omugaga ono. Naye mu Ma'ko O. ne mu Luka O. tegaliranyizibwa bwegatyo.

20. *Ebyo byona nabikwata*] Nga Paulo O. bweyali, naye yali bwatyo, "mu butukirivu obuli mu Mateka, nalabikanga nga sīriko kyakunenyezebwa" (Baf. 3. 6).

21. *genda otunde ebibyo*] Kale amulagide okukola naye okukola ekiritegeza bwali, kyakumukema so si teka lya bona. Abamu balaba nti Okuvamu bugaga bwabwe kisinga obwangu nokukoza obugaga bwabwe emirimu gya Katonda. Ma'ko O. aingiza bino nti Yesu bweyamutunulira namwagala. Ebigambo bino bitujukiza ebyomutunzi eyanonya erulu enungi (su. 13. 45, 46), kale wano waliwo anonya obulungi, erulu eyomuwendo omungi agivumbude, kale alitunda byona byalina agigule?

22. *nganakuwade*] Ngalina olutalo mu mwoyogwe; ngayagala okuwereza Katonda ne mamona. Era kyeyava anakuwalira ngategede bwataja kuinza okuvamu bugaga bwe alyoke afune obulamu obutagwawo.

23–26. OBUGAGA BWEBUZIIZA OMUNTU OKUINGIRA MU BWAKABAKA OBWOMUGULU.

Ma'ko 10. 23–27; Luka 18. 24–27.

Kale ebigambo bino byava ku bigambo ebyo mulenzi.

23. *Kizibu*] oba lwa mpaka.

24. *Kwangu eng'amira okuita mu nyindo yempiso*] Abayudaya bayogeranga bwebatyo. naye tewali nsonga okutebereza nga bino nti waliwo omuzigo ku Yerusalemi ogwaitibwanga nti Enyindo ya mpiso oba nti mu Luyonani ekigambo kino nti Eng'amira gwe mugwa.

25. *Kale ani ainza okulokolebwa?*] Balowozanga nti Obulamu bubera bwa bakulu ba masunagogi era bwa bagaga. Abavu okubulirwa Enjiri kyali kigambo kigya.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

27 byona. Awo Petro na'damu nāmugamba nti Laba, 'fe twaleka
28 byona, netukugoberera; kale tuliba naki? Yesu nābagamba
nti Mazima mbagamba nti 'Mwe abāngoberera, mu mazālibwa
agokubiri Omwāna womuntu bwalitūla ku ntebe eyekitībwakye,
na'mwe mulitūla ku ntebe ekumi nebiri, nga musalira omusāngo
29 ebika ekumi nebibiri ebya Israeli. Na buli muntu yena eyaleka
enyumba, oba boluganda, oba banyina, oba kitāwe, oba nyina,
oba bāna, oba byālo, olwerinya lyānge, aliwebwa emirūndi
30 kikumi, era alisikira obulamu obuta'gwāwo. Naye bangi abo-
luberyeberye abaliba aboluvanyuma; naboluvanyuma abaliba
aboluberyeberye.
20 Kubanga obwakabaka obwomu'gulu bufanana omuntu alina
enyumbaye, eyakēra enkya okugulirira abalīmi (balīme) mu

---

27–39. ABAIGIRIZWA KYEBABUZA.

Ma'ko 10. 28–31; Luka 18. 28–30.

27. *Tuliba naki?*] Petro atanatukirizibwa mu mwoyo gwa Kristo akyalowoza ku kufuna olwokugoberera Kristo. Kristo byeyamudamu bitutegeza nti tewali kwerekereza okwa mazima okulibalwa okuba mpera, naye si bye byona ebifanana okwerekereza, kwe kulekerayo dala, kyebava "Bangi aboluberyeberye kye baliva baba aboluvanyuma." Mwabo ekumi nababiri mwalimu Yuda.

28. *mazalibwa agokubiri*] "oku'za ebintu obugya," oba "biro ebyokulongosezamu byona," oba "Obwakabaka obwa Katonda," Lab. su. 17. 1.

29. *eyaleka*] Kiinzika omuntu okusigala nebyo byaleka era nokuleka ebyo byasigala nabyo. Ne Mukamawafe yayogera bwatyo wano, avogera ku muntu byatesa mu mwoyo.

*aliwebwa emirundi kikumi*] Ma'ko O. amenya omuntu byalifuna kunsi era agamba nti Mu biro bino, naye ate era ayogera ku "kuiganyizibwa."

Sura 20. 1–16. OLUGERO OLWABALIMI ABO MU LUSUKUO LWEMIZABIBU.

Mu Mathayo O. yoka.

1. *Kubanga obwakabaka obwomugulu neb.*] Olugero luno lulnza okuigiriza ebigambo bingi naye abaigirizwa kyebaigirizibwa tulitegera nga tujukira ebyali bisose. Abaigirizwa Petro ngayogera kulwabo abali bagambye nti Fe twaleka byona netukugoberera (kale tuliba) naki? Mukamawafe yabadamu ngagamba nti Bona abalese ebyabwe kulwa Kristo balifuna empera (su. 19. 28, 29), era naye okubera mwabo abasoka si kye kisinga okugasa (lu. 30). Olugero luno lutegeza era ekigambo ekyo. Si be baigirzwa boka naye babo abaitibwa era naye mpo'zi mwabo abaliitibwa oluvanyuma abamu balisinga okuwebwa empera. Naye bona abakola emirimu baliwebwa empera. Naye kibagwanide obutegulumiza olwemirimu gyebakola era ate obutanyiga abalala bwebalifuna empera okwenkana neyabwe.

*abalimi (balime)*] mu lusuku lwe babo abakola emirimu mu Kanisa ya Kristo.

Digitized by Google

Original from HARVARD UNIVERSITY

lusukulwe olwemizabibu. Bweyamala okulagāna nabalīmi 2
edinari eyolunaku olumu, nābasindika mu lusukulwe olwemiza-
bibu. Nāfuluma esawa nga ziri satu, nālaba abalala nga 3
baīmiri'de mu katāle nga tebaliko kyebakola; nabo nābagamba 4
nti Na'mwe mugende mu lusuku olwemizabibu, nānge nābawēra
ekinātūka. Nebagenda. Nāfuluma nate esawa nga ziri mukāga, 5
era nomwenda nākola bwayto. Nāfuluma (esawa) nga ziri kumi 6
nemu, nāsānga abalala nga baīmiri'de; nābagamba nti Kiki
ekibaīmiriza wano obu'de okuziba nga temuliko kyemukola?
Nebamugamba nti Kubanga tewali muntu eyatuguliri'de. Nā- 7
bagamba nti Na' mwe mugende mu lusuku olwemizabibu.
Obu'de bwebwawungēra, omwāmi wolusuku olwemizabibu 8
nāgamba omukozawe nti Baite abalīmi, obawēre empēra,
osokere ku boluvanyuma, okutūsa ku boluberyeberye. Nabo 9
mu sawa ekumi nemu bweba'ja, nebawebwa buli muntu edinari
emu. Nabo abāsoka bweba'ja, nebalowōza nti banāwebwa 10
okukirawo; naye nabo nebawebwa buli muntu edinari emu.
Bwebāgiwebwa, nebemulugunyiza omwāmi, nga bagamba nti 11
Bano aboluvanyuma bakole'de esawa emu, nobenkanya na'fe, 12
abateganye enkya nesana nga litwōkya. Naye na'damu 13
nāgamba omu kwabo nti Mu'nānge, sikukoze bubi: tewalāganye
nānge edinari emu? Twāla eyiyo, ogende; njagala okuwa ono 14

---

2. *edinari*] lab. su. 18. 28.

4. *nabawera ekinatuka*] Mu lu. 12, bawakana olwempera gyebagabirwa ngabagamba nti Abasoka bakoze nga esana libokya. Abantu wano nga tebasima omukulu kyatese'za nga bwebasima mu lugero lwa babanjibwa, su. 18. Ekyali ekyensonga tekyafanana kubera kya nsonga oluberyeberye naye kirabika nga kirungi oluvanyuma nga tumaze okutegera byona. Era naye mu mirimu egikolebwa si kisera kyoka kye kibalibwa. Olusi ekikolebwa omu amangwago oba ekigambo ekyobuzira ekyawonya egye oba egwanga kirabika nga kisanide empera enene okusinga omulimu gwona ogwakolebwa omulala mu bulamu bwe bwona.

6. (*esawa*) *nga ziri kumi nemu*] Kale tuinza okulowoza ku sawa zino ezitali zimu okusoka ku kuitibwa kwa Paulo, oba Barnaba oba Timotheo abakwata Edini oluvanyuma Ekumi nababiri nga bamala da okugikwata. Era ate netulyoka tulowoza ku mawanga okuingizibwa mu Kanisa mu biro ebitali bimu. Kye kirungi dala amawanga amalala okugabana na Bayudaya.

12. *abateganye enkya nesana ngalitwokya*] Kale abantu balowoza bwebatyo ku mirimu gyabwe era bifanana nebyo engulu nti "Kale tuliba naki?" (Su. 19. 27.)

13. *Munange*] Omwami ngaita omudu bwatyo; oba aitibwa kumbaga ngayogera ne mune; oba omuntu ngasisinkana nomulala nga balamusagana. Lab. su. 20–23. 12; ne 26. 50 wetusanga ebigambo byo kunenya.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

15 owoluvanyuma nga 'gwe. Siīnza kukoza byānge nga bwenja-
16 gala? oba erisolyo bi kubanga 'nze ndi mulūngi? Bwebatyo
aboluvanyuma baliba aboluberyeberye, naboluberyeberye baliba
aboluvanyuma.
17 Yesu bweyali ngayāmbuka (okugenda) e Yerusalemi, nātwāla
abaigirizwa ekumi nababiri kyāma, nābagambira mu 'kubo nti
18 Laba, twāmbuka (tugenda) e Yerusalemi; no Mwāna womuntu
aliwebwayo mu bakabona abakulu nabawandisi; nabo balimu-
19 salira omusāngo okumu'ta, era balimuwayo mu Bamawānga
okumudūlira, nokumukuba, nokumukomerera: nālyoka azū-
kizibwa ku lunaku olwokusatu.
20 Awo nyina wabāna ba Zebedayo na'ja gyali, nabānabe,
21 nāmusinza, nāmusaba ekigambo. Nāmugamba nti Oyagala ki?
Nāmugamba nti Lagira abāna bānge bano bōmbi batūle, omu-
lala ku mukonogwo ogwadyo, nomulala ku mukonogwo ogwa
22 kono, mu bwakabakabwo. Naye Yesu na'damu nāgamba nti

---

15 *erisolyo bi*] Abe Buvanjuba batya nyo okulogebwa neriso. Ngabalowoza nti Omuntu ainza okukola mune obubi bwatyo. Wano amakulu ge gano nti Okwatibwa obugya kubanga nkoze ebyensonga?

17–19. YESU, NGALINYA E YERUSALEMI, OKUBATEGEZA OMULUNDI OGWOKUSATU KO KUBONYABONYEZEBWA KWE.

Lab. su. 16. 21; 17. 22, 23; ne Ma'ko 10. 32–34; Luka 18. 31–34. Ma'ko O. agamba nti "balimuwandira amalusu." Luka O. nti "aliwandirwa amalusu;" Mathayo O. yeka ayogera nti "nokumukomerera." Luka O. atutegeza Abamawanga bwebagenda okusa ekimu mu kumubonyabonya, aleta era nti "Nabo nebatategerawo kwebyo nekimu. Abaigirizwa okubanga bali Bayudaya, bakyalowoza kunsi eno nti Tuliba naki? Balowoza nti Yesu akyayogera mu lugero. Yesu yeka yategera ekigambo kino ekyentisa. Abamugoberera tebainza kusakimu naye mu kutegera ekyo."

18, 19. Laba ebigenda okubawo bwebyategezebwa dala. Sanhedrini balisala omusango naye tebalimu'ta, Amawanga balikuba era balikomerera.

20–28. SALOME OKUSABIRA BATABANIBE, NOKUDAMU KWA YESU.

Ma'ko 10. 35–41. Ma'ko asoka bwati nti "Awo Yakobo ne Yohana, abana ba Zebedayo, nebasembera wali nebamugamba."

20. *nyina wa bana ba Zebedayo*] Bwetugerageranya Mat. 27. 56, ne Ma'ko 15. 40. tulaba nga erinya lye lyali Salome.

*namusinza*] okuvunama nga bwebavunamiranga Kabaka owe buvanjuba.

*namusaba ekigambo*] Ngatya okwogera, Mukamawe ngatasose kumugamba.

21. *batule, omulala ku mukonogwe ogwadyo.*] Kale Lab. su. 19. 28.

22. *Temumanyi*] Kristo bwadamu agamba abana so si nyabwe.

*kikompe nze kyeng'enda okunywako*] "Ebiri mu maso gange." Lab. era Is. 51. 17: "wanywa ku kibya ekyekikompe ekyoku-

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

Temumanyi kyemusaba. Muīnza okunywa ku kikōmpe 'nze
kyeng'enda okunywako? Nebamugamba nti Tuīnza. Nāba- 23
gamba nti Ku kikōmpe kyānge mulinywerako dala: naye
okutūla ku mukono gwānge ogwadyo, ne ku mukono ogwa
kono, si 'nze nkugaba, wabula eri abo Kitānge beyakuterekera.
Na bali ekumi bwebāwulira, nebanyīgira aboluganda ababiri. 24
Naye Yesu nābaita gyali, nāgamba nti Mumanyi ngabāmi 25
ba Mawānga babafuga, nabakulu bābwe babatwāla namānyi. 26
Tekibenga bwekityo mu'mwe: naye buli ayagala okuba omu-
kulu mu'mwe anābānga muwereza wa'mwe: na buli ayagala 27
okuba owoluberyeberye mu'mwe anābānga mu'du wa'mwe:
nga Omwāna womuntu bwata'ja kuwerezebwa, wabula oku- 28
wereza, nokuwayo obulamubwe ekinunulo ekyabangi.
Bwebāli nga bafuluma mu Yeriko, ekibīna ekinene nekimu- 29

---

taga'ta nokikutankira;" era Zab. 75. 8. Abaigirizwa oluvanyuma bweba jukira bino banditegede bwebyayogerwa ku kuwolereza okwa Kristo eyanywa ekikompe ekyobusungu obwa Katonda obwali ku bantu mu kubonyabonyezebwakwe eri ne mu kufakwe.

Ekifananyi kino mpo'zi kyagyibwa ku "kikompe ekyobutwa" ekikompe ekyokufa.

23. *Ku kikompe kyange mulinywerako dala*] Yakobo ya'tibwa Herode Agri'pa I nekitala (Bik. 12. 2). Yohana yabonyabonyezebwa nyo naye yafa. Kristo wano abanenya mpola mpola ngamanyi ebiri mu maso gabwe.

24. *nebanyigira*] Kale okunyiga okwe Kumi nababiri kufanana nga okusaba kwa Yakobo ne Yohana. Abaigirizwa ba Yesu bakwatibwanga obugya boka naboka ngabo abo mu lubiri lwa Kabaka owomunsi bwebakwatibwa.

25. *Yesu nabaita gyali, nagamba*] Yesu abategeza ebyomubwakabaka obwomugulu bwebitafananga dala nebyomubwakabaka obwomunsi. Mu bwakabaka obwomugulu okuwereza kwegombebwa so si kufuga. Mu bwakabaka obwomunsi tusanga (1) okusoka Omulangira afuga; (2) abakungu; (3) abawereza; (4) abadu. Naye mu bwakabaka obwomugulo ayagala okuba ne kitibwa kimugwanide okuwereza, ayagala okufuga amala okufuka omudu. Yesu atuigiriza okuwereza bwekuli okwe kitibwa mu Bwakabaka obwo mu gulu. Ebigambo ngo bino tebyakulemye kuigiriza abantu okufuga obulungi abadu babwe.

28. *ekinunulo*] gwe muwendo ogwawebwangayo okununula omusibe mu budu. Laba Bar. 3. 24; 1 Kor. 20; 1 Pet. 6. 19.

*ekyabangi*] Lab. 1 Tim. 2. 6, "eyewayo abe omutango olwabona."

29–34. ABAZIBE BAMASO ABABIRI OKUWONYEZEBWA.

Ma'ko 10. 46–52; Luka 17. 35–43.

Ebyo mu Basunoptiki abasatu tebigendera dala awamu. Abamu balowoza nga tebawandika ku kyamagero kimu bona. Ma'ko O.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

30 goberera. Laba, abazibe bamaso babiri abāli batu'de ku
ma'bali ge'kubo, bwebāwulira nti Yesu aitawo, nebogerera
wa'gulu, nga bagamba nti Mukama (wa'fe), tusāsire, omwāna
31 wa Daudi. Ekibīna nekibabogolera, okusirika: nayo bo nebe-
yongera okwogerera wa'gulu, nga bagamba nti Mukama (wa'fe),
32 tusāsire, omwāna wa Daudi. Yesu nāīmirira, nābaita, nāgamba
33 nti Mwagala mbakole ki? Nebamugamba nti Mukama (wa'fe),
34 amaso ga'fe gazibuke. Yesu nākwatibwa ekisa, nakoma ku
maso gābwe: amangwāgo nebalaba, nebamugoberera.
21 BWEBASEMBERA okumpi ne Yerusalemi, nebatūka e Bethfage,
ku lusozi olwa Zeituni, awo Yesu nātuma abaigirizwa babiri,

---

ayogera ku muntu omu nti "Batimayo-omuzibe wamaso." Luka O. era ayogera ku muntu omu naye agamba nti byaliwo Yesu "bweyali nganatera okutuka e Yeriko," naye Mat. O. ne Ma'ko O., bombi bawandika nti ekyamagero kino kyakolebwa "bwebali nga bafuluma mu Yeriko" Kale mpo'zi Luka awandika ebigambo ebye kyamagero ekirala.

29. *ekibina ekinene*] Omutemwa gwa Bagalilaya nabalala abali balinya e Yerusalemi okukwata Pasaka (Okuitako). Okubera abangi bwebatyo kwandibakumye mu batemu abali munsozi ezali mu kubo. Mu kisera kino Yeriko kyali kibuga kigazi. Ne mu mirembe gya Yoshuwa era bwekyali olwokubera wakati wensenyi eng'imu era kubanga walabikawo amainja agomuwendo. Yoshuwa yakizikiriza era yakisako ekikolimo naye oluvanyuma Hieli owe Betheli yakizimba. Nakikolako bugwe nekiryoka kifuka ate ekikulu. Mu kisera ekyo basubulanga dagala. Herode Omukulu yayonja ekibuga nazimba nenyumba eze kitibwa, era gyeyafira. Herode bweyamala okufa Yeriko kyanyagibwa era kyayo, kebwa naye Omwana we Arkelao yakidabiriza. Kale Mukamawafe bweyatukayo Yeriko ate ngakifuse nti "Ekibuga ekyenkindu." Teyandiremye kukitunulira nyo nga kye kibuga ekyasoka okuwangulibwa nga ekigwa mu maso go "mugabe owe gye lya Mukama, nomuduwe Yoshuwa."

31. *omwana wa Daudi*] Kale mu kisera kino ekyokuwereza kwa Mukamawafe tulaba bwetutyo Omwana wa Daudi ngaingira mu bwakabakabwe.

34. *nebamugoberera*] Bangi kubo abawonyezebwa Yesu balinga bamugoberera okutusa mu Yerusalemi.

*bamugoberera*] Yesu ye nyini ngabakulembede olunyiriri. Lab. Luka 19. 28.

Nisani 9 (Sabiti ya masanso).

SURA 21. 1–10, OKUINGIRA MU YERUSALEMI NGA KABAKA.

Ma'ko 11. 1–11; Luka 19. 29–40; Yohana 12. 12–19.

Luka O. yeka aingiza wano ebigambo bya Kristo okukabira Yerusalemi (19. 40–44).

1. *nebatuka e Bethfage*] ku lusozi olwa Zeituni "e Bethfage ne Bethaniya, ku lusozi olwa Zeituni" (Ma'ko) "nganatera okutuka e Bethfage ne Bethaniya, ku kulusozi oluitibwa olwa Zeituni"

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nābagamba nti Mugende mu mbuga ebali mu maso, amangwā- 2
go munālaba endogoi ngesibi'dwa, nomwāna (gwayo) nayo;
muzisumulule, muzindetere. Naye omuntu bwanābagamba 3
ekigambo, munāgamba nti Mukama (wa'fe) yazagala; naye
anāziwereza mangwāgo. Kino kyabawo, (ekigambo) kitūkiiire- 4
na'bi kyeyayogera, ngagamba nti
Mubūlire muwala wa Sayuni nti 5
Laba, Kabakawo a'ja gyoli,
Omutēfu, nga yebaga'de endogoi,
Nākayana omwāna gwendogoi.
Abaigirizwa nebagenda, nebakola nga Yesu bweyabalagira, 6
nebaleta endogoi, nomwāna (gwayo), nebazi'sāko engoye zābwe; 7
nāzitūlako. Abantu bangi abomukibīna nebālīra engoye zābwe 8
mu 'kubo; abalala nebatema amatabi ku miti, nebagālīra mu
'kubo. Ebibīna ebyamukulembera, nebyo ebyava enyuma, 9
nebyogerera wa'gulu, nebigamba nti Hosana eri omwāna wa

---

(Luka). Bethaniya kyalinga mailo nga biri okuva ku Yerusalemi. Ekibanja ekia Bethfage (kifo kya mitini emibisi) tekinaba kuvumbulibwa. Kyalinga ku bugwanjuba owe Bethaniya okumpi nyo ne Yerusalemi nokubalibwa okuba ekitundu kyekibuga ekitukuvu.

2. *endogoi ngesibidwa, nomwana (gwayo) nayo*] "omwana ogwendogoi ogusibidwa, ogutebagalwangako muntu nakatono" (Ma'ko ne Luka), Mathayo O. atutegeza ebyakolebwa bwebyagoberera dala ebyobunabi; (Lab. lu. 5.) Abatambula e Buvanjuba batutegeza endogoi bwebalibwa nga ya muwendo munsi ezo. Mu Luebraniya ensolo eno etumibwa amanya amangi agatutegeza engeri ezemirimu bweziri enyingi bwebagikoza. "Endogoi eyomugaga ensolo eyekitibwa. Nene nyo okusinga ezirabika awalala. Enyirira nga embalasi."

3. Olwebigambo byetusoma tulowoza nga nanyini ndogoi yali muigirizwa wa Yesu naye nga tanaba kumwatula mbu mu lwatu. Abakiriza bwebatyo mu kyama balinga bangi nyo.

4. *kitukirire*] Lab. ku su. 1. 22.

5. *Mubulire muwala wa Sayuni, neb.*] (Zek. 9. 9.) Nabi yali alagula ku Israeli okuwangula namawanga agetolola okufeba.

7. *nebazisako engoye zabwe*] Engoye zabwe ezokungulu Abawarabu aba kakano zebaita nti "abba." Era laba entebe eyobwakabaka gyebakolera Yehu. (2 Basek. 9. 13.)

8. *nebalira engoye zabwe mu kubo*] Abaigirizwa babawanga Ba-Rabi babwe ekitibwa bwebatyo.

9. *Hosana*] (Lueb.) "olokole kakano," "lokola nkwegairide." (Zaburi 118. 25.) lusoka bwerutyo nti Olokole kakano, tukwegairide ai Mukama: ai Mukama tukwegairide owereze omukisa kakano: lwe lunyiriri lwebaimbanga nga betolola altari kumbaga eye Nsisira ne ku naku endala enkulu. Ebibina byategera Yesu okubera Kristo nebamuimbira nga bwebaimba mu mbaga yabwe eyasinga okuba ne sanyu. Luka bweyali ngawandikira Abamawanga akyusa bwati nti Ekitibwa wagulu enyo.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

10 Daudi: Awere'dwa omukisa a'ja mu linya lya Mukama; Hosana
wa'gulu mu 'gulu. Awo bweyaingira mu Yerusalemi ekibuga
11 kyona nekikankanyizibwa nga kigamba nti Ani ono? Ebibīna
nebigamba nti Ono na'bi Yesu ava mu Nazareti e Galilaya.
12 Yesu naīngira mu yekalu ya Katonda, nāgobera ebwēru bona

---

*Aweredwa omukisa aja mu linya lya Mukama*] (Zab. 118. 26). "Aja" (Habba) lye linya Kristo lyeyatumibwa. Ma'ko O. ayongera nti "Buweredwa omukisa obwakabaka obuja obwa jaja wafe Daudi." Yohana O. nti "aweredwa omukisa aja mu linya lya Mukama, ye Kabaka wa Israeli." Luka O. nti "Aweredwa omukisa Kabaka aja, neb." Era atutegeza ebibina bwebyatanula okusanyuka nokutendereza Katonda nedobozi dene olwebyamagero byona byebalaba. Abali ku Yekalu tebandiremye kuwulira okulekana kuno nga batendereza Kabaka. Bethaniya kiri mu ki'ko ekyolusozi. Ekubo lyaita mu ki'ko kino okutusa awaserengeterwa, ne Yekalu neryoka erabika. Okusoka walabikanga enyumba nebugwe we kibuga kya Daudi; era newalyoka walabika akasolya ke Yekalu nga kamasamasa era nebifugi ebyekitibwa ebya Herode.

Tuleme okulowozako ku kigambo kino kyoka ekya Kristo okuingira mu Yerusalemi nekitibwa bwatyo, si kino kyoka wabula, nebirala bingi bitutegeza okusubira Obwakabaka bwekwali nga kufuse kunene nyo mu naku ezo. Salome okufukamirira Kristo ngasabira abana be—Abo ekumi okuwakana—ebibina ebyakung'ana—Okukuwola kwa Batimayo—ebyo byona era nokuingira Yerusalemi ne kitibwa bitutegeza bwebali nga basubira obwakabaka okuja mangu.

10. *ekibuga kyona nekikankanyizibwa*] Mu mirembe gya Nero babala Abayudaya abakung'anira e Yerusalemi ku Pasaka nebawera 2,700,000. Kale tuinza okulowozako ku makubo age kibuga amafunda nga bwegali nga gajude nebibina bingi ebyayogera enimi enyingi, bona nga babuza nti Ani ono?

*nekikankanyizibwa*] nga nemusisi oba nembuyaga eya manyi (Lab. su. 27. 51; ne Kub. 6. 13), wetusanga era ekigambo ekikyusibwa bwekityo wano.

Monday, Nisani 10.

Ebyabawo ku lunaku luno bimalira dala sura 25.

12–14. OKULONGOSA YEKALU OMULUNDI OGWOKUBIRI.

Ma'ko 11. 15–18; Luka 19. 45, 46.

Munjiri za Basunoptiki abalala tutegezebwa nga okulongosa Yekalu kwabawo ku Nisani 10, so si ku lunaku lweyaingira mu Yerusalemi. Ma'ko O. agamba nti (11. 11), "bweyamala okwetoloza amaso okulaba byona obude bwali nga buwungera, nafuluma nagenda e Bethaniya." Okukolimira omutini kwekwasoka okulongosa Yekalu. Mathayo O. yeka atutegeza abalema nabazibe ba maso bwebawonyezebwa era naye aleka ebya namwandu eyasula "kodranti" mu gwanika byetutegezebwa Basunoptiki abalala bombi. Ma'ko O. agamba wano (11. 16) nti Nataganya muntu okuisa ekibya mu Yekalu. Kristo okulongosa Yekalu omulundi ogwoluberyeberye biri mu Yoh. 2. 13–17.

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

abāli batūndira mu yekalu, nāvunika embāwo ezabāli bawanyisa
efeza, nentebe ezabāli batūnda amayiba; nābagamba nti Kya- 13
wandikibwa nti Enyumba yānge eneitibwānga nyumba ya
kusabirāngamu: naye 'mwe mugifūla empuku yabanyazi. Awo 14
abazibe bamaso nabalema neba'ja gyali mu yekalu: nābawonya.
Naye bakabona abakulu nabawandisi bwebālaba ebyamagero 15
byeyakola, nabāna abāyogerera wa'gulu mu yekalu nga bagamba
nti Hosana eri omwāna wa Daudi; nebanyīga nebamugamba
nti Owulira bano bwebagamba? Yesu nābagamba nti Mpulira: 16

---

12. *nagobera ebweru bona abali batundira, neb.*] Kristo yalinga yabatunulira nobuinza bwe obwa Katonda, era ate nokuba na Bagalilaya abangi nga bamugoberera era ate kubanga abatunzi bategera boka nga bali bakola ekyomuzizo—ebyo byona bye byabagoba so si Kristo okukola ekyamagero.

*bona abali batundira mu Yekalu*] Batundanga ente nendiga era nebirala ebyetagibwa mu sadaka nga mwenge nomunyo namafuta. Batundiranga mu lugya lwa Banawanga.

*embawo ezabali abawanyisa efeza*] Mu Luy. be babo abawebwanga ekitundu kya feza ekitono, yempera yabwe olwokuwanyisa efeza ezabasinza abalagirwa okuwayo mu feza eze Kiebraniya. Naye okulya empera eno kwali kwa muzizo. Era balinga bakola ebirala ebyokulyazamanyanga.

*batunda amayiba*] Lab. Luka 2. 24.

13. *Enyumba yange eneitibwanga nyumba ya kusabirangamu*] (Is. 56. 7.) "enyumba yange eneitibwanga nyumba ya kusabirangamu eri amawanga gona."

*empuku ya banyazi*] Lab. Yer. 7. 11. "Enyumba eno etumibwako erinya lyange efuse empuku ya banyazi mu maso gamwe?" Ebirirana nebyo bibino. "Bwemunalongosezanga dala amakubo gamwe nebikolwa byamwe—so temuyiwanga musai ogutaliko musango mu kifo kino—kale ndibatuza mu kifo kino munsi gyenawa bajaja bamwe obweda bwona okutusa emirembe gyona." Abajemera amateka mu Palestina okuva eda bekwekanga mu mpuku era mu mirembe gya Herode Omukulu abanyazi ababeranga mu mpuku bamujemeranga. Mpo'zi ne wano Kristo yalowoza kwebyo nti Mufude enyumba yange okuba ekigo kyabo abajemera Katonda ne Kristo, eyandijuzibwa nabantu abagondera dala. Era ate nempaka za batunzi nga zafanana nokuyombayomba okwabanyazi mu mpuku zabwe.

15–16. ETENDO ERYA BANA.

Biri mu Mathayo yoka.

15. *bakabona abakulu*] Gye mitwe egyenyiriri amakumi abiri mwena, era ne kabona asinga obukulu era nabalala abali balide ekifo ekyo. Lab. ku su. 26. 3.

*nabana abayogerera wagulu mu yekalu*] Abana baigirizibwanga ngabakyali bato nyo okusinza mu Yekalu. Abo be bakwata ebigambo ebyoluimba olwaimbibwa kumbaga balamusa bwebatyo Yesu naye nga tebategera amakulu ge bigambo byabwe.



Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

temusomāngako nti Mu kamwa kabāna abato nabawere otū-
17 kiri'za etendo? Nābaleka, nāfuluma mu kibuga, (nāgenda)
e Bethaniya, nāsula eyo.
18 Awo enkya bweyali nga'dayo ku kibuga, enjala nemulūma.
19 Nālaba omutini gumu ku ma'bali ge'kubo, nāgutūkako, nā-
sānga nga tekuli kintu, wabula amalagala amerēre; nāgugamba
nti Tobalānga bibala emirembe nemirembe. Amangwāgo omu-
20 tini neguwotōka. Abaigirizwa bwebālaba, nebewunya, nebaga-
21 mba nti Omutini guwotōse gutya amāngu? Yesu na'damu
nābagamba nti Mazima mbagamba nti Bwemunābanga noku-
'kiriza, nga temubūsabūsa, temukolenga kino kyo'ka ekyomu-
22 tini, naye bwemuligamba nolusozi luno nti Situlibwa osūlibwe
mu nyanja, kirikolebwa. Ne byona byona byemunāyagalānga
nga musaba, nga mu'kiri'za, munābiwebwānga.

---

16. *Mu kamwa kabana abato nabawere otukiri'za etendo*] (Zab. 8. 2.) "wanyuweza amanyi" Mu nyiriri ezisoka mu Zaburi eno tulaba ekitibwa kya Katonda bwekirabisibwa mu bitonde bye. Amanyi ga Katonda galabisibwa mu gulu ne mu munyenye era ne mu kukaba okowomwana omuwere. Katonda ategeza bwatyo abalabebe obuinza bwe. Era ne mu yekalu abana banyweza amazima ga Katonda.

17. *e Bethaniya*] "Enyumba yenkindu." Yesu yasulanga awo omwa Lazaro ne banyina.

18–22. OKUKOLIMIRA OMUTINI.

Ma'ko 11. 12–14, ne 29–24. Ma'ko O. asoka ku bino nalyoka awandika ebyokulongosa Yekalu oluvanyuma. (Lab. ku nyi. 12–14.)

19. *nasanga nga tekuli kintu, wabula amalagala amerere*] Omutini gukunkumula amalagala mu biro byempewo; amatabi gagwo negatukulira dala. Naye waliwo engeri emu esansula nga omwaka guingira ebibala nebisoka amalagala okulabika. Kristo yalinga yalaba omutini ogwengeri eyo era bweyalaba nga namalagala ga'ze nalyoka alowoza nga talirema kusanga ku bibala. Naye ku mitini emirala amalagala mu kisera kya Pasaka galinga teganaba kulabika era nga emyezi gikyasigadeyo ena ebibala okuyengera. Byetuigirizibwa bibino, nga omutini ogwengeri eyo gwasoka ginagwo okulabisa amalagala nebibala ne Israeli lyoka mu mawanga agensi lyalaga okusubiza—lyoka lyasubirwako ebibala naye tebyalabika songa ebiro byokukungula byali biise. Egwanga erya Baisraeli kyeryava libula naye Amawanga amalala agali tega—naba kubala gali getesetese okusansula nokubala omwaka gwabwe nga gutuse.

*neguwotoka*] Mu Njiri ya Ma'ko O. tutegezebwa nga abaigirizwa balaba kino enkya, so si ku lunaku omutini lwegwakolimirwako.

20. *nebewunya*] Ekyamagero kino kyali kya kwolesa amanyi gyebali so si kabonero akokubaigiriza. Kristo kyeyava abaigiriza nga okusaba nokukiriza biinza okusobola ebizibu byona. Lab. su. 17. 10.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Nāingira mu yekalu, bakabona abakulu nabaka'de babantu 23
neba'ja gyali ngaigiriza, nebagamba nti Buīnza ki obukukoza
bino? āni eyakuwa obuīnza buno? Yesu na'damu nābagamba 24
nti Nānge kambabūze ekigambo kimu, bwemunākinzi'vuuula,
era nānge nābabūlira obuīnza bwebuli obunkoza bino. Okubatiza 25
kwa Yohana kwava wa? mu 'gulu nantiki mu bantu? Nebe-
būzaganya bo'ka na bo'ka, nebagamba nti Bwetunāgamba nti
Mu 'gulu : anātugamba nti Kale kiki ekyabalobera okumu'kiriza? 26
Naye bwetunāgamba nti Mu bantu; tutya abantu; kubanga bona
bamulowōza Yohana nga na'bi. Neba'damu Yesu nebagamba 27
nti Tetumanyi. Nāye nābagamba nti Era nānge sibabūlire
obuīnza bwebuli obunkoza bino. Naye mulowōza mutya? 28
(Wāliwo) omuntu eyalina abānabe babiri; na'ja eri owolu-
beryeberye, nāgamba nti Omwāna, genda okole emirimu lero

---

23–27. OBUINZA BWA KRISTO BUWAKANYIZIBWA.
Ma'ko 11. 27–33; Luka 20. 1–8.

23. *Buinza ki okukoza bino? ani eyakuwa obuinza buno?*] Okusoka babuza nti Olina obuinza bwa ngeri ki? oba bwa Katonda oba bwa bantu? nebalyoka babuza eyamukwasa obuinza buno yani? Tewali eyalina obuinza okuigiriza wabula abo abakirizibwa abawandisi.

24. *Nange kambabuze ekigambo kimu*] Bo bali bamulumbye nalyoka abalumba bo ngababuza bo ekigambo ekizibu. Bwebalidamu nti Mu gulu, kwenkana nga bamwatude Yesu okuba Kristo, bwebaligamba nti Mu bantu kale abantu baja okuyomba, bwebalisirika, kale abantu nga tebakyainza kubaita abakulu babwe mu bigambo ebyomwoyo.

28–32. OLUGERO OLWABANA ABABIRI ERA NOKUTEGEZEBWA KWALWO.

Biri mu Mathayo O. yoka. Luka O. aleka olugero luno nga lusinga mbu okuigiriza ebya Baisraeli. Tulaba bwerudirira ebyabuzibwa ku kuigiriza okwa Yohana. Engero nembulira ezidirira tezikyaigiriza ebye Kanisa, ebyali nga bikyali wala wabula ebyabawo mu naku ezo. Tutegezebwa (1) Kristo bwagenda okuganibwa; (2) Egwanga lya Bayudaya okuganibwa; (3) Omusango, (*a*) ogwali gutanude okubawo; (*b*) ogulisalibwa, Yerusalemi nga kizikirizibwa; era (*c*) ogulitukirizibwa kunkomerero eyensi. Tulaba era okwawula okulibawo nga omusango gusalibwa—ekitala ekyawula Kristo kyaleta—Egwanga lya Bayudaya era nensi, byombi nga biyawulibwamu ebibiri—abana ababiri—bibina ebyabalimi era nebyabantu abaitibwa ku mbaga ebibiri—abawala abamagezi nabatalina magezi—endiga nembuzi—etalanta zebakoza emirimu neyo eyaterekebwa. Mu sura zino zetugenda okusoma tulaba Abafarisayo era negwanga lyona ngabafanana okuwangula newakubade nga balabulwa; Kristo Kabaka naye ngawangulira dala newakubade ngasoka okufanana nga awangulibwa ngabamu'ta.

28. *abanabe babiri*] be balina ebibi abasoka okukola Katonda byayagala nebalyoka benenya olwokubulira kwa Yohana; era na

Digitized by Google    Original from HARVARD UNIVERSITY

29 mu lusuku olwemizabibu. Na'damu nāgamba nti Ng'ānyi:
30 naye oluvanyuma neyenenya, nāgenda. Na'ja eri owokubiri,
nāgamba bwatyo. Naye na'damu nāgamba nti Kang'ende,
31 sebo: nātagenda. Kwabo bōmbi āni eyakola kitāwe kyaya-
gala? Nebagamba nti Owoluberyeberye. Yesu nābagamba nti
Mazima mbagamba nti abawōza nabenzi babasoka 'mwe okuin-
32 gira mu bwakabaka bwa Katonda. Kubanga Yohana ya'ja
gyemuli mu 'kubo eryobutūkirivu, na'mwe temwamu'kiriza:
naye abawōza nabenzi bāmu'kiriza: na'mwe, bwemwalaba bwe-
mutyo, noluvanyuma temwenenya okumu'kiriza.
33 Muwulire olugero olulala: Wāliwo omuntu eyalina enyu-
mbaye, nāsimba olusuku olwemizabibu, nālukomerako olukomera,
nālusimamu eso'golero, nāzīmba ekigo, nālusigira abalīmi, nā-

---

Bafarisayo abalina "obutukirivu" obwava mu mateka" (Baf. 3-9) naye abatakola Katonda byayagala. Bombi bana, Katonda abagala bombi. Kiinzika Abafarisayo okugoberera abalina ebibi okuingira mu gulu (lu. 31). Paulo yali akyali Mufarisayo: Nikodemo yali Mufarisayo naye yali muigirizwa mu kyama.

29. Mu. MSS. ebimu tusoma nti omwana owoluberyeberye yakiriza okukola naye oluvanyuma teyagenda, nowokubiri yasoka okugana nakola oluvanyuma. Kale bwebiri bwebityo abana bano baja kufanana nga Abayudaya era na Bamawanga.

32. *kubo eryobutukirivu*] Abaebraniya be bayogeranga bwebatyo—Laba 22. 16, "ekubo lya Katonda." Bik. 16. 17, "ekubo eryo bulokozi." Oluvanyuma okuigiriza okwa Bakristayo kwaitibwanga nti "ekubo" (Bik. 19. 9-22).

*bwemwalaba bwemutyo*] okulaba nti abawoza nabenzi bamukiri'za.

33-42. ABALIMI ABABI.

Ma'ko 12. 1-11; Luka 20. 9-18.

Olugero luno lutegerekeka mangu. Egwanga lya Baisraeli lifanyizibwa nga olusuku olwe mizabibu, era nga mu banabi. Olusuku olwa Mukama. Eyasimba olusuku nalusako olukomera ye Katonda Kitafe, eyetondera egwanga okuba egwanga lye eryenvuma. Abalimi be Bayudaya era okusinga Abafarisayo, abakulu mu Dini. Abadu be banabi ba Katonda. Omwana ye Mukamawafe Yesu Kristo.

33. *nasimba olusuku*] Lab. olugero mu Isaya 5. 1-7, mwetusoma ebigambo ebifananaga bino. Era laba Zab. 80. 8-16; Yer. 2. 21; Ez. 15. 1-16. Ku feza za Ba-Makabayo bakubako ekyapa kya muzabibu.

*nalukomerako olukomera*] oba lwa mainja oba lwa miti egya magwa. Luka O. tayogera ku lukomera luno. Israeli lyayawulibwa mu mawanga.

*nalusimamu esogolero*] e Palestina basima nga esogolero mu lwazi olwa chokā (noni). Basimanga ebinya bibiri, ekyengulu gyebasambira zabibu, ekyemanga omubisi gyegwakun g'aniranga nga bwetusoma mu Yoeli 3. 13. Nazimba ekigo bakolanga ekitiudiro

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

tambula olugendo. Awo omwāka bwegwali gunātera okutūka 34
ebibala (okwengera), nātuma aba'dube eri abalīmi, babawe
ebibalabye. Naye abalīmi nebakwata aba'dube, omu nebamu- 35
kuba, omulala nebamu'ta, omulala nebamukasukirira amainja.
Nātuma nate aba'du abalala bangi okusinga aboluberyebe- 36
rye: nebabakola abo bwebatyo. Oluvanyuma nābatumira 37
omwānawe, ngagamba nti Banāwulira omwāna wānge. Naye 38
abalīmi bwebālaba omwāna nebagamba bo'ka na 'boka nti Ono
ye musika; mu'je, tumu'te, tulye obusikābwe. Nebamukwata, 39
nebamusindikiriza mu lusuku olwemizabibu, nebamu'ta. Kale, 40
mukama wolusuku olwemizabibu bwali'ja, alibakola atya abalīmi
abo? Nebamugamba nti Abo ababi alibazikiriza bubi, naye 41
olusuku olwemizabibu alirusigira abalīmi abalala, abanāmu-
werezānga ebibala byāmu mu mwāka gwabyo. Yesu nāba- 42
gamba nti Temusomāngako mu byawandikibwa nti

E'jinja abazīmbi lyebāgāna
Lye lyafūka omutwe gwensōnda
Kino kyava eri Mukama,
Era kya kitalo mu maso ga'fe?

Kyenva mbagamba nti Obwakabaka bwa Katonda buliba- 43

---

kyebasisirako akayu omukumi mweyaberanga. Naye esogolero ne kigo tebiriko makulu mu kutegeza olugero luno.

*nalusigira abalimi*] Ne Bulaya kakano bakyakola bwebatyo. Abalima olusuku be bawayo ekitundu ekyebibala eri nanyini lwo: ye renti gyebasaliranga.

35. *omu nebamukuba, omulala nebamu'ta*] Lab. su. 23. 35.

38. *tulye obusikabwe*] Si kugamba nti Kino kyandiinzise era naye na Bafarisayo oku'ta Kristo tekwabanyweza mu bukulu bwabwe nga bwebali basubira.

39. *nebamusindikiriza mu lusuku*] ne Kristo ya'tirwa ebweru we Yerusalemi.

41. *Nebamugamba*] Ebibina be bayogera nga bawuliriza nyo ebigambobye nga bakwatidwa nobusungu.

42. *Temusomangako mu byawandikibwa*] Zaburi 118. 22 (olunyiriri 25 lujulirwa wangulu ku lu. 9). Zaburi eno yawandikibwa mbu nga bagenda okulya embaga eyensisira eyasoka okulibwa nga bamaze okutukuza Yekalu eyokubiri (Neh. 8. 13–18). Ejinja lyaliwo dala lyebakoza bwebatyo. "Ejinja eryokunsonda" lye gwanga erya Bayudaya eryaganibwa naye oluvanyuma lyakomezebwawo okuva mu budu. Kristo naye akyusa ebigambo bino ku kanisa ye, omuli Abayudaya era na Bamawanga, eyaganibwa oluberyeberye, naye ngegenda okusikira ekifo kya Baisraeli. Mu. Bik. 4. 11; Bef. 2. 20; 1. Pet. 2. 6. Kristo ye nyini lye jinja; naye kubanga Kristo okusoka yali kulwegwanga lya Bayudaya (su. 4. 15; 2. 1–11) era oluvanyuma kulwe Kanisa. Lab. era Isaya 28. 16.

*omutwe gwensonda*] ogugata ebisenge byombi era ogutwala akasolya.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

gyibwako 'mwe, buliwebwa e'gwānga eribala ebibala byabwo.
44 Era agwa ku 'jinja lino alimenyekamenyeka: naye buli gweri-
45 rigwako, lirimubētenta. Awo bakabona abakulu na Bafarisayo
46 bwebāwulira engeroze, nebategēra nti ayoge'de kubo. Nabo
bwebāli bagala okumukwata, nebatya ebibīna, kubanga bya-
mulowōza okuba na'bi.
22 YESU na'damu nāyogera nabo nate mu ngero, ngagamba nti
2 Obwakabaka obwomu'gulu bufananyizibwa nomuntu (eyali)
3 kabaka, eyamufumbira omwānawe embaga eyobugole, nātuma
aba'dube okuita abāitirwa embaga eyobugole: nebatayagala

---

44. *agwa ku jinja lino*] Abamu balowoza nti Wano Kristo alinga alowoza ku mpisa zebaisa nga bamukuba omuntu amainja. Ekifo kyebaimiriraugako kyabanga kigulumivu okusinga omuntu emirundi ebiri, omujulirwa omu ngaimirirawo nakasuka ejinja ku kiwatu kyoli gwebakuba, bweyabanga tafude omulala nalyoka akasuka edala ku mutima gwe. Naye kisinga obulungi okulowoza ku kibya ekyebumba (1) bwekigwa wansi kimenyeka; (2) bwekigwibwako ejinja likisekula ngenfufu.

*lirimubetenta*] Mu Luy "okuwewa." Abo abalyesitala ku Yesu mu biro ebyokutowazibwa kwe baliraba enaku nyingi (1 Pet. 2. 8; Is. 8. 10). Naye okumusunguwaza bwalija okusalira ensi omusango kuliba kuzikirizibwa dala.

46. *bwebali bagala okumukwata*] Olukiko lwa Sanhedrini lwali lugenderera ebigambo bibiri: (1) okukwata Yesu mangu kubanga Pasaka eri kumpi era kya muzizo okukwata omuntu yena mu biro byembaga; era kubanga balowoza nti Yesu talirema kuva mu Yerusalemi embaga ngewede; (2) okumukwata awatali bibina; kubanga Abagalilaya tebaja kuganya abantu okukwata nabi wabwe ne Kabaka wabwe. Olukwe lwoka lwe lwabera Abayudaya okukola nga bwebali bayagala.

SURA 22. 1–14. OLUGERO OLWOBUGOLE OBWO MWANA WA KABAKA. Mu Mathayo O. yoka.

Olugero lwetusanga mu Luka O. (14. 16. 24) lufananaanga luno mu bigambo ebimu naye teruigiriza wamu. Lusoka okuigiriza ebyomunaku ziri ebyali bigenda okubawo amangu. Olugero lulina ebitundu bibiri (1) nyi. 1–7; (2) nyi. 8–14. Mu kitundu ekyoluberyeberye (1) abadu, be Yohana Omubatizi nabaigirizwa aba Kristo abasoka: embaga, bwe bwakabaka obwa Katonda, oba Ekanisa ya Kristo; abagenyi abaitidwa abagana okuja, be Bayudaya, era omusango gwatukirizibwa Abarumi bwebazingiza Yerusalemi, A.D. 70.

(2) Mu kitundu kino tulaba enjiri ngebulirwa eri Abamawanga. Nga bwetulaba mu lugero olwekiragala (13. 47) era ne mu lugero olwenimiro eyeng'ano (13. 24) ne wano tulaba abasana nabatasana nga batabulwatabulwa awamu okutusa Kabaka lwalija okubayawulamu.

3. *natuma abadube*] Ngempisa eye buvanjuba bweri. Lab. Estheri 5. 8, ne 6. 14.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ku'ja. Nātuma nate aba'du abalala, ngagamba nti Mubūlire 4
abantu abāitibwa nti Laba, nfumbye embaga yānge; ente zānge
neza sa'va zi'ti'dwa, ne byona byetesetese: mu'je ku mbaga
eyobugole. Naye bo nebata'sāyo mwoyo nebagenda, omulala 5
mu kyālokye, omulala mu buguzibwe: abāsigalawo nebakwata 6
aba'dube, nebabagirira ekye'jo, nebaba'ta. Naye kabaka nā- 7
kwatibwa obusūngu: nāgaba e'gyerye, nāzikiriza aba'si abo,
nāyōkya ekibuga kyābwe. Awo nāgamba aba'dube nti Obugole 8
bwetesetese, naye abo abāitibwa tebasānira. Kale mugende mu 9
masang'anzira gengūdo, bona bemunālabayo mubaite ku mbaga
eyobugole. Aba'du bali nebagenda mu ngūdo, nebakung'anya 10
bona bebālaba, ababi nabalūngi: obugole nebu'jula abagenyi.
Naye kabaka bweyaingira okulaba abagenyi, nālabamu omuntu 11
atayamba'de kyambalo kya bugole: nāmugamba nti Mu'nānge, 12
oingi'de otya wano nga tolina kyambalo kya bugole? nābunira.
Awo kabaka nāgamba abasajabe nti Mumusibe emikono nama- 13
gulu, mumusūle mu kizikiza ekyebwēru; mwe muliba okukāba
nokuluma obujigi. Kubanga bangi abaitibwa, naye abalōndemu 14
batono.
Awo Abafarisayo nebagenda, nebatēsa wamu bwebanāmutēga 15

---

7. *nakwatibwa obusungu*] Kubanga omuntu okugana okuitibwa **kwa Kabaka** bwe bujemu kwenkana.

*nagaba egyelye*] Kale egye lya Tito lyatukiriza dala nga Katonda bweyatesa.

10. *Abadu bali nebagenda mu ngudo*] Abadu, be Bakristayo abasoka okutumibwa mu mawanga, Paulo, Sila, Barnaba nabalala, abatuka mu bifo ebikulu awasisinkanibwanga amawanga nga Rumi, Antiokiya ne Korintho.

*ababi nabalungi*] Abalibera wamu mu kanisa kunsi okutusa enkomerero.

11. *atayambade kyambalo kya bugole*] Nanyini mbaga ye yatekeratekera abagenyi ebyambalo bino, kale nga tebakyainza kwekwasakwasa. Omuntu ono ye omu ku kibina ekyababi (lu. 10) abatayambala obutukirivu.

12. *nabunira*] lab. lu. 34.

13. *kizikiza ekyebweru*] ekomera erimu ekizikiza ebweru we kisenge omwali embaga ekyakayakana ne tabaza enyingi.

15–22. ABAHERODIANI OKUKEMA MUKAMAWAFE. EFEZA EYOMUSOLO.
Ma'ko 12. 13–17; Luka 20. 20–25.

15. *bwebanamutega*] ngomuntu bwakwata enyonyi (Luy). Okutusa kakano abalabe ba Kristo bali bagezako okuvumisa okuigirizakwe; naye kakano basala amagezi okufuna ensonga eyokumwawabira mu ba Government eya Barumi. Kale aligoberera Yuda Omugoloniti ngagana okufugibwa kwona okwa bantu? oba aligondera okufuga okwa Barumi? Kale ku lui alifuna omusango eri Pilato naye ku lui alinyomebwa Abagalilaya abamugoberera.

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

16 mu bigambo. Nebamutumira abaigirizwa bābwe, wamu na
Baherodiani, nebagamba nti Omuigiriza, tumanyi ngoli wa
mazima, era ngoigiriza mu mazima e'kubo lya Katonda, 'sō
ebigambo byomuntu yena tobi'sāko mwoyo: kubanga tososola
17 mu bantu. Kale tubūlire, olowōza otya? Kirūngi okuwa
18 Kaisari omusolo, oba siwewawo? Naye Yesu nātegēra obubi
19 bwābwe, nāgamba nti Munkemera ki, 'mwe banānfusi? Mun-
20 jolese efeza eyomusolo. Nebamuletera edinari. Nābagamba
nti Ekifananyi kino nobuwandikeko byāni? Nebamugamba
21 nti Bya Kaisari. Awo nēbagamba nti Kale musasule Kaisari
22 ebya Kaisari; ne Katonda ebya Katonda. Bwebāwulira, nebe-
wunya, nebamuleka, nebagenda.

---

16. *abaigirizwa babwe, wamu na Baherodiani*] Sibatabagana bwebatyo bulijo kubanga Abafarisayo tebasimanga kufugibwa bamawanga naye Baherodiani nga erinya bweritegeza bagonderanga Ba Herode era tebawakanganga Barumi. Tetusoma ku Baherodiani wabula mu Njiri biri ezisoka era ne Josefo tabogerako ngategeza ebibina bya Bayudaya nga bwebyali. Balinga si bangi nyo, mbu bali Abayudaya abatono abayonqneka mu dini yabwe abegatanga ne Herode (lab. su. 11. 8).

*tumanyi ngoli wa mazima*] Kale mulabe bwebamujirira mu bunanfusi. Abalabe be bamujira nga omuigiriza gwebesiganga.

*ebigambo byomuntu yena tobisako mwoyo*] Togoberera bugaga newakubade obuinza newakubade ekitibwa. Toja kulowoza kwebyo ngotudamu.

17. *Kirungi okuwa Kaisari omusolo oba siwewawo?*] Basoma mu Ma. 17. 15 nti Si kirungi gwe okusawo munagwanga okukufuga, nebalyoka baigiriza nti Si kirungi okuwayo omusolo eri egwanga lyona. Naye tubalaba nga basolozebwanga Bwasuri, Babuloni, Misiri ne Bupersia.

Ba Zerote be bagananga omusolo guno, kale Kristo alyegata nabo?

Omusolo guno ogwasalirwa buli muntu gwanyiza nyo Abayudaya.

19. *Nebamuletera edinari*] Mbu edinari nga eriko ekifananyi kya Tiberio. Efeza za Bayudaya tezaliko bifananyi bya bakabaka. Herode Firipo, yeka mu kika kye, yakuba ekifananyi kya Kaisari ku feza ze.

21. *Kale musasule Kaisari ebya Kaisari*] Paulo O. ayongera okutegeza okudamu kuno okwa Mukamawafe (Bar. 13. 1 neb. era lab. 1 Pet. 2. 13–17).

*ne Katonda ebya Katonda*] Era naye ne Katonda ababanja. Kubanga mwe Abayudaya mufugibwa Katonda era muli "balimi" be kale mubanjibwa mirimu era nebibala. Kale Kaisari ne Katonda bombi bababanja era kibagwanide okubasasula era okuwulira omu tekuziiza muntu okuwulira nowokubiri.

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

Ku lunaku olwo neba'ja gyali Abasadukayo, abagamba nti 23
tewali kuzūkira: nebamubūza, nga bagamba nti Omuigiriza, 24
Musa yagamba nti Omuntu bwafānga, nga talina bāna, muga-
ndawe a'dēngawo awase mukaziwe, azālire mugandawe eza'de.
Awo ewa'fe yaliyo aboluganda musānvu: owoluberyeberye 25
nāwasa nāfa, naye bwatalina za'de nālekera mugandawe muka- 26
ziwe; bwatyo nowokubiri, nowokusatu, okutūsa bona omusānvu. 27
Oluvanyuma, bona nga bawe'dewo, omukazi nāfa. Kale mu 28
kuzukira aliba muka āni kwabo omusānvu? kubanga bona bābuna
okumufumbirwa. Naye Yesu na'damu nābagamba nti Mukyāma 29
olwobutamanya ebyawandikibwa, newakuba'de amānyi ga
Katonda. Kubanga mu kuzūkira tebawasa, 'sō tebafumbirwa, 30
naye bali nga bamalaika mu 'gulu. Naye ebyokuzūkira 31
kwabafu, temwasoma Katonda kyeyabagamba nti 'Nze ndi
Katonda wa Ibrahimu, era Katonda wa Isaka, era Katonda wa 32

---

23–33. ABASADUKAYO OKUKEMA YESU. OBULAMU OBUGENDA OKUJA BWEBUFANANA.

Ma'ko 12. 18–27; Luka 20. 27–38.

23. *Abasadukayo*] Lab. ku su. 3. 7. Tetusoma ku Basadukayo okuwakana ne Kristo omulundi omulala.

*mugandawe—awase mukaziwe*] Lab. Matt. 25. 5. Eteka lino lirabika era mu mawanga amalala abe Buvanjuba so si mu Bayudaya boka. Mu mawanga ageda era nagakakano.

29. *olwobutamanya*] kubanga temumanyi (1) Ebyawandikibwa ebiragira kino newakubade, (2) amanyi ga Katonda againza kuzukiza abantu nokufula byona bigya munsi empya.

30. *mu kuzukira*] munsi eyo ne mu kubera bwekutyo okulitandikibwa abantu bwebalimala okuzukizibwa. Tewali kigambo kizibu wano kubanga ensi eyo egenda okuja teyenkanankana neno gyetulimu. Abasadukayo nga babuza batebereza ensi egenda okuja okufanananga dala neno mu bigambo byona. Naye kubanga teriba bwetyo, kale ekyandibade ekizibu mu kubuza kwabwe nekirabika nga si kizibu.

Yesu yajulira ebitabo bya Musa ngawakana na Basadukayo kubanga bo babiwanga nyo ekitibwa. Kristo yaleta bwati: nti Katonda ye Katonda wa balamu boka naye ye Katonda wa Ibrahimu kale Ibrahimu kakano mulamu. Obulamu bwa Katonda nobwa banabe bugatibwa wamu. Tulaba mu lugero olwo Muzabibu (Yoh. 15. 1–8). Katonda Omulamu nabajaja abeda bagatibwa nga omuzabibu namatabi gagwo. Omuzabibu bwegubanga mulamu, kale namatabi gabera malamu. Ne Katonda bwabanga mulamu kale nabajaja babera balamu. Amatabi bwegafa kale nga tegakyali ku muzabibu, era singa abajaja bafira dala tebandibade nate nomugabo mu Katonda newakubade Katonda mubo. Kale tulaba bwetutyo omuntu bwatafa.

Era nebyo kuzukira biva kwebyo kubanga abajaja bwebali nga bakyali balamu, bali balamu mu "Sheol," kye kifo kya bafu, ngabalindiride okuzukira okwomubiri; lab. Beb. 11. 16.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

33 Yakobo? Si Katonda wa bafu, naye wa balamu. Ebibīna
bwebyawulira nebyewunya okuigirizakwe.
34 Naye Abafarisayo bwebāwulira nti abuni'za Abasadukayo,
35 nebakung'anira wamu. Omu kubo, owamatēka, nāmubūza
36 ngamukema nti Omuigiriza, ekiragiro ekikulu mu matēka
37 kiruwa? Naye nāmugamba nti Yagalānga Mukama Katondawo
nomutimagwo gwona, nobulamubwo bwona, namagezigo gona.
38 Kino kye kiragiro ekikulu ekyoluberyeberye. Nekyokubiri
39 ekikifanana kye kino nti Yagalānga mulirānwawo nga bwewe-
40 yagala we'ka. Mu biragiro bino byōmbi amatēka gona mwegasi-
nzīra, era ne bana'bi.
41 Abafarisayo webākung'ana, Yesu nābabūza, ngagamba nti
42 Kristo mumulowōza mutya? ye mwāna wāni? Nebamugamba
43 nti Wa Daudi. Nābagamba nti Kale, Daudi mu Mwoyo kiki
ekimuisa Mukamawe, ngagamba nti
44 Mukama yagamba Mukama wānge nti
Tūla ku mukono gwānge ogwadyo,
Okutūsa lwendi'sa abalabebo wansi webigerebyo?
45 Kale obanga Daudi amuita Mukamawe, ali atya omwānawe?
46 Newataba muntu eyaīnza okumu'damu ekigambo, era okuva ku

---

34–40. ETEKA ERISINGA OBUKULU.
Ma'ko 12. 28–34; Luka 10. 25–28.

Mu Luka O. tusanga ekyokubuza kino nga Abo Ensanvu bakyaja bakomawo; era Kristo yategeza amakulu agekigambo kino nti "Muliranwawo" ngagera olugero olwo Musamariya omulungi.

34. *abuni'za*] okusirisa dala—tulaba ekigambo kino kya Luy. mu. lu. 12, ku mugenyi era ne mu Ma'ko 1. 25; ne Luka 4. 35; nga Kristo asirisa setani (dimoni) mu Ma'ko 4. 39, ngatesa embuyaga: 1 Kor. 9. 9, ne 1 Tim. 5. 18, nga byogera kunte ya sedume.

35. *Omu kubo, owamateka*] ye muntu eyaigirizanga ebitabo ebyamateka ebyawandikibwanga so si eyaigirizanga empisa obuisa nobulombolombo.

37. Eteka lino ekulu lyali ku fulakteri Owa mateka gyeyali nga ayambade. Lab. su. 23. 5. Ma'ko O. (nyi 32–34) atutegeza Owa mateka byeyadamu era Kristo byeyāmusima nti "Toli wala obwakabaka bwa Katonda."

41–46. OMWANA WA DAUDI.
Ma'ko 12. 35–37; Luka 20. 41–44.

44. *Mukama yagamba Mukama wange*] Zab. 110. 1. Mu Lueb. "Yahuwa yagamba Adoni" ye Mukamawange anfugą, Kristo Omwana wa Daudi.

*Tula ku mukono gwange ogwadyo*] nga Kabaka Omufuzi munange alina obuinza obwenkananga obwange. Olunyiriri luno lujulirwa mu 1 Kor. 15. 25; Beb. 1. 13; ne 10. 12, 13 (Era lab. su. 20. 21).

46. Zaburi eno Abayudaya bona okuva eda bagamba nti eyogera ku Kristo, kale ne bano kyebava basirika nga tebainza kudamu awatali kwatula Yesu okuba Katonda.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

lunaku olwo tewali muntu eyayang'anga okumubūza ekigambo
nate.
Awo Yesu nāyogera nebibīna nabaigirizwabe, ngagamba nti 23
Abawandisi na Bafarisayo batu'de ku ntebe ya Musa: ka!e 2
ebigambo byona byebabagamba, mubikole mubikwate: naye 3
temukola nga bo bwebakola; kubanga bagamba naye tebakola.
Era basiba emigugu egizitowa egitetikika, bagitika abantu ku 4
kibegabega; naye bo'ka tebagala kuginyenyako nengalo yābwe.
Naye ebikolwa byābwe byona babikola era abantu babirabe, 5
kubanga bagaziya fulakteri zābwe, era bongerako amatānvuwa,
era bagala ebifo ebyokumānjo ku mbaga, nentebe ezekitībwa 6
mu makung'aniro, nokulamusibwa mu butāle, nokuitibwa aba- 7

---

SURA **23**. 1–39. KRISTO ABULIRA ABAIGIRIZWABE KU BAFARISAYO NE KU GWANGA LYA BAYUDAYA.

Amānyi era nobunafu obwa Bafarisayo ne Bawandisi (nyi. 1–12). Mu Basunoptiki abalala tusanga ekitundu kyoka ekyo kubulira kuno, kale ekitundu ekyo kirabika mu Ma'ko 12. 38–40; Luka 11. 43–46; 20. 46, 47.

2. *batude ku ntebe ya Musa*, i.e. bada mu kifo kye ngabaigiriza. Omusomesa okutula kale laba su. 5. 1.

4. *basiba emigugu egizitowa*] Bakwasa abantu ebiragiro ebizibu ebyo mu Mateka. Naye lab. su. 11. 30, "Ekikoligo (Omugamba) kyange si kizibu, nomugugu gwange mwangu."

5. *fulakteri*] Kigambo kya Luyonani amakulu gakyo nti "Ebikuma." Bwali butundu bwa ku byanjo obwawandikibwako ebitundu bina ebyo mu Mateka (Kuv. 12. 3–10; Ma. 6. 5–9; 11. 13–21), nebulyoka busibibwa mu busanduko obutono enyo obwakolebwanga nediba lyenyana eyente obwasibibwanga nolukoba olwediba ku mukono ogwakono oba ku kyenyi nga bagoberera ebyo mu Kuv. 13. 16; ne Ma. 6. 8. Okugaziya fulakteri ke kabonero akobutukirivu kaingo kubanga fulakteri zalaganga obutukirivu. Yesu teyagana bantu kwambala fulakteri, kyoka aziiza okugaziya olwo kwewesa obutukirivu. Abamu balowoza nti ne Kristo ye nyini yayambalanga fulakteri.

Bongerako amatanvuwa era ngabagala okwewesa obutukirivu; euzi ezakaniki ezatabalwanga mu matanvuwa kali kabonero akobulongofu. Kristo ye nyini yayambala bwatyo (lab. su. 9. 20). Abafarisayo basobya nga beyongerako bwebatyo okusinga nga bwekyalagirwa.

6. *ebifo ebyokumanjo*] Abayudaya era na Barumi bagalamiranga ku mere ku bitanda, buli kitanda nga kiriko ebifo bisatu, na buli kifo nga kiriko ekitibwa kyakyo.

7. *nokuitibwa abantu nti Ra'bi*] Ra'bi amakulu gakyo nti "Omwami omukulu." Erinya lino abasomesa abakulu lyebatumibwanga mu biro ebyo teryali lyada nyo. Lyaingira mu biro bya Hillel. Mu Talmudi tusoma nti Yagalanga emirimu naye kyawanga ekitibwa.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

8 ntu nti Rabi. Naye 'mwe temuitibwānga Rabi: kubanga
omuigiriza wa'mwe ali omu, na'mwe 'mwena muli ba luganda.
9 Era temuitānga muntu kunsi kita'mwe; kubanga Kita'mwe ali
10 omu, ali mu 'gulu. 'Sō temuitibwānga balagirizi: kubanga
11 omulagirizi wa'mwe ali omu, ye Kristo. Naye mu'mwe abasi-
12 nga obukulu anābānga muwereza wa'mwe. Na buli anegulumi-
zānga anākakanyizibwānga; na buli anekakanyānga anāgulu-
mizibwānga.
13 Naye ziribasānga 'mwe, abawandisi na Bafarisayo, banānfusi!
kubanga mu'galira obwakabaka obwomu'gulu mu maso gaba-
ntu: kubanga 'mwe temuingira, nabo ababa baingira, temuba-
ganya kuingira.
15 Ziribasānga 'mwe, abawandisi na Bafalisayo, banānfusi! ku-
banga mwetōlōla mu nyanja ne ku lukalu okukyūsa omuntu
omu; naye bwalabika, mumufūla mwāna we gehena emirūndi
ebiri okukira 'mwe.
16 Ziribasānga 'mwe, abasāle abazibe bamaso, abagamba nti

---

8. *temuitibwanga Ra'bi*] Mwe Abawandisi abo Bwakabaka obwo mugulu si kirungi okufananganga Abawandisi abe Kiyudaya.

10. *balagirizi*] oba Abakulembeze, abasāle, si kigambo kimu nekyo ekiri mu lu. 8.

11. Lab. su. 29. 26, 27.

Obubi musanvu obwogerwa ku Bawandisi na Bafarisayo, 13–36.

13. *mugalira obwakabaka*] obwo mu gulu Ngayogera ku kisumululuzo ekyo kutegera Omuwandisi kyeyakwasibwa nga aingizibwa mu buwandisi okubera akabonero akomulimugwe. Kristo agamba nti Bakoza ebisumuluzo byabwe emirimu egyokugalira so si kugulira.

15. *okukyusa omuntu omu*] No Mufarisayo, Paulo O. bweyagamba okukyuka era yafubanga bwatyo naye obugyabwe bwali "mu kutegera." Mu 2 Kor. 11. 26, atutegeza ku "bubi obwemiga bubi bwomukibuga—bubi obwomudungu" bweyalaba nganyikira bwatyo okukyusa abantu eri Kristo.

Edini ye Kiyudaya bagyogerako obutaba dini egezako okusenza abe bweru Mu naku zino efuse bwetyo dala era naye tulaba Yohana Hirkano ngakwasa aba Edomu Ekiyudaya lwa Manyi ngalwana nabo (1 Makabayo 5. 65, 66). Era tutegezebwa ebika ebiramba bwebyakyusibwa mu Buwarabu ne ku lubalama olwe nyanja Kaspiano. Ne mu Bikolwa tulaba nga Abakyufu mu Asia Entono ne mu Buyonani bali bangi. Mu mirembe gya Charlesi 5. Omuyudaya Omupotugisi bamwokya nga bamulanga okukyusa abantu. Abafarisayo bano balinga bagezako okukyusa Abamawanga abali abagaga balyoka bafune obugaga bwabwe.

*mwana wa gehena emirundi ebiri okukiri mwe*] Abakyufu nga basinga okunyweza ebigambo ebyasinga obubi mu Kifarisayo

16. *ezabu eyomuyekalu*] bye birabo ebyawebwanga mu Yekalu ebyaitibwanga nti Korban oba "ebiwonge." Eyalaira ngaingiza ekigambo ekyo nga takyainza okujulula kyalaide (lab. su. 15. 5).

Digitized by Google

Original from
HARVARD UNIVERSITY

Buli anālāirānga yekalu, nga si kintu; naye buli anālāirānga
ezābu eyomuyekalu, ngazi'za omusāngo. 'Mwe abasiru era 17
abazibe bamaso; kubanga ekikira obukulu kiruwa, ezābu, oba
yekalu etukuza ezābu? Era nti Buli anālāirānga ekyōto, nga 18
si kintu; naye buli anālāirānga ekitone ekiriko, ngazi'za omu-
sāngo. 'Mwe abazibe bamaso: kubanga ekikira obukulu kiru- 19
wa, ekitone, oba ekyōto ekitukuza ekitone? Naye alāira ekyōto, 20
alāira kyo, ne byona ebiriko. Naye alāira yekalu alāira yo, 21
noyo atūla omwo. Naye alāira e'gulu, alāira ntebe ya Katonda, 22
noyo agitūlako.
Ziribasānga 'mwe, abawandisi na Bafarisayo, banānfusi! 23
kubanga muwa ekitūndu ekyekumi ekya nabugira ne aneta ne
kumino, nemulekayo ebigambo ebikulu ebyamatēka, obutalyā-
nga nsōnga, nekisa, noku'kirizānga: naye bino kyabagwānira
okubikola, era na biri obutabirekayo. 'Mwe abasāle abazibe 24
bamaso abasengeja ensiri, nemumira eng'amira.
Ziribasānga 'mwe, abawandisi na Bafarisayo, banānfusi! ku- 25
banga munāza kungulu ku kikōmpe nekibya, naye munda mu-
'ju'de obunyazi nobutegendereza. 'Gwe Omufarisayo omuzibe 26
wamaso, soka onāze munda mu kikōmpe nekibya, ne kungulu
kwakyo kulyoke kube kulūngi.
Ziribasānga 'mwe, abawandisi na Bafarisayo, banānfusi! 27
kubanga mufanana amalālo agasīgibwa okutukula, agalabika
kungulu nga gawōmye, naye munda mu'ju'de amagūmba ga-

---

23. *muwa ekitundu ekye kumi ekya nabugira ne aneta ne kumino*] Luka 11. 42, "nabugira nakakubansiri nenva zona." Ba Makabayo be bakubiriza abantu mu kigambo kino ekyo kutolenga ebitundu ebye kumi balyoke babiwayo.

*aneta*] lyali dagala eryo kwebasa omuntu ngatafuna tulo era naye balifumbiranga mu mere.

*kumino*] lab. Isaya 28. 25, 27. Era nalyo balitekanga mu mugati ne mu mere endala.

*ebigambo ebikulu ebya Mateka*] Mu Talmudi tulaba nga 'bayawulanga mu Mateka. Tusoma nti "Okukwata ebiragiro ebitono kufunyisa empera muusi; okukwata ebisinga obukulu kuwesa empera mu gulu."

*obutalyanga nsonga, nekisa, nokukirizanga*] Luka "omusango nokwagala Katonda."

25. *mujude*] "Kungulu ku kikompe nekibya" zempisa ezo Mufarisayo ezokungulu, "munda" gwe mwoyo gwe.

*obunyazi*] lab. nyi. 14 ne 15.

26. *munda*] Lab. Ma'ko 7. 4.

27. *mufanana amalalo okutukula*] Mu Luka "amalalo agatalabika" abantu gebatambulirako nebalyoka beyonona. Baleme okweyonona bwebatyo Abayudaya basīganga enoni ku malalo gona ku lunaku olwalagirwa buli mwaka, olwekumi netano mu mwezi Adari. Ne Buvanjuba bakyaisa bwebatyo. Abasamariya

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

28 bafu, nempitambi yona. Bwemutyo na'mwe kungulu mulabika
mu bantu nga muli batūkiriyu, naye munda mu'ju'de obunā
nfusi nobujēmu.
29 Ziribasānga 'mwe, abawandisi na Bafarisayo, banānfusi! ku-
banga muzīmba amalālo ga bana'bi, muwōmya ebi'gya byaba-
30 tūkirivu, nemugamba nti Singa twaliwo mu biro bya bajaja
31 ba'fe, tetwandi'si'za kimu nabo mu musai gwa bana'bi. Bwe-
mutyo mwetegēza 'mwe'ka nti muli bāna bābwe aba'ta bana'bi.
32 Kale mu'juze ekigera kya bajaja ba'mwe. 'Mwe emisota, abāna
33 bembalasasa, muli'duka mutya omusāngo ogwe gehena? Laba,
34 kyenva mbatumira bana'bi, nabamagezi, nabawandisi: nabamu
kubo muliba'ta mulibakomerera; nabalala mulibakuba emi'go
35 mu makung'aniro ga'mwe, mulibai'ganya mu byālo byona; mu-
lyoke mu'jirwe omusai gwona omutūkirivu ogwayika kunsi,
okusoka ku musai gwa Abeli oyo omutūkirivu okutūsa ku
musai gwa Zakariya omwāna wa Barakiya, gwemwa'tira wakati
36 weyekalu nekyōto. Mazima mbagamba nti Ebigambo bino
byona biritūkirira abemirembe gino.

---

olwempaka zebalina na Bayudaya bagyangako enoni eno Abayu-daya balyoka beyonona.

29. *muzimba malalo ga banabi neb.*] Luka 11. 47, 48. Ekitundu ku biwebwayo mu Yekalu bakikozanga omulimu ogwo.

31. *mwetegeza mweka*] Mweita nti Tuli bana ba Banabi era bwe-muli abana babwe aba'ta Banabi kubanga mwe mugezako oku'ta Nabi wa Mukama, ye Kristo.

33. *abana bembalasasa*] Lab. ku su. 3. 7.

34. *mbatumira banabi, nabamagezi, nabawandisi*] Tulaba ekanisa ya Kristo bweyada mu kifo kye Kanisa eye Kiyudaya.

*muliba'ta mulibakomerera*] nga muba'ta mwe be nyini nga Ste-fano (Bik. 7. 59), nga musima oku'tibwa kwabwe nga Yakobo (Bik. 12. 2), era nga mubakomerera ku musalaba olwobuinza obwa Barumi nga Simeoni eyali Mulabirizi owo kubiri owe Yerusalemi.

*mulibakuba emigo mu makung'aniro gamwe*] Lab. ku su. 4. 23.

*mu byalo byona*] Nga Paulo bweyasoka okuiganya Abakristayo; era oluvanyuma naye ye nyini yaiganyizibwa bwatyo nga bamu-goba mu Antiokiya ekye Pisidiya era ne mu Thesalonika.

35. *okusoka ku musai gwa Abeli oyo omutukirivu okutusa ku musai gwa Zakariya*] "Omwana wa Barakiya" ebigambo bino tebi-rabika mu MS. Sinaitiko naye bwetubanga tubiingiza wano ne tulyoka tusanga ekizibu kubanga Zakariya gwetusomako oku'tibwa mu 2 Byom. 24. 20–23, yali mwana wa Yehoyada. Naye ebiga-mbo bino tebisangibwa mu Luka era biringa nga ebyaingizibwa luvanyuma.

Zakariya na'bi yali mwana wa Barakiya naye tusoma ebyokufa-kwe. Okuva ku Abeli okutuka ku Zakariya omwana wa Yehoyada kumalira histoli yona ya Bayudaya.

*gwemwa'tira*] Mwe musakimu nabo abamu'ta.

33–39. EBIRIBAWO KU YERUSALEMI.

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

Yerusalemi, Yerusalemi, a'ta bana'bi, akasukirira amainja 37
abantu abatumibwa gyali! emirūndi emeka gyenayagalira oku-
kung'anya abānabo, ngenkoko bwekung'anya obwāna bwayo
munda webiwawātiro, nemutayagala! Laba, enyumba ya'mwe 38
ebaleke'dwa kifulukwa. Kubanga mbagamba nti Temulinda- 39
bako na katono okusoka lero, okutūsa lwemulyogera nti Awebwa
omukisa a'ja mu linya lya Mukama.

YESU nāfuluma mu yekalu; yali ngatambula, abaigirizwabe 24
neba'ja okumulaga amazīmba geyekalu. Naye na'damu nā- 2
bagamba nti Temulaba bino byona? mazima mbagamba nti
Tewalisigala wano 'jinja (eriri) kungulu ku 'jinja eritalisūlibwa
wansi.

---

37. *Yerusalemi, Yerusalemi*] Mu Luka 13. 34, tulaba nti Mukamawafe yayogera ebigambo bino mu kisera ekirala era okudamu erinya emirundi ebiri kututegeza enaku (lab. era su. 27. 46).

*a'ta . . . akasukira amainja*] era nga mu su. 21. 35.

*ngenkoko bwekung'anya obwana bwayo munda webiwawatiro*] Tutegezebwa nti Abakyuka okukwata edini eye Kiyudaya baja "wansi we biwawatiro ebya Shekina." Kristo yali aise abantu ba Yerusalemi emirundi emingi okuja gyali, ye Shekina eya mazima eyawesa Yekalu ekyoluvanyuma ekitibwa okusinga eyoluberyeberye.

39. *kubanga*] ategeza bwerekebwa nga ekifulukwa kubanga Kristo Mukama we Yekalu avamu obutakomawo.

*okutusa lwemulyogera*] nga abana bwebayogera mumpya zino nga bampita Kristo (Lab. su. 21. 15). Olwebigambo bino ebya Yesu, era olwekifo kyebyayogererwamu, era olwobusungu obwa Bawandisi, abamu tebakulemye kujukizibwa ebigambo bya Yeremiya nabi mu kifo ekyo era ngabogolera ebibi bya Israeli ngabakutira okwenenya era ngabategeza Yekalu bwerizikirizibwa; nti "kale ndifula enyumba eno okuba nga Shilo." "Nabantu bona nebamukwata nga bogera nti Toleme kufa" (Yer. 26. 1–8).

SURA **24**. 1–22. OKUBULIRA YERUSALEMI BWEBIRIZIKIRIZIBWA. Ma'ko 13. 1—kumalirako; Luka 21. 3–36.

Okubulira kuno okwa Yesu kusokera ku sura eno nekulyoka kutukira dala okumalako esura 25. Kulimu (1) okutegeza Yerusalemi bwekirizikirizibwa; (2) ebiribawo kunkomerero eyensi; (3) engero eziigiriza ku bigambo ebyo byombi.

Kye kizibu enyo okwawula okubulira kuno mu bitundu, naye abasinga obungi bayawula bwebati nti nyi 3–22, zogera ku Yerusalemi okuzikirizibwa 23–31, zitegeze Kristo bwagenda okuja omulundi ogwokubiri, netulyoka tutuka kungero.

1. *nafuluma mu yekalu*] Yesu bweyava mu Yekalu yaserengeta mu kiwonvu kya Kedroni nalyoka alinya emitala ku lusozi lwe mizeituni, nalyoka ainza okulengera Yekalu eyazimbibwa na mayinja amanene—ebifugi nga bya mayinja agatukula na kasolya ka zabu.

2. *Tewalisigala wano jinja (eriri) kungulu ku jinja*] Yazikirizi-

3 Bweyalí atu'de ku lusozi olwa Zeituni, abaigirizwa neba'ja
gyali kyāma, nebagamba nti Tubūlire bino webiribērera na-
kabonero akoku'jakwo bwekaliba, nakemirembe gino oku-
4 'gwāwo? Yesu na'damu nābagamba nti Mulabe omuntu yena
5 tabakyāmyānga. Kubanga bangi abali'ja mu linya lyānge, nga
6 bagamba nti 'Nze Kristo; balikyāmya bangi. Muliwulira
entalo netutumo lyentalo: mulabe temweralikirirānga: ku-
7 banga tebiririrema kubawo; naye enkomerero ngekyali. Ku-
banga e'gwānga liritabāla e'gwānga ne kabaka alitabāla kabaka:
8 walibawo enjala nebikankano mu bifo ebitali bimu. Naye
9 ebyo byona lwe luberyeberye lwokulūmwa. Lwebalibawayo
'mwe mubonyebonyezebwe, baliba'ta: na'mwe mulikyāibwa
10 amawānga gona okubalānga erinya lyānge. Mu biro ebyo
11 bangi abalyesitala, baliwang'anayo, balikyāwagana. Ne
12 bana'bi bangi abobulimba bali'ja, balikyāmya bangi. Era
kubanga obujēmu buliinga obungi, okwagala kwabasinga

---

bwa dala nomuliro newakubade nga Tito yafuba nyo okugiwonya. Awalala tusanga amazimba age yekalu ezeda nga gakyaliwo. E Karnak ne Luxor ne Baalbec ne Athene.

3. *abaigirizwa*] Ma'ko O. atutegeza bwebali abana, Petro ne Yakobo ne Yohana ne Andreya.

*Tubulire bino webiriberera nakabonero akokujakwo bwekaliba*] Bamubuza ebigambo bibiri. Ekyali okumpi era nekyokubiri ekyali nga kikyali wala. Lab. ekitegeza ekisokera ku sura eno.

*nakemirembe gino okugwawo*] Laba su. 13. 39, 40.

5. *nga bagamba nti Nze Kristo*] Ba-Kristo abobulimba okulabika ke kaliba akabonero akalisoka. Yohana atutegeza bwekatukirizibwa akabonero kano nti "kakano waliwo abalabe ba Kristo bangi; kyetuva tutegera nga kye kisera ekyenkomerero," 1 Yoh. 2. 18.

6. *entalo netutumo lyentalo*] Ke kabonero akokubiri. Filo (Philo) ne Josefo bombi batutegeza Buyudaya bweyatabulwatabulwa okuva ku kisera ekyo okutusa ku kuzikirizibwa okwa Yerusalemi. Waliwo olu'ta olwa Bayudaya e Kaisariya era ne Aleksandriya ne mu Busuri.

7. *enjala nebikankano*] Abawandikanga ebyabawo mu biro biri bogerako ne ku bubonero buno emirundi emingi.

8. *lwokulumwa*] ngakulumwa okwokuzala kubanga wagenda okuzalibwa ebiro ebigya.

10. *abalyesitala*] abantu obutafuna byebali basubira kirimalawo okwagala kwabwe okwa Bukristayo era kiribayawulamu.

11. *bana'bi bangi abobulimba*] Yerusalemi bwekyali nga kizingibwa, bana'bi bangi abo bulimba Aba-Zerote bebabaweranga empera bakubirizenga abantu okusubira nga omununuzi gwebasubiranga alirabika.

12. *okwagala kwabasinga obungi*] Okwagala kye kisa ekisingira dala okulabika mu Bakristayo naye mu Njiri za Basunoptiki tusanga ekigambo kino mu kifo kino kyoka wabula mu Luka 11.

Digitized by Google · Original from HARVARD UNIVERSITY

obungi kuliwola. Naye agumīkiriza okutūka ku nkomerero, 13
yalirokolebwa. Nenjiri eno eyobwakabaka eribūlirwa munsi 14
zona, okuba omujulirwa mu mawānga gona; awo enkomerero
neryoka e'ja.
Kale bwemuliraba ekyomuzizo ekizikiriza, Danieli na'bi 15
kyeyayogerako, nga kiimiri'de mu kifo ekitukuvu, [asomamu 16
ategēre,] kale abali mu Buyudaya ba'dukirānga ku nsozi: ali 17
wa'gulu kunju ta'kānga ku'gyamu bintu ebiri munjuye: ali 18
mu lusuku ta'dānga nate kutwāla kyambalokye. Naye 19
ziribasānga abali embuto nabayōnsa mu naku ezo! Na'mwe 20
musabe eki'duko kya'mwe kireme okuba mu biro ebyempewo,
newakuba'de ku sabiti: kubanga mu biro ebyo waliba eki- 21

---

42, "nokwagala Katonda." Paulo O. yalaba bwatyo okwagala nga kuwola; "Mu kuwoza kwange okwoluberyeberye siwali eyambera," 2 Tim. 4. 16.

13. *agumikiriza*] Lab. "Mu kugumikiriza kwamwe mulifuna obulamu bwamwe," Luka 21. 19.

14. *eribulirwa munsi zona*] Lab. su. 10. 23, ne Bak. 1. 5, 6, "enjiri, eyaja gyemuli.; era nga bweri munsi zona." Kale wano bategezebwa nti Enjiri einza kubulirwa eri Omuyudaya no Munagwanga bombi.

15. *ekyomuzizo ekizikiriza*] Ebigambo bino mpo'zi byogera ku (1) gye eryazingiza Yerusalemi. Lab. mu Luka "Bwemuliraba Yerusalemi nga kyetolodwa egye"; era lab. Danieli 9. 27, "ku kiwawatiro ekyebyemizizo (kulijirako) oyo alizisa"); oba (2) ku mpungu ezali ku mendera eza Barumi; oba (3) ku Ba—Zerote betusomako mu Josefo nti "Bo batukirizisa ebyobunabi ebyayogerwa kunsi yabwe; kubanga abeda bayogera nti Ekibuga kiriwangulibwamu biro ebyo—kubanga abantu balijema era baliyonona Yekalu ya Katonda ne mikono gyabwe bo."

*mu kifo ekitukuvu*] mu bugwe we Yekalu munda.

*asomamu ategere*] Omuwandisi wenjiri alinga yaingiza ebigambo bino.

16. *kale abali mu Buyudaya badukiranga kunsozi*] Abakristayo bangi nga balabudwa, Eusebio atutegeza badukira e Pella mu Periya Yerusalemi bwekyali nga kizingizibwa.

17. *takanga kugyamu bintu ebiri munjuye*] Kale kimugwanide okuka okuva ku kasolya okutuka ku mulyango ogwe nyumba naye obutaingira, oba okuduka ngaita ku busolya obwali buterevu ngava ku nyumba emu ngatuka ku nyumba endala.

18. *tadanga nate kutwala kyambalokye*] Mu Luy. ekigambo kino kye kyambalo ekyayambalibwanga kungulu, kale oyo akola emirimu nga talema kusoka kwambula kino nasigala mu kyambalo ekyo munda kyoka.

20. *mu biro ebyempewo*] Kale kubanga aduka mu biro ebyo alaba enaku nyingi emiga nga gijude era nempewo nga nyingi nyo.

*newakubade ku sabiti*] kubanga edini yabaziiza okutambula ewala ku Sabiti. Bakirizibwa okutambula olugendo olwe mikono (kubiti) 2,000. Abakristayo abasoka balinga nga bakwatanga



Digitized by Google

Original from
HARVARD UNIVERSITY

bonyobonyo ekinene, nga tekibāngawo kasoke'de ensi ebawo
22 okutūsa lero, era tekiribawo nate. Enaku ezo singa tezasali-
bwako, tewandirokose buli alina omubiri: naye olwabalōnde
23 enaku ezo zirisalibwako. Mu biro ebyo omuntu bwabagambā-
nga nti Laba, Kristo ali wano, oba nti Wano ; temu'kirizānga.

---

"Olunaku lwa Mukamawafe" era ne "Sabiti" zombi. Ebigambo bingi byandibadewo okubaziiza okuduka ku Sabiti. Mathayo O. yeka aingiza ekyokulabula kino.

21. *ekibonyobonyo ekinene*] Ebigambo ebyabantu tebisobola kutegeza enaku zebalaba mu Yerusalemi bwekyali nga kizingizibwa. Ebiro byali bya Pasaka era Abayudaya bali bakung'anye bangi nyo ekibuga nekijula. Ebibina ebisatu ebyali bikyawaganye byali bisiside ku Sayuni era ne ku lusozi olwaliko Yekalu. Olusi bagatanga wamu nebamala okulwana nabalabe babwe Abarumi nebalyoka badamu okulwanagana boka na boka. Empya za Yekalu zakulukutirangamu omusai ogwatabulwanga nomusai ogwa sadaka. Abawambe bangi Abayudaya bawanikibwa ku misalaba mu maso ga mikwano gyabwe era munda we kibuga enjala yali nyingi bwetyo nokulya nebalya ebintu ebibi enyo, nenjala yabakozanga ebitayogerekeka. Yerusalemi abalabe bakimenya mu Augusto 10 A.D. 70. Abayudaya bafa 1,000,000 nga bwekyazingizibwa era 100,000 batundibwa mu budu. Kale negwanga lya Israeli lyagwerawo dala okuba egwanga.

22. *Enaku ezo singa tezasalibwako*] Ebyasala ku naku ezo.—obutaba na mere—abantu okuba abangi nyo mu kibuga,—okulwana boka na boka,—nobutakuma ebifo ebyali ebya manyi ebimu. Ekibuga kyali kya manyi bwekityo nokwogera Tito yayogera nti Mazima Katonda atulwaniride mu lutalo luno era ye Katonda yeka agobye Abayudaya mu bigo ebyamanyi ebyenkanidawo.

23. *Mu biro ebyo*] Kale wano Kristo nalyoka ava ku biri ebya Yerusalemi nalyoka ayogera ku Kujakwe omulundi ogwokubiri.

23–31. OKUJA KWA KRISTO OMULUNDI OGWOKUBIRI.

Ma'ko 13. 21–27 ; Luka 21. 24–28. Kale tuinza okugerageranya bwetuti Kristo byeyalagula ku Yerusalemi ne ku biro ebyokujakwe.

| Okuzikirizibwa okwa Yerusalemi (nyi. 5–22). | Okuja omulundi ogwokubiri (nyi. 23–31). |
|---|---|
| 1. Ba-Kristo nabanabi abobulimba (nyi. 5–11). | 1. Ba-Kristo nabanabi abobulimba (nyi. 23, 24). |
| 2. Okubonyabonyezebwa era nokwagala okuwola (nyi. 9, 10, 12). | 2. Abalonde okukemebwa (lu. 24). |
| 3. Entalo — enjala — kawumpuli (nyi. 6, 7). | 3. Amawanga okweralikirira (lu. 29). |
| 4. Ekibonyobonyo ekinene (lu. 24). | 4. Enjala nomwezi obutayaka (lu. 29). |

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

Kubanga wali'ja Ba-Kristo abobulimba, ne bana'bi abobulimba, 24
nabo balikola obubonero obukulu nebyamagero ; nokukyāmya
bakyāmye nabalōnde, obanga kiīnzika. Laba, mbalabu'de. 25
Kale bwebagambānga nti Laba, ali mu 'dūngu : temufulumā- 26
nga : laba, (ali) mu bisenge munda ; temu'kirizānga. Kuba- 27
nga ngokumyānsa bwekuva e buvanjuba, nekulabikirà e
bugwanjuba ; bwekutyo bwekuliba oku'ja kwo Mwāna wo-
muntu. Awaba omulāmbo wona, eyo ensega wezirikung'anira. 28
Naye amangwāgo, oluvanyuma lwekibonyobonyo ekyomuna- 29
ku ezo enjuba erifūka ekizikiza, nomwezi tegulyolesa musana
gwagwo, nemunyenye zirigwa (okuva) mu 'gulu, namānyi

---

5. Ekyenyinyalwa ekizikiriza (lu. 15).

6. Abakristayo okuduka (nyi. 16–18).

5. Akabonero ako Mwana-womuntu (lu. 30).

6. Abalonde okulokoka (lu. 31).

24. nokukyamya bakyamye nabalonde. Kale lab. engulu "bali-kyamya bangi" (lu. 5).

26. *ali mu dungu—ali mu bisenge munda*] Oba Kristo wa bulimba aligenda mu dungu nalyoka awalula abantu olwempisa ezo kwebonereza oba bwalibaigiriza mu masomero agali ku masunagogi kale baleme okulimbibwa.

*bisenge munda*] (6. 6) kye kifo ekyo kusabirangamu ekyali ku nyumba wagulu oba mu kalinabiri.

27. *ngokumyansa okwenjota*] okumulisa buli wona era okujanga mangu era okumasamasa nyo, kale nokuja kwo Mwana-womuntu kuliba bwekutyo.

*nekulabikira*] Kale okumyansa kulabikira amangwago mu bifo ebisinga okuba ewala.

28. *Awaba omulambo*] Ngensega bwezirengera omuigo nga guli wala nyo bwebatyo na Bakristayo olwokutegera okwomwoyo balitegera amangwago Mukamawabwe bwabanga atuse.

Abalala bavunula bwebuti nga balowoza ku kuvunda okwomubiri —ensega be Barumi—nebalyoka bagamba nti Awali ekibi kyona kale awo ensega, gwe musango, zirikung'anya. Kale bwetubanga twawula esura ku lu. 23, nga tetukyainza kulowoza bwetutyo ku nsega kubanga ebya Yerusalemi na Barumi byakoma ku lu. 22.

29. *oluvanyuma lwekibonyobonyo ekyo munaku ezo*] Ekirisoka okuja okwa Kristo omulundi ogwokubiri.

*enjuba erifuka ekizikiza, nomwezi tegulyolesa musana gwagwo*] Era nabanabi bogera bwebatyo emirundi emingi nga bogera (1) kunsi okutabulwatabulwa amangwago—Lab. Is. 13. 10, "Kubanga emunyenye ezomugulu nebibina byazo tebiryaka kwaka kwabyo ; enjuba erizikizibwa ngevayo, nomwezi tegulyaka musana gwagwo" obo ngabogera (2) ku kizikiza ekyenaku nga mu Ezek. 32. 7, 8, "Etabaza zona ezo mugulu ezakayakana ndiziretako ekizikiza waguluwo, nenteka ekizikiza kunsiyo, bwagogera Mukama Katonda."

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

30 agomu'gulu galinyenyezebwa: awo lwekalirabika akabonero
ako Mwāna womuntu mu 'gulu: nebika byona Ebyensi
lwebirikuba ebiwōbe, biriraba Omwāna womuntu nga'ja ku
31 bire ebye'gulu namānyi nekitībwa ekinene. Era alituma
bamalaikabe ne'dobozi 'dene eryekondēre, nabo balikung'anya
abalōndebe mu mpewo enya, okuva ku nkomerero ye'gulu
nokutūsa ku nkomerero yalyo.
32 Era muigire ku mutini olugero lwagwo: e'tabi lyagwo
bwerige'ja, amalagala negato'jera, mutegēra ngomwāka guli
33 kumpi; bwemutyo na'mwe, bwemulaba ebigambo ebyo byona,
34 mutegēre nti ali kumpi, ku lu'gi. Mazima mbagamba nti
Emirembe gino tegiri'gwāwo, okutūsa ebyo byona lwebirikole-
35 bwa. E'gulu nensi biri'gwāwo, naye ebigambo byānge tebi-
36 ri'gwāwo dala. Naye ebyolunaku luli nekisēra tewali abima-

---

30. *akabonero ako Mwana womuntu*] Tekigasa kutebereza kano bwekalifanana naye abesigwa balikategera amangwago nga kalabise.

31. *nedobozi dene eryekondere*] Abayudaya baitibwanga okukung'ana mu lusisira namakondere age feza (Kubal. 10. 2, 3). Era bafuwanga amakondere okulanga embaga enkulu ezo mwaka era nokukung'ana okulala okukulu.

32–35. OLUGERO OLWO MUTINI.

Ma'ko 13. 28–31; Luka 21. 29–33.

32. *muigire ku mutini olugero lwagwo*] olugero luno lwogera ku Yerusalemi okuzingizibwa, ne gwanga lya Bayudaya okuzikirizibwa (nyi. 4–22). Mu kisera ekyo omutini gwalinga gusansula amalagala nga gutegeza amakungula bwegalituka—era nobubonero obwa Kristo bulitegeza nga Ekibuga Ekitukuvu kirizikirizibwa.

Oyo ainza okutegera obubonero obwe gulu era ainza nokutegera obubonero obwebiro ne Kristo yanenya Abafarisayo olwobutategera bubonero obwe biro nga bwebategera obwe gulu.

*ngomwaka guli kumpi*] nti "amakungula gali kumpi" kubanga bwebakungulanga sairi emitini gyali gisansula amalagala. Bawangayo ebinywa bya sairi ebyasoka okukungulibwa ku lunaku olwadirira Pasaka. Era ne Yerusalemi kyazingizibwa mu biro ebya makungula (lab. ku su. 21).

33. *mutegere nti ali kumpi*] nga'ze okukungula—okusala musango ku Yerusalemi.

34. *Emirembe gino*] Lab ku su. 16. 28.

36. okumalira su. 25. ENGERO NEBYOKUIGIRIZA KU KUJA OMULUNDI OGWOKUBIRI.

36–51. OKUJA KWA KRISTO—KIGWANA OKUTUNULA.

Tusoma bitono bwebityo mu Ma'ko 13. 32–37; Luka 21. 34–36.

36. *Naye ebyolunaku luli nekisera*] Lwe lunaku olwo musango. Okubulira kukyukira wano okuva ku kuzikirizibwa okwa Yerusalemi okwali ekifananyi okwogera ku Lunaku olwo Musango dala era nokumalira dala esura edirira.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

nyi, newakuba'de bamalaika abomu'gulu, newakuba'de Om-
wāna, wabula Kitānge ye'ka. Naye ngenaku za Nuwa 37
(bwezali), bwekutyo bwekuliba oku'ja kwo Mwāna womuntu.
Kuba nga bwebāli ku naku ezo ezasoka amataba nga balya 38
nga banywa, nga bawasa nga bawaiza, okutūka ku lunaku
Nuwa lweyaingira mu lyāto, nebatamanya okutūsa amataba 39
lwega'ja, negabatwāla bona; bwekutyo bwekuliba oku'ja kwo
Mwāna womuntu. Mu biro ebyo abasaja babiri baliba mu 40
kyālo; omu alitwālibwa, nomulala alirekebwa: abakazi babiri 41
(baliba) nga basa ku lubengo; omu alitwālibwa, nomulala
alirekebwa. Kale mutunule; kubanga temumanyi lunaku 42
bweruli Mukama wa'mwe lwa'jirako. Naye kino mukitegēre 43
nti Alina enjuye singa yamanya ekisisimuka bwekiri omu'bi
kyana'jiramu, yanditunu'de, teyandirese nyumbaye kusimibwa.
Mukale na'mwe mweteketeke: kubanga mu kisēra kye- 44
mutalowōlezamu Omwāna womuntu kya'jiramu. Kale aluwa 45

---

37. Olunaku olwenkomerero lulibagwako abantu ngabagoberede esanyu lyabwe ne mirimu gyabwe era nga bwebasangibwa ku Mataba ne ku kuzikirizibwa okwa Sodoma ne Gomora (Luka 17. 27–29) bona nga tebetesetese wabula "abatunula." Ebigambo ebikulu ngebyo bwebyali bye bifananyi ebitegeza nga bwekiriba ku nkomerero eye Nsi.

40–41. Tutegezebwa mu bigambo bino nga emirimu gyona egyensi girisangibwa ku lunaku luli nga gikyakolebwa nga bwegikolebwa kakano: era tutegezebwa nga waliwo njawulo mu bantu munda newakubade nga bafananaanga kungulu.

41. *abakazi babiri (baliba) nga basa ku lubengo*] Mu kitundu ekya Palestina ekyemanga nga tewali miga egitambuza ebi'sa kale mu buli kyalo baseranga namainja nemikono.• Abakazi babiri batula ku lubengo nga batunulagana bombi nga bakute ku mukono ogwetoloza enso ku lubengo.

43–45. MUKAMA OKUJA NGA OMU'BI EKIRO.
Luka 11. 39, 40.

43. *ekisisimuka*] Lab. su. 14. 25.

*omu'bi kyanajiramu*] Lab. 1 Bas. 5. 2: "Kubanga mweka mumanyira dala ngolunaku lwa Mukama (wafe) luja ngomu'bi ekiro," era lab. 2 Pet. 3. 10.

*kusimibwa*] lab. su. 6. 19, 20.

45–51. ABAWANIKA BA KATONDA.
Mu Luka 12. 41–48, lugero luno lwegata noluli olusose Petro ngabuza ekigambo nti "Mukama (wafe) olugero luno olugerede fe nantiki bona?" Mu Ma'ko 13. 37, tusoma nti "Kyembagamba mwe mbagamba bona nti Mutunule." Kale wano ne mu kubulira kuno kwona abaigirizwa be bakutirwa okusinga naye so si bo boka.

45. *aluwa nate omudu oyo omwesigwa owamagezi*] Omuwanika yabera nga mudu omwami gweyalonda olwo bwesigwa nobutegevu. Yatolanga ku bya Mukamawe okugabira abadu bane.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

nate omu'du oyo omwesigwa owamagezi, mukamawe gweyasi-
gira abomunjuye, okubawānga e'mere yābwe mu kisēra kyayo?
46 Omu'du oyo alina omukisa, mukamawe gwalisānga nga'ze
47 ngakola bwatyo. Mazima mbagamba nti alimusigira ebintu-
48 bye byona. Naye omu'du oyo omubi bwaligamba mu mu-
49 timagwe nti Mukama wānge alu'de; era bwalisoka okukuba
50 ba'du ba'ne, nokulya nokunywera awamu nabatamīvu; mu-
kama womu'du oyo ali'jira ku lunaku lwatalindiririramu, ne
51 mu kisēra kyatamanyi, alimutemamu ebitūndu bibiri, alimuwa
omugabogwe wamu ne banānfusi: mwe muliba okukāba
nokuluma obujigi.
25 Mu biro ebyo obwakabaka obwomu'gulu bulifananyizibwa
abawala ekumi, abātwāla etabāza zābwe, nebagenda okusisinka-

---

*abomunjuye*] be badu be abalala.

*okubawanga emere yabwe mu kisera kyayo*] Nga bwebakolanga ku byalo ebya Barumi oba buli lunaku oba buli mwezi. Tusoma bwetutyo emirundi mingi ku Buwanika obwa Batume na Bawereza Kristo 1 Kor. 4. 1, "abawanika bebyama bya Katonda;" Tit. 1. 7, "obutabangako musango ngomuwanika wa Katonda."

51. *alimutemamu ebitundu bibiri*] Lab. Dan. 2. 5 ne 3. 3. 29. "Malaika wa Katonda akulindiride nekitala okukusalamu ebitundu bibiri" (Suzana, 59).

*omugabogwe wamu na bananfusi*] Luka "nabatakiriza," kubanga Luka yawandikira Bamawanga nalyoka akyusa bwatyo, bunanfusi kyali kibi ekyasinga ku Bayudaya. Luka O. era aleta ne bigambo bya Mukamawafe ngategeza nti omusango gwa bona tegugenda okwenkanankana obuzibu wabula gulisalibwa nga okutegera kwabwe bwekuli.

SURA 25. 1–13. OLUGERO OLWABAWALA EKUMI.

Mu Mathayo O. yoka.

1. *Mu biro ebyo*] Ku lunaku olwenkomerero.

*obwakabaka obwomugulu*] Ekanisa ku nkomerero eye nsi erifanana abawala bano ekumi. Abaigirizwa ba Kristo bakubirizibwa "okutunula" mu lugero luno. Okusoka Kristo ya liabulira Abatume naye oluvanyuma lwabo abasumba be Kanisa, era ate na Bakristayo bona. Tutegezebwa bwekitugwanide okutunula nensonga eyokutunula bweri—Kristo bwatalirema kuja era naye ekisera ekyo kujakwe bwekitamanyibwa.

*etabaza zabwe*] oba zifanana nga eza Barumi ezatwalibwanga mu mukono oba nga zasibibwanga ku migo, oba nga emimuli nga zanyikibwanga olusi mu mafuta.

*okusisinkana anawasa omugole*] Abayudaya baisa bwebati:— "Mikwano gyoyo awasa-omugole" badukiranga omugole nebamutusa ku nyumba ya bawe. Bwebatukanga awasa-omugole nafuluma nalyoka amuisa omugole mu mulyango. Naye mu lugero tulaba awasa ye nyini ngadukira omugolewe ngalinga avude ewala, ekibina kya bawala nga bamulindiride okukomawo bamusanyukire nga baisa e Buvanjuba netabaza nemimuli.

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

na anāwasa omugole. Naye ba'nābwe abatāno bāli basirusiru, 2
nabatāno be balina magezi. Kubanga abasirusiru, bwebātwāla 3
etabāza zābwe, nebatetwālira mafuta: naye abalina amagezi 4
nebatwāla mafuta mu macupa gābwe wamu netabāza zābwe.
Naye anāwasa omugole bweyalwāyo, bona nebabōngota nebebaka. 5
Naye ekiro mu 'tūmbi newaba oluyogāno nti Laba, anāwasa 6
omugole (a'ja)! Mufulume okumusisinkana. Abawala bali 7
bona nebalyoka bagolokoka, nebalongōsa etabāza zābwe. Aba- 8
sirusiru nebagamba abalina amagezi nti Mutuwe ku mafuta
ga'mwe; kubanga etabāza za'fe zigwērera. Naye abālina ama- 9
gezi neba'damu, nebagamba nti Wo'zi tegatumale 'fena na'mwe:
wakiri mugende eri abatūnda, mwegulire. Nabo bwebāli bagenda 10
okugula, anāwasa omugole na'ja; nabo abāli betesetese nebai-
ngira naye mu mbaga eyobugole: olu'gi neru'galwawo. Olu- 11
vanyuma neba'ja nabo abawala bali abalala, nebagamba nti
Mukama (wa'fe), mukama (wa'fe), tu'gulirewo. Naye na'damu 12
nāgamba nti Mazima mbagamba nti sibamanyi. Kale mutu- 13
nule, kubanga temumanyi lunaku newakuba'de ekisēra.

---

2. *balina magezi*] okwetekateka nga omuwanika bweyakola mu lugero, su. 24. 45 ne Luka 16. 8.

3. *abasirusiru, bwebatwala etabaza zabwe*] Bona balindirira Mukama wabwe, naye abamu boka, abalina magezi, bali nga betesetese bulungi. Abasirusiru balina amafuta agalibamala bwalija mangu; naye tegalimala bwalirwawo enyo. Kale abalina edini eyokungulu be balabulwa wano.

Amafuta kwe kutukirira okwa Bakristayo oba okwetekateka kwabwe okusisinkana ne Mukamawabwe nga a'ze.

5. *anawasa omugole*] Naye wano tulaba nti "Abawala" ye Kanisa so si mugole. Bona nebabongota nebebaka. Kale wano "tulo" amakulu gatwo bwe butamanya kisera Kristo kyalijiramu; so si butatunula, tetufananaanga tulo mu lugero olwo mu'bi eyaja ekiro (su. 24. 43).

7. *nebalongosa etabaza zabwe*] nga bayongeramu amafuta era nga batereza enzi nempiso.

8. *zigwerera*] Era nabasirusiru basangibwa nga babulako katono okubera nga betesetese.

9. *Wo'zi tegatumale fena namwe*] Kale nga wakyasigadeyo okuwerekera awasa-omugole mu kubo etabaza nga zaka. Abamagezi tebainza kugaba ku mafuta gabwe ekigambo ekituigiriza nga abalisangibwa nga tebetesetese tebaliba nesubi ate. Abamu bagamba nti wano tuigirizibwa nti Ebikolwa ebisukirira tebirimu.

10. *nebaingira naye mu mbaga eyo bugole*] esanyu eryabo abaliwebwa omukisa ligerebwa emirundi mingi ku mbaga enene, lab. su. 26. 29.

11. *Mukama (wafe), mukama (wafe), tugulirewo*] Lab. su. 7. 22, 23.

13. *Kale mutunule*] Mukamawafe atutegeza bwatyo olugero kyeruigiriza.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

14 Kubanga (buli) ngomuntu eyali agenda okutambula munsi
15 endala, nāita aba'dube, nābalekera ebintubye. Nāwa omu eta-
lanta tāno, omulala biri, omulala emu; buli muntu ngobuīnza-
16 bwe bwebwali; nāgenda. Amangwāgo oli eyawebwa etalanta
17 etāno nāgenda nāzisūbula nāvisamu etalanta tāno endala. Bwa-
tyo noli (eyawebwa) etalanta ebiri, nāvisamu ebiri endala.
18 Naye oli eyawebwa emu nāgenda nāsima mu 'taka, nākweka
19 efeza ya mukamawe. Awo ebiro bingi bwebyaita, mukama
20 waba'du bali na'ja, nābala nabo omuwendo. Noli eyawebwa
etalanta etāno na'ja nāleta etalanta etāno endala, nāgamba nti
Mukama (wānge), wandekera etalanta tāno: laba, navisamu
21 etalanta tāno endala. Mukamawe nāmugamba nti Webale,
(oli) mu'du mulūngi mwesigwa: wali mwesigwa mu bitono,
22 ndikusigira ebingi: ingira mu sanyu lya mukamawo. Noli

---

14–30. OLUGERO OLWE TALANTA.
Mu Njiri eno yoka.

Olugero olwe Rateri (Luka 19. 12–27), lufanana nga luno naye nga lulimu enjawulo; (1) ekisera kyerwagererwamu si kye kimu; (2) era ebigambo ebyolugero tebigendera wamu mu bigambo ebikulu. Kristo akyakutira abantu okutunula okusokera ku Batume.

14. *nabalekera ebintubye*] Lab. Ma'ko 13. 34. "Ngomuntu eyaleka enyumbaye natambula munsi endala ngawade abadube obuinza buli muntu omulimugwe." Kristo ngataliyo agabira buli muntu ku buinzabwe era ne ku mirimugye kunsi. Obuguzi bungi bwakolebwa abadu, abawebwanga olusi obuinza obungi (su. 24. 45). Wano abadu bawebwa efeza ya Mukamawabwe okugisubula oba okugirimisa bagyemu amagoba amangi nga bwebaliinza.

15. *Nawa omu etalanta tano*] Mu lugero olwe Rateri (Luka 19) buli muntu yawebwa erateri emu. Wano tuigirizibwa nti waliwo engeri nyingi ezokuwereza ezitenkanankana kitibwa oba okuba abasinga okuigirizibwa be balibuzibwako ebingi okusinga abavu nabataigirizibwa nyo.

*talanta*] Lab. su. 18. 24. Ne kakano mu Luingreza nenimi endala eze Bulaya owa magezi amangi bagamba nti "Alina talanta" nga bakigya ku lugero luno.

16. *nagenda nazisubula*] basinga okusubulanga bwebatyo nga batambulatambula munsi endala.

19. *ebiro bingi bwebyaita*] Ngategeza nti "Okuja omulundi ogwokubiri tekuliba kwa mangu."

*nabala nabo omuwendo*] Alyoke atwale ekitundukye nga bwebalagana oluberyeberye.

21. *ndikusigira bingi*] Empera gyetulifuna mu gulu erigerebwa ku mirimu gyetulikola munsi.

*ingira mu sanyu lya mukamawo*] Oba (1) Sa kimu mu sanyu Mukamawo lyalina era eririba empera eyobunyikivu obwo; oba (2) Embaga eyesanyu; nga mu lugero olwabawala; era laba Estheri. 9. 18, 19.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

(eyawebwa) etalanta ebiri na'ja nāgamba nti Mukama (wange),
wandekera etalanta biri: laba navisamu etalanta biri endala.
Mukamawe nāmugamba nti Webale, (oli) mu'du mulūngi mwe- 23
sigwa; wali mwesigwa mu bitono, ndikusigira ebingi: ingira
mu sanyu lya mukamawo. Noli eyawebwa etalanta emu na'ja 24
nāgamba nti Mukama (wānge), nakumanya ngoli muntu muka-
'kanyavu ngokūngulira gyotasigira, ngokung'anyiza gyotayi-
yira: nentya, neng'enda, nengikweka mu 'taka etalantayo: 25
laba, eyiyo olinayo. Naye mukamawe na'damu nāmugamba 26
nti Oli mu'du mubi mugayāvu, wamanya nti nkūngulira gye-
sasigira, nkung'anyiza gyesayiyira; kale kyakugwānira oku- 27
giwa abasūbuzi efeza yānge, nānge bwenandi'ze nandiwere'dwa
eyānge namagoba gāmu. Kale mamu'gyeko etalanta, mugiwe 28
oli alina etalanta ekumi. Kubanga buli muntu alina ali- 29
webwa, era aliba na bingi: naye atalina, ali'gyibwako na kiri
kyalinakyo. Nomu'du oyo ataliko kyagasa mumusūle mu 30
kizikiza ekyebwēru: mwe muliba okukāba nokuluma obujigi.
Naye Omwāna womuntu bwali'jira mu kitībwakye, ne bama- 31
laika bona (nga bali) naye, awo bwalitūla ku ntebe eyekitībwa-
kye: namawānga gona galikung'anyizibwa mu masogo; naye 32

---

22. *naja nagamba*] Omudu ono ategera bwatalirema kusalirwa omusango; buli eyekwasakwasa yesalira omusango.

24. *ngokungulira gyotasigira*] Ngokungulira mu gwanika mu guliro eryomulala ngobuza amagoba ngotosose okuwayo ku bibyo. Yamulanga bwerere, naye omwami amusalira mu kamwa ke nti "Kale kyakugwanira," obanga wategera nga ndi bwentyo.

27. *abasubuzi*] Mu Luy. "babo abaimirira ku meza"—kubanga balina emeza mu maso gabwe. Kale gwe mulimu ogwandisinze obwangu, okuwayo efeza mu basubuzi, teyandibade nokutegana na katono.

*efeza yange*] Teyali yiyo.

29. Kale ekigambo kyetuigiriziibwa wano tukiraba ne mu bigambo ebyensi: alina amagezi gona natagakoza mirimu kale nga gamubula, noyo anyikira afananganga okulonda amagezi oli gasula. Demosthenes agamba nti "Ebintu ebyomugayavu kirungi bibere byabwe abagumikiriza okutegana nokulaba akabi."

31–46. OLUNAKU OLWO MUSANGO.

32. *namawanga gona*] Oba (1) amawanga gona agensi Abayudaya nga kwebali; oba (2) Amawanga obutasako Bayudaya. Mpo'zi bisinga okwogera ku Mawanga so si Bayudaya kubanga tulaba mu kitabo kyona amawanga gogera ku mawanga Abayudaya nga tebaliko era tulaba bona bwebatategera okuwereza Kristo bwekufanana era Asala omusango byasinzirako obutaba bizibu. Era naye kubanga Kristo yasoka okukutira Abatume negwanga lya Bayudaya mu bitundu ebyokubulira kuno ebisose kale ne mu kifananyi kino balinga era na Bakristayo. Abasalirwa omusango wano obutategera bwabwe mpo'zi buva ku butamanya nti Okujanjaba abanaku kwekuwereza Kristo. Asala okusinzira ku bitali bizibu

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

alibayāwulamu ngomusūmba bwayāwulamu endiga nembuzi:
33 nendiga aliziteka ku mukonogwe ogwadyo, naye embuzi ku
34 mukono ogwa kono. Awo Kabaka aligamba abali ku mukono-
gwe ogwadyo nti Mu'je, 'mwe Kitānge beyawa omukisa, musi-
kire obwakabaka obwabatekerwatekerwa okuva ku kutōnda
35 Ensi: kubanga nalina enjala nemumpa ekyokulya: nalina
36 enyōnta nemu'nywesa: nali mugenyi nemunsuza; (nali) bwe-
rēre nemunyambaza: nali mulwa'de nemu'nāmbula: nali mu
37 nvuba, nemu'ja mundaba. Awo abatūkirivu balimu'damu nga
bagamba nti Mukama (wa'fe), twakulaba di ngolina enjala netu-
38 kulisa? oba ngolina enyōnta netukunywesa? Era twakulaba
di ngoli mugenyi netukusuza? oba ngoli bwerēre netukwamba-
39 za? Era twakulaba di ngoli mulwa'de, oba mu nvuba, netu'ja
40 tukulaba? Ne Kabaka ali'damu alibagamba nti Mazima mba-
gamba nti Nga bwemwakola omu kwabo baganda bānge abasi-
41 nga obuto, mwakikola 'nze. Awo alibagamba nabo abali ku

---

mpo'zi kuingiza bo abatawuliranga ku Dini ebikulibwa. Kale aba-tamanyi mateka basalirwa awatali mateka. (Soma Bar. 1. 18–20; 2. 9–16).

*ngomusumba bwayawulamu endiga nembuzi*] "Endiga nembuzi zona ziriko omusumba omu era zirundirwa wamu; naye tezegatibwa wamu, ne mu kisibo ekiro zeyawulamu ebibina bibiri; era ne ku nzizi tezigata." Embuzi tebaginyoma e Buvanjuba okusinga okwagala endiga, neda, embuzi ya Sedume kye kifananyi ekya manyi. Kale mu lugero Kristo ajukira empisa yazo okweyawulamu.

34. *Kabaka*] Ye kabaka wa batukirivu. Tulaba ebigambo Kabaka byagamba abatukirivu era nabatali batukirivu bwebifanana

| | |
|---|---|
| Muje | Muvewo wendi |
| mwe Kitange beyawa omukisa | mwe abakolimirwa (mugende) |
| musikire obwakabaka obwa-baterekerwa okuva ku kuto-nda Ensi. | mu muliro ogutagwawo ogwa-tekerwatekerwa Setani ne ba-malaikabe. |

*mwe Kitange beyawa omukisa*] Kale tetusoma nti mwe abakolimirwa Kitange, kubanga newakubade nga Katonda agabira omukisa, akola ekibi yeretako ekikolimo.

35, 36. Kale ku bigambo bino omukaga ebisatu ebisoka bye bigambo bona byebakola naye ebidirira biva mu kwagala. Tewalabikanga muntu atalisa oba atanywesa nomulabewe (laba Bar. 12. 20), era e Buvanjuba tewali gwebagoba ku mere naye okwambaza abali obwerere kukolebwa omugabi alina okwagala, okulambula abalwade kwe kwerekereza, okukyalira abasibe mu naku ezo nga tekwawulirwangako kubanga basibibwa awabi enyo.

40. *mwakikola nze*] Wano tulaba nga waliwo abawereza Kristo nga tebamanyi. Mu Lukā 13. 26, tulaba banabi abo bulimba nga bawoza nti Twakuwerezanga songa okuwereza kwabwe tekwali kwa mazima. Wano Kristo yegata ne Kanisa yeera nga mu bigambo byeyagamba Saulo nti Onjiganyiza ki? (Bik. 9. 4).

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

mukonogwe ogwa kono nti Muvewo wendi, 'mwe abakolimirwa,
(mugende) mu muliro oguta'gwāwo ogwatekerwatekerwa Setani
ne bamalaikabe: kubanga nalina enjala, temwampa kya kulya: 42
nalina enyōnta, temwa'nywesa: nali mugenyi, temwansuza:
(nali) bwerēre temwanyambaza: mulwa'de, ne mu nvuba, te- 43
mwa'nāmbula. Awo nabo bali'damu, nga bagamba nti Mukama 44
(wa'fe), twakulaba di ngolina enjala, oba ngolina enyōnta, oba
mugenyi, oba bwerēre, oba mulwa'de, oba mu nvuba, netutaku-
wereza? Awo aliba'damu, ngagamba nti Mazima mbagamba 45
nti Nga bwemutākola omu kwabo abasinga obuto, temwakikola
'nze. Ne bano baligenda mu kibonerezo ekita'gwāwo; naye 46
abatūkirivu (baligenda) mu bulamu obuta'gwāwo.
Awo olwātūka Yesu bweyamala ebigambo ebyo byona, **26**
nāgamba abaigirizwabe nti Mumanyi nti olwebiri walibawo
Okuitako, no Mwāna womuntu aliwebwayo okukomererwa. 2

---

45. *Nga bwemutakola*] Abantu balisalirwa omusango si olwo kukola obubi kwoka naye era nolwobutakola obulungi bwebandikoze.

46. *ekitagwawo—obutagwawo*] Kale ekigambo kimu mu Luyonani kyogera ku musango era ne ku bulamu. Ekigambo kino amakulu gakyo kwe kutusa ku mirembe ne mirembe. Kale obulamu obutagwawo kwe "kumanya Katonda owamazima ne Yesu Kristo" (Yoh. 17. 3); obwo tebuinza kukoma, lab. era Hab. 1. 12. "Gwe toli wa mirembe nemirembe, ai Mukama Katonda wange, Omutukuvu wange?"

*kibonerezo*] Mu Luyonani ekigambo kino si kigambo kya kuwalanira egwanga wabula kya kuziiza oba kulongosa.

Sura **26**. 1–5. Wednesday, Nisani 12. Embaga ya Pasaka okusembera.

YESU ATE ABATEGEZA BWAGENDA OKU'TIBWA. SANHEDRINI OKUKUNG'ANA.

Ma'ko 14. 1, 2; Luka 22. 1, 2.

Mu Yohana 11. 55–57, tusoma nti "Bakabona abakulu na Bafarisayo bali balagide nti Omuntu bwategera wali, abulire, balyoke bamukwate." Kristo okuinza okubulira bwatyo enaku nyingi mu lwatu mu Yekalu ngatatya kukwatibwa kututegeza bweyali ngamaze okwagalibwa nyo bangi abensi ye (Galilaya). Ebyo mu Yohana byetujulide bitutegeza Abasadukayo na Bafarisayo bwebali begase awamu ku Bagalilaya abanyomebwa naye ngatebainza kumukwata awatali lukwe luli era nokutesanga mu kyama.

2. *Okuitako*] Pasaka. Ekigambo kino mu Lueb. amakulu gakyo kwe kubukako. Mu Luy. waliwo ekigambo ekikifanana amakulu gakyo nti Okubonabona. Abaigiriza abamu kyebava balowoza nti Embaga kyeyava eitibwanga nti Pasaka kubanga ne Kristo yabonyabonyezebwa mu biro byembaga eyo.

Mu mbaga eyo Kuitako (Pasaka) bajukiranga nga bwebanunulibwa mu Misiri. Ebiragiro ebyembaga eyasoka tubisanga mu Kuv. 12. 1–14, naye ebimu byajululwa oluvanyuma. Omwana gwendiga nga tekyalondebwa ku lunaku 10 mu Nisani. Omusai bagumansi-

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

3 Awo bakabona abakulu nabaka'de babantu nebakung'anira mu

---

ranga ku altari so si ku mufubeto, abalya nga tebakyaimirira nga "besibye ebimyu nengato nga ziri mu bigere byabwe nomugo nga guli mu mukono gwabwe" wabula nga bagalamide ku bitanda nga bwebaisanga bulijo era nga tebakyaziiza kufuluma munju okutusa enkya.

Bwebakomawo e Babuloni banyikira nyo okwekumanga Pasaka buli mwaka naye mu mirembe gya Basekabaka tusoma kumbaga eno okwekumibwa emirundi esatu gyoka mu mirembe gya Sulemani, Hezekiya ne Yosiya.

Tulitegeza wansi ku lu. 17, kumpisa ezembaga eno era ku Kristo okulya awamu nabaigirizwabe mu biro ebyembaga eyo.

3. *bakabona abakulu nabakade babantu lwe lukiko*] olwaitibwanga nti Sanhedrini olwa Bayudaya.

A. *Histori ya Sanhedrini.* Abangi ku Ba-Ra'bi abamagezi bagamba nti Olukiko lwasibuka ku bakade 70 Musa beyalonda okumubera. Naye olukiko luno terwali lwa da nyo, wabula lwabawo nga Kabaka we Makedoniya ngamaze okuwangula Palestina kubanga erinya lino lwe Luyonani so si Luebraniya era kubanga mu Makedoniya balina enkiko ezifanana nga luno bwerwali era kubanga tetusomako mu bitabo bya Basekabaka newakubade mu bya Banabi ebigambo ebyokututegeza nga waliwo olukiko bwerutyo.

B. *Olukiko nga bwerwali.* Omukulu wamu (yaitibwanga nti *Nasi* = omulangira) ye Kabona asinga obukulu (naye olusi omulala yalondebwa; amudirira yaitibiwanga *Ab-Beth Dîn* = Kitawe wenyumba eyomusango); owokusatu yaitibwanga *Chachan* (omutegeza oba omugezigezi). Abatula mu lukiko baweranga 71 be bano; (1) bakabona abakulu, gye mitwe gyemiruka gya Bakabona (Luka 1. 5); (2) bawandisi oba "ba mateka"; (3) bakade ba bantu, gye mitwe egyebika, abajanga kulwa bantu bona.

C. *Obuinza nemirimu.* Sanhedrimi lwe lukiko olwa Bayudaya olwasinga okuba nobuinza. Oluberyeberye lwainzanga okusala emisango egyokufa naye mu biro bya Mukamawafe nga terukyalina buinza obwo; Yoh. 18. 31, "Tekyatulagirwa ku'ta muntu yena," ebitabagana nebigambo ebisangibwa mu Talmudi nti "nga wakyasigadeyo emyaka 40 okutusa Yerusalemi okuzikirizibwa obuinza obwoku'ta bwagyibwako ku Israeli."

Ebigambo byona ebya Mateka ga Bayudaya nebigambo byona ebye Dini byatesebwanga mu Sanhedrimi.

D. *Ekifo olukiko mwelwakung'aniranga.* Mu sura eno tulaba nga lwakung'anira mu nyumba ya Kabona-asinga-obukulu naye mu su. 27. 6, tulaba nga olusi lwakung'anira mu Yekalu, naye tutegezebwanga mu biro ebyobabanga ne mpisa okukung'anira awali enyumba ezaitibwanga "Enyumba ezo buguzi" ezali ku lusozi olwe Yekalu e buvanjuba.

*Kayafa*] Yusufu Kayafa, mukodomi wa A'na yawebwa obwakabona obwasinga obukulu Balozi Valerio Grato A.D. 26, era yagobebwamu A.D. 38. Okuva awo waitawo emyaka mingi ekifo kino nga

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

kigāngo kya kabona asinga obukulu, eyaitibwa Kayafa; neba- 4
tēseza wamu Yesu okumukwasa amagezi, bamu'te. Naye ne- 5
bagamba nti Tuleme okumukwatira ku lunaku olukulu, abantu
baleme okukayāna.
Naye Yesu bweyali mu Bethaniya, munju ya Simoni 6
omugēnge, omukazi na'ja gyali, eyalina ecupa eyamafuta 7
agomugavu agomuwendo omungi enyo, nāgamufukira ku

---

tekikyanyuwerako muntu okutusa okufa era nga tekikyasikirwa; wabula Abarumi nga be baingizangamu buli gwebasimanga. A'na eyali kabona asinga obukulu yali akyalimu mu maso ga bantu kubanga bagana okukiriza okugobebwakwe. Luka O. agamba nti "A'na ne Kayafa bwebali nga be bakabona-abasinga-obukulu."

4. *nebateseza wamu Yesu okumukwasa amagezi*] Nga tebakyainza (1) kumutega mu kubuzibwa (22. 46); (2) kumulabako ensonga eri Abarumi abafuzi (22. 22); (3) kumukwata lwamanyi.

5. *ku lunaku olukulu*] Abantu nga bajude mu kibuga bangi nyo nga egye edene, obukumi nobukumi. Josefo atutegeza nti Ku Pasaka endala mu biro ebyo nga emyaka gisigadeyo nga 30 okutusa ku mwaka guno abantu bamujemera Arkelao nga bagala okuwalana egwanga olwokutibwa kwa Ba-Ra'bi babiri naye bagobebwa neba'tibwako abantu 3,000. Era naye atutegeza bwebajemera Sabino ku mbaga ya Pentekote.

6–13. EMBAGA MU NYUMBA YA SIMONI OMUGENGE.

Ma'ko 14. 3–9; Yoh. 12. 1–8.

Bwetusoma mu Yoh. O. tutegera nga embaga eno yabawo ku Sabiti egulo Kristo ngaingira mu Yerusalemi enkya ne kitibwa. Wano Mathayo O. taliranya bigambo nga bwebyali.

Era mu Luka 7. 36–39, tusoma nga waliwo nomukazi "eyalina ebibi" yakola bwatyo olulala.

6. *Simoni omugenge*] yalinga yalwala da bwatyo naye kakano ngayawonye. Yoh. O. agamba nti Nebamufumbiranga emere eyekyegulo; ne Martha nawereza, naye Lazaro naba omu kubo abali batude naye ku mere. Tetusoma birala ku Simoni ono. Tumulaba wano okuba mukwano gwa Lazaro nebanyina era alinga yali muigirizwa wa Yesu.

7. *omukazi . . . eyalina ecupa eyamafuta agomugavu agomuwendo omungi enyo*] "Awo Maryamu nadira lateri eyamafuta agomugavu agomuwendo omungi enyo" (Yoh.); "mafuta agomugavu ogwomuwendo omungi enyo" (Ma'ko).

Amacupa gano gakolebwanga ne Alabaster—obulago obwecupa nga wafunda nyo amafuta galyoke gavemu mpolampola. Naye nga gamenyeka mangu. Herodotus atutegeza nti Ecupa ya mafuta agomugavu yawerezebwa Kabaka Cambyses eri Kabaka owe Ethiopiya.

Abawandisi abe Njiri abalala batutegeza nga ekirabo kino ekya Maryamu kyali kyamuwendo ogwa dinari 300, "edinari ebikumi bisatu nokusingawo" (Ma'ko). Kale omupakasi yawebwanga dinari emu bulijo (lab. su. 20. 2). Kale yempera omupakasi gyeyalyanga mu myezi 10. Maryamu alinga yawayo obugaga bwe bwona,

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

8 mutwe, ngatu'de alya. Naye abaigirizwa bwebālaba, nebanyīga
9 nebagamba nti Gafu'de ki gano? Kubanga gano singa gatūndi-
10 'dwa gandivu'demu ebintu bingi, okuwa abāvu. Naye Yesu
bweyategēra nābagamba nti Munakuwaliza ki omukazi? ku-
11 banga ankoze ekigambo ekirūngi. Kubanga abāvu bemulinabo
12 bulijo; naye temuli nānge bulijo. Kubanga bwafuse amafuta
13 gano ku mubiri gwānge, anziraze okunzīka. Mazima mbagamba
nti Enjiri eno buli gyenebūlirwānga munsi zona, nakyo omukazi
ono kyakoze kināyogerwāngako okumu'jukira.
14 Awo omu kwabo ekumi nababiri, eyaitibwa Yuda Iskaryoti,
15 nāgenda eri bakabona abakulu, nāgamba nti Mu'kiriza kumpa
ki, nānge ndimuwayo gyemuli? Nebamugerera ebitūndu bya
16 feza amakumi asatu. Nāsokera awo okunonya e'bānga bwanā-
muwayo.

---

8. *abaigirizwa bwebalaba, nebanyiga*] "waliwo abamu abasungu-wala boka" (Ma'ko); "Naye Yuda Iskalyoti, omu ku baigiri-zwabe, nagamba" (Yohana).

10. *Yesu bweyategera*] Basoka okwogera mpola. Ma'ko 9 nagamba nti Basunguwala boka neb.

*ekigambo ekirungi*] ekyasana era ekyategeza Maryamu bweyali ategede ebyamazima ku bwakabaka okusingira dala bona. Yate-gera nga Kristo ye Kabaka newakubade ngagenda okufa. Netulaba nga ekyamwawulako Yuda kye kyayongera okunyweza okwagala kwa Maryamu. Mukamawafe yasima ekigambo kino okusinga ebirala byona byetusomako mu Nda. Emp.

12. *okunzika*] Kale mulabe mu 2 Byom. 16. 14, "Nebamuzika (Asa) nebamuteka ku kitanda ekyajula ebyakalosa ebiwomerevu (nenvumbo) ezengeri enyingi, ebyalongosebwa namagezi gabafumbi ba karifuwa."

14–16. OLUKWE LWA YUDA.

Ma'ko 14. 10, 11; Luka 22. 3-6.

Ma'ko O. ne Mathayo O. bombi baga'ta olukwe lwa Yuda nembaga eyafumbibwa mu nyumba ya Simoni. Okusubirakwe okufuna ebyensi kwafira dala bweyawulira ebigambo bino ebyoku-zikibwa. Wano tulaba bano ababiri, omu ngakola ekyategeza okwagala nokukiriza okwasingira dala obunene, owokubiri ngakola ekyolukwe era nekyokukyawa okwali okunene enyo. Okubulwa byeyasubira kwalinga kukoza Yuda ekigambo kino so si kwegomba kwoka. Yesu yamuitanga Setani oba Diabolo era nolulala yaita Petro O. bwatyo olwekigambo ekyo okusubira ebyensi. Petro yasendebwasendebwa bwatyo omulundi gumu naye Yuda yafugi-bwa ekigambo ekyo era kyagenda nga kikula okutusa lwekyamu-maliramu obulungi bwona.

15. *ebitundu bya feza amakumi asatu*] Shekeli za feza 30. Mathayo O. yeka atutegeza omuwendo zawera edinari 120. Omudu yatundibwanga bwatyo, lab. Kuv. 21. 32; kale ne Mukamawafe mpo'zi kyeyava ayogera bwati nti Omwana womuntu teyaja kuwerezebwa wabula okuwereza nokuwayo obulamubwe ekinunulo ekya bangi (su. 20. 28).

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Naye ku (lunaku) olusokerwako olwemigāti egitazimbulu- 17
kuswa, abaigirizwa neba'ja eri Yesu nebagamba nti Oyagala
tutekeretekere wa Okuitako gyonokulīra? Nāgamba nti 18
Mugende mu kibuga ewa gundi, mumugambe nti Omuigiriza

---

17–19. **OKUTEKATEKA YESU GYANALIRA EMBAGA.**

Ma'ko 14. 12–16; Luka 22. 7–13.

Nisani 13. Okuva ku sawa 12 ku lunaku lwa Wednesday okutusa ku sawa 12 ku lunaku lwa Thursday. Yesu yalinga ali mu kyama—tetutegezebwa bigambo ebyabawo.

17. (*lunaku*) *olusokerwako olwemigati egitazimbulukuswa*] Lwali lunaku 14 mu Nisani olwaingiranga ngenjuba egude ku 13; lwaitibwanga era olwokutekateka Pasaka. Embaga eyemigati egitazimbulukuswa yadiriranga Pasaka nemala enaku 7 okuva ku lunaku 15 okutusa 21 mu Nisani. Kale embaga zombi olusi zagatibwa wamu okuitibwa nti Pasaka, olusi nga ziitibwa eye migati egitazimbulukuswa." Ku lunaku 13 olwegulo buli mukulu owomunyumba yanonyanga nyo ngamulisizibwa kandili ekizimbulukusa kyona nakikung'anya nebakitereka nebakizikiriza ku lunaku 14 nga tewanatuka sawa 6. Omwana gwendiga bagiwangayo ku 14 ku sadaka eyakawungezi eyasoka ku lunaku olwo ku sawa 7 nekitundu; oba olunaku olwokutekateka bwerwabanga lutuse ku Friday, mu sawa mukaga nekitundu. Balyanga Pasaka nga enjuba egude ku lunaku 14 lwebaitanga 15 mu Nisani.

Kye kizibu okutabaganya ebyabawo ku Pasaka eno nga bwetutegezebwa mu Njiri. Naye kitegerekeka awatali kubusabusa nti Emere Yesu gyeyalya nabaigirizwabe teyali ya Pasaka dala kubanga yalibwa ku lunaku 13 enjuba ngegude oba nga Abayudaya bwebandigambye ku 14. Mu Yok. 18. 28, tulaba nga Kristo yakomererwa ku lunaku olwo kutekateka era newakubade nga ebigambo bya Basunoptiki bifanana obutatabagana na kimu, kyebiva bireme okutabagana, fe obutamanya bulungi ebigambo byona byona ebyabawo.

Mu "Kubonyabonyezebwa" tuinza okuliranya ebigambo bwebiti —Olunaku 14 bwerwaingira ngenjuba egwa, Yesu yatuma abaigirizwabe okutekateka embaga ku lunaku olwo so si ku 15. Tulaba okwanguiriza kuno mu bigambo bye nti "Ekisera kyange kituse" (lu. 18) laba Luka 22. 15, "Negombye nyo okulira awamu namwe Okuitako kuno nga sinabonyabonyezebwa." Nebalyoka balya emere mungeri nga ya Pasaka era nga baisa nga empisa' za Pasaka bwezali.

Enkya mu makya ku Nisani 14, Sanhedrini basoka okukung'ana bona nga tebaliyo, Olukiko lwona nerulyoka lutula. Yawoza mu maso ga Pilato—yasindikibwa eri Herode—yakomererwa.

Kale tulaba Kabona wafe asinga obukulu bweyali nga yewayo olwebibi byafe ku musalaba Abayudaya bali nga ba'ta abana bendiga enkumi nenkumi olwembaga eya Pasaka eyali egenda okuingira.

18. *gundi*] omuntu eyamanyibwa kyoka tebawandise erinyalye, balinga bali batesa naye da. Mbu yali muigirizwa wa Isa. Yali

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

agambye nti Ekisēra kyānge kinātera okutūka; ewuwo
19 gyenālira Okuitako nabaigirizwa bānge. Abaigirizwa nebakola
20 nga Yesu bwabalagi'de; nebatekateka Okuitako. Naye obu'de
bwebwawungēra, nātūla okulya nabaigirizwa ekumi nababiri;

---

mpisa abo mu Yerusalemi okwazikanga ebisenge ebyabagenyi abo abajanga kumbaga.

20–30. EMERE EYEKOMEREPAYO.

Ma'ko 14. 17–26; Luka 22. 14–38.

Wetusomera ebyempaka nti Ani anaba omukulu era nokulabula Petro okubawo nga tebanagenda ku Lusozi olwe-Mizeituni. Yoh. O. taingiza byakulagira emere eyo kusekimu naye atutegeza Yesu bweyanaza ebigere ebya Batume era ne nbulira za Kristo (su. 13–17). Eyo mu 1 Kor. 11. 23–26, wetusoma ku kulagira emere-eyo-kusekimu bibulako katono okwenkanankanira dala nebyo mu Luka.

20. *natula okulya nabaigirizwa ekumi nababiri*] oba yagalamari kubanga balagirirwa okugalamiranga ku Pasaka era bali batanude okukola bwebatyo ku mere yona. Mu Pasaka baisanga bwebati.

(*a*) Basokanga okunywa ekikompe kya nvinyo emyufu etabudwa nama'zi; kye kikompe kyetusomako mu Luka 22. 17. Abagenyi nebalyoka banaba mu ngalo. Okunaza ebigere bya Batume kwalinga kuingizibwa awo, Yoh. 13.

(*b*) Nebalyoka baleta enva ezakawanga ezabajukizanga obudu obwakawa abajaja babwe bwebalaba mu Misiri, zalibwanga wamu nemigati egitazimbulukuswa era nomuchuzi oguitibwa "charoseth" ogwakolebwa ne bibala ne siki, mwebakozanga emigati nenva. Kale ebigambo bino bitegerekese nti "Gwenakoleza ekitole nenkimuwa ye wuyo," Yoh. 13. 26.

(*c*) Nebalyoka batabula ekikompe ekyokubiri nebakisabira omukisa nga ekyoluberyeberye. Kitabwe abo munju nalyoka abategeza amakulu agembaga (Kuv. 13. 8). Okutegeza kuno kwaitibwanga *Haggadah* oba "okwolesa" ne Paulo O. kyeyava aingiza ekigambo kino ngategeza Abakristayo ku mbaga eyo-Kusekimu ngakikyusisa ku kwolesa okufa kwa Kristo (1 Kor. 11. 26). Nebalyoka baimba ekitundu ekyasoka ku "*hallel*" (Zab. 113 ne 114.)

(*d*) Omwana gwendiga ogwa Pasaka neryoka etekebwa mu maso ga bagenyi. Eno yaitibwanga nti Emere eye kyegulu, naye tetusoma ku Kristo nabaigirizwa okulya ku mwana gwendiga. Kristo ye nyini Pasaka yafe "eyawebwayo kulwafe" (1 Kor. 5. 7) yali awo ngagenda okuwebwayo, nomusai gwe okuyika. Kale mu kisera ekyo, bwebandiride ku mwana gwendiga Yesu "natola omugati neyebaza, nagumenyamu" lu. 26.

(*e*) Nebalyoka banywa ekikompe ekyo kusatu oba "ekikompe ekyo mukisa," ekyaitibwanga bwekityo kubanga kyasabirwako omukisa kaingo, "nekikompe bwatyo bwebamala okulya" (Luka); "nekikompe bwatyo; webamala okulya" (Paulo). Kye kikompe kyetusomako mu lu. 27.

(*f*) Kale bwebabanga bamaze okunywa ekikompe ekyokuna

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

era bāli balya, nāgamba nti Mazima mbagamba nti omu ku- 21
'mwe anāndyāmu olukwe. Nebanakuwala nyo, nebatanula 22
ki'nomu okumugamba nti Mukama (wānge), ye 'nze? Naye 23
na'damu nāgamba nti Oyo akoze'za awamu nānge mu kibya,
yanāndyāmu olukwe. Omwāna womuntu agenda, nga bweya- 24
wandikirwa: naye zisānze omuntu oyo anālyāmu olukwe
Omwāna womuntu! kyandiba'de kirūngi eri oyo singa teya-
zālibwa omuntu oyo. Yuda, eyamulyāmu olukwe, na'damu 25
nāgamba nti Rabi, ye 'nze? Nāmugamba nti Gwoyoge'de.
Era bāli bakyalya, Yesu nātōla omugāti, neyebaza, nāgu- 26
menyamu; nāwa abaigirizwa, nāgamba nti Mutōle, mulye: 27
guno gwe mubiri gwānge. Nātōla ekikōmpe, neyebaza, nābawa,
ngagamba nti Munywe ku kino 'mwena; kubanga kino gwe 28

ekibina nekiryoka kiimba (lab. lu. 30) ekitundu ekyokubiri kya *hallel* (Zab. 115–118).

22. *Nebanakuwala nyo*] Yoh. O. agamba nti (13. 22) "Abaigirizwa nebatunulaganangako, nga babusabusa gwayogedeko bwali."

23. *Oyo okoze'za awamu nange mukibya*] mu muchuzi ogwaitibwanga *charoseth*, lab. engulu lu. 20 (*b*).

24. *kirungi eri oyo singa teyazalibwa*] Bye bigambo byebayogeranga mu masomero ga Ba-Rabi, Naye tebyali bya kusaga busazi wabulanga bya mazima dala.

25. *Gwoyogede*] Bakiriza bwebatyo mu Lueb. ne mu Luy. era nekakano mu Palestina. Ebigambo bino byalinga biyogererwa mu dobozi tono abalala obutabiwulira.

Ma'ko O. ne Luka O. tebayatula wano erinya lya Yuda.

26. *guno gwe mubiri gwange*] Luka ayongera nti Oguwebwayo kulwamwe; Paulo O. nti Oguli kulwamwe. Kale sadaka yalinga etanude okuwebwayo, omubiri gwa Kristo bwegwalinga gutanude okuwebwayo. Kale tuinza okuleta bwetuti nti Guno—omugati—so si mwana gwendiga ogwa Pasaka—gufanana guberera dala eri abakiriza omubiri gwange nze awebwayo kakano okuba sadaka kulwamwe. Naye wano tetuja kuingira mu mpaka ezivude ku bigambo bino ebina naye kinamala okwejukiza nti (1) Ekigambo kino tekyali kigya eri abaigirizwa. Kyali "kigambo kizibu" ekyakyusa bangi obutakyagobereranga Kristo, laba Yoh. 6. 51–57, 66; (2) Twasikira empaka eziri ku Sakalamento ezava ku bufirosofo obwaliwo mu sentuli 12 ne 13.

Luka O. ne Paulo O. baingiza wano nti "Mukolenga bwemutyo okunjijukiranga nze, Kristo ngabategeza okukola bwebatyo okumujukira Ye so si kujukira okulokolebwa mu Misiri."

27. *Natola ekikompe*] lab. ku lu. 20 (*e*).

28. *kino gwe musai gwange*] Omusai ogwa sadaka yali "muhura" (musingo) ogwanyweza endagano eyeda, bwetyo nenvinyo gwe "muhura" ogunyweza endagano empya omutali kuyiwa musai.

*ogwendagano*] Mu Luy. ekigambo kino kiriko amakulu abiri (1) yendagano abantu gyebalagana boka naboka; (2) lwe lupapula



Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

musai gwānge ogwendagāno, oguyika kulwabangi olwoku'gyawo
29 ebibi. Naye mbagamba nti Sirinywa na katono okusoka lero
ku guno ogubala ku muzabibu, okutūsa ku lunaku luli
lwendigunywa omugya awamu na'mwe mu bwakabaka bwa
Kitānge.
30 Bwebāmala okuīmba nebafuluma (okugenda) ku lusozi olwa
Zeituni.
31 Awo Yesu nābagamba nti 'Mwe 'mwena munesitala kulwānge
ekiro kino: kubanga kyawandikibwa nti Ndikuba omusūmba,
32 nendiga ezomukisibo zirisāsānyizibwa. Naye bwendimala
33 okuzūkizibwa, ndibakulembera okugenda e Galilaya. Naye
Petro na'damu nāmugamba nti Bona bwebanesitala kululwo,
34 'nze sesitale na katono. Yesu nāmugamba nti Mazima nku-
gamba nti Mu kiro kino, enkoko eneba tenakokolima, onone-

---

omuntu lwalekawo ngagenda okufa olutegeza ebintu bye nga webirigabanwa. Wano tunyweza amakulu (1) kubanga bwetusanga ekigambo kino mu Nda. Emp. mu bitundu ebisinga obungi tulaba endagano empya ngabagigerageranga nendagano eyeda "Endagano Katonda gyeyalagana ne bajaja" (Bik. 3. 25). Erinya lye Ndagano Empya ligyibwa ku kitundu kino.

*kulwabangi*] Olwokuwonya abangi.

*bangi*] lab. ku su. 21. 28.

*olwokugyawo ebibi*] "ebibi biryoke bigyibwewo." Ebigambo biri mu Mathayo yoka.

29. *lwendigunywa omugya awamu namwe*] Ngayogera ku mbaga, kye kifananyi kyetutegezebwako obulamu obutagwawo, lab. Luka 22. 30. Omwenge omugya gutegeza obulamu obugya (su. 9. 17) Kristo bwaliberamu ngagabana na batukuvube. Ebigambo era biinza okwogera ku mbaga eya Ukaristiya, Kristo mwasiza ekimu nabesigwabe kunsi.

30. *Bwebamala okuimba*] Kye kitundu ekyokubiri ekya *hallel* Lab. ku lu. 20 (*f*).

31–35. BONA OKUSITAZIBWA.

Ma'ko 14. 26–31; Luka 22. 32–34; Lab. Yoh. 16. 32.

31. *Ndikuba omusumba*] Zek. 13. 7. Ebigambo tebigendera dala wamu no Luebraniya. Ebirirana mu Zek. byogera ku Yerusalemi okutukuzibwa mu naku ezenkomerero. "Ku lunaku luli olu'zi luligulirwa enyumba ya Daudi nabo abali mu Yerusalemi"—era byogera ku bana'bi-abo-bulimba okukwatibwa ensonyi, era ne Yahuwa okuwangula ku Lusozi olwe Mizeituni.

Ekiwonvu kya Yehoshafati ekiitibwa kya Kedroni mu Nda. Emp.

32 *ndibakulembera*] nga omusumba bwakulembera endigaze nga mu lu. 31.

34. *enkoko eneba tenakokolima, ononeganira emirundi esatu*] "lero, ekiro kino—ononegana emirundi esatu" (Ma'ko). Kyali kya muzizo Abayudaya okubera nenkoko mu Kibuga Ekitukuvu naye Abarumi tebandiremye okubera nazo.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

gānira emirūndi esatu. Petro nāmugamba nti Newakuba'de 35
nga kingwānira okufira awamu nāwe, sikwegāne na katono.
Nabaigirizwa bona nebogera bwebatyo.
Awo Yesu nātūka nabo mu kifo ekiitibwa Gethsemane, 36
nāgamba abaigirizwabe nti Mutūle wano, ng'ende eri nsabe.
Nātwāla Petro nabāna ba Zebedayo bōmbi, nātanula okunaku- 37
wala nokweralikirira enyo. Awo nābagamba nti Omwoyo 38
gwānge guliko enaku nyingi, zigenda kunzi'ta: mubēre wano,
mutunule nānge. Nātambulako katono, nāvūnama, nasaba, 39
nāgamba nti Ai Kitānge, ekikōmpe kino kinveko, oba kiīnzika:
naye, si nga 'nze bwenjagala, wabula nga 'gwe (bwoyagala).
Na'da eri abaigirizwa, nābasānga nga bebase, nāgamba Petro 40
nti Ka'zi temuīnzi'za kutunula nānge nesawa emu? Mutunule 41
musabe, muleme okuingira mu kukemebwa: omwoyo gwe
gwagala naye omubiri gwe munafu. Nate nāgenda omulūndi 42

---

36–46. KRISTO OKWERALIKIRIRA MU LUSUKU LWA GETHSEMANE.

Ma'ko 14. 32–42; Luka 22. 39–46; Yohana 18. 1.

Mu Luka nyi, 43, 44, zirabika mu Njiri ye yoka. Mu Luka era tusoma nti Malaika namulabikira ngava mu mugulu ngamusamu amanyi, naye ebigambo ebyo biringa tebyali mu Njiri eyo oluberyeberye.

36. *Gethsemane*] esogolero lya mafuta; "Basomoka akaga Kedroni, eyali olusuku" (Yohana).

37. *Petro nabana ba Zebedayo bombi*] Lab. su. 17. 1, ne Ma'ko 5. 37. Kale Yoh. O. eyawandika Enjiri yalaba bino namaso ge; era mu Njiri ye kyetuva tutegezebwa bingi wano okusinga mu Njiri endala.

38. *Omwoyo gwange*] Mu kitundu kino kyoka Kristo atutegeza bwalina omwoyo ogwobuntu.

*mutunule nange*] Wano tulaba Omwana womuntu ngayegairira abantu okumubera mu kisera kino ekyekizikiza.

39. *Natambulako kakano*] Omwezi ogwa Pasaka ogwegabogabo gwandirese ebisikirize Yesu mweyandiinzi'za okwekweka.

*Ai Kitange*] Ma'k. O. awandika era "*A'ba*," ye Kitange mu Luaramaiki.

*ekikompe kino*] Lab. ku su. 20. 22. Abana ba Zebedayo bwebawulira ebigambo bino bandijukizibwa okwegomba kwabwe nga bwekwali era Kristo byeyabadamu (su. 20. 20–23).

*si nga nze bwenjagala*] Wano era, nga mu kukemebwa, tulaba Omwana ngagondera Kitawe byeyayagala.

40. *nagamba Petro nti Ka'zi temuinzi'za kutunula nange nesawa emu?*] Kubanga Petro yasinga bona kusubiza Kristo okunywera, Yesu kyeyava amwawula mu bane wano okunenyezebwa. Mu Ma'ko tusoma nti Simoni, webase? tobade na manyi agokutunula nesawa emu?

41. *omwoyo gwe gwagala naye omubiri gwe munafu*] Tulaba Kristo bwali omuwombefu ngatabula mu bigambo bye kisa mu kunenya.



Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

ogwokubiri, nāsaba, ngagamba nti Ai Kitānge, obanga kino
tekiīnza kunvako, wabula 'nze okukinywa, kyoyagala kikolebwe.
43 Na'ja nate nābasānga nga bebase, kubanga amaso gābwe gali
44 gakamba'ga. Nābaleka nate, nāgenda, nāsaba omulūndi
45 ogwokusatu, nāyogera nate ebigambo bimu na biri. Awo na'ja
eri abaigirizwa, nābagamba nti Mwebakire dala kakano, muwu-
'mule: laba, ekisēra kinātera okutūka, no Mwāna womuntu
46 awere'dwayo mu mikono gyabalina ebibi. Muimuke tugende:
laba, andyāmu olukwe anātera okutūka.
47 Yali akyayogera, laba, Yuda, omu ku kumi nababiri, na'ja,
ngalina ebibina bingi ebirina ebitala nemi'go, (nga bava) eri
48 bakabona abakulu nabaka'de babantu. Naye oyo amulyāmu
olukwe yabawa akabonero, ngagamba nti Gwenānywegera, nga
49 ye wuyo: mumukwate. Amangwāgo na'ja awali Yesu,
50 nāgamba nti Mirembe, Rabi; nāmunywegera nyo. Yesu
nāmugamba nti Mu'nānge, (kola) kyo'jiri'de. Awo neba'ja,
51 Yesu nebamu'sāko emikono, nebamukwata. Laba, omu kwabo
abāli ne Yesu, nāgolola omukono, nāsōwola ekitalakye, nātema
52 omu'du wa kabona asinga obukulu, nāmusalako okutu. Awo

---

45, 46. *Mwebakire dala kakano . . . muimuke tugende*] Yuda alinga yatuka mangu ngamaze okubagamba okwebaka nalyoka alagira okuimuka.

47–56. KRISTO OKUKWATIBWA.

Ma'ko 14. 43-50; Luka 22. 47–53; Yoh. 18. 3–11.

47. *ngalina ebibina bingi ebirina ebitala nemigo*] Mu Yoh. tusoma nti Bweyamala okuwebwa ekitongole (kya baserikale) nabami eri bakabona abakulu na Bafarisayo (18. 3). Ekibina kino be baserikale Omufuzi Omurumi beyakwasanga Sanhedrini. Mu Luka tusoma nga waliwo "nabami bomuyekalu" (22. 52). Kale kyetuva tulaba nga abo Yuda beyakulembera bali (1) kibina kya baserikale Abarumi; (2) ekibina kya Balevi abakuma Yekalu; (3) abamu ku batesa mu Sanhedrini era na Bafarisayo.

*ebitala nemigo*] Mu Yoh. tusoma nti Etabaza, nemimuli, namafumu.

*emigo*] gyalinganga endodo so si migo abantu gyebatambuza.

50. *Munange, kola kyojiride*] Mu Luka tusoma era nti Omwana-womuntu omulyamu olukwe ngomunywegera.

*Awo nebaja, Yesu nebamusako emikono, nebamukwata*] Yoh. O. atayogera ku Yuda okumunywegera asinga okututegeza Kristo nga bweyegabula yeka ngagamba nti Kale obanga mununya nze, muleke bano bagende.

51. *omu kwabo*] ye Petro O. nga bwetusoma mu Yoh. O. eyawandika Enjiri ye nga waisewo emyaka emingi. Abawandisi abalala abe Njiri abawandika nga tewanaitawo banga dene balinga batya okumwatula.

*omudu*] Yoh. O. atutegeza nga bweyaitibwa Malcho. Luka O. yeka atutegeza bweyawonyezebwa.

52–54. Enyiriri zino zisangibwa mu Njiri eno mwoka. Buli

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Yesu nāmugamba nti Ekitalakyo ki'ze mu kifo kyakyo:
kubanga abo bona abakwata ekitala balifa ekitala. Oba 53
olowōza nti siīnza kwegairira Kitānge, naye anāmpereza kakano
bamalaika okusinga legioni ekumi nebiri? Kale bināṭūkirira 54
bitya ebyawandikibwa nti kigwānira okuba bwebityo? Mu 55
kisēra ekyo Yesu nāgamba ebibina nti Muli ngaba'jiri'de
omunyazi nebitala nemi'go okunkwata? Natūlānga buli
lunaku mu yekalu nga njigiriza, nemutankwata. Naye kino 56
kyona kituse, bana'bi byebāwandika era bitūkirizibwe. Awo
abaigirizwa bona nebamwabulira, neba'duka.
Ne bali abākwata Yesu, nebamutwāla ewa Kayafa kabona 57

---

eyawandika Enjiri atutegeze'za ebigambo ebirala byetutasanga mu Njiri endala. Era kale awali akacwano bwekatyo omu ngalaba ebimu omu ebirala.

52. *abo bona abakwata ekitala balifa ekitala*] Ensonga obutalwana era mu Yohana O. tusoma nti Ekikompe Kitange kyampade, sikinywe?

*abakwata ekitala*] nga balwanyisa Abafuzi abensi. Kale kino kyatukirira Abayudaya bweba'tibwa nga kakade nekitundu nga balwanyisa Abarumi A.D. 67–70.

53. *legioni ekumi nebiri*] Kristo bwatyo ayolesa ekitibwakye nga bwekiri, legioni so si kibina bubina nga bano aba'ze okumukwata.

55. Mu Luka tulaba nga ebigambo bino Kristo yagamba "bakabona-abakulu nabami bomuyekalu, nabakade," era ate ne bino nti Kino kye kisera kyamwe. nobuinza bwekizikiza (22. 53).

57–68. KRISTO NGA BWEYALETEBWA MU MASO GA KAYAFA. ABAMU KU SANHEDRINI NGA BWEBAKUNG'ANA.

Ma'ko O. 14. 53–65; Luka O. 22. 54, ne 63–65.

Mu Yoh. O. tusoma nga Kristo yabuzibwa mu kyama naye tetuinza kutegera bulungi obanga A'na obanga Kayafa ye yamubuza. Yoh. 18. 19–23. Naye A'na alinga ye yamubuza bino kubanga basoka okumutwala gyali. Yoh. 18. 12. Ebyabawo tuinza okubiriranya bwetuti (1) Bwebagya Yesu mu lusuku olwe Gethsemane nebamutwala eri A'na; nalyoka abuzibwa ebigambo si bingi (Yoh. 18. 19–23) nebalyoka bamutwala (2) eri Kayafa mu kitundu ekirala kye liyumba lya Kabona-asinga-obukulu abamu ku Sanhedrini mwebali bakung'anide amangu, Kristo nalyoka asoka okuwoza mu maso gabwe obude nga bukyali kiro; Mat. 26. 57–68; Ma'ko 14. 52–65; Luka 22. 54 ne 63–65; (3) Enkya mu makya bamubuza omulundi ogwokubiri Sanhedrini yona nga bakung'anye. Luka O. atutegeza bino su. 22. 66–71, era laba ne mu Mat. 27. 1. ne mu Ma'ko 15. 1; (4) Okuwoza mu maso ga Pirato (*a*) okusoka okumukemerereza (Luka 23. 14) (*b*) oluvanyuma okumusalira omusango ogwo kufa; (5) Okumuwereza eri Herode nga bwetusoma mu Njiri ya Luka mwoka, 23. 7–11, wakati mu kuwoza mu maso ga Pirato.

Naye mu kuwoza kuno Abayudaya basobya nyo ku Mateka nempisa zabwe. Mu Talmudi tusoma nga "abo-Lukiko kiba-

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

58 asinga obukulu, abawandisi nabaka'de gyebākung'anira. Naye
Petro nāmuvako enyuma wala, okutūka mu kigāngo kya
kabona asinga obukulu, nāingira munda, nātūla nabawereza,
59 alabe webina'kira. Naye bakabona abakulu nabomulukīko
bona nebanonya obujulirwa obwobulimba ku Yesu, balyoke
60 bamu'te ; nebatabulaba, newakuba'de ngabajulirwa abobulimba
bangi aba'ja. Naye oluvanyuma neba'ja babiri, nebagamba nti
61 Ono yagamba nti Nyīnza okumenya yekalu ya Katonda, noku-
62 gizīmbira enaku esatu. Kabona asinga obukulu nāimirira,
nāmugamba nti Toyanukula na katono? kigambo ki bano kye-
63 bakulumiriza? Naye Yesu nāsirika. Kabona asinga obukulu
nāmugamba nti Nkulāiza Katonda omulamu, tubūlire obanga
64 'gwe Kristo, Omwāna wa Katonda. Yesu nāmugamba nti
Oyoge'de: naye mbagamba nti Okusoka lero muliraba Omwāna
womuntu ngatu'de ku mukono ogwadyo ogwamānyi, nga'jira ku
65 bire ebye'gulu. Awo kabona asinga obukulu nāyuza ebyamba-
lobye, nāgamba nti Avo'de Katonda: twagalira ki nate abaju-
66 lirwa? laba, muwuli'de kakano obuvōzibwe: mulowōza mutya?
67 Neba'damu nebagamba nti Agwāni'de kufa. Awo nebamu-

---

gwanide okuwonya so si kuzikiriza obulamu." Tebainza kumusalira omuntu omusango nga ye taliwo era nga tewali bajulirwa babiri; okuleta abajulirwa abobulimba nga kwa musango omunene; amaze okusalirwa omusango nga tebainza kumu'ta ku lunaku olwo wabula nga bayose'zawo olunaku. Era ate basobya ku mpisa zabwe ne mu bino. (1) A'na akumubuza nga abajulirwa tebaliyo; (2) Okumubuza obude nga bukyali kiro; (3) Okumusalira omusango ku lunaku lwebasoka okumubuzako; (4) Okuwoza omusango ogwo ku'tibwa ku lunaku olwasoka Sabiti; (5) Era ne Kabona eyasinga obukulu okumubuliza dala ye nyini.

59. *nebanonya obujulirwa obwobulimba*] Kale laba wangulu era ate tebalagirwa okunonya obujulirwa wabula abajulirwa nga ba'ze boka kulwabwe.

61. *Nyinza okumenya yekalu ya Katonda, nokugizimbira enaku satu*] Naye Kristo byeyayogera mu Yoh. 2. 19, mu mwaka gweyasokera okubuliramu bibino nti Mumenye Yekalu eno, nange ndigizimbira enaku esatu. Naye mu Luyonani ekigambo ekyo "ndigizimbira" kyogera ku kuzukiza mu bafu so si ku kuzimba buzimbi enyumba. Kale bano bali balanga Yesu obuvozi okwewa obuinza obutali bwa bantu.

64. *Okusoka lero muliraba*] Lab. Dan. 7. 13; su. 16. 27, 24. 30, 25. 31.

65. *nayuza ebyambalobye*] Nga bwebalagirwa mu Biragiro bya Ba-Rabi. Bwebabanga nga banyweze'za ekigambo kyo buvozi bona abasala emisango baimiriranga nebayuza engoye zabwe zona obutabitunga ate oluvanyuma.

66. *Agwanide kufa*] Aba-Sanhedrini nga tebainza kusala omusango ogwo kufa naye wano nga bakakasa kyebali basose

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

wāndira amalusu mu masoge, nebamukuba ebikōnde : abalala 68
nebamukula empi, nga bagamba nti Tulagule, Kristo : āni
akukubye ?
Naye Petro yali atu'de bwēru mu kigāngo : omuwala na'ja 69
gyāli, nāgamba nti Nāwe wali wamu ne Yesu Omugalilaya.
Naye neyegānira mu maso ga bona, ngagamba nti Kyogamba 70
sikimanyi. Naye bweyafuluma okutūka mu kisasi, (omuwala) 71
omulala nāmulaba nāgamba abantu abāli awo nti Nono yali
wamu ne Yesu Munazareti. Neyegāna nate, nālāira nti Omu- 72
ntu oyo simumanyi. Newaitawo e'bānga tono, abāli baīmiri'de 73
awo neba'ja nebagamba Petro nti Mazima nāwe oli mu'nābwe ;
kubanga enjogerayo ekutegēze'za. Awo nātanula okukolima 74
nokulāira nti Omuntu oyo simumanyi. Amangwāgo enkoko
nekokolima. Petro na'jukira ekigambo Yesu kyeyagamba nti 75
Enkoko eneba tenaba kukokolima ononegānira emirūndi esatu.
Nāfuluma ebwēru, nākāba nyo amaziga.
NAYE obu'de bwebwakya, bakabona abakulu bona nabaka'de 27
babantu nebatēsa wamu ebya Yesu okumu'ta : nebamusiba, 2
nebamutwāla, nebamuwayo eri Pilato owesaza.

---

okutesa boka era nebalyoka bagezako okukirizisa Omufuzi Omurumi okusala bwatyo.

69–75. PETRO NGA BWEYAMWEGANIRA EMIRUNDI ESATU.

Ma'ko O. 14. 66–72 ; Luka 22. 55–62 ; Yoh. 18. 15–18, ne 25–27.

Luka O. atutegeza Mukamawafe bweyakyuka natunulira Petro, era Yoh. O. agamba omuwereza bweyali muganda wa Malcho.

69. *mu kigango*] oba mu lugya. Bazimbanga enyumba zabwe nga baleka olugya wakati olutaliko kasolya kale emiryango gyona egyebisenge nga giguka mu lugya olwo era nga waliwo ekigango ekirina nomulyango ogugukira ebweru. Kale Kristo bweyali nga abuzibwa mu kisenge ekimu yali ngainza okulaba Petro ngatude mu lugya.

73. *enjogerayo ekutegeze'za*] Okuba owe Galilaya nga tasimba bulungi bigambo ngabo ku kibuga.

SURA 27. 1. SANHEDRINI OKUKUNG'ANA BONA NGA WEBALI.

Ma'ko O. 15. 1 ; Luka O. 22. 66–71 ; Yoh. O. tabyogerako.

2. NGA BWEBAMUWAYO ERI PILATO.

Ma'ko O. 15. 1 ; Luka O. 23. 1 ; Yoh. O. 18. 28 ; "Nebagya Yesu eri Kayafa, nebamutwala mu kigango ; era bwalinga bukya."

2. *Pilato*] Abarumi bwebamala okugoba Arkelao (su. 2. 22) mu Buyudaya batesa amatwalege okuingira e Busuri nebasawo omufuzi oba Balozi, ye Pontio Pilato : Pilato yafuganga eyo mu mirembe gya Tiberio bwewaitawo emyaka kumi nebalyoka bamuita e Rumi okuwoza ngabamulanga okujoga Abasamariya, naye mu kisera ekyo Tiberio nafa Pilato natawoza mangu era netutegezebwanga oluvannyuma bweyali ngakoye nyo olwenaku zalabye ye'ta. Pilato teyafuganga namagezi mangi era yali mukambwe. Emirundi esatu yanyiza nyo Abayudaya mu bigambo ebye dini yabwe

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

3 Awo Yuda, eyamulyāmu olukwe, bweyalaba ngomusāngo
gumusinze, neyejusa, na'diza bakabona abakulu nabaka'de ebi-
4 tūndu ebyo amakumi asatu ebya feza, ngagamba nti Nayōnōna
okulyāmu olukwe omusai ogutalina kabi. Naye bo nebamu-
5 gamba nti Guno (guli) ku'fe? musāngogwo. Efeza nāzisūla mu
6 yekalu, nāfuluma, nāgenda neyetuga. Naye bakabona abakulu
nebatwāla ebitūndu biri ebya feza, nebagamba nti Kya muzizo
okubiteka mu 'gwanika lya Katonda, kubanga muwendo gwo-
7 musai. Nebatēsa, nebazigulamu olusuku olwo mubūmbi, okuzī-
8 kāngamu abagenyi. Olusuku luli kyeruva luitibwa olusuku
9 lwomusai, ne kakano. Awo lwekyatūkirira ekyayogererwa mu
na'bi Yeremiya, ngagamba nti Nebatwāla ebitūndu ebya feza
amakumi asatu, omuwendo gwoyo gwebālamula omuwendo
10 (abamu) ku bāna ba Israeli gwebālamula; nebabi'gyamu olusuku
lwomubūmbi, nga Mukama bweyandagira.
11 Naye Yesu nāimirira mu maso gowesaza: owesaza nāmubūza

---

era bwebagezako okumuwakanya yaba'ta bangi nyo era laba ne mu Luka 13. 1.

Tusoma mu Tasito ekigambo ekinyweza ebyo mu Njiri nti Kristo, Abakristayo gwebagyako erinya lyabwe, ya'tibwa mu mirembe gya Tiberio, Pontio Pilato nga ye Balozi.

Aba-Sanhedrini kyebava batwala Kristo eri Pilato nga bamusubira okukakasa kyebatese'za awatali kweyongera kuwoza (lab. su. 26. 66).

3–10. YUDA NGA BWEYEJUSA: NOKU'ZA EBITUNDU BYE FEZA. EMIRIMU ABAKULU GYEBABIKOZA.

Biri mu Mathayo O. yoka.

3. *neyejusa*] so si kwenenya dala nga talina kwenenya okwo mwoyo. Abamu balowoza nga Yuda teyalowozanga Kristo alisalirwa omusango wabula okwefula Kabaka ngayolesa amanyige.

5. *nagenda neyetuga*] Ebyo mu Bikolwa 1. 18, bigamba nti (1) Yuda, so si bakabona, yagula olusuku: (2) era "Nagwa mu maso, nayabika wakati, ebyenda byona nebiyika." (3) era olusuku olwensonga eyo kyerwava luitibwa Akeldama so si olwensonga gyetusomako wano. Naye si kizibu okutabaganya bino.

6. *mu gwanika*] Mu Korbani (Lab. Matt. 23. 18).

7. *olusuku olwo mubumbi*] Tutegezebwa nga lwali mu kiwonvu Hi'nomu.

9. *mu na'bi Yeremiya*] Ebigambo bino biva mu Zek. 11. 13, naye Abayudaya basosa Yeremiya mu banabi nebitabo byabwe byona kyebyava babiita ku linya lye.

11–26. KRISTO NGA BWEYAWOZA MU MASO GA PILATO.

Ma'ko O. 15. 2–15; Luka O. 23. 2–7; ne 13–24; Yoh. O. 18. 29; 19, 16.

Luka O. ye yasinga okuwandika obulungi ebigambo byebamulanga byonsatule nti Ono twamulaba (1) ngakyamya egwanga lyafe, (2) ngabagana okuwa Kaisari omulsolo, (3) ngayogera ye nyini okuba Kristo, Kabaka.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ngagamba nti 'Gwe Kabaka wa Bayudaya? naye Yesu nāmu-
gamba nti Oyoge'de. Bakabona abakulu nabaka'de bwebāmu- 12
lōpa, nāta'damu na katono. Awo Pilato nāmugamba nti Towu- 13
lira bigambo bino byebakulumiriza bwebiri? Naye teyamu- 14
'damu na kigambo na kimu: owesaza nokwewunya neyewunya
nyo. Naye ku mbaga owesaza yalina empisa okusumululirānga 15
ekibīna omusibe omu, gwebayagalānga. Era mu biro ebyo 16
bālinā omusibe omumanyi, aitibwa Bara'ba. Awo bwebākung'- 17
ana, Pilato nābagamba nti Aluwa'gwemwagala 'mubasumululire?
Bara'ba, oba Yesu aitibwa Kristo? Kubanga yamanya nga 18
bamuwesezayo bu'gya. Naye bweyatūla ku ntebe eyemisāngo, 19
mukaziwe nāmutumira, ngagamba nti Omuntu oyo omutūkirivu
tomukola kintu na katono: kubanga nalumi'dwa lero bingi mu
kirōto kululwe. Naye bakabona abakulu nabaka'de nebabulirira 20
ebibīna okusaba Bara'ba, bazikirize Yesu. Naye owesaza 21

---

Pilato nga Barumi bona bwebaisa, yagana okukakasa Abayudaya kyebasaze nga tamubuzi'za ye, "nagamba nti Musango ki gwemulanze omuntu ono?" (Yoh. 18. 29), kale mbu bali bamulanze okujemera Abafuzi, kyekigambo ekyasingira dala obubi mu Barumi kwebyo byebamulanga—ekyokubiri kyali kya bulimba dala, ekisoka nekyokusatu bya mazima naye tebyali mu ngeri eyo nga bo bwebagamba. Kristo nawoza bwati nti Wewawo ndi Kabaka naye obwakabaka bwange "si bwa munsi muno," kale "okukyamya abantu" kyekuvude kulema okubajemera Abarumi. Ne Pilato nakiriza ngagamba nti Siraba kibi ku muntu ono.

11. *Gwe Kabaka wa Bayudaya*] Kristo byeyadamu tubiraba mu Yoh. 18. 33–37; ebigambo nti abadu abomubwakabaka bwange singa balwanye, bandirwanye na Bayudaya so si na Barumi.

15. *owesaza yalina empisa okusumululiranga ekibina omusibe omu*] Situmanyi bulungi gyebagya mpisa eno, kyoka e Rumi ne mu Athene ku mbaga zabwe enkulu baterangako abasibe kale Herode Omukulu mpo'zi ye yaleta empisa eno era Pontio Pilato nagisanga nalyoka agisima.

16. *Bara'ba*] Ma'ko ne Luka A. batutegeza era bweyali omu'si.

17. *Awo bwebakung'ana*] Kale Pilato nalyoka abuza ekibina so si abo-Lukiko ngayagala okutegera kye bwebanalonda—yali akyababuza, omukyalawe nalyoka amutumira, kale bweyali nga yayogera nabo abavude ewo mukyala, bakabona nga basendasenda ekibina okusaba Bara'ba.

19. *ntebe eyemisango*] eyatulibwangako nga omusango gusalibwa. Yabanga ku mayinja amalire agaitibwa Gabatha (Yoh. 19. 13).

*mukaziwe*] Klaudia Procula oba Procla; bagamba nti yali Mukyufu. Abarumi bagezako okugana Ba-Balozi okugenda nabakazi babwe mu matwale gabwe naye tekyanywera. Ebyo mukazi wa Pilato okulota tusoma mu Mat. mwoka.

20. *okusaba Bara'ba*] bazikirize Yesu. Petro O. ategeza okulonda kuno nga bwekwali—Bik. 3. 14, 15. Balonda omu'si, neba'ta Omulokozi.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

na'damu nabagamba nti Kwabo bōmbi aluwa gwemwagala
22 'mubasumululire? Nebagamba nti Bara'ba. Pilato nābagamba
nti Kale nākola ntya Yesu aitibwa Kristo? Bona nebagamba
23 nti Akomererwe. Naye nāgamba nti Lwaki? ekibi kyakoze
kiruwa? Naye nebakayāna nyo, nebagamba nti Akomererwe.
24 Naye Pilato bweyalaba nga tasobole na katono, era nga bainze
kukayāna, nātōla ama'zi, nānāba mu ngalo mu maso gekibīna
ngagamba nti 'Nze siriko kabi olwomusai gwomuntu ono omutū-
25 kirivu: musāngo gwa'mwe. Abantu bona neba'damu nebaga-
26 mba nti Omusaigwe (gubēre) ku'fe, ne ku bāna ba'fe. Awo
nābasumululira Bara'ba: naye Yesu nāmukuba enkoba nālyoka
amuwayo okukomererwa.
27 Awo baserikale bowesaza nebatwāla Yesu mu kigāngo ekye-
28 misāngo, nebamukung'anyizako ekitōngole kyona. Nebamwa-
29 mbula, nebamwambaza olugoye olumyufu. Nebaluka engule
eyama'gwa, nebagi'sā ku mutwegwe, nolumuli mu mukonogwe
ogwadyo; nebafukamira mu masoge, nebamudūlira, nga
30 bagamba nti Mirembe, Kabaka wa Bayudaya! Nebamuwāndi-

---

21. *Kwabo bombi aluwa gwemwagala 'musumululire*] Pilato nga yeralikiride olwekigambo kyo mukyala, naye wano agata awamu Yesu ne Bara'ba bombi ngamusalira Yesu omusango kwenkana.

24. *Pilato bweyalaba nga tasobole*] Luka O. atutegeza nga Pilato yagezako ate okutera Yesu ngagamba nti Lwenamala okumubonereza, namusumulula (Luka 23. 22).

Yoh. O. era atutegeza Pilato bweyeralikirira enyo olwebigambo bino ngategede Yesu bwatalina musango era naye ngatya Abayudaya ne Kaisari. (1) Yalaga Abayudaya Yesu ngatikidwa engule eya magwa era nga amaze okubetentebwa nokukubibwa; (2) yasinga okutya bweyawulira nga Yesu yeita Omwana wa Katonda; (3) yasala amagezi okumusumulula, naye bakabona bamutisa ngabagamba nti "Bwonomuta" oyo nga toli mukwano gwa Kaisari. Bweyawulira ekyo nalyoka aleka kubanga ngatya era bamulope bwebatyo eri Kaisari.

*natola ama'zi nanaba mungalo*] Biri mu Njiri eno mwoka. Pilato bweyakola bwatyo yakola Abayudaya bona kyebanditegede amangu (Lab. Matt. 21. 6; Zab. 26. 6).

25. *Omusaigwe gubere kufe, ne ku bana bafe*] Mu Mathayo mwoka. Laba Petro O. byeyayogera (Bik. 3. 17).

26. *namukuba enkoba*] Abarumi bakubanga omuntu bwebatyo ngagenda okukomererwa ku musalaba. Abangi bafanga olwokukubibwa okwo kwoka.

27–30. YESU KRISTO NGA BWEYADULIRWA BASERIKALE ABARUMI. Ma'ko 15. 16–19.

Mu Luka tusoma ebya baserikale ba Herode okumudulira.

28. *olugoye olumyufu*] Olukoba olumyufu baserikale abakulu lwebayambalanga.

29. *Kabaka wa Bayudaya*] Lab. su. 2. 2, ne 27. 37.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

ra amalusu, nebatola olumuli luli nebamukuba mu mutwe.
Awo bwebāmala okumudūlira, nebamwambulako olugoye, 31
nebamwambaza ebyambalobye, nebamutwāla, okumukomerera.
Naye bwebāli bafuluma, nebasisinkana omuntu Omukurene, 32
erinyalye Simoni: nebamuwaliriza oyo yetike omusalabagwe.
Bwebātūka mu kifo ekiitibwa Golgotha, amakulu gakyo kifo 33
kya kiwānga, nebamuwa omwenge okunywa ogutabu'dwamu 34

---

31–32. YESU BWEYATWALIBWA OKUKOMERERWA.

Ma'ko 15. 20, 21; Luka 23. 26–32; Yoh. 19. 16, 17.

Luka O. atutegeza byetutasoma mu Njiri endala bino—Ekibina ekinene ekyabantu nekyabakazi nga bwekyamugoberera Yesu nga bweyabulira abakazi ebyekisa; Yesu nga bweyategeza nga enaku zigenda okuja—nga bwebatwala abakola obubi ababiri awamu naye.

32. *omuntu Omukulene, erinyalye Simoni*] (1) "ngava mu kyalo" (Ma'ko ne Luka) (2) "kitawe wa Aleksanda ne Rufo:" (Ma'ko).

(1) abamu kyebava balowoza nga yali ava okukola olunaku olwo, kyeruva lulema okuba olwembaga lwe nyini, naye yalinga yali aja okulya embaga.

(2) Rufo ye wuyo mbu gwetusomako mu Bar. 16. 13.

Simoni mpo'zi yali omu ku bantu bali abe Kurene ababulira ekigambo Abayonani, abalala nga bakyabulira Abayudaya boka (Bik. 11. 20). Obanga yali ngamaze okukiriza mu kisera kino tetumanyi.

*Kurene*] Ekibuga ekyali mu Afrika ekyalimu Abayudaya abangi.

*nebamuwaliriza*] Lab. ku. su. 5. 41.

33–50. YESU BWEYAKOMERERWA ERA NGA BWEYAFA.

Ma'ko 15. 22–37; Luka 23. 33–46; Yoh. 19. 18–30.

Ebyomu Ma'ko bigendera wamu na bino. Luka O. atutegeza baserikale bwebamudulira era nebigambo bya banyazi nga bogera boka era nga bogera ne Yesu. Ebigambo Kristo byeyayogera ngali ku musalaba biri mu Luka yoka; bino—"Kitange basonyiwe kubanga tebamanyi kyebakola":—"Mazima nkugamba nti Lero onoba nanga mu Lusuku lwa Katonda:"—"Kitange nteka omwoyo gwange mu mikonogyo." Mu Yohana tusanga bino. Abayudaya nga bwekagezako okukyusa ebyawandikibwa ku musalaba—Yesu nga bweyateka nyina mu mukono gwa Yohana O.—Amagulu gabanyazi nga bwegamenyebwa; era nebigambo bino ebisatu nti—"Omukyala laba omwanawo," era byeyagamba Yohana O. nti "Laba nyoko"; "Nina enyonta";—"Kiwede." Mathayo ne Ma'ko A. boka be bawandika bino nti "Eli Eli lama sabakthani."

33. *kifo ekiitibwa Golgotha*] Tetumanyi bulungi ekifo kino nga wekyali. Kyali bweru wa bugwe, naye "kumpi nekibuga" (Yoh. 19. 20), kyalimu nolusuku (Yoh. 19. 40) era mpo'zi kumpi nolugudo abantu mwebaita (lu. 39). Okuitibwa bwekutyo "ekifo kyekiwanga," abamu batebereza nga akasozi kalina ekifananyi nga ekyekiwanga.

34. *omwenge—ogutabudwamu omususa*] Ma'ko "omwenge oguta-

Digitized by Google
Original from HARVARD UNIVERSITY

35 omusūsa: naye bweyalegako, nātayagala kunywa. Bwebāmala
36 okumukomerera, nebagabana ebyambalobye, nga bakuba aka-
37 lulu; nebatūla awo nebamutunulira. Neba'sā wa'gulu ku
mutwegwe omusāngogwe oguwandiki'dwa nti ONO YE YESU
38 KABAKA WABAYUDAYA. Awo abanyazi babiri nebakomererwa
39 naye, omu ku mukono ogwadyo, omulala ku gwa kono. Nabāli
40 baita nebamuvuma, nga banyenya emitwe gyābwe, nga bagamba

---

budwamu envumbo." Babawanga abagenda okukomererwa baleme okuwulira enyo obulumi. Abakyala abagaga abomu Yerusalemi bakolanga bwebatyo olwekisa kyabwe. Naye Yesu yagana okukendezebwa ku nakuze.

35. *Bwebamala okumukomerera*] Ebyawandikibwa ebyomusangogwe okutekebwa wagulu ku mutwegwe kyetuva tulowoza omusalaba okubera ogwe ngeri nga emisalaba gya Barumi bwegyaberanga †, waliwo engeri endala ezemisalaba bwegiti **T** ne **X**.

Obuwanvu obwomusalaba bwaberanga nga futi nga 9 oba olusi okutusa nga 12; okumpi netaka nebasawo akabawo okuwanula ebigere era ebigere nemikono bagikwasanga ku musalaba ne misomari.

Mu Ma'ko O. 15. 25, tusoma nga bamukomerera mu sawa eyo kusatu. Yoh. O. naye agamba nti Esawa yali ya mukaga Pilato bweyawayo Yesu eri Abayudaya (19. 14). Kyoka tulowoza nga Yoh. O. bweyawandika nga tebakyabala nga bwebabala mu kisera Ma'ko O. mweyawandikira.

*nebagabana ebyambalobye nga bakuba akalulu*] Yoh. O. asinga okututegezanga bwebakola; bagabana ebyambalobye ebyokungulu naye ekyomunda ekyalukibwa bulukibwa bakikubirako akalulu. Ekyambalo ekyo kyayàmbalibwanga abakopi abe Galilaya.

Mu Yoh. O. 19. 24 tusoma bwetuti wano nti Ekyawandikibwa kitukirire, ekyogera nti Bagabana ebyambalo byange, era bakubira akalulu ekyokwambala wange. Biva mu Zab. 22. 18.

36. *nebatula awo nebamutunulira*] nga batya mikwanogye okugezako okumuwonya.

37. *Neba'sa wagulu ku mutwegwe omusangogwe oguwandikibwa*] Abarumi balina empisa eyokutekanga ku musalaba omusango ogwamu'se oyo akomeredwa. Yohana O. atutegeza Pilato bweyagana okujulula ebigambo byeyasoka okuwandika, era agamba nti Byawandikibwa mu Luebraniya ne mu Luyonani ne mu Latini.

*Kabaka wa Bayudaya*] Lab. su. 2. 2. Ebigambo bino obutafanananga dala mu Njiri zona kitutegeza nga abawandika Enjiri buli muntu yawandika kububwe so si ngalaba ku byomulala.

Okutukiriza ebigambo byona ebyali ku musalaba byafanana okubera bwebiti nti Ono ye Yesu owe Nazareti, Kabaka wa Bayudaya.

*abanyazi babiri*] abatemu, mpo'zi abali begase ne Bara'ba— Baberanga munsozi nga bawakanya Abarumi bulijo.

39. Laba Zaburi 23. 7.

40. *'Gwamenya yekalu*] Abayudaya bamuvuma bwebatyo, baserikale okumuvuma tusoma mu Luka O. 23. 37.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nti 'Gwamenya yekalu, agizimbira enaku esatu, werokole:
obanga oli Mwāna wa Katonda, va ku musalaba o'ke. Baka- 41
bona abakulu nabawandisi nabaka'de nebadūla bwebatyo, nga
bagamba nti Yalokola balala; taīnza kwerokola ye'ka. Ye 42
Kabaka wa Israeli; ave kakano ku musalaba, na'fe tunāmu-
'kiriza. Yesiga Katonda; amulokole kakano, oba amwagala: 43
kubanga yagamba nti Ndi Mwāna wa Katonda. Abanyazi 44
abākomererwa naye era nabo nebamuvuma bwebatyo.
Naye okuva ku sawa eyomukāga kyali kizikiza kunsi yona 45
okutūka ku sawa eyomwenda. Obu'de bwebwātūka ngesawa eyo- 46
mwenda Yesu nāyogerera wa'gulu ne'dobozi 'dene, ngagamba nti
Eli, Eli, lama sabakthani? amakulu gakyo nti Katonda wānge,
Katonda wānge, kiki ekikundese'za? Naye abalala abāli baīmiri- 47
'dewo, bwebāwulira, nebagamba nti Ono aita Eliya. Amangwāgo 48
mu'nābwe omu na'dukana, nātōla ekisūmwa, nāki'juza omwenge
omukātufu, nāki'sā ku lumuli, nāmunywesa. Naye abalala 49
nebagamba nti Leka; tulabe nga Eliya ana'ja okumulokola.
Naye Yesu nāyogerera nate ne'dobozi 'dene, nāta omwoyogwe. 50

---

42. *Kabaka wa Israeli*] Erinya lino tulisanga wano woka era ne mu Ma'ko ku kifo kino.

43. *Yesiga Katonda*] Laba Zab. 22. 8.

Bakabona abakulu bagerera ku Kristo owa mazima ebigambo ebiri mu Zaburi gyebagambanga okwogera ku Kristo, kyoka naye nga tebalowoza.

44. *Abanyazi—nebamuvuma bwebatyo*] Nga bakwata ekigambo kino nti Eyaja okulokola obutalokolebwa. Luka O. yeka atutegeza omu ku banyazi bweyenenya.

45. *okuva ku sawa eyomukaga—okutuka ku sawa eyomwenda*] ze sawa zeba'tirangamu Pasaka.

46. *Eli, Eli, lama sabakthani*] (Zab. 22. 1). Ebigambo bigenda bwebityo mu Luebraniya naye mu Ma'ko O. tubisanga nga Kristo bweyabyatula dala mu Luaramaiki "Eli, Eli," okudanga bwatyo emirundi ebiri kwe kukakasa dala enaku zeyalaba (Lab. ne mu su. 23. 37).

Kyalinga kyali kigambo ekyokuna Kristo kyeyayogera ngali ku musalaba—ekyokutano "Nina enyonta" (Yoh.)—ekyokumukaga "Kiwede" (Yoh.)—ekyo musanvu—"Kitange nteka omwoyogwange mu mikonogyo" (Luka).

47. *Ono aita Eliya*] Balinga bayogera mu kumudulira so tebalowoza nga Yesu yali asubira Eliya okulabika.

48. *natola ekisumwa, nakijuza omwenge omukatufu*] Omwenge ogwa baserikale bagutekangawo nga betesetese okunywesa abakomeredwa.

50. *nayogerera nate nedobozi dene*] Mpo'zi ebyo byetusoma mu Njiri endala obanga ebirala byebatawulira bulungi.

*na'ta omwoyogwe*] Mu Luka nti "Kitange nteka omwoyo gwange mu mikonogyo."

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

51 Laba, e'gigi lyeyekalu neriyulikamu wabiri okuva wa'gulu
52 okutūka wansi; ensi nekankana; enjāzi nezatika: entāna
nezibi'kuka; emirāmbo mingi egyabatukuvu abāli bebase negi-
53 zūkizibwa; nebava mu ntāna bweyamala okuzūkira, nebaingira
54 mu kibuga ekitukuvu, abantu bangi nebabalaba. Naye omwāmi
wekitōngole, na bali abāli naye nga batunulira Yesu, bwebālaba
ekikankano, nebigambo ebiba'dewo, nebatya nyo, nebagamba
55 nti Mazima ono aba'de Mwāna wa Katonda. Wāliwo nabakazi
bangi abāīmirira ewala nga balengera, abāitānga ne Yesu okuva
56 e Galilaya, abāmuwerezānga: mwabo mwalimu Maryamu Magda-
lene, ne Maryamu nyina Yakobo ne Yose, ne nyina wabāna ba
Zebedayo.
57 Naye obu'de bwali buwungēra, na'ja omuntu omuga'ga, eyava

---

51–56. EBIGAMBO EBYADIRIRA OKUKOMERERA. (1) EGIGI ERYO MU YEKALU NGA BWERYAYULIKAMU; (2) OMUSISI; (3) ABATAKUVU NGA BWEBAZUKIRA; (4) EBYOMUTONGOLE EYABAWO AWALI OMUSALABA; (5) EBYABAKAZI ABALI BATUNULIRA.

Kwebyo, (2) ne (3) biri mu Mathayo O. mwoka.

Ma'ko 15. 38–41; Luka 23. 45, 47–49; mwetusoma era ku kibina okunakuwala. Yoh. O. tayogera ku bino byona naye atutegeza ebya magulu agabanyazi okumenyebwa era nebya Kristo okufumitibwa mu mbirizi.

51. *egigi lyeyekalu neriyulikamu wabiri okuva wagulu okutuka wansi*] Mu Luka O. tusoma nti lyayulikamu "wakati." Kale lye gigi eryayawulanga awatukuvu era nawasinga obutukuvu. Amakulu gokuyulika gano nti Kakano buli muntu ainza okutuka eri Katonda Kitafe mu Yesu Kristo (Laba Beb. 10. 19, 20). "Bakabona tebandiremye kutegeza abantu era oluvanyuma tusoma nti Ekibina kinene ekya bakabona nebagondera okukiriza" (Bik. 6. 7).

54. *Mazima ono abade Mwana wa Katonda*] Mu Luka "Mazima ono abade muntu mutukirivu."

56. Ma'ko O. (15. 40) ayogera ku "Maryamu Magdalene, ne Maryamu nyina Yakobo omuto ne Yose, ne Salome."

*Maryamu Magdalene*] Mathayo O. asoka okumwogerako wano. Alinga yagya erinya ku kibuga Magdala ekyali ku nyanja eye Genesareti. Yali aliko basetani Kristo namuwonya (Luka 8. 2) nalyoka yegata nabakazi abesigwa abagobereranga Kristo awamu ne Kumi-nababiri.

*Maryamu nyina Yakobo ne Yose*] Mpo'zi ye Maryamu muka Kleopa oba Klopa oba Alfayo (ye linya limu) gwetusomako mu Yoh. 19. 25.

*nyina wa bana ba Zebedayo*] Salome Lab. su. 20. 20.

57–66. KRISTO NGA BWEYAZIKIBWA.

Ma'ko 15. 42–47; Luka 23. 50–56; Yoh. 19. 38–42.

Nyi. 62–66 ziri mu Mathayo O. mwoka Ma'ko O. ayogera ku Pilato okwewunya obanga Yesu amaze okufa era ku mutongole okumutegeza.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

Arimathaya, erinyalye Yusufu, era naye yali muigirizwa wa
Yesu: oyo nāgenda eri Pilato, nāsaba omulāmbo gwa Yesu. 58
Awo Pilato nālagira okugumuwa. Yusufu nātwāla omulāmbo, 59
nāguzinga mu bafuta enjeru, nāguteka mu ntānaye empya, 60
gyeyasima mu lwāzi: nāyiringisa e'jinja 'dene (nāli'sa) ku
mulyāngo gwentāna, nāgenda. Wāliwo Maryamu Magdalene, 61
ne Maryamu owokubiri, nga batu'de mu maso gentāna.

Naye enkya, lwe (lunaku) olwa'dirira olwo Kutekateka, baka- 62
bona abakulu na Bafarisayo nebakung'anira ewa Pilato, neba- 63
gamba nti Omwāmi, tu'juki'de omulimba oyo nti yagamba
ngakyali mulamu nti Enaku bweziriitawo esatu ndizukira.
Kale lagira bakūmire dala amalālo okutūsa ku lunaku olwoku- 64
satu, abaigirizwabe batera oku'ja okumu'ba, bagambe abantu nti
Azūki'de mu bafu: era okukyāma okwoluvanyuma kulisinga
kuli okwasoka. Pilato nābagamba nti Mulina abakūmi: mu- 65
gende, mugakūmire dala nga bwemuīnza. Nabo nebagenda, 66
nebagakūmira dala amalālo, e'jinja nebali'sako akabonero,
nabakūmi nga webali.

---

Yoh. O. agamba ku Nikodemo okuberanga ne Yusufu ngaleta "ebitabule ebyenvumbo ne akalosi, obuzito bwabyo lateri nga kikumi," era mu Luka O. tusoma ku Yusufu nti "Oyo teyasakimu mu kutesa kwabwe newakubade mu kikolwa kyabwe."

58. *Pilato nalagira okugumuwa*] Omutongole ngamaze okumutegeza Yesu bwafiride dala. Abakomererwanga balwangawo ku musalaba enaku nyingiko era omulambo tegwazikibwanga wabula nga Kabaka amaze okukiriza.

Pilato kyeyava akiriza bwatyo olwekiragiro kya Bayudaya omulambo obutasula nga guwanikibwa (Mat. 21. 23).

60. *naguteka muntanaye empya*] Mathayo O. yeka atutegeza entana bweyali eya Yusufu. Yohana O. agamba nti Entana yali mu lusuku olwali mu kifo weyakomererwa (Yoh. 19. 41). Balinga bagisimye mu lwazi kumpi ne taka wansi (Yoh. 20. 11).

61. *Maryamu owokubiri*] Nyina Yakobo omuto ne Yose (Ma'ko 15. 47).

62. *enkya, lwe lunaku olwadirira olwo Kutekateka*] Ngenjuba emaze okugwa ku Nisani 14. Olwo Kutekateka lwali luwedeko, Sabiti, olunaku olwembaga ye nyini nga luingide. Abalabe ba Kristo bwebali nga bategana ku Sabiti eno, mikwanogye bawumula nga ekiragiro bwekyali (Luka 23. 56).

63. *Enaku bweziriitawo esatu, ndizukira*] Kale Bakabona balinga nga bategera amakulu age bigambo ebyokuzikiriza Yekalu nokugizimbira enaku esatu: kyoka bali babikyami'za eri abantu.

65. *Mulina abakumi*] amakulu gabyo oba (1) mulina abakuma Yekalu, mutole kwabo; oba, (2) ngagana kyebasabye nti mukume mweka; oba, (3) ngakiriza naye nobusungu nti kale naye muvewo.

Tusinga okukakasa (3) olwebigambo ebyo mu sura 28. 14.

Digitized by Google

Original from
HARVARD UNIVERSITY

28 NAYE olunaku olwa sabiti bwerwali lugenda oku'gwāko,
(ngolunaku) olwoluberyeberye olwomusānvu lunātera okukya,
Maryamu Magdalene ne Maryamu owokubiri neba'ja okulaba
2 amalālo. Laba, newabawo ekikankano ekinene kunsi: kubanga
malaika wa Mukama yava mu 'gulu, na'ja nāyiringisa e'jinja
3 okuli'gyawo, nālitūlako. Naye ekifananyikye kyali nga ku-
4 myānsa, nengoyeze zāli zitukula ngomuzira: era entīsaye neka-
5 nkanya abakūmi, nebaba nga bafu'de. Naye malaika na'damu
nāgamba abakazi nti 'Mwe temutya: kubanga 'manyi nga mu-
6 nonya Yesu eyakomererwa. Tali wano; kubanga azūki'de, nga
bweyagamba. Mu'je, mulabe ekifo Mukama weyagalamira.
7 Mugende māngu, mubūlire abaigirizwabe nti Azūki'de mu bafu;
laba, abakulembera (okugenda) e Galilaya; gyemulimulabira:
8 laba, mbabūli'de. Nebava māngu ku ntāna, nentīsa nesanyu
9 lingi, neba'dukana okubūlira abaigirizwabe. Laba, Yesu

---

SURA **28**. 1–3. KRISTO NGA BWEYAZUKIRA.
Ma'ko 16. 1–8; Luka 24. 1–12; Yohana 20. 1–18.

Kale tuinza okubiriranya ebyabawo bwetuti. Okusoka, Maryamu Magdalene ne Maryamu owokubiri nga bakede okuja kuntana babulirwa malaika nebalaba entana nga enjerere; nebanguwa okutegeza Petro nabatume abalala; Petro ne Yohana nebalyoka bagenda ku ntana; Maryamu Magdalene nalyoka alaba Mukamawe, ngasigade obwomu, natasoka okumwetegereza; olwadaki Mukamawafe nalabikira Magdalene omulundi ogwokubiri era waliwo nabakazi abalala. Ku bakazi betusomako wano Ma'ko O. asako "Salome"; Luka O. agamba 'nti Yowana nabakazi abalala. Yohana O. ayogera ku Magdalene yeka, Luka ne Yohana bombi batutegeza Petro bweyagenda ku ntana, Yohana ngayogera era ku "muigiriza oli omulala."

1. *lunatera okukya*] Ma'ko "enjuba yali evudeyo." Ma'ko ne Luka bombi bagamba nti baleta ebyakalosa.

2. *ekikankano*] Tusoma bino mu Njiri eno yoka.

*malaika wa Mukama*] "abantu babiri nebaimirira webali, nga bambade engoye ezimasamasa" (Luka), "bamalaika babiri nga bambade enjeru, nga batude" (Yohana).

6. *mulabe ekifo*] balyoke bakirize dala.

7. *mubulire abaigirizwabe*] "ne Petro" (Ma'ko), Petro okusinga bane yalinga yegomba Mukamawe okukomawo alyoke amusonyiwe.

*abakulembera*] Mu Luyonani kwe kubakulembera nga omusumba (lab. su. 26. 32).

9, 10. KRISTO NGA BWEYALABIKIRA MARYAMU MAGDALENE NE MARYAMU OWOKUBIRI. Biri mu Mathayo mwoka.

Kristo yali amaze okumulabikira M. Magdalene nga ali yeka kakano abalala balinga bamusanze nga bagenda okubulira abatume abalala (Petro ne Yohana nga bamaze okutegera) Mukamawafe nalyoka abasanga.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

nābasisinkana, nāgamba nti Mirembe. Neba'ia nebamukwata
ebigere, nebamusinza. Awo Yesu nābagamba nti Temutya: 10
mugende mubūlire baganda bānge bagende e Galilaya, gyeba-
lindabira.
Naye bwebāli bagenda, laba abakūmi abamu neba'ja mu 11
kibuga, nebabūlira bakabona abakulu byona ebiba'deyo. Neba- 12
kung'ana wamu nabaka'de, nebatēsa wamu, nebabawēra baseri-
kale efeza nyingi, nebagamba nti Mugambānga nti Abaigiri- 13
zwabe ba'ja ekiro, nebamu'ba 'fe nga twebase. Naye ekigambo 14
kino bwekiribulirwa owesaza, 'fe tulimuwoyawoya, na'mwe tu-
liba'gyako omusāngo. Nabo nebatwāla efeza, nebakola nga 15
bwebāwērerwa: ekigambo kino nekibuna mu Bayudaya, oku-
tūsa lero.
Naye abaigirizwa ekumi nomu nebagenda e Galilaya, ku lusozi 16

---

Kristo yalabikanga mu naku ezo 40 bwati.

1. Eri Maryamu Magdalene yeka (Yoh. 20. 14 neb; Ma'ko 16. 9).
2. Eri M. Magdalene, Maryamu omulala eri mpo'zi abakazi abalala (Mat. 28. 9, 19).
3. Eri Petro (Luka 24. 34; 1 Kor. 15. 5).
4. Eri Kleopa nomulala nga bagenda E'mawo (Luka 24. 13–35).
5. Eri Abatume, Thomasi nga taliwo e Yerusalemi (Ma'ko 16. 14; Luka 24. 36; Yoh. 20. 14).
6. Eri Abatume ekumi-nomu e Yerusalemi (Yoh. 20. 26).
7. Eri abaigirizwa 7 ku Nyanja ya Tiberiya (Yoh. 21. 1–24).
8. Eri Ekumi-nomu munsozi za Galilaya (Mat. 28. 16).
9. Eri aboluganda 500 nga bakung'anye wamu (Mpo'zi kye kimu ne 8; 1 Kor. 15. 6).
10. Eri Yakobo, muganda wa Mukamawafe (1 Kor. 15. 7).
11. Eri Ekumi nomu okumpi ne Kibuga Ekitukuvu (Ma'ko 16. 19, 20; Luka 24. 50; Bik. 1. 3–12; 1 Kor. 15. 7).

9. *Mirembe*] Mu Luy.—Musanyuke.

10. *mubulire*] Mubabulire ebyokuznkira kwange balyoke bagende.

*baganda bange*] lab. Beb. 2. 11. Kakano Kristo bwamaze okwolesa Obwakatondabwe ayagala okubajukiza bwali muntu era, era muganda wabwe.

11–15. ABAKUMI ABARUMI NGA BWEBAWEBWA EFEZA.

Mathayo O. yeka aleta bino.

13. *nga twebase*] omusango ogwokwebaka bwekutyo gwali gwa kufa.

15. *ekigambo kino nekibuna mu Bayudaya okutusa lero*] Mathayo O. kyeyava alabanga kirungi okutegeza ebya mazima.

16, 17. KRISTO NGA BWEYALABIKIRA ERI EKUMI-NOMU E GALILAYA.

Mu Mathayo yoka.

*lusozi*] mpo'zi olusozi olwalirana ne Kapernaumu lweyayogerako Amateka Amagya. Aboluganda mpo'zi nga 500 awamu ne Kumi-nomu bali bamulindiride (lab. lu. 7). Bweyali ngaja abamu bamufukamirira ne'bamusinza naye abamu babusabusa.

Digitized by Google Original from HARVARD UNIVERSITY

17 Yesu gyeyabalagira. Bwebāmulaba nebamusinza: naye aba-
18 lala nebabūsabūsa. Yesu na'ja nāyogera nabo, nāgamba nti
19 Mpere'dwa obuīnza bwona mu 'gulu ne kunsi. Kale mugende,
mufūle amawānga gona abaigirizwa, nga mubabatiza okuingira
20 mu linya lya Kita'fe no Mwāna no Mwoyo Omutukuvu; nga
mubaigiriza okukwata byona byenabalagira 'mwe: era, laba,
'nze ndi wamu na'mwe enaku zona, okutūsa emirembe gino
lwegiri'gwāwo.

---

17. *abalala*] so si ku Kumi-nomu wabula mpo'zi abamu ku boluganda 500.

18–20. EBIGAMBO KRISTO BYEYALAGIRA ABATUME.

19. *Kale mugende*] kubanga Kristo alina amanyi gona mu gulu ne kunsi.

*okuingira mu linya*] Abakyufu babatizibwa okuingira mu linya lya Kitafe. Kristo asako namanya go Mwana no Mwoyo Omutukuvu.

Mu Bikolwa (2. 38; 8. 16; 10. 48; 19. 5), tusanga erinya lya Kristo lyoka mu bigambo ebyokubatiza. Naye mu bitundu ebimutulaba nga abantu bali basose okuwebwa Omwoyo Omutukuvu ate nebalyoka babatizibwa (10. 44, 47); awalala tulaba nga bawebwa ekirabo ekyo nga bamaze okubatizibwa (8. 17; 19. 6). Era mu su. 2. 38, tulaba nga basubizibwa okuwebwa nga bamaze okubatizibwa.

20. *nze ndi wamu namwe*] Mu naku zino 40 Kristo yali ngamaze okuigiriza abaigirizwabe bwekiinzika Ye okubera wamu nabo naye nga tebamulaba. Kale nokusubizibwa kuno kyebandivude bategera amangu.

---

*Richard Clay & Sons, Limited, London and Bungay.*

Digitized by Google

Original from
HARVARD UNIVERSITY

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY

Digitized by Google

Original from
HARVARD UNIVERSITY

This book should be returned to the Library on or before the last date stamped below.

A fine of five cents a day is incurred by retaining it beyond the specified time.

Please return promptly.

DUE JUN 8 1915

Digitized by Google

Original from
HARVARD UNIVERSITY

Digitized by Google
Original from
HARVARD UNIVERSITY